



Obusiraamu

MU MWOYO N'EBIKOLWA

Osman Nûri TOPBAŞ

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

ISTANBUL 2011

© Erkam Publishing 2011 / 1432 H

Published by:

Erkam Publications

Ikitelli Organize Sanayi Bölgesi

Turgut Özal Cd. No: 117 Kat: 2/C

Başakşehir, İstanbul, Turkey

Tel: (+90 212) 671 07 00 pbx

Fax: (+90 212) 671 07 48

E-mail: info@islamicpublishing.net

Web site: <http://islamicpublishing.net>

All rights reserved. Obuyinza bwonna bukuumiddwa. Tewali kitundu kya kitabo kino kikkirizibwa kuddamu kukubibwa mu kyapa, okukite-reka mu ngeri esobozesa okukiggyamu kkopi, okukisaasaanya mu ngeri yonna oba mu kkubo lyonna, awatali kusooka kufuna lukusa kuva eri abo abalina obuyinza.

ISBN : 978-9944-93-377-6

Elinya Iya kitabo kino mu lu tuluki : İslam İman İbadet

Omuwandiisi : Osman Nuri TOPBAŞ

Abavvuunuizi : Quality Information Center

Kyekenneenyezeddwa : Adam Zakariyya Mbaziira

AbdulHayyi Mukiibi

Muhammad Idriisa

Hasan Mutagubya

Kyakubibwa mu kyapa : Erkam Printhouse

OBUSIRAAAMU

MU MWOYO N'EBIKOLWA

Kyawandiikibwa

Osman Nuri TOPBAS



ERKAM PUBLICATIONS

EBIRI MUNDA

EBYANJULA / 7

OBUSIRAAMU N'EMBEERA YAABWO AMAKULA / 11

Empagi Ettaano Ez'obusiraamu.....	34
-----------------------------------	----

OKWATULA OBUKKIRIZA N'EMPAGI ZAABWO / 41

Okukkiriza Allah.....	48
Okukkiriza Bamalayika.....	85
Okukkiriza Ebitabo Bya Allah.....	87
Okukkiriza Ababaka.....	90
Okukkiriza Olunaku Lw'enkomererero.....	102
Okukkiriza Okugera.....	112
Ebiti Bibiri Eby'obukkiriza.....	127
Ebigambo Ebisinga Obuzito ku Minzaane	135
Okulangirira Obukkiriza mu Kaseera K'okufa	139
Omuwolereza Omukulu	141
Obulungi Bw'okulangirira Obukkiriza.....	143
Ebintu Ebyonoona Okulangirira Obukkiriza	147

ESSWALA (SWALAT / NAMAZ) / 149

Okweteekerateekera Esswala	156
----------------------------------	-----

OBUSIRAAMU MU MWOYO N'EBIKOLWA

Ebyetaagisa Okukola Ng'esswala Tennaba:	
Obukkakkamu Obw'okugonda (Khushu-u)	158
Ensaala Ya Nnabbi (Allah Asse ku Ye Okusaasira N'emirembe)	172
Okusaala Kw'Abasiraamu Abaasooka	173
Esswala Ettaano Ezikakata Okusaalibwa Buli Lunaku	177
Sswala Ezitali za Tteeka	182
Sswala Esaalibwa mu Jama (Ekirindi)	192
Sswala Ng'obuddukiro Obw'enjawulo	196
Esswala Ey'olubeerera	200
Sswala Ezisaalibwa Ng'omuntu Tataddeeyo Mwoyo	201
Abo Abeewala Esswala (Abatasaalira Ddala)	203
Esswala Ng'ekkubo Ly'okwawula	205
Okuwumbawumba	207
Okufuna Wuzu, Okunaaba Omubiri Gwonna, Okwetukuza N'ettaka	208

ZAKA N'OKUGABA / 217

(OMUSOLO GW'OMWAVU N'OKUGABIRA ABALALA)

Amateeka Amakulu Agagobererwa mu Kutoola Zaka	243
Ushur	248
Empisa Z'okusaasaanya (Okuwaayo)	261
Ebyetaagisa mu Kutoola Zaka	267

OKULAMAGA OLW'E MAKKA / 271

Okuzimba Ka'aba	289
Okulamaga Okutono (Umura)	302

OMWEZI OMUTUKUVU OGWA LAMANZAANE N'OKUSIIBA / 307

EBYANJULA

Abasomi bange ab'ebitiibwa

Amatendo gonna amajjuvu ga Allah Owoobuyinza, Oyo eyatuwa obutebenkevu bw'okukkiririza mu Busiraamu, era emirembe gibeere ku Nnabbi Muhammadi eyalunngamya abantu okubaggya mu kizikiza n'abalaga ekitangaala.

Omuntu yenna ategeera obulungi, asobola okukitegeera nti ensi eno yatondebwga nga waliwo ekigendererwa. Olw'okusobola okutuukiriza ekigendererwa kino, Allah Owoobuyinza yatuma Bannabbi n'abawa amadiini basobole okulunngamya abantu. Eddiini ezo zonna zizze ziba n'omulamwa gumu era nga zizze ziyyitibwa Busiraamu. Obusiraamu kye kirabo ekisinga obunene Allah kye yawa omuntu okuva lwe kiri nti mu Busiraamu abantu mwe basabolera okukuumira obutukuvu bw'obutonde bwabwe Katonda bwe yabawa era nga (mu ddiini eyo) mwe bayinza okuyita okukyusa ensi n'efuuka essamba ey'ebimuli bya looza. Munda zaffe twettanira okudda eri Omuronzi, naye nga kino kisoboka kutuukirizika nga tuyita mu mbeera eya tawuhidi (okukkiririza mu Bumu bwa Allah) mu Busiraamu. Embeera eno etusobozesa mu mwoyo okudda eri Katonda waffe ate nga lino ly'essany ery'obulamu erisingira ddala.

abantu abo abaagala okubeera abaddu ba Allah abeesimbu, balina okutegeerera ddala Obusiraamu obw'omunda era balina okutuukiriza amateeka gaabwo. Abo abatuuka ku ntikko y'okussa Obusiraamu mu nkola, mu bikolwa ne mu myoyo gyabwe, bajja kufuna okwagala kwa

Allah n'empeera okuva gy'ali. So ng'ate ku ludda olulala, abo abatawuliriza kukowoolwa okuva eri Allah okudda gy'ali bajja kuzikirira era be b'okufirwa ku Lunaku lw'enkomererero. Eggulu erya bbululu teritonnye-sangako ku maziga (terikaabangako) lwa boonoonyi, wabula eggulu lye limu eryasaanyaawo abalabe b'Obusiraamu nga liyita mu kubwatuka okw'amaanyi ne nnamutikkwa we nkuba. Enjuba gye tulaba ye njuba y'emu eyayakirako embiri za Falaawo (Pharaoh), Nimuroodi (Nimrod) n'abagyemu abalala. Olwaleero enjuba y'emu eyakira ebyasigalira by'obwakabaka bwabwe. Bwe batyo tewali n'omu ku bo eyasobola okufuna obulamu obutaggwaawo nga bwe baali baagala. Abo bokka abaweereza Allah mu bwesimbu be baafuna essanyu eritagambika n'empeera mu kiseera kye kimu.

Ekinyusi ky'enzikiriza y'Obusiraamu kwe kulangirira nti teri Katonda (mulala) okuggyako Allah era Muhammadi mubaka wa Allah. Oluvannyuma lw'okulangirira okwo, olwo omuntu afuuka mukkiriza. Wabula Obusiraamu ssi ddiini ya kukkiriza kwokka, naye omuntu yee-taaga obukkiriza bwe okubujuuliriza n'okukola emirimo emirungi. Kulaane entukuvu bulijjo etukubiriza okubeera abakkiriza n'okukola emirimo emirungi. Obukkiriza bw'omuntu bubeera butuukiridde nga buyita mu kusinza Allah Owoobuyinza awamu n'okukola emirimo emirungi. Mu byafaayo, abakkiriza abo abaafuula obukkiriza bwabwe obutuukiridde tebaafuna bizibu mu bulamu wadde okuva ku mulamwa olw'okutiisibwatiisibwa abatakkirizza kwe bakola. Omufuzi w'obumbula Falaawo bwe yabonyaabonya ennyo abantu abaali abalogo be kyokka olu vannyuma ne bakkiririza mu Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye), ekyo tekyabawugula kubajja ku Bukkiriza, wabula baagamba bugambi nti: "Katonda waffe! Tufukirireko obukkiriza (tunywerezze mu bukkiriza) era otutte nga tuli mu kwewaayo (gy'oli). (A'raf, 7 : 126) Mu ngeri y'emu, Abagoberezi ba Kristo ab'emirembe egy'edda baabakasuka mu nsolo enkambwe nga babalanga okukkiriza kwabwe, naye tebaawuguka kuleka kukkiriza mu Bumu bwa Katonda wabula baalondawo okukomba ku ssanyu ery'omwoyo lye baafuna mu kufiririra obukkiriza. So nga ne mukyala Sumayya, eyali atya n'okufumitibwa obufumitibwa empiso, teyatya byuma ebyengeredde (omuliro) bye baamutekanga ku mubiri gwe ng'ekyamuwanga amaanyi bwe bukkiriza obw'amaanyi bwe yalina mu Busiraamu. Bba naye yagoberera mukyala we bwe yagaana okukuba

enkyukira okuva mu kkubo ly'Obusiraamu wadde nga baamutta mu ntiisa. Obulamu bwa Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'obulamu bw'abamu ku bagoberezi b'amadiini amatukuvu amalala ng'Obusiraamu tebunnajja, nabwo bujulira ntakera engeri obukkiriza gye buyinza okuwangalamu obutakkiriza.

Ebyafaayo biraga nti Abasiraamu ebbanga lye bamala nga bassa mu nkola Obusiraamu nga Allah Owoobuyinza bwe yabulagira, obugunjufu bwabwe buzzé bweylekera mu mbeera ebadde ezze emanyibwa olw'okubeera ensunsule eya waggulu. Babadde bajja bakulembra mu saayansi, eby'obufuzi, n'ebintu ebirala mu bulamu. Wabula, bwe basuulawo okuteeka mu nkola Obusiraamu oba ne babukola mu bikolwa byokka so ssi mu mwoyo, babadde bajja bafirwa amaanyi gaabwe n'obumu. Bazze bakoma okubeera abakulembeze mu by'obufuzi, eby'enfuna ne mu byenkulaakulana ebirala. Bwe tutyo, twetaaga omulundi omulala okudda ku nzikiriza yaffe n'obwesimbu n'okugissa mu nkola ssi mu bikolwa bya ku ngulu byokka naye ne mu mwoyo (munda).

Olw'obwetaavu obwo, kye nvudde nnambulula oludda lw'Obusiraamu olukwata ku mwoyo. Mu kusooka ngezezzaako nga bwe nsobola okunnyonnyola n'okulambika omusingi gwe nzikiriza yaffe n'ebigenderwa ebiri emabega w'omusingi guno. Nga ngoberera empagi z'obukkiriza, nnondodde ebikwata ku ludda lw'omwoyo mu kusinza okw'Obusiraamu. Wadde Obusiraamu ng'enzikiriza buyinza okulabika okusinziira gye bukoma mu kussibwa mu nkola, ebyembi nti mu mirembi gyaffe enkola eno ebulamu eby'omwoyo ogw'Obusiraamu. Emikolo egikolebwaa mu Busiraamu gikolebwaa ng'egyokutuusa obutuusa etteeka nga giringa emikolo gyonna emirala egikolebwaa mu by'obuwangwa, naye ng'omwoyo gw'Obusiraamu kumpi teguliimu na kamu.

Ekitabo kino kigenderera okuwa ekitangaala ku mwoyo (omutima) oguli emabega w'okusinza kw'Obusiraamu n'okwambaza Obusiraamu ekyambalo ky'emboozi okuva mu byafaayo bya bannabbi ne banywanyi baabwe, n'ebi'okulabirako okuva mu bulamu bw'Abasuufi (ebiyinza okugobererwa). Naddala emirundi emingi gye twogedde ku bitontome bya Ruumi, Yunus Emre n'Abasuufi abalala, gigenderera okukwananga-nya okwagala okuli mu ngeri gye tukolamu ebintu n'embeera yabyo ey'eddiini.

Ebitundu mu kitabo kino ebyogera ku kugaba n'okuwaayo zaka nabyo bissiddwaako nnyo omulaka. Okugenda ewala ennyo ebitundu bino kwe bisobodde okukola, mu kunnyonnyola ebyenfuna ebizimbiddwa ku musingi gw'Obusiraamu, kulaga nnyo omuwendo ogw'amaanyi ogwannamaddala ogubirimu gwe biyinza okutuusa ku nsi yaffe eno etambulira ku musingi gw'ebintu ebirabika. Obusiraamu bufuba okulunngamya, ssi mu bya mwoyo byokka, naye ne mu bintu ebirala. Bwe nt yo ntadde essira ku mateeka agafuga eby'enfunu by'Obusiraamu okusobola okuyambako mu latalo lwaffe olulwanyisa okwagala okw'ebintu.

Nga mpandiika ekitabo kino, njagala okwebaza kwange okw'enjawulo kugende eri omwami Muhammadi Eshmeli olw'obuwagizi bwe n'olw'omulimu gw'akoze mu kutereeza ekitabo kino. Era nsabira baganda bange abalala ababaddeko kye bakoze mu kukuba ekitabo kino mu kyapa era nsaba nti ekitabo kino kijja kubeera ensibuko y'emikisa eg'yomwoyo era saddaaka yaabwe etaggwaawo ku Lunaku lw'enkomerero.

Era njagala okwebaza okw'enjawulo kugende eri Dr. Suleman Derin ne Dr. Ali Köse olw'obuyambi bwe bakoze mu kuvvuunula ekitabo kino n'abo abakoze omulimo gw'okutereeza abafubye okulaba ng'ebivvunuddwa bikwatagana bulungi nga bwe kisoboka. Nsaba Allah akkirize okulafuubana kwabwe kwe bakoze mu mutima omulungi era abasasule musera.

Nsaba Allah abantu abo abalabye omugaso mu kitabo kino bakiganyulwemu nga bwe bagenda bategeera Obusiraamu munda mu mbeera yaabwo ey'ebikolwa ebirabika (ku ngulu) n'ey'omwoyo, era nsaba Allah atuwe emikisa tufune akatundu akatusaanira mu mugabo gw'ekitangaala ekiva mu makulu ga *aya* eno bwe tulimusisinkana ku Lunaku lw'enkomerero:

“Mazima ddala mu bantu abo abaagoberera Ekkubo lye mwalimu Bulayimu (Ibraahiiimu). Jjukira bwe yajja ewa Katonda we n'omutima omulamu (omwanjulukufu).” (Swaffaat, 37 : 83)

Aamiina.


Osman Nuri Topbaş

16-01-2003

Uskudar.



**OBU SIRAAMU N'EMBEERA
YAABWO AMAKULA**



Allah ye nnannyini mannya agasinga obulungi (Twaha, 20:8)



Mu byafaayo by'omuntu, ekinyusi ky'eddiini zonna, okuviiira ddala ku ddiini eyasooka eyakkira ku Adamu, kizze kifaanagana. Enkyukakyuka zokka ezibadde zitera okubaawo zibadde zibeera mu mateeka agafuga abantu ab'enjawulo kubanga ebibiina by'abantu bibadde bijja bikulaakulana okuva ku bantu b'omulembe okudda ku balala. Awamu n'ekyo, enkyukakyuka zino ezizze zibaawo zibadde tezikwata ku mulamwa n'ekinyusi eby'enzikiriza zino. Olw'ensonga eyo, eddiini zonna ezassibwa okuviiira ddala ku ddiini eyakkira ku Adamu (emirembe gibeere ku ye), nga ye muntu eyasooka okutondebwa era ye Nnabbi eyasooka okutumwa, okutuukira ddala ku Nnabbi Muhammadi (Allah amuwe okusaasira n'emirembe) zonna zifaanana Obusiraamu bw'otunuulira ku musingi gwazo.

Eyo y'ensonga lwaki Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba mu hadiisi Abu Hurayira gy'anyumya nti "Nnawulira Omubaka wa Allah ng'agamba nti, 'Mu bantu bona nze nsinga okubeera mutabani wa Mariyamu (Nnabbi Yisa) okumpi. Era Bannabbi abalala bona balinga abagatta obugassi kitaabwe naye, era nga tewaliwo Nnabbi mulala wakati wange naye'. (Bukhari, ekitabo 4, ekitundu 55, namba 651)

N'olw'ekyo tekiba kituufu okulowooza nti Obusiraamu bukoma ku Kulaane yokka kubanga Obusiraamu bukunngaanya eddiini zonna ezaabusooka ezo Allah ze yassa. Ekigambo ddiini wano kikozesebwa okutegeesa eddiini nga bwe zaali ng'abantu tebannaba kuzikyusakyusa era

kino Kulaane ekikakasiza mu *aya* eno wammanga nti: “**Eddiini (entuufu) eri Allah bwe Busiraamu (kwewaayo eri Okusalawo Kwe).** Era abo abaaweebwa Ekitabo tebaayawukana (*ku ddiini*) okuggyako olw’ensaalwa eri wakati waabwe, oluvannyuma *lw’okumanya* okubaggyira. Naye oyo ayawukana ku bubonero bwa Allah (amateeka ge), Allah **mwangu wa kulamula.**” (Aali – Imraani, 3 : 19)

Aya eno era ekirambika nti Obusiraamu lye kkubo lyokka erisobola okugonjoola emitawaana eg'yobuntu. Wano twogera ku Kulaane kye yalangirira nti yo (Kulaane) lye kkubo ly'okwesiima ku nsi kuno ne ku Lunaku *lw’enkomerereo*. *Aya* eno wammanga kino eyongera okukiram-bika obulungi bw’egamba nti:

“**Omuntu yenna agoberera eddiini endala etali Busiraamu (kwewaayo eri Allah) tejja kukkirizibwa; era ku Lunaku *lw’enkomerero agenda kubeera mu abo ab’okufaafaaganirwa (aleme kusigaza kalungi ka mwoyo konna).***” (Aali Imraan, 3 : 85)

Bwe kityo Obusiraamu y’eddiini ezze essibwa okuviira ddala ku Adamu okutuuka ku Nnabbi ow’enkomerero Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe), era buli kiseera ebadde ejja efuulibwa etuukiridde, mu mirundi gyonna gye yassibwa mu byafaayo by’obuntu ng’era okutuukirira okusinga kwali mu Kulaane.

Okunnyonnyola Obusiraamu kuyinza okuwumbibwawumbibwa mu bikolo bibiri:

1. Obukkiriza (Imaan): Okukkirirza n’obwesimbu mu bikolo ebi-taano eby’Obusiraamu (empagi ettaano).
2. Okukola emirimu emirungi (amal al-swalihi): Okukola ebikolwa ebirungi ebyo Allah bye yalaalika n’obukkiriza obwesimbu obwannamaddala.

Obusiraamu obukolebwa wansi w’emisingi gino ebiri buteekateeka obulamu bwaffe, ebirowoozo byaffe, n’enneeyisa yaffe mu ngeri etee-keddwa mu bipimo ebirungi. Obusiraamu lye kkubo erituusa omuntu mu maaso ga Allah nga bukwanaganya amagezi, okutu, amaaso, olumi n’omutima (nga bubikwanaganya) n’ekitangaala ekitukuvu. Singa obulungi bw’Obusiraamu bwali bwa kugwa ku kitundu ky’olwazi bwan-dibetense olwazi ne bulufuula ettaka eggonvu era eggimu. Ku ludda

olulala, emitima gy'abo abeesamba Obusiraamu gyafuulibwa lwazi olu-kaluba so ng'ate Obusiraamu bwe bwokka obulina obusobozi obusoba-la okuvumula emitima egyo.

Obusiraamu bufuula obulamu bw'abantu obw'amagezi n'obwabulijjo obutuukirivu era ne bubajja mu kizikiza ne bubazza mu kitangaala. Abo abakkiriza Obusiraamu basitulwa okuva mu mbeera eya wansi esemberayo ddala ne balinnyisibwa okutuuka ku ddaala erisembayo okubeera waggulu. Bulina obusobozi okukyusa omuntu owabulijjo ne bumufuula omuntu atuukiridde. Obusiraamu, eky'okukyusa omwoyo gw'omuntu, bukikola nga buyita mu kuzza omuntu eri embeera ye ey'obutonde.

Obusiraamu kye kyambalo ky'obulunngamu ekyo Allah ky'ayam-baza oluse lw'abantu bona. Abo abeewaayo eri Obusiraamu, bajja kus-tuka bafune obulamu obutaggwaawo era babeere mu mbeera y'obutafa. Allah yayita Bannabbi bona, ng'abo abali ku ntikko y'obuweereza eri Allah yabayita eri embeera emu. “Bwe yabagamba nti mweweeyo! Buli omu kwe kugamba nti nneewaddeyo eri Katonda w'ensi zonna.”

Mu mbeera za Nnabbi omukulu ennyo Bulayimu (emirembe gibee-re ku ye) kino kyalagirwa mu Kulaane nti:

“Katonda we bwe yamugamba nti weeweyo! Ye kwe kugamba nti nneewaddeyo eri Katonda w'ensi zonna.” (Baqara, 2 : 131)

Okwewaayo kuno kufunika ng'omuntu atuuse ku kubeera okumpi ne Allah ng'ayita mu kwogera ku mannya ge. Mu butuufu, ekigendere-rwa ky'okusinza okw'engeri yonna kwe kusembera okumpi ne Allah, era n'okufuna okumanya n'okwagala Allah.

Omubuulizi omu yali ayogera mu muzikiti ng'ayogera ku kufa n'ebiriddirira oluvannyuma lw'okufa. Yali annyonnyola ebibuuzo omufu by'agenda okubuuzibwa nga bamaze okumuziika okugeza: “Obulamu bwo wakoleramu ki? Eby'obugagga byo wabisasaanyiza mu ki? Obula-mu bwo wabukozesa otya? Ebintu bye wayiga wabissa otya mu nkola? Ebiragiro by'Obusiraamu wabigobereranga otya? Era ebyaziyizibwa wabyewalanga otya?” Yayogeranga ku bintu eby'obusammambiro naye nga takwata ku kinyusi. Mu bamuwuliriza mwalimu omusomesa omu-

suufi omukulu eyayitibwanga Shibli. Shibli olw'okwagala okujukiza omubuuilizi ekinyusi ky'ensonga zonna yamugamba bw'atyi:

"Mubaalize! Weerabidde okwogera ku kibuuzo ekisingira ddala obukulu Allah ky'agenda okubuuza abaddu Be ku Lunaku Lwenkomero. Bwe tulisisinkana Allah ku Lunaku lwenkomero agenda kubuuza nti: Owange muddu wange! Nze nnali naawe ebiseera byonna, ggwe wali ne b'ani?"

Okusinziira ku ddaala ly'ekitiibwa, Obusiraamu bututuusa mu bulamu mwe tuwulirira nti tuli ne Allah ebiseera byonna:

"Era ali wamu nammwe awo wonna we mubeera." (Hadiid, 57 : 4)

Okubeera kw'ensi n'eggulu obulungi kwesigamye ku kugondera kwaffe Allah. Okugonda kuno bwe kubulawo, obusungu bwa Allah buba bwakutukkako.

"Ebizibu byeyolese mu nsi ne mu ggulu (obutebenkevu bw'ensi yonna bwonoonese, obutyabaga obw'obutonde buzz) olw'ebyo emikono gy'abantu bye gikoze, bw'aty (Allah) alyoke abakombye ku bukaawu bw'ebimu kw'ebyo bye bakoze, basobole okweddamu (okuva mu kkubo ekkyamu lye bagoberera.)" (Ruum, 30 : 41)

Aya eno ky'etegeesa kye ky'okuba nti okuva ku Busiraamu kuleeta okukyankalana kw'obutebenkevu n'okukkaanya kw'obutonde. Obubenje obw'obutonde butegeerekeka nga buggyawo olw'okulabula abantu badde eri Obusiraamu.

Abantu abamanyi eby'omunda basobola okwawula wakati wa Omuntanzi n'ebitonde bye. Omuntu ow'ekika ekyo atunuulira embeera ey'oku ngulu nga bwatunuulira mu kiseera kye kimu embeera ey'omu nda ategeere ensi eno nga bw'eri ate nga bw'ajjukira Enkomero. Yeetege-reza eggulu eritalina nsalo naye nga bw'awangaala obulamu lubeerera obujukira amaanyi amatukuvu agali emabega w'eggulu eryo. Yeemanyi obunafu ng'omuwereza era talekaayo kweyisa mu ngeri eno ey'obuwe-reza. Ku lugendo lwe eri ensi etakoma, Allah amuwa ebyama bye ebitukuvu. Bw'aty omuddu agwa wansi n'avunnamu ng'ayaayaanira Katonda we. Mu ngeri eno ekigendererwa ky'okutonda ne kiba nga kituukiriziddwa nga n'omuddu afunye ebyengera ebitaggwaawo nga aya eno wammanga bw'ekirambika:

“N’oyo Allah gw’aba ayagadde okulunngamya, agaziya omutima gwe eri Obusiraamu (okwewaayo gy’ali)” (An’am, 6 : 125)

Mu bufunze, omuntu okutuuka ku kwestiima kusobokera mu Busiraamu nga Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) bw’atu-tegeeza nti:

“Oyo yenna akkiriza nti Allah ye Katonda n’Obusiraamu ye ddiini ye, Muhammadi Nnabbi era ng’ebyo bimusanyusa, Allah ajja kumusa-sula n’okumuyingiza Ejjana.” (Abu Dawuda, Swalat, 36; Tirmidhi, Swalat, 42)

Ekigambo *Islam* (Busiraamu) kiva mu kigambo *Silm* ne *Salaam*, ebitegeeza emirembe, okwewaayo, obutukuvu n’obwesimbu. Essuula ya Kulaane esooka Faatiha ewumbawumba ekinyusi ky’Obusiraamu. Okusinziira ku ssuula eno, Obusiraamu bwettanira kutwala muntu eri ebyengera bya Allah ne mu kkubo eggolokofu n’awona obusungu bwa Allah.

“Mu linnya lya Allah, Omusaasizi ennyo Ow’okusaasira okw’en-jawulo.

Amatendo amajuvu gonna ga Allah, Omulabirizi w’ebitonde.

Omusaasizi ennyo (asaasira okusaasira okubuna), Omusaasizi ow’okusaasira okw’enjawulo.

Omufuzi w’Olunaku lw’okulamula.

Ggwe Wekka gwe tusinza, era Ggwe Wekka gwe tweyuna okutuyamba nga tufunye obuzibu.

Tulunngamye mu kkubo eggolokofu.

Ekkubo ly’abo be wagabira ebyengera; eritali kkubo l’yabo abasun-guwalirwa wadde (abo) abaabula.” (Faatiha, 1:1-7)

Bwe butyo Obusiraamu butuukiriza ebyetaago by’obukkiriza n’amegezi. Bukuuma omuntu n’atatuukibwako ebyo ebikosa obulamu bwe n’ebintu bye wamu n’obulamu n’emirembe eby’abantu abato. Emigaso gy’Obusiraamu giyinza okulambikibwa mu bufunze bwe gityi:

- Obusiraamu y’eddiini y’obukkiriza esinga obulungi: Obusiraamu buwa enkola ey’obukkiriza esinga obulungi, nga mu kiseera kye kimu bukuuma ekitiibwa ky’omuntu ne bumutangira enzikiriza ezitalinaako musingi, okugeza ng’okusinza ebifaananyi (amasanamu).



- Obusiraamu bugunjula omutima nga buyita mu bikolwa ebiri mu kusinza. Ebintu ebiri mu kusinza mu Busiraamu bikola ku mwoyo n'omubiri olw'okuba okubituukiriza kwetaaga omubiri n'omwoyo. Abo abatuukiriza ebibakakatako mu Busiraamu bawangaala mu bulamu obweyagaza mu nsi eno nga balinga abali mu Jjana.

- Obusiraamu ddiini ya kusaasira: Obusiraamu bufuba okutwala omuntu eri essanyu erituukiridde n'okusaasira kwa Allah, wadde ng'ebikolwa bye ebisinga obungi byandimugwanyizza ebibonerezo n'okusaanawo. Allah Oweekitilwa agamba nti okusaasira kwe kusukka ku busungu bwe.

Abu Hurairah anyumya nti: Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti, "Allah bwe yatonda ebitonde, yawandiika mu Kitabo kye era kino n'akyekakasaako era nga kiri naye ku Namulondo ye (Arsh) nti, 'Mazima ddala okusaasira kwange kusinga obusungu bwange.'" (Bukhari, ekitabo 9, ekitundu 93, namba 501)

Basmalah eyo gye boogera ku ntandikwa ya buli ssuula erimu amanya ga Allah agoogera ku kitendo kye eky'okusaasira.

Mu linnya ly a Allah, Omusaasizi ennyo (Ow'okusaasira okubuna) Ow'okusaasira okw'enjawulo. Ebitendo bino ebiri era byogerwa mu ssuula esooka mu Kulaane mu *aya ey'okubiri*.

Amatendo gonna amajjuvu ga Allah, Katonda Omulabirizi w'ebitone byonna. Omusaasizi ennyo Ow'ekisa eky'enjawulo; ekitegeeza Ow'ekisa ekingi. *Aya ebbiri ezisooka mu ssuula eno (al-Rahmaan) zitugeeza nti okusinziira ku kusaasira kwa Allah yatuyigiriza Kulaane:*

"Omusaasizi ennyo y'oyo eyayigiriza (abantu) Kulaane (Rahmaan, 55:1-2). *Aya zino era ziraga nti ebiri mu Kulaane nabyo kusaasira eri ebitonde. Mu ssuula Isra kino bakinnyonnyola bulungi nti:*

"Tussa (mu mitendera egypten) mu Kulaane ebyo ebiwonya era ebirimu okusaasira eri abakkiriza (so nga) eri abalyazaamaanyi terina ky'ebaleetera okuggyako kufaaaganirwa kwokka (oluvannyuma Iw'okubula)." (Isra, 17 : 82)

Kulaane ssi ye yokka eky'okusaasira eri abantu, wabula ne Nnabbi w'Obusiraamu, Kulaane kwe yakkira era n'agisaasaanya naye kya kusaasira eri ebitonde:

“Ensonga yokka gye twakutumira kwe kusaasira eri ebitonde byonna.” (Anbiyaa, 21 : 07).

Mpozzi ate kino eky’okusaasira kyatuukirira mu bulamu bwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) okuva Iw’atakolimirako bantu abo abaamukijjanya. Mu kibuga ky’e Twaifa abantu baamukuba amayinja ne bamuleka ng’atiiriika omusaayi olw’ebiwundu bye baamutuusaako. Malayika Jibuliilu yamutuukirira n’amusaba akkirize asaanyeewo abatuuze b’omu kibuga ekyo olw’engeri embi gye baali bamuyisizzaamu. Kyokka Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ekyo yakigaana n’agamba Jibuliilu nti: “Nedda ekyo sokyagala. Nze ndi Nnabbi wa kusaasira.”

Teyakoma ku kugaana bugaanyi kya kubonereza balabe be wabula n’okubasabira yabasabria Allah abalunngamye era babeere bulungi. Mu bino tuyinza okuyigamu nti ekibala ekisooka eky’Obusiraamu kwe kusaasira. Mikwano gya Allah abo abaagoberera omusingi guno ogwa zaabu baawumbawumba okuweereza Allah n’okubeera omuddu gy’ali mu misingi gino ebiri:

1. *Ta’ziim li amrillah* (Okuwa ekitiibwa ebiragiyo bya Allah): Okutuukiriza ebiragiyo bya Allah mu ngeri y’okubissaamu ennyo ekitiibwa.
2. *Shafaqatu li khalqi Llaahi*: Okusaasira ebitonde by Allah.

Obusiraamu ddiini ya magezi: Wadde nga Obusiraamu tebwatekebwawo magezi ga mutu oba okukolera ku magezi, okuva eddiini n’amagezi bwe biri nga byombi birabo okuva eri Omuronzi tewali nsonga Iwaki byombi tebiyinza kubeera wamu. Obusiraamu bulunngamya amagezi g’omuntu okugatuusa ku mbeera ezisinga okuvaamu ebibala. Bwe zityo embeera ezo ne zisobozesa omuntu okuwangaala obulamu obwenkanankana (obupime obulungi) awatali kwekubiira ku ludda olumu oba olulala.

Bino bw’obissa mu bigambo ebirala, amagezi g’omuntu gasobola okunnyonyolebwa mu bujjuvu mu kukkiririza mu bumu bwa Allah. Mu ngeri eyo, Allah, mu bitundu bingi mu Kulaane, atukubiriza okukozesa amagezi gaffe ng’akozesa ekigambo: “Afalaa ta’qiluuna?” (Abaffe temutegeera oba abaffe temufumiitiriza?)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) naye atukubiriza tukozese amagezi gaffe tulowooze ku bigendererwa by'obulamu. Bwe yali ageraageranya empeera z'okusinza n'okulowooza yagamba nti: "Ssaawa emu omuntu gy'aba atadde mu kulowooza ekira emyaka nkaaga gy'aba amaze mu kusinza."

Amagezi g'omuntu gaatondebwa ng'ekidduka (entambula) ekitambuza omuntu okumutuusa eri Allah n'eri okulunngama. Ge gamuyamba okutaputa ebintu ebitukuvu.

Obusiraamu ddiini ya kwagala: Okukozesa obukozesa amagezi tekimala kulunngamya muntu kumutuusa eri ebintu ebitukuvu ebikwata ku Allah. Ebiseera ebimu okukozesa amagezi tekumala kutuusa muntu eri Allah. Mpozzi ate gayinza okubbika omuntu mu kinnya ky'okubuusabuu-sa. Olw'ensonga eyo amagezi gateekeddwa kubeera wansi wa mateeka g'okwagala era gaweebwe n'ekitangaala ky'okwagala. Ruumi agamba nti:

"Oyo yenna eyaweebwa omukisa era n'afuna okumanya (okulimu ebyama by'omwoyo) amanyi nti amagezi gava ku *Iblis* (Sitaane) so ng'ate okwagala kuva ku Adamu." (Masnawi III, 1402)

"Okwagala lyato lya balondemu: kubanga ebiseera ebisinga obungi kubeera kutaasa na kununula." (Masnawi III, 1406)

abantu abo, nga bafilosofa abeesigamira ku magezi ng'eky'okulunngamya bafuuka baddu abakola ebiyungo byabwe eby'ebweru bye bibaragira. Baba baweereza ba maaso gaabwe bye galaba n'amatu gaabwe bye gawulira nga tebatera kwejjukiza ebyo ebikusike. Amagezi gasobola okumanya Allah nga gayita mu kwagala, naye nga go gokka kye kintu ekyeyambisibwa obweyambisibwa, so nga okwagala kwandisobola okwetuusa eri Omuronzi.

Okwagala kuvaamu kwewaayo na kwefiriza. Omukkiriza ayagala Katonda we ayinza n'okuwaayo obulamu bwe mu kkubo lya Allah. Bas-swahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) baawaayo kumpi buli kantu mu kkubo lya Allah ne Omubaka we era eyo ye nsonga eyabatuusa mu kifo ekisinga okubeera ekya waggulu mu byafaayo by'omuntu. Buli Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) lwe yabangako ky'abasaba baamuddangamu nti: "Kitange ne mmange mbawaddeyo okuba ennunuzi yo".

Bwe butyo Obusiraamu ddiini ya mutima okusinga bw'eri eddiini y'amagezi gokka. Eddiini y'Obusiraamu egenderera kutuuka ku mutima gw'omuntu okusookera ddala. Mu ngeri y'emu, Obusiraamu ddiini ya kwenkanyankanya: Ekintu ekisingira ddala obukulu mu Busiraamu kwe kubeera nga buteekawo ebyipimo ebyenkanankana wakati w'ensi ebbiri. Nga Allah bwe yatonda ensi yonna ng'ekwataagana era ekkiriziganya bulungi era ng'etebenkedde, n'Obusiraamu bwe butyo bwateekawo olu-guudo olutuusa omuntu eri obwenkamunkamu mu bulamu bw'omuntu. Obusiraamu bw'ateekawo embeera empime obulungi wakati w'obulamu bw'ensi n'Enkomerero, wakati w'omwoyo n'omubiri, wakati w'abasajja n'abakazi, wakati w'omugagga n'omwavu, ne wakati w'ebintu eby'omwoyo n'ebitali bya mwoyo. Ebintu bino ebirabika ng'ebenyumé, byakyusibwa ne bifuuka buli kimu ekijjuuliriza kinnaakyo wansi w'Obusiraamu. Obusiraamu tebuwaayo oba okubuusa amaaso ensi endala olw'ensi eno, oba omubiri olw'omwoyo. Obusiraamu buggyawo okukoonagana wakati w'ebintu bino era mu kifo ky'okukoonagana ne buteekawo kukwatagana na kukkiriziganya. Omuntu ng'akozesa ebiwawaatiro bino asobola okubuuka mu bbanga okutuuka eri ensi eziri waggulu.

Obusiraamu ddiini ya kumanya na kugoba nsonga: Obusiraamu si ddiini egwanira obulungi abantu abatamanyi. Wabula ate, Obusiraamu ye ddiini ey'enkomerero era esinga okutuukirira eyaweerezebwा okulwanyisa obutamanya. Olw'ensonga eyo, Kulaane egamba nti okumanya ye mbeera esinga okubeera enku esobozesa omuntu okutya Katonda era omukkiriza owannamaddala:

“Abo abamanyi be bo bokka mu baddu ba Allah abamutyua (okutya okwannamaddala). Mazima ddala Allah wa maanyi Omusonyiyi.”
(Faatwiri, 35:28)

Ye Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti: “Enkizo omumanyi gy'alina ku muntu asinza (nga talina ky'amanyi) eringa enkizo gye nnina ku muntu asembayo okubeera n'eddaala erya wansi mu mmwe.” (Abu Dawuda, Elm, 1)

Awamu n'ekyo, Obusiraamu bugatta wakati w'okumanya n'amagezi. Okumanya okutaliiko magezi kuyinza okuleetera abantu emitawaana okusinga emigaso. Okugeza okumanya eddagala (obusawo) nga tekulii-mu magezi gafumiitiriza kuyinza okukozesebwa okutta okusinga okuvu-

mula. Eyo ye nsonga lwaki Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) alabula bw'atyi: "Omuntu yenna eyeyongera okumanya nga tayongedde kwesamba nsi na kutya Allah, aba yeeyongera kwesamba Allah." (Kanz al-irfaan, 62)

Obusiraamu ng'eddiini y'empisa ezisinga obulungi: Omuntu atwali-bwa nga ye ntikko y'okutonda. Omuntu ye musigire wa Allah ku nsi. Wadde ng'omuntu yatondebwu mu ttaka, naye Allah yamufuuwamu omwoyo gwe mu mubiri gwe. Kulaane eyeekitiibwa etulaga ng'era bw'etulabula obutaleka myoyo gyaffe kwonoonebwa na kwagala kwaffe okunyomebwa. Ewa omuntu amagezi omwoyo gwe okugutukuza okuguggyamu emize emibi era n'okutuuka ewa Allah n'omutima omutukuvu. Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kye kifaananyi ekisinga obulungi eky'omuntu eyatuuka ku kigendererwa kino ekikulu era n'atuuka ku ntikko y'empisa ennungi. Yatuuka n'okukyasanguza nti ekimu ku bigendererwa bye ebisinga obukulu mu bwannabbi bwe kwali kulaga mpisa ezisinga obulungi:

Mazima ddala nze nnatumibwa kuijuza mpisa ezisinga okubeera ennungi. (Muwattwa, al-Khulqu, 7)

Kulaane ejulira ekintu kino era n'etenda Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) mu *aya* eno nti:

"Era ddala ggwe oli wa mpisa ez'ettendo." (Qalam, 68 : 4)

Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) baali bajulizi abalamu ku nsonyi za Nnabbi. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), mu nsonyi, yali asinga omuwala omuto eyee-bisse (olw'okutya abantu). Olw'okwongera okutangaaza ku bukulu bw'ensonyi (amakulu okukwatibwa Allah ensonyi), yagamba nti: "Ensonyi n'obukkiriza bigendera wamu. Ekimu bwe kiggwa mu muntu n'ekirala kimuggwaamu." (Suyutwi, Jaami-u Swaghiri, I, 53)

Ebigambo bya Jalaalu Ddiini Ruum ebijja wammanga bitangaaza bulungi obukulu bwa haya (amakulu okuwulira ensonyi ng'ekisobyo kikoleddwa) nga zeesigamidde ku bukkiriza.

"Nabuuza amagezi nti obukkiriza kye ki? Amagezi gange ne gaa-nukula omutima gwange nti, 'Obukkiriza si kirala wabula okweyisa obu-

lungi (Adab)’. Olw’ensonga eyo abo abatalina adaabu (mpisa) bajja kubeera wala nnyo n’okusaasira kwa Allah.”

Obusiraamu ddiini ya kisa na kweyisa bulungi. Okusinziira ku Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ekisa, abantu abangi kye batatwala ng’ekikulu, kijja kubeera kintu kikulu nnyo ku Lunaku lw’okulamula. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe), eky’okulabirako kye nga kyali kisinga obulungi mu ngeri zonna ez’obulamu, ne mu kisa era yawa ekyokulabirako ekirungi. Bwe yalabanga nga waliwo omu ku Basswahaba be alina ensobi gy’akoze yayinzanga okugitereeza nga taswazizza muntu agikoze. Mu kifo ky’okulumbanga obutereevu omuntu eyabanga akoze ensobi, olulimi yakozesanga lwa wamu nti: “Ki ki ekituuseewo okuba nga ndaba abantu abamu nga bakola kino na kiri”, era ng’okwogera mu ngeri eno yabanga tayagala kuweebuula muntu eyabanga akoze ensobi eyo.

Obusiraamu ddiini ya bwenkanya: Ekimu ku bintu Obusiraamu bye bussaako essira buli kiseera bwe bwenkanya n’enkola ey’amateeka. Okusinziira ku Busiraamu, ezzambi erisinga obutasonyiyibwa, ng’oggyeeko okugatta ekintu ekirala ku Allah, kwe kutyoboola eddembe ly’omuntu omulala. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) we yasinga okubeerera omuyi mu bulwadde bwe obwamutta, yateeka essira ku bukulu bw’okussa ekitiibwa mu ddembe ly’abalala ye kennyni bwe yagenda mu muzikiti n’asaba okusasula buli muntu eyalina ky’abanja nga yali takimusasulanga, nga bw’agamba nti “Basswahaba bange! Bwe mba nnina ekintu ky’omuntu kye nnatwala mu butanwa, bino bye bintu bye nnina akiggyemu akitwale. Bwe mba nga waliwo gwe nnakuba mu mugongo nga sigenderedde guno gwe mugongo gwange, agukube asoble okwesasuza. (Asimu Köksal, Islam Tarihi, V. II Olup. 38)

Endaba y’Obusiraamu ku nsonga y’obwenkanya eyazimbibwa ku musingi ogw’amaanyi bwe gutyo yatuuka ku ntikko y’obutuukirivu era ereetera omuyivu yenna agezaako okugisomako okugyegomba. Oluvannyuma lw’okutaganjula enkola zonna, omufilosoofa Omufalansa Lafayet, eyakola omulimo ogw’amaanyi mu kuteekateeka endowooza ezaaleetawo enkyukakyuka mu Bufalansa, yagamba bw’atyi “Owange Muhammad! Tewali muntu n’omu eyatuuka ku ddaala lyo ery’okuleeta obwenkanya mu bantu.”

Ebyafaayo by'Obusiraamu bijjudde ebintu ebyazuuka nga bijulira ekifo obwenkanya kye bugenze bukwata mu bantu b'emirembe egitali gimu. Lumu omusajja yagula embalaasi okuva mu katale. Naye n'efa nga wayise ennakku ssatu zokka wadde nga yali nvubuka era nga ya maanyi. Omuguzi yabuusabuusa nti okufa kw'embalaasi kwandiba nga kwali kuvudde ku mutunzi okugija obutwa asobole okulumya omuguzi kubanga baalinamu obutakkaanya ku nsonga ezitali zimu. Yagenda mu kooti okwekubira enduulu kyokka n'amala ennakku ssatu ng'agenda naye ng'omulamuzi tamusangayo. Omuguzi kye yakola kwe kutwala ensolo ew'omusawo w'ebisolo eyakisanga ng'okubuusabuusa kwe kwali kutuufu embalaasi yali efudde butwa. Omulamuzi bwe yakomawo okuva gye yali alaze omuguzi yaddayo mu kkooti. Omulamuzi kwe kumubuuza nti: "Lwaki tewajjirawo mu kkooti kubanga olwo twandisobodde okulaba obubonero ku mbalaasi? Omusajja eyeemulugunya yamuddamu nti, "Oweekitiibwa najja mu kkooti ennakku ssatu nnamba naye nga sikusan-gayo." Omulamuzi yaddamu nti, "Oli mutuufu. Mmange yafa ne ntindigga olugendo okudda mu kabuga ke waffe nsobole okubeerawo nga bamuziika. Oluvannyuma lw'okulowoozea akaseera omulamuzi yakyukira omuwandiisi n'amulagira awandiike ensalawo ye, era ensonga zaaganjoolwa bwe zityi: "Okubulawo kw'Omulamuzi mu kkooti kwaviirako omuwaabi okufirwa. Olw'ensonga eyo okufirwa omuwaabi kwe yatuukako kulina kusasulwa Mulamuzi".

Mu bufunze, Obusiraamu ddiini ya bwenkanya mu bintu ebirabikako ne mu by'omwoyo. Olw'ensonga eyo, edda waliwo abantu bajajja ffe be baayitanga 'Abasiraamu abatalina ddiini' bwe baabeeranga nga ssi Basiraamu naye nga bassa ekitiibwa mu bwenkanya era nga beeyisa bulungi. Ate ku ludda olulala, Abasiraamu abateeyisanga bulungi era nga tebassa kitiibwa mu bwenkanya baabayitanga 'Basiraamu abatali bakkiriza'. Obusiraamu bwe buteekebwa mu nkola mu ngeri eyaddala busobola okutukuza omwoyo gw'omuntu ne baguggyamu obutali butuukirivu bwonna. Obusiraamu bwe bwokka obusobola okukyusa abantu abaafuuka emmere y'ebi'okwegomba kwabwe okubanyomesa. Obusiraamu busobola okubakyusa okubaggya mu bifo ebyo ebya wansi ne bubateeka mu bifo ebisinga okubeera ebya wagggulu.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti "Omudu bw'akkiriza Obusiraamu n'abussa mu nkola, ebirungi byonna by'aba

yaakakola biweebwa omuwendo ate ebibi byonna by'aba yaakakola ne bimuggyibwako. Okuva awo, ebikolwa bye ebirungi bikubisibwaamu emirundi okuva ku kkumi okutuuka ku lusanvu lulamba. Sso ng'ate ekyonono bakiwandiika omulundi gumu (mu Kitabo ekiwandiikibwamu emirimu gy'abaddu) okuggyako nga Allah akisoniyidde ddala.

Okuviira ddala eyo ku ntandikwa y'eddiini, wajja wabeerawo abantu abaabeeranga tebaagala kukkiriza kulunngamya kwayo naye nga basinga kwagala kugoberera kwegomba kwa myoyo gyabwe okubanyoomesa ng'abaddu ba sitaani. Waliwo eby'okulabirako bingi okuva mu byafaayo by'Obusiraamu. Wadde nga Bannamakka baali bamativu ku bwesigwa bwa Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), bangi ku bo baagaana okukkiriza obubaka bwe obwalimu emisuwa gy'obulamu. Baamanya ebikwata ku Busiraamu nga bayita mu ngeri gye baali bama-nyiimu Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) naye eby'embii okwagala kwabwe okunyoomebwa kwabazimbako akayumba ne kubale-mesa okukkiriza ekituufu. Bwe batyo baagwa mu kinnya ky'obutakkiriza. Abayawudi n'abagoberezi ba Kristo nabo baamala emyaka n'ebisiibo nga balagaanyisa okujja kwa Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Naye bwe yamala okujja baagaana okukkiriza Obusiraamu kubanga Nnabbi yali avudde mu bantu balala, ate nga bo baali bajjudde omwoyo ogw'okwagala ennyo amawanga gaabwe awamu n'okusosola mu mawanga. Okusingira ddala Abayawudi baasukka ku bantu abalala mu ngeri gye baaganamu Obusiraamu nga kino kiva ku byafaayo byabwe ebiwanvu eby'okugaana Bannabbi n'okubatta.

Ekyafaayo kino wammanga kikulaga bulungi ekintu kino:

Lumu Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yasomera Abayawudi *aya za Kulaane zino*:

"Bwe baba bakuwakanyizza, gamba nti: 'Nze nneewaddeyo eri Katonda na buli muntu angoberera (naye yeewaddeyo)'. Era buuza abo abaawee-bwa Ekitabo (Abayawudi n'Abagoberezi ba Kristo) n'abo abataasoma (Abawalabu abasinza amasanamu) nti: 'Abaffe (nammwe) mwewaddeyo (eri Allah)?' Bwe baba beewaddeyo, ddala baba bagoberedde ekkubo ettuufu naye bwe bagaana ne bakyuka (okuva ku kituufu) ggwe omulimo ogugwo kutuusa Bubaka; so nga Allah alaba abaddu be." (Aal-Imraan, 3 : 20)

Bwe yamala okubasomera *aya* eno kwe kubabuuza nti:

“Mukkiriza Obusiraamu?”

Abayawudi baamuddamu nti:

“Yee tubukkiriza.”

Olwo Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kubuuza ekibuuzo kino:

“Ne Yisa (emirembe gibeere ku ye) mumukkiriza nti kigambo kya Allah, omuddu we era Omubaka we?”

Baddamu nti:

“Nedda, era tusaba Allah atukuumme tuleme kukola nsobi bw'etyo.”

Bwe kityo, bwe baagaana okukkiriza Nnabbi bye yababuuza ebikwata ku Nnabbi Yisa (emirembe gibeere ku ye) baafuuka abakaafiiri (abagyeemu).

Yabuuza abagoberezi ba Kristo bw'atyi:

“Mukkiriza ne muwa obujulizi nti Yisa (emirembe gibeere ku ye) kigambo kya Allah era Mubaka we?

Baamuddamu nti:

“Kisoboka kitya Yisa (emirembe gibeere ku ye) okubeera ekitonde kya Allah, Yisa ye mwana wa Allah.”

Olulala Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagenda mu *ddarasa y'abayivu* Abayawudi n'abayita bayingire Obusiraamu. Nuaim bin Haarith ne Zayidi kwe kumubuuza bwe batyi:

“Ggwe osoma ddiini ki?”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yabaddamu nti: “Nze ngoberera ddiini ya Bulayimu.”

Abayawudi kino olwabagwa mu matu kwe kugamba nti: “Ne Bulayimu yali Muyawudi.”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yabagamba nti: “Oba ekyo kiri bwe kityo kati tukkirize Tawuraati (Torah) etusalirewo.”

Abayawudi ekirowoozo kya Nnabbi eky'okuleka Tawuraati ebasalirewo baakigoba. Baalina omusajja omuyivu omwatiikirivu nga yayiti-

bwanga Abdullah bin Salaam. Ono yali mumanyi nnyo mu bo era nga bulijjo baabeeranga bamuwaana n'okumutendereza. Naye Abdullah olwayingira Obusiraamu byonna bye baamutendanga baabyerabira ne batandika okumuvuma n'okumukolimira. Baakyusa n'essuula (mu bitabo byabwe) ezaalanga Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), era bino Kulaane ebyogerako bw'etyi:

“Okubonaabona kuli eri abo abawandiika Ekitabo n'emikono gyabwe oluvannyuma ne bagamba nti bino biva eri Allah, basobole okubitunga omuwendo omutono! Okubonaabona kuli ku bo olw'emikono gyabwe bye gyawandiika era okuboonaabona kuli ku bo olw'ebyo bye baapakasa. (Baqara, 2 : 79)

“Mu Bayawudi mulimu abo abakyusa ebigambo okubiggya mu bifo byabyo ebituufu.” (Nisaa-i, 4 : 46; Maa-idah, 5 : 13)

Ebikolwa eby'ekika kino biraga nti Abayawudi n'abagoberezi ba Kristo baakyusakyusa eddiini zaabwe okusinziira ku bwagazi bwabwe, bwe batyo ne boonoona embeera y'okusomesa kw'eddiini ezo entuufu. Olwaleero, kkoppi ya Tawuraati esingayo obukadde ya mu kyasa kya mwenda nga Kristo tannazaalibwa. N'ekivaamu, kwe kuba nga waliwo ekiseera kiwanvu nnyo ekyawula wakati wa Nnabbi Musa ne Tawuraati gye baakunngaanya. Eby'embii, n'abo abawoza “okulongoosa mu Busiraamu”, balina ekigendererwa kye kimu. Era nga bwe gwali luli (ku bala-la) na bano balina ebigendererwa bye bakweka nga babisibye mu bigambo ebiwoomerera.

Amagezi g'omuntu tegasobola kutegeera kumalayo ensonga oba ebigendererwa ebiri emabega w'okutonda ensi yonna. Kino kiri kityo kubanga ensi yatondebwa Katonda Oyo alina obusobozi n'obumanyi eby'enjawulo. Allah amanyi bulungi embeera y'omuntu kubanga ye yamutonda. N'olw'ekyo ebiragiro Bye n'ebyo bye yaziyiza ebikwta ku bulamu bw'omuntu, bisinziira ku bubumbwa bw'omuntu. Amagezi agataazimbirwamu obubaka obw'ekitiibwa tegasobola kutegeera kumalayo bintu ng'ebyo. Amagezi amalamu gaba tegayinza kuwakanya nti Omuttonzi amanyi bulungi ebitonde bye era nti asobola okubiragirira obulamu obubisingira okubigyamu. Tuyinza okugamba nti Obusiraamu ye ddiini yokka gye baazimbira omuntu ng'etuukana n'obubumbwa bwe.

Allah Oweekitiibwa Owaamaanyi ng'akozesa okusaasira kwe okutaliiko kkomo, obuntu yabuweereza Obusiraamu ng'eddiini ebuna (ey'abantu bona). Mu Busiraamu yateekamu enkola etuukiridde era ekwata ku buli nsonga ekwata ku mpangaala y'abantu. Ng'eddiini, Obusiraamu busobola okuddamu ekibuuzo kyonna ekikwata ku bulamu ekiyinza okugya mu magezi g'omuntu. Okugeza, ebirooto bisukka ebintu bye tulaba mu bulamu obwa bulijjo kubanga bibeera mu magezi gaffe. Wadde ng'ekyo kiri kityo, Obusiraamu bupima endooto era ne bubaako ne kye buyamba mu kulan-dulula amakulu gaazo. Enkola yonna okwesigamizibwa amaateeka bw'erekayo ekintu ekikulu mu bubumbwa bw'omuntu obutonde bw'omuntu bugigaana. Okugeza Obukatoliki bwagaana obwetaavu obuliwo okufuna amaka era ne bugaana bannadiini (Bafaaza n'Abasisita) okuwasa oba okufumbirwa. Amateeka ag'ekika ekyo gakontana n'obutonde bw'omuntu era gye biggweera omuntu kino kimukaka okugagyemera.

Obutonde bw'omuntu bulimu ebintu ebisobola okukyusibwa n'ebyo ebitasobola kukyusibwa. Enkola zonna ez'eddiini ezitateeka birowoozo ku bintu by'obutonde bw'omuntu ebitakyuka, tezisobola kuwangaala kumala kiseera. Obutonde bw'omuntu buyisa ensalo zonna ezibukakati-bwako. Okugeza, Abazungu ab'e Bulaaya baabateekako Obukristaayo obulongooseemu naye era gye byaggweera nga Obukrishtaayo babuggye mu bulamu bwabwe era nga basazeewo kubukuumira mu masinziso gokka. Eby'embii abagoberezi ba Kristo bangi abaayabulira eddiini yaabwe yonna olw'embeera etatuukagana na bumbubwa bwa muntu eri mu nzikiriza eyo. Okwongereza kw'ebyo, okuva okukkiririza mu maanyi amatukuvu lwe kiri mu butonde bw'omuntu "Abagoberezi ba Kristo" abamu batandise n'okukkiririza mu Sitaane.

Obusiraamu, ku ludda olulala butunuulira obutonde bw'omuntu obutukuvu era olw'ensonga eyo, ne bwe buyitibwako ekiseera tebukaddiwa ekiseera ne bwe kibeera ekiwanvu ennyo. Twala eky'okulabirako eky'abakazi okubeera n'emิตima emigonvu okusinga abasajja, era ng'ekiva mw'ekyo be bakazi okuba ne mbeera mwe batakkirizibwa mu mateeka kukola nga bajulizi, nga bwe kitaba ekyo obwenkanya buyinza obutafunika.

Amateeka ga Allah gaziyyiza embeera z'omuntu enkyamu okutumbuka n'okumufuga. Ng'oggyeeko ekyo gatuyamba okutumbula embeera ennungi. Mpozzi ate Obusiraamu butuwa eddembe okuteekateeka obulamu bwaffe okusinziira ku mbeera empya eziba zizzeewo mu bulamu nga

zisobola okukyuka n'okutereera. Eddembe lino liweebwa omuntu olw'obulungi bwe. Tewali kusalawo kwa nkalakkalira ku mbeera z'obulamu ezikyukakyuka. Olw'ensonga eyo, Obusiraamu ddiini etuukana n'embeera era ng'efa ku mbeera y'obubumbwa bw'omuntu. Bwe kityo era kikulu okumanya nti embeera z'obutonde zitera kwettanira ludda oluliko ebirungi okusinga oluliko ebibi bwe buba tebuliiko kunyigirizibwa okuva mu mbeera ebwetoolodde. Okussa essira ku nsonga eyo, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti buli mwana azaalibwa, azaalibwa mu bubumbura bwa Busiraamu. (Bukhari, Janaa-iz, 92)

Abu Hurayira anyumya bw'atyi:

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti, “Buli mwana azaalibwa n'enzikiriza entuu fu ey'Obusiraamu (amakulu okusinza Katonda Omu n'obutamugattikako kintu kirala) naye bakadde be be bamukyusa okumufuula Omuyawudi, Omugoberezi wa Kristo oba *Omumagian* (Omumajuusi – oyo asinza omuliro) ng'ensolo bw'evaamu ensolo endala egifaanana. Abaffe mwali mugisanze ng'esaliddwaako e bitundu by'omubiri ebimu?” (Bukhari, ekitabo 2, ekitundu 23, namba 467)

Ekiva mu kuba nti obusaasizi bwa Allah obubuna businga obusungu bwe, kwe kuba ng'ensi, okutwalira awamu, ejjudde emirembe n'obutebenkevu. Mu kibira, tuyinza okulaba obusolo obutono era obunafu nga buwan-gaalira mu kibira kimu n'ensolo ez'amaanyi era enkambwe. Ekintu kye kimu tukisanga ne ku muntu, oyo eyatondebwa nga ye nsonga enkulu ku nsi eno. Wadde ng'akyayinza okubeera n'ebitono ebibi n'ebirungi, ebbanga ebitendo ebirungi lye bimala nga bye bisinga ebibi, embeera etuuka ng'ebintu ebibi by'alina tebisobola kuvaayo ne birabika ku ngulu. Naye obubumbwa buno obulungi bwonoonebwa embeera z'obuntu ezeetoolodde omuntu nga bwe twazinnyonnyodde mu hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) waggulu. Obusiraamu, nga buyita mu mbeera y'obulamu gye butusongerako bukola kyonna ekisoboka okukuumma obubumbwa buno obutayonooneddwa ne buba nga bukkiriza obutukuvu bw'omwoyo obwo Allah Owoobuyinza bwe yawa omuntu okusigala nga butangalijja. Mu Busiraamu kitegeerwa nti ebantu ebikyamu mu bubumbwa bw'omuntu tebisobola kumalibwawo na kusangulibwawo byonna.

Eky'okulabirako, mu kifo ky'okukkiriza eddembe ly'okwemalako ennyonta y'omukwano, nga bwe kiri mu nkola ez'ebikwata ku mwoyo

eriwo, Obusiraamu buteekateeka eby'okulabagana mu mukwano mu nsalo z'obufumbo n'amaka okusobola okukuuma omutindo gw'abantu okusigalawo. Obusiraamu buwagira okwagala okw'omu butonde okubbulukukira mu mbeera y'obufumbo, bwe butyo ne bubeera nga busobola okutwala okwagala kwaffe omukwano (eby'obufumbo) eri ebigen dere-rwa ebitukuvu nga bwe kyalagirwa mu kukola olulyo olulungi.

Bwe tudda ku kuba n'eby'obugagga, Obusiraamu busomesa nti buli kintu, mu butuufu, kya Allah. Abakkiriza bababuulira engeri y'okusaa-saanyamu okusobola okuyamba abalala mu kifo ky'okwewaayo n'eki-gendererwa eky'okukungaanya eby'obugagga olw'okubyefuga. Obusiraamu butulagira okwesigamu omutima ogw'okusiima n'okukolagana n'abalala mu kifo ky'okusiba ensaalwa ku mutima.

Mu ngeri y'emu, Obusiraamu buteekateeka amagezi g'omuntu. Buzimbira amagezi ku musingi ogw'obubaka, kubanga awatali kuwanirirwa bubaka, okulowoolereza kusobola okubuza omuntu ne kumutuusa okuggyamu ebintu ebtali birungi. Eyo ye nsonga lwaki Bafilosoofa buli omu agaana okutwala ebiganbo bya munne. Okwongereza ku ebyo, mu Athens ey'edda okubba kyatwalibwanga nga kikolwa kyattendo kasita omuntu abbye yeegenderezanga ne batamukwata. Ababbi baabagumiikirizanga era nga tebababonereza olw'amagezi n'obukodyo n'obukujukujju omubbi bwe yakozesanga okusobola okubba. Wadde ng'okubba kirkabika bulabisi nti kubi, kino amagezi obugezi tegasobola kukiitukako nga tegayambiddwaako bubaka. Amagezi g'omuntu bwe gaba nga tegasobola kulaba kintu ekiri mu giraasi butya bwe tugasuubira okutegeera ekituufu mu bintu ebizibu ebtali byeyolefu. Okukozesa amagezi, bwe kubanga kukkiriziddwa nga kye kintu kyokka kye tukozesa okusalawo, ebiseera bijja kutuuka ng'enjuyi zombi tuzirabamu butuufu era ng'obwenkanya tebusobola kutuukibwako. Kino wammanga kifaananyi kirungi.

Mu Athens ey'edda waliwo omuyizi eyali asoma amateeka eyakola endagaano n'omusomesa we (Pulofeesa) amutendeke okubeera looya (munnamateeka). Omuyizi yali wa kumusasulako ekitundu ky'ebisale by'okusoma bye baalagaana amangu ddala nga yaakamala okutendeke-bwa ate ekitundu ekirala akimuwe ng'amaze okuwangula omusango gwe ogusooka mu kkooti. Naye omuyizi olwamala okutendekebwa kwe kukatema pulofeesa we ng'ekitundu ekisooka kye yali amuwaddeko bwe

kyali kimala okusasulira bye yali akoze era nga yali si wa kumwongera ssente ndala ne bwe yandiwangudde omusango mu kkooti.

Pulofeesa kye yakola kwe kwongerayo ensonga n'atwala omuyizi mu mateeka ng'amulanga okumenya endagaano gye baali bakoze. Olu-naku lw'omulamuzi okuwulira omusango lwateruka era Pulofeesa n'an-nyonnyola Omulamuzi bw'atyi: "Mu ngeri yonna oba mpangudde omusango oba mpanguddwa, ssente zange oyo ajja kuzimpa." Omulamuzi kwe kubuuza Pulofeesa nti: "Atya?" Ko Pulofeesa nti: "Singa mpangudde omusango omuyizi ajja kunsasula fiizi zange ze nnamusomeseza ng'et-teeka olw'okutuukiriza okusalawo kwo. Bw'atasasula olwo ajja kuba azii-mudde ensala yo, ekintu ekitasoboka. Omusango bwe gunsinga olwo omuyizi ajja kuba ng'awangudde omusango era okusinziira ku ndagaano gye twakola naye okufuna empeera yange kasita awangula omusango gwe ogusooka kiba kijja kumukakatako okunsasula kuba awangudde."

Omuyizi gwe baali baatendeka obulungi kwe kuwaayo okwewo-zaako kwe ng'agamba nti: "Ate ekyennyume ky'ekyo kye kituufu! Nze sigenda kusasula kye kimu mpangudde omusango oba gunsinze." Omulamuzi yamulagira anyonnyole kino kw'akijja era omuyizi n'annyonyola bw'atyi: "Singa mpangula omusango mba sija kumusasula kuba bwe nkikola mba ntyobodde okusalawo kwa kkooti eno era ng'ekyo ssi kituufu. So ng'ate bwe mpangulwa omusango okusinziira ku ndagaano gye twakola mba sirina kumusasula."

Nga bw'olaba mu kifaananyi ekyo waggulu amagezi g'omuntu gasobola okutuuka ku kusalawo okutakwataganu naye ng'ensalawo zonna zizimbiddwa ku bujulizi obukkirizibwa. Kino kiteekwa kubeera bwe kiti singa obubaka tebwewyambisibwa. Obusiraamu, olw'okussa essira ku buku-lu bw'okuwa ekitiibwa eddembe ly'abalala n'okulitwala ng'ekintu ekikulu, buli kintu buleetawo engeri endala mu nkolagana wakati w'abantu abak-kiriziganya. Obusiraamu busomesa omuntu okulowooza ku byetaago by'abalala okusinga ebyetaago by'omuntu yennyini. Kino kirambikibwa bulungi mu hadiisi y'Omubaka egamba nti abantu abeebaka obulungi nga baliraanwa baabwe basuze njala ssi ba muffe ekirambika bulungi.

Eno ye ngeri Obusiraamu gye bwakyusaamu abagoberezi baabwo ne bubafuula abantu abagabana, abafaayo era abaagala baganda baabwe ne bannyinaabwe. Ng'Obusiraamu tebunajja, Abawalabu baali baayatii-

kirira olw'obukyayi n'obulabe buli omu bye yalina ku munne awamu n'okunyaga ebintu by'ebika ebirala nga bayita mu ntalo ezitatadde. Baali tebalina mitima gisaasira ekyabatuusanga n'okuziika bawala baabwe nga balamu, nga balowooza nti abawala tebaabeeranga na kitiiibwa. Baabee-ranga n'enyyombo n'okuwoleragana eggwanga ebitakoma, ebyavanga-mu okuttinngana okutakoma. Owaamaanyi yalinniyiriranga eddembe ly'omunafu so nga n'amateeka gaabeerangawo kuyamba ba maanyi. Omutontomi asinga obwatiikirivu Omutuluuki, Mehmed Akif, embeera embi eno yagyogerako bw'atyi:

“Singa omuntu teyalinanga mannyo, baganda be bandibadde bayin-za okumulya.”

Naye Obusiraamu bwe bwajja, abantu abo baasituka eddaala ne bafuuka abantu abasinga okubeera n'empisa n'ekitiibwa mu bantu b'omu nsi yonna. Abo abaali nga bettanira buli omu okunywa omusaayi gwa munne (okuttinngana) baakeesa enkyi, ng'Obusiraamu bumaze okujja, nga batuuse mu mbeera eyabatuusanga okulumirwa n'okufa ku bannaabwe ne bwe kyaba nga kiteeka obulamu bwabwe mu katyabaga oba nga kiseera kya kufa. Ekyafaayo kino Hudhaifa ky'anumya kiraga eddaala ly'ekisa n'okugaba abantu ab'emirembe egyasooka lye baali batuuseeko. Hudhaifa yali mu ddwaaniro ng'anoonya bantu abaali basi-mattuse okufa mu lutalo lwe Yarmuku. Anyumya bw'atyi:

“Nnalaba Kizibwe wange eyayitbwanga Haarith ng'ali mu kitaba ky'omusaayi kwe kudduka ne nngenda gye yali muwe ku tuzzi. Naye aba agenda okunywa bw'atyi kwe kuwlira eddoboozi lya Ikrimah ng'alaajana:

“Amazzi, ettondo ly'amazzi ku lwa Allah!”

Haarith yalaza n'amaaso eri Ikrimah n'ata amazzi, nga ky'ategeeza nti ngatwalire Ikrimah. We nnatuukira ate we twawulirira eddoboozi lya Eyaashi ng'alaajana: “Amazzi! Amazzi bannange!”

Nga Haarith bwe yali akoze ne Ikrimah teyakkiriza mazzi wabula yasonga mu Eyaashi. Nnadduka naye Eyaashi teyalina bbanga limala kunywa mazzi n'akutuka n'afa. Nnadduka ne nzirayo ntwalire Ikrimah amazzi kwe kumusanga nga naye amaze okufa. Mu kusoerwa nnaddu-ka ne nzirayo ewa Haarith, naye eby'embii nnamusanga afudde.

Abalwanyi basatu abaali bali ku njegoyego z'okufa, buli omu yakkiringa n'awaayo amazzi agaali gamuweereddwa okunywa ng'ayagala yeefirize akakisa ako akawe omuntu omulala ye asooke okunywa. Olw'ekikolwa ekkyo, tewali n'omu yasobola kutuukibwako nga tannaba kussa mukka gwe omuvannyuma na kufuuka mujulizi nga takombye ku ttondo lya tuzzi.

Kino kiwa ekifaananyi ekiraga eddaala erya waggulu mu mpisa Obusiraamu ze bwali buzimbye mu bulamu bw'abagoberezi baabwo abaasooka. Abantu abo be bamu, mu biseera by'obutamanya ng'Obusiraamu tebunnajja, baabeeranga basanyufu nnyo omu okutirimbulu munne nga yekwasa akasonga akatono ennyo. Mu Busiraamu, emitima gyabwe gyasaanikirwa okusaasira okutukuvu n'emikisa mu ngeri eyatuusisa omulembe gwabwe oluvannyuma okuyitibwa "Omulembe Gw'essanyu (awrwa ssa-aadah)".

Allah Ow'amanyi atujjukiza ekyengera kino ekinene mu *aya* eno wammanga:

"Mujjukire ekyengera kya Allah kye yabagonnomolako, bwe mwali abalabe n'agatta emitima gyammwe, ne mukeesa enkyia, olw'ekyengera kye, nga muli ba luganda. Era nga mwali ku mugo gwa lunnya lw'omuliro n'agubataasa n'agubaggyamu. Bw'atyio (Allah) bw'annyonnyola obubonero bwe mulyoke mugoberere ekkubo eggolokofu." (Aali Imraan, 3 : 103)

Aya eno eyogera eri abantu bona ng'eyita mu kwogera ku Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe).

Emboozzi y'emu etuukirira ku Batuluuki. Nga Obusiraamu tebunnabatuukamu, erinnya lyabwe teryali ddungi mu byafaayo. Atilla yekka yaleka biwoobe byokka na bitaba bya musaayi mu kilomita akasanvu (7,000) ke yatuukamu ng'ali mu ntalo ze. Naye abantu abo bwe baamala okufuna ekitiibwa ky'Obusiraamu eggwanga lino lyafuuka erimu ku mawanga agasinga okussibwamu ekitiibwa era erijjudde okwagala n'okusaasira eri obuntu. Nga bayita mu kusaasira abalabe baabwe, be bagamba bwe batyi:

"Kisa olina obukambwe bungi! Abalabe bange obafuula abantu be njagala."

EMPAGI ETTAANO EZ'OBUSIRAAMU

Nga bwe twayogedde, Obusiraamu kukkiriza na kukola mirimo mirungi. Okusinziira ku Busiraamu, omuntu alina ebintu bibiri by'atee-keddwa okutuukiriza eri Allah, ekisookera ddala kwe kubeera n'obukkiriza ate ekirala bye bikolwa by'alina okukola. Ebimukakatako ebikwata ku kukkiriza birina okulowoozebwako ng'ebyo ebikwata ku mirimo gy'alina okukola tebinnaba. Olw'ensonga eyo Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti:

“Ekintu kye nsinga okutiisa abantu b'ekibiina kyange (*Ummah*) kwe kugatta ebintu ebirala ku Allah.” (Musnad, IV, 124, 126)

Abantu bajja kugabanyizibwamu amawanga abiri mu maaso ga Allah, ery'Abakkiriza n'ery'Abatali bakkiriza. Obukkiriza busimbiddwa mu kitole ekiri awamu. Singa omuntu agaana okukkiririza mu kimu ku bikolo by'obukkiriza, kino kiba kifaanana n'okugaana byonna okubikkiriza. Ebikolo byonna bizitowa mu ngeri y'emu, olw'engeri omuntu lw'atalina ddembe kudda ku Allah kye yayita ekituufu ye n'akiyita ekikyamu. Ka tubuuze, mu mbeera ze ez'obunafu, omuntu ayinza okugaana Omuronzi Owoobuyinza Owaamanyi? Awatali bukkiriza emirimo emirungi tegigasa. Mu Busiraamu obukkiriza bukwata kifo ekisingayo okubeera ekya waggu-lu mu bintu byonna omuntu by'ateekeddwa okukola.

Naye, obukkiriza tebusobola kwetengerera nga tewali mirimo mirungi. Emirimo emirungi gibukuma obutatuukibwako mutawaana. Obusiraamu bulinga omuti gw'ebibala. Obukkiriza nga buyita mu mutima, gye mirandira gy'omuti ogwo. Okulangirira obukkiriza ng'okozesa olulimi ye nduli ate ebikolwa ebirungi bye bimuli n'ebibala by'omuti. Nga ebibala bwe bibeera ebigendererwa omuti bye gwettanira, na bwe kityo ebikolwa ebirungi bye biteekeddwa okuva mu bukkiriza. Okumanya ebyama ebikusike n'okusemberera Allah biyinza kutuukibwako ng'omuntu ayise mu kukola emirimu emirungi. Bwe tukozesa ebigambo ebirala, Obusiraamu ssi bukkiriza kyokka, wabula era buzingiramu ebikolwa ebirungi. Liba kkubo lya mutawaana omuntu okulowooza okutuuka ku kwesiima ng'ayise mu kukkiriza kwokka awatali kukola mirimu mirungi. Nga n'ekiva mw'ekyo kwe kubanga empagi ennya ku ezo ettaano ez'Obusiraamu nga bikolo bya bikolwa ebirungi. Empagi emu yokka esooka ey'Obusiraamu

y'ekwata ku kukkiriza, nga nayo kwe kватула okukkiriza. Hadiisi eno wammanga eyogera ku mpagi z'Obisraamu ettaano:

Ibn Umaru anyumya nti: Omubaka wa Allah yagamba nti:

“Obusiraamu bwazimbirwa ku mpagi (misingi) ttaano:

1. Okujulira nti teri mutuufu kusinza okuggyako Allah nti era Muhammadi Mubaka wa Allah.
2. Okuyimirizaawo esswala ezaalaalikibwa mu butuufu bwazo.
3. Okuwaayo zaka (amakulu saddaaka ey'etteeka).
4. Okulamaga olugendo lw'e Makka
5. Okusiiba omwezi gwa Lamanzaane.

(Bukhari, ekitabo 1, ekitundu 2, namba 7)

Wabula, ebikolo bino ebitaano Obusiraamu ssi kwe bukoma. Ezo z'empagi enku lu eziwaniridde omuzimbo naye nga waliwo n'ebikolo ebiralala. Obusiraamu buteekateeka obulamu bw'omuntu okuva lw'abeera mu kibaya (lwazaalibwa) okutuusa lw'ayingira mu ntaana, nga buteekateeka obulamu bwe obw'omwoyo n'obw'omubiri, obulamu bwe nga ye n'obulamu obw'enkolagana ye n'abantu. N'okuyisa obuyisa amaaso mu Kulaane ne hadiisi za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kujja kukulaga nti bikwata ku buli kitundu mu bulamu bw'omuntu. Wabula hadiisi eyo waggulu ewa Abasiraamu ebiragiro ebisooka bye beetaaga okuzimbira obulamu bwabwe. Omuzimbo bwe guba tegulina mpagi enku lu tegusobola kunywerera ku musingi gwagwo. Wabula empagi endala ze ziwanirira zino enku lu okusobola okunyweza omuzimbo gwonna. Nga zikolera ku kino, hadiisi endala nnyingi ezongera okutangaaza ku bikolo ebiralala. Okugeza waliwo hadiisi egamba nti:

“Obusiraamu bukolebwa emigabo munaana. Omugabo ogusooka kwe kukkiririza mu Busiraamu, okusaala ogwo mugabo gumu, okutoola zaka ogwo nagwo mugabo gumu, okusiiba nagwo mugabo, okulamaga olw'e Makka okukola hijja ogwo nagwo mugabo gumu, okulagira okukola obulungi nagwo mugabo, okwekessa abantu okukola obubi ogwo nagwo mugabo, n'okulwana mu kkubo lya Allah nagwo mugabo...”

Ebiragiro by'Obusiraamu bikola ng'emikono gya *kampasi* (compass). Ogumu gubeera wamu omulala nga bwe gutambula. Kino kitegeenza nti ebikolwa ebyalaalikibwa biri wamu era biteekeddwa okukolebwa buli mukkiriza, naye ate ebikolwa ebya sunna mu kusinza, omuntu asobola okulondamu okusinziira gy'akoma mu busobozi. Abo abalina obusobozi ng'obwa Abu Bakari balina okukola ebingi, era ssi kituufu ku bo okweyisa ng'Omusiraamu omunafu. Ate ku ludda olulala, abo abatalina busobozi bwa kika kya waggulu ng'obwa Abu Bakari tebasobola kussa mu nkola Busiraamu nga Abu Bakari bwe yakola. Etteeka ekkulu wano kwe kubanga oluvannyuma lw'okutuukiriza ebikolwa ebyalaalikibwa mu kusinza mu ngeri entuufu omuntu nga bw'asobola, omuntu asaana akole ebikolwa ebitali byalaalikibwa (ebya ssunna) olwo asobole okutuuka mu maaso ga Allah ng'ayita mu kwesonyiwa eby'ensi. Nga tuyise mu kukola bwe tutyo tujja kukula tutuuke ku mbeera etugwanyiza okubeera abasigire ba Katonda ku nsi.

Nga bwe kiri ekikulu okutegeera amateeka g'Obusiraamu agalabikako, era kikulu okutegeera ebikusike eby'omwoyo mu Busiraamu. Allah Owoobuyinza yatubuilira lunye emisingi gino ng'ayita mu Mubaka we (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Mu ngeri eno, Allah yatuwa amaanyi okusomesa Obusiraamu mu ngeri entuufu era n'atuwa omukissa okussa Obusiraamu mu nkola mu ngeri esaanidde. Hadiisi eno wam-manga eyasinga okwatiikirira nga hadiisi ya Jibuliilu, essa essira ku kintu kino nga Umaru (Allah amusiime) bw'aginyumya. Umaru Ibn al-Khat-twab yagamba bw'atyi:

Olunaku lumu twali tutudde ne Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ne wajja omusajja ng'ayambadde engoye enjeru ennyo ezitukula. Enviiri ze nga nzirugavu nnyo. Yali talina kiraga nti yali atambudde olugendo so ng'ate tewali n'omu muffe yali amumanyi. Yafukamira awaali Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'ateeka ebibatu bye ku bisambi bya Nnabbi n'amugamba nti:

'Muhammad, mbuulira Obusiraamu kye kki?

Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kumugamba nti:

Obusiraamu (al-Islaam) kwe kujulira nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah era nti Muhammad Mubaka wa Allah, n'oyimirizaawo

esswala, n'otoola zaka, n'osiiba omwezi gwa Lamanzaane, n'olamaga olw'e Makka okukola hijja bw'oba olina obusobozi (obusasulira olugendo).

(Eyabuuza) kwe kugamba nti:

G'oyogedde ge mazima.

Umaru Ibn Khattwab agamba nti: "Kyatwewuunyisa omusajja okubeera nga y'omu y'abuuza ate y'omu y'ajulira nti Nnabbi ayogedde mazima."

Eyabuuza kwe kwongerako nti:

Mbuulira ku Imaan (obukkiriza).

Nnabbi ow'ekitiibwa yaddamu nti:

Obukkiriza kwe kukkiriza Allah, ne Bamalayika be, n'Ebitabo bye, n'Ababaka be, n'Olunaku lw'enkomererero, n'okkiriza okusalawo kwa Katonda kw'aba akoze kye kimu ky'aba asazeewo (kikulabikira nga) kirungi oba kibi.

(Eyabuuza kwe kugamba nti:

G'oyogedde ge mazima.

Eyabuuza kwe kugamba nti: "Kati mbuulira ku al-Ihsaan (okukola emirimu emirungi).

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kumugamba nti:

Ihsaan kwe kusinza Allah ng'olinga amulaba, kubanga bw'obeera tomulaba mazima ddala Ye akulaba.

Eyabuuza kwe kwongera n'agamba nti:

Mbuulira ku Ssaawa (envannyuma ey'okuzikirira).

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kuddamu nti.

Kino gwe bakibuuzzizza takimanyi kukisinza abuuzzizza!

Eyabuuza kwe kugamba nti:

Mbuulira nno ku bubonero bw'Essaawa.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kumugamba nti:



Omuzanaa (omuddu omuwala) ajja kuzaala mukama we, era ojja kulaba abantu abatabeera mu ngoye abatambulira mu bigere ebyereere (abatabeera na ngatto), abaavu, abalunzi b'embuzi nga bavuganya mu kuzimba amayumba agalinga embiri.

Eyanyumya hadiisi, Umaru Ibn Khattwab yeeyongera okunyumya nti “Oluvannyuma omusajja yagenda naye nze ne nsigala ne Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) akaseera katono. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kumbuuza nti: “Umaru! Omanyi oyo abadde abuuza?” Nnamugamba nti: “Allah ne Omubaka we be bamanyi.” Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kugamba nti: “Oyo yabadde Jibuliilu; yazze kubayigiriza ddiini yammwe.”

Mu bufunze, Obusiraamu ddiini ey'okusinza Allah Omu. Allah Owoobuyinza agamba mu Kulaane nti:

“Tewali kyantondesa majinni na bantu okuggyako lwa kunsinza.”
(Dhariyaat, 51 : 56)

Allah Owoobuyinza alagira Nnabbi we Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) okutegeeza abantu bonna ekintu kino nti:

“Gamba (ggwe Muhammadi) nti: Mazima nze nnalagirwa okusinza Allah nga Yekka gwe nkolera eddiini.

Era ne ndagirwa okubeera omusaale (akulemberamu) Abasiraamu (abeewaayo mu mateeka ge).

Gamba nti ddala ntya ebibonerezo by'Olunaku olunene singa ngyemera Katonda wange.

Gamba nti Allah Yekka gwe nsinza ng'era Ye Yekka gwe nkolera eddiini.” (Zumar, 39 : 11 - 14)

Okukkiriza Allah si kumala bumazi gagoberera mateeka ga ddiini mu ngeri y'ekizibu ky'amaaso ng'eya *roboti* (kompyuta). Okukkiriza kwe kusinza Omutonzi w'ensi eno, Oyo afuga obulamu n'okufa, okubeera omusanyufu n'okusalawo kwe, n'okukola emirimo emirungi, okusinziira ku kwagala kwa Allah.

Okuyimirizaawo eddiini nkizo eyaweebwa Bannabbi bokka. Mu ddiini ez'ensi yonna, Obusiraamu ye ddiini yokka ekyalina ensibuko

yaayo nga ekyakuumiddwa bulungi. Allah yafuula ekyamagero kya Kulaane nga kya kusigalawo lubeerera.

Obusiraamu bwasangulawo ebintu abantu bye batya, okukkiriza mu bisiraane, era ne buggyawo emikululo gy'ekizikiza. Mu kifo ky'obutama-nya, Obusiraamu bw'ateekawo obwenkanya, n'empisa ez'ekika ekya waggulu, era ne buleeta essanyu eringi n'eddembe mu nsi.

Obusiraamu buyamba omuntu okwewumbula n'okumusomesa ekyama ekiri mu *aya eno*:

“(Omuntu) nnamufuuwamu omwoyo gwange (okuva ewange)”

Obusiraamu busiimuula endabirwamu y'omutima ne bugutegeka okusisinkana Allah, ne buguwunda n'empisa ennungi, era ddagala lya buwangaazi kuba bukyusa ebiro by'okufa ne bubifuula ebintu eby'okwaga-la nga bwe kifaananako ku muvubuka bw'alindirira ekiro ky'embaga.

Mehmet Akif, ng'atunuulira embeera ey'ennaku Abasiraamu b'omu biseera bye gye baali bawangaaliramu ng'entabwe eva ku bunafu bwa-bwe mu kwewaayo eri Obusiraamu yagamba nti:

*“Abasiraamu bwe baba tebaagala kufootoolwa ng'ennaku ziyiseewo
Bateekwa okudda eri omulamwa gw'Obusiraamu.”*





OKWATULA OBUKKIRIZA
N'EMPAGI ZAABWO



"Laa ilaaha illa Llaahu Muhammaadu Rasuulu Llaahi."
Teri mutuufu wa kusinza okuggyako Allah; Muhammadi Mubaha wa Allah.



*Q*kulangirira obukkiriza ly'eddaala erisooka mu kuyingira mu Busiraamu. Bino bye bigambo ebiwa obujulizi nti Katonda ali Omu era nti ali Bumu era n'okukkiriza nti Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ye Mubaka wa Allah eyakomererayo. Ekigambo ekyo gwe mulandira gw'eddiini. Kirina ebyama byonna ebituusa omuntu eri okwesiima. Ekigambo era kiyitibwa amannya mangi agalaga obukulu bwakyo eri Abasiraamu. Muno mulimu:

Kalimah al-twayyibah; ebigambo ebisinga obulungi.

Kalimah al-taqwa; ekigambo ekiraga okutya Allah.

Qawulu al-thabit; ebigambo ebinywevu.

Maqaalidu al-samaawaat wal ardhwi; ebisumuluzo ebiggula eggulu zonna n'ensi.

Kalimatul ikhlas; ebigambo ebiraga obwesimbu.

Thamanul Jannah; omuwendo ogugula Ejjana.

Okwatula n'okukolera ku kigambo ky'obukkiriza kye kinyusi ky'Obusiraamu era kye kinyusi ky'enjigiriza z'eddiini endala zonna, era amatabi g'Obusiraamu gonna geesigamye ku mulamwa guno. Mu ngeri eyo, okwatula ekigambo kino ekitukuvu kwe kusinza okusingira ddala obukulu okuli waggulu w'okusinza kwonna. Wadde n'okusinza okusingga obulungi okw'esswala kulina ebiseera ebigere mwe kuteekeddwa

okukolebwa, naye okulangirira okukkiriza kukolebwa mu biseera byonna teri kkomu ku kiseera Abakkiriza mwe bateekeddwa okukukolera. Obukkiriza bulijjo buteekeddwa okukuumibwa obutiribiri okubuziyiza okutuukibwako ebintu eby'omutawaana okugeza ng'obutafaayo n'obugayaavu. Okusiiba, esswala n'engeri endala zonna ez'okusinza biyinza okulindirizibwa singa wabaddewo omuzinzi, wabula obukkiriza tebuyinza kulindirizibwako ne bw'ebeera mbeera ng'efaanana etya.

Ekigambo ky'obukkiriza kye kino:

أَشْهَدُ أَنْ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَأَشْهَدُ أَنَّ مُحَمَّدًا عَبْدُهُ وَرَسُولُهُ

“Ash’hadu anlaa ilaaha illa Llaahu wa ash’hadu anna Muhammadaan Abdahu wa rasuuluhu” (njulira n’omwoyo gwange ne nkakasa n’olulimi nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah era njulira n’omwoyo gwange ne nkakasa n’olulimi nti Muhammadi muddu we era mubaka we). Kino kitegeesa nti omuntu okuyingira Obusiraamu ateekeddwa okwatula ebigambo bino n’olulimi lwe ate n’abikkiriza mu mutima gwe. Okuteeka mu nkola obukkiriza kuzingiramu ensonga zonna n’ebintu ebiri mu Kulaane. Mu bigambo ebirala, Kulaane yonna ennyonnyola bigambo bino. Ekinyusi kya Kulaane kwe kukkiriza nti Allah ali Omu, *tawuhiidi*. Kino *aya* eno wammanga ekirambika bulungi bw’etyi:

“Buno bubaka obutongole eri abantu, basobole okulabulwa nabwo, era bamanye nti Allah Ye Yekka Omu asinzibwa mu butuufu, era abo abalina amagezi beebulirire.” (Ibraahiim, 14 : 52)

Ebikolwa by’Omuddu byonna ebitenderezebwaa bibala bya bigambo bino ebirungi era nga mwe biva. Ebigambo bino gye bikoma okunywera mu mutima, n’omuddu gy’akoma okufuna essanyu mu kusinza. Ku ludda olulala ebintu byonna ebireeta obusungu bwa Allah biva mu butakkiriza bigambo bino ebitukuvu. Allah Owoobuyinza agamba mu Kulaane nti:

“Tolaba engeri Allah gy’akubamu ekifaananyi eky’ekigambo eki-rungi kyefaanaanyirizaako omuti omulungi ogwasimba ekikolo kya-gwo (omulandira) mu ttaka ne gwanjaaza amatabi gaagwo mu bbanga (amakulu gali waggulu nnyo). Guleeta ebibala buli kiseera, olw’oku-salawo kwa Allah. Era Allah akubira abantu ebifaananyi (engero) balyoke bajukire. Ate ekigambo ekibi kiringa omuti omubi: ogusi-

guukuluddwa ekikolo ne kisuulibwa waggulu, tegulina we gunywera-ra.” (Ibraahim, 14 : 24 – 26).

Ebigambo mu *aya* eno ebigamba nti “guleeta ebibala byagwo buli kiseera”, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yabinnyonyola nga okujjukira n'okwogera ku mannya ga Allah (Fadhwailul A'amaal).

Ibn Abbaasi (Allah amusiime), ng'annyonnyola *aya* eno agamba bw'atyi: “*Aya* eno eyogera ku kigambo ky'obukkiriza, emirandira gyakyo giri mu mutima gw'omukkiriza ate amatabi gaakyo gali mu ggulu. Ebikolwa ebirungi omukkiriza by'akola bituuka mu ggulu. Ebigambo ebikyafu by'ebyo ebirimu obutakkiriza, era n'ebyo ebigatta ebantu ebirala ku Allah. Tewali kikolwa kirungi kyonna ekikkiriziba nga tewali bukkiriza.”

Olw'ensonga eyo, Allah kye yava atugamba mu Kulaane nti:

“Mazima yeesimye oyo eyeetukuza.” (A'ala, 87 : 14).

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) annyonnyola eki-gambo kwetukuza mu *aya* eno nga: okwatula ebigambo

لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ مُحَمَّدٌ رَسُولُ اللَّهِ

‘Laa ilaaha illa Llaahu Muhammadu rasuulu Llaahi’ (Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah; Muhammadi Mubaka wa Allah) n'omutima gumu, n'okulekayo okusinza amasanamu mu bikolwa ne mu mwoyo (Fadhwailul A'amaali, 466).

Mikwano nya Allah abo omulimu gwabwe oguli okutukuza emyoyo okugiggyamu kakiki yenna, bakola nga balungamizibwa hadiisi eyo waggulu. Amasanamu si bulijjo nti gaba galabika, ebiseera ebimu emyoyo gy'abantu gibeera n'amasanamu ageekwese okugeza okwagala kw'omuntu okw'ensolo. Mu *aya* eno wammanga, Allah Owaawaggulu anenya endowooza ey'ekika ekyo n'agamba nti:

“Tolaba oyo afuula okwagala kwe okuba Katonda we” (Jaathiyah, 45 : 23).

Obumu ku buvunaanyizibwa bw'Ababaka nga bwe bulambikibwa mu Kulaane kwe kutukuza emitima gy'abantu okugiggyamu obulwadde n'okugibikkulira engeri ennyingi ez'okukkiririza mu Bumu bwa Allah



(tawuhiidi). Obukiriza bulinga ndabirwamu, omuntu bw'aba tafaayo ku bikwata ku Katonda, endabirwamu eno ebaamu olufu (n'eba nga teraba bulungi). Endabirwamu erimu olufu etulemesa okufuna n'okuzzaayo ebitangaala ebitukuvu. Ebitangaala ebitukuvu bibbulukukira mu mutima gw'omukkiriza, bwe guba nga gugonzeddwa nga tuyita mu kutendereza n'okujjukira amannya ga Allah (*dhikru Llaah*). *Dhikri* (okujjukira Katonda) kye kyennyume ky'okwerabira. Embeera y'omutima ogwo-noonese eggylbwawo nga tuyita mu kudda eri Allah n'obwesimbu bwonna n'okwewaayo okukola by'ayagala.

Ababaka ne mikwano gyा Allah bayita abantu bakkirize okussa mu nkola obukkiriza ekintu ekijja okuggulirawo omuntu omulyango gw'eg-gulu n'ensi. Ababaka bagabana ebigambo bino ebiwoomerera n'abantu abalala bona mu ngeri esinga obulungi nga bayita mu kwagala n'oku-sasira. Abantu bangi ab'omukisa omulanga guno baagwanukula era ne baloza ku bukkiriza obwannamaddala obuwoomerevu n'okusinga Kawthara (Nsulo za mu Jjana). Baakulemberamu okwetikkka omumuli gw'obukkiriza. Mu ngeri eno, leka tulabe ennyiriri za Aziz Mahmut Hudayi ezija wammanga:

*Gondera ebiragiro bya Allah
Jangu eri obumu; eri Obumu
Zza obujja obukkiriza bwo
Jangu eri Obumu; eri Obumu*
*Totunula wala nnyo mu bbanga eryesambye
Tokasuka mutima gwo mu muliro
Tomala gagenda na buli kintu ky'olaba
Jangu eri obumu; eri obumu.*
*Zibiriza amaaso eri ekyo ekitali Allah
Suubira okuva eri allah buli ky'oyagala,
Weggyeemu ebyo ebikutawaanya mu mutima gwo,
Jangu eri Obumu; eri Obumu.*
*Olowooza ki, ggwe abuzaabuzibwa n'ebintu eby'ekiseera,
Olunaku lumu ojja kuzuukuka,
Jangu eri Obumu; eri Obumu.*

*Leka okumala gakoppa eby'ekizibe ky'amaaso.
Ssa mu nkola obumu bwa Allah n'obwesimbu.
Noonya era osange ebirooto byo,
Jangu eri Obumu; eri Obumu.*

*N'olw'ekyo, tosinza bintu nga bw'obiraba,
Tunuulira amakulu agabirimu
Gezaako okubeera kumpi ne Owaddala
Jangu eri obumu, eri obumu*

*Tokkiriza mwoyo gwo ogwegomba eby'obwagazi
Tolowooza nti omanyi
Teweekasuka mu muliro gwa shirk (okugatta ebintu ebirala ku Allah)
Jangu eri obumu, eri obumu*

*Leka okwagala okw'ekiseera okutawangaala
Otera okwogera ku bafu
Omutambuze akulekawo tokeerewa
Jangu eri obumu, eri obumu.*

Obukkiriza bulina ensonga ez'amagezi ezitalinaako kkom. Olw'ensonga eyo, ensi, eggulu na buli kintu ekibirimu bikakasa obubaka obuli mu bigambo ebyo ebituku. Ne Allah Owaawaggulu awa obujulizi ku Bumu bwe bw'agamba nti:

“Allah awa obujulizi nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Ye, ne Bamalayika (nabo bawa obujulizi), n'abo bannannyini kumanya, ng'ayimirira ku bwenkanya (okulaga ebitonde bye); teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Ye, Owaamaanyi, Omugezi” (Aali Imraam, 3 : 19).

Obukkiriza mu bufunze bulina amakulu ana:

1. Okulangirira okubeerawo kwa Allah,
2. Okulangirira ebitendo bya Allah
3. Okulangirira ebikolwa bya Allah
4. Okulangirira obwesigwa bwa Omubaka wa Allah.

Obukkiriza ye nvumbo y'enzikiriza y'Obusiraamu era eyitibwa *Aamantu* (nzikirizza). Empagi omukaaga ez'obukkiriza ye nkola y'enzi-kiriza y'Obusiraamu mu bufunze.

Okunnyonnyola ekigambo Aamantu kuli bwe kuti: “Nzikirizza Allah Owaawaggulu, ne Bamalayika be, n’ebitabo bye, n’Ababaka be n’Olunaku lw’okulamula, n’okugera kwe nti byonna ebirungi n’ebibi bigwawo na kukkiriza kwa Allah Omusukkulumu era nti wajja kubaayo obulamu oluvannyuma lw’okufa. Era njulira nti Muhammadi muddu We era mubaka We.”

Omuntu bw’akkiriza empagi ettaano ez’Obusiraamu afuuqa Musiraamu, ate bw’akkiriza empagi omukaaga ez’obukkiriza afuuqa Mukkiriza. Wabula okwatula obwatuzi ebigambo bino awatali kubikiriza mu mutima tekumala muntu kubeera Mukkiriza.

Okukkiriza okubeerayo kwa Allah n’obwannabbi bwa Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe), omuntu yeetaaga okwesigamu okutegeera n’okuwangaala obulamu obutereevu. Bino okubissa mu bigambo ebirala, obukkiriza bwaffe bulina okubeera obw’amaanyi era obutuufu busobole okututuusa ku kwesiima. Bwe twogera ku bukkiriza okubeera obw’amaanyi kino kizingiramu okukkiriza ebitendo bya Allah byonna.

I. OKUKKIRIZA ALLAH

Amagezi g’omuntu mafunda tegasobola kumanyira ddala , Allah, eyatonda eggulu, ensi n’ebyo byonna ebiri wakati w’eggulu n’ensi, bw’ali era ne bw’afaanana. Olw’ensonga eyo, okufumiitiriza ku nfaanana ya Allah kireeta ebirowoozo ebisobu mu kufumiitiriza kw’omuntu era kwoonoona obukkiriza obutuufu. Omubaka (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yagaana okufumiitiriza n’okulowooza okw’engeri eno n’agamba nti:

“Lowooza ku byengera bya Allah (ebitonde bye, amaanyi n’ekitii-bwa) naye tofumiitiriza ngeri gy’afaananamu (kubanga teri asobola kutuuka ku kituufu ku nsongea eyo)” (Kitaabu al-Arba-iina).

Olw’okwagala okussa essira ku bunafu bw’amegezi gaffe, Abasuufi abakulu bagamba bwe batyi:

“Katonda wange! Oli nga bw’oli, oli waggulu wa kutegeera kwaffe n’ebyo bye tukumanyaako.”

Okumanya Allah nga bw’afanaana kiri wala nnyo n’obusobozi bwaffe. Wabula amagezi g’omuntu gasobola okulaba ekintu ne gateebe-

reza engeri y'oyo eyakikoze, okugeza gasobola okuyita mu kifaananyi ekisiige ne gatuuka ku kutegeera omusiizi, ebiva mu kintu ne gatuuka ku nsonga. Amagezi g'omuntu, alina okutegeera okuyonjo n'ekigendererwa ekirungi, bwe gatunuulira ebitendo ne Allah by'akola tekirowoozeka nti gayinza okugaana okukkiriza Allah. Okugaaana okukkiriza kuva ku magezi na birowoozo bya muntu kubeera birwadde. Singa obutukuvu bw'amagezi n'omwoyo biba bikuumiddwa bulungi biba bijja kukuma omuntu n'okumutangira okugaana obukkiriza. N'abantu abo abazaalibwa mu mbeera y'abantu abatakkiriza Allah, basobola okuvumbula obukkiriza obutuufu, nga kino bwe kiyinza okulabika ku ngeri Nnabbi Bulayimu (emirembe gibere ku ye), gye yavumbulamu obukkiriza, kasita baba nga balina emitima emitukuvu. Wadde nga Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yazaalibwa mu bantu abaali bakkiririza mu masanamu, naye ng'ayita mu kukozesa amagezi n'omutima yasobola okutuuka ku bukkiriza obutuufu n'ayingira mu kukkiriza Obumu bwa Allah.

Okukkiriza kwangu okusinga obutakkiriza. Okukakasa nti teri Mutonzi kulekawo ebibuuzo bingi ebitaanukuddwa ku nsibuko y'ensi eno, n'okufa n'obulamu. Embeera y'obutakkiriza yeefaanaanyirizaako omuntu omuyala naye nga tawulira kulumwa njala olw'obusimu bw'omubiri okwonooneka, oba omuntu gwe basirisizza n'atawulira bulumi bwa kiso ekisala. Kulaane abantu abo ebayita ba kiggala ba muzibe.'

Allah Owoobuyinza yatonda embeera y'omuntu n'agiteekamu obwetaavu eri okukkiriza Allah n'okunoonya ekituufu. Tewali muntu atalina bwetaavu buno. Kino bwe kiba tekizuuse ekkyo kiba kiva ku buzibe na bwa kiggala eby'omwoyo. Okukkiriza kwaffe okw'omwoyo kubik-kibwa obuzito bw'ebintu by'obulamu mu ngeri y'emu nga bwe tutasobola kujukira birooto byaffe.

Mu ddiini ezaava mu ggulu n'eddiini omuntu ze yeeteerawo, mwonna mulimu eky'okukkiriza Allah. Wabula mu ddiini ez'abantu ze beetearawo, okumanya Allah omuntu kw'aba alina kukyuka nnyo okuva ku nzikiriza entuufu etwala Allah nga Ye Yekka Omtonzi w'ensi eno, era ali waggulu w'obunafu bwonna n'ebitendo by'obuntu, wabula nga alina ebitendo byonna ebijjuvu era ebituukiridde. Ebitendo bino byatumanyisibwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era nga tebisobola kukyusibwa. Okusinziira ku miteeko abamanyi gye batera okugenderako, ebitendo bya Allah ebimu bye bino wammanga:

OKUBEERAWO KWA ALLAH: Allah w'ali era okubeerawo kwe tekwesigamye ku kintu kyonna. Olw'ensonga eyo Ye aliwo ku bubwe. Tasobola kuteeberezebwā butabeerawo. Era ebintu byonna, okuggyako Ye, bitonde bye era okubeerawo kwa byo kwa luvannyuma. Okubeerawo kwa byo si tteeka. Kulaane egamba nti:

الله لا إله إلا هو الحَيُّ الْقَيُّوْمُ لَا تَأْخُذُه سِنَةٌ وَلَا نُوْمٌ
لَهُ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ

“Allah (Ye Katonda asinzibwa), teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Ye, Omulamu eyeebezaawo Yekka olubeerera. Otulo tetuyinza kumukwata wadde okusumagira. Bibye ebyo byonna ebiri mu ggulu zonna n'ensi...” (Baqara, 2 : 255)

Kyeyoleka bwelyolesi nti waliwo embeera etambulira awamu era etambula obulungi mu nsi eno ennene. Obutebenkevu buno bubaddewo okuva ensi lwe yatandikawo nga butambulira mu ngeri empime obulungi era ey'ekikugu. Kimanyiddwa bulungi nti singa ensi yali terina okweweta okwenkana *degree* 23,5 ey'ekinnya, ebiseera eby'obudde eby'enjawulo tebyandibaddewo. Singa tekyali bwe kityo ekitundu ky'ensi ekimu kyandibadde mu butiti ng'ekitundu ekirala kiri mu kyeya. Mu ngeri y'emu singa ebbanga eriri wakati w'ensi n'enjuba nga lyali lisingako obuwanvu katono nnyo, ensi yonna yandibade ekutte balaafu; so ng'ate singa ebbanga eriri wakati w'ensi n'enjuba nga lyali limpiko katono nnyo, ensi yonna yandisiridde n'efuuka vv. Bino, n'embeera endala, biraga nti ebitundu byonna ebiri mu ssejjengo w'ensi byateekewa mu nkola enteeketeke obulungi mungeri y'obukugu obulamu busobole okutambula.

Enkola eyo entuukirivu era ey'okwegendereza kabonero akalaga okubeerawo kwa Allah n'obumu bwe, n'amaanyi n'obusobozi Omuronzi w'ensi eno by'alina. Kulaane egamba nti:

“N'eggulu yaliwanika, n'ateekawo ebipimo (by'obwenkanya).”

(Rahmaan, 55 : 7)

“Oyo eyatonda eggulu omusanvu mu myaliiro (buli limu wagglu wa linnaalyo); toyinza kulaba mu kutonda kwa (Allah) Omusaasizi ennyo busobu bwonna. Zzaayo amaaso olabayo olwatika lwonna? Era

zzaayo amaaso omulundi omulala amaaso go gajja kukuddira nga magonvu (gatidde) era nga makkakkamu.” (Mulk, 3 – 4)

Singa omulimi alaba ebirime mu nnimiro ye nga bikutuddwa mu ngeri eri awo nnagalaale ekyo ekizuuse ku nnimiro ye aba ajja kukiteeka ku kibuyaga oba ku katyabaga konna akalala. Kyokka singa akisanga ng’ebirime byakutuddwa mu ngeri enteeketekee, okugeza nga bakutud-de ekirime kimu ne bayisaawo bisatu oba bitaano, olwo ekizuuse ku birime bye aba tajja kukiteeka ku bigwa bitalaze. Aba ajja kumanya nti ekikolwa kino eyakikoze ategereera era nga yabadde amanyi ky’akola nga n’obusobozi yabadde abulina, era aba ajja kulowooza nti ekikolwa ekyo kyakoleddwa omu ku balabe be. Mu ngeri eyo, aba alina okwebuuza butya ensi etambulira ku ntegeka ennungi era ey’obwegendereza bw’eyinza okumala gabeerawo nga tewali agitaddewo, nga tasobola na kukkiriza nti akantu akatono ng’okukutula ebirime nti kisobola okweko-la kyokka. Najiibu Fadhli, Omutontomi Omutuluuki omwatiikirivu akoowoola abo abamalira ebiseera mu butamanya n’agamba bw’atyi:

Ndaba nga nzenna banzinze mu lugoye.

Omuntu gwe bazine (mu ssuuka) teyeetaaga muntu amuzinga?

Mukugu ki oyo eyayiiya ekifaananyi ky’ekyenyi ky’omuntu (mu maaso);

Tewali ayinza kwebuuza nga yeeraba mu ndabirwamu?

Ye Jalaalu Ddiini Ruumi asaba amaaso n’emitima okuzuukuka nga biggulawo enzigi z’amegezi n’okulowooza ku Katonda.

“Nga bw’olaba ejinja erisa obuwunga (millstone) nga litambula, wandifubye n’olaba n’amazzi g’omugga agalitambuza!”

“Bw’olaba enfuufu mu bbanga, wanditunuulidde ne mpewo ezikunngunta ezigisitula mu bbanga!”

“Bw’olaba ebbinika nga yeesera, era tunuulira omuliro n’eriiso ejjogi!”

“Mbuulira, musiru ggwe! Kiki ekikkiriziganya n’amegezi? Embiri ezo n’ebizimbe birina eyabizimba, oba tebirina yazimba?”

“Mbuulira mwana wange! Kiki ekituukana n’amegezi? Ebiwandiiko ebyo ebiri ku kisenge n’empapula ezo empandiikeko birina eyabiwan-diika oba tebirina yabiwandiika?”



“Mwanaadaamu ggwe! Oyinza okusonga ku kintu ekimu bwe kitiekyereetawo ku lwakyo? Laba ekizuuka bw’okuula ekirime okuva muttaka mwe kiri. Oyinza okulowooza nti kyemeza kyokka?”

Omutontomi ebantu bino abirambika bulungi mu bigambo ebisengeke obulungi:

*Singa ekifo kino kyajja kyokka ne kibeerawo,
N’abasuubuzi abakiriko (n’emigugu gyabwe) nabo bandibadde bee-
pangawo bokka
Omuzimbo oguyitamu omukka mu busolya gutulaga nti,
Awatali muliro, tewali mukka.*

*Singa waali tewali maanyi ga njawulo,
Ensi yandyetoolodde yokka?*

*Singa omulimi alekako olumu ennimo ye nga teriimu muntu agi-
rabirira.*

Enngano yandisobodde okweggya yokka mu birimba byayo?

*Ettaka bwe liba eriyonta nga lyagala mazzi,
ekire mu bbanga kibuulira eriiso,
Abaffe waliyo omugga ogukulukuta gwokka?*

*Oyo yenna agamba nti tasobola kulaba biri mabega wa lutimbe,
Ekirimbo kye kiba kijja kwefuula omusota ku lwakyo!*

*Sitaane eba neetegefu okuyiwa kolaasi ku kitangaala
Era eba ajja kugamba enda ye nti kkiriza ku lulwo lwokka.*

*Olulimi lwabuuza Mehmedi okulaba ekiri mu mutima gwe;
Awatali mutima olulimi teruyinza kwatula lwokka.*

Omutima n’okwagala ebikyalu mu mbeera yaabyo ey’obutonde, byokka bimanya nti waliwo olujegere lw’ebantu ebigwawo era nga byonna byesigamye ku **Mukozi Oweekitalo**, Allah, era biba bijja kukkiriza Allah. Wabula Sitaane asuula ebitimba bye mu buli nsonda asobole okubuza abantu mu birowoozo byabwe. Jalaalu Ddiini Ruumi alabula abantu obutalimbwa ne bagwa mu mitego gya Sitaane n’agamba nti:

“Tolimbibwa Sitaane mu nsonge eno ey’obukkiriza. Sitaane mubbi mugezi alindirira enzikiza y’ekiro ng’ekutte awo era bw’afuna akakisa ako nakonkona ku luggi lwo. Bw’owulira akonkona n’oyagala okugenda

ku luggi okulaba akonkona ng'okutte tadooba mu mukono. Naye buli lw'ogezaako okukoleea ettaala nga Sitaane afuuwa omuliro ng'ezikira. Bw'otyo oba tosobola kulaba ani azze, olwo n'osalawo nti olutambi lwe lutobye. Awo n'osigala nga totegedde mubbi azikiza ettaala. Sitaane, mu ngeri eno ayingirira ettaala (tadooba) y'enzikiriza yo mu kizikiza ky'obuteetegereza. Bw'etyo Sitaane egenda n'ebirungi ebiri mu mutima gwo n'etekulekera kantu k'oliragayo mu bulamu obuddirira. Mu ngeri eyo osigala nga tomanyi bitonde na Mutonzi eyabitonda.”

Nga bwe kyalangirirwa mu Kulaane mu bigambo bino: “Abamanyi be bokka abaty Allah (mu butuufu bw'oku mutya) (Fatwir, 35 : 28), okumanya Ekitiibwa kya Allah n'amaanyi Ge obulungi, nga tonnaleeta bira-la byonna, kusinziira ku kumanya (Science). Eistein kino yakinnyonnyolera mu bigambo bino wammanga:

“Omutonzi w'ensi eno tazannya muzannyo gwa kuteeba (zaala). Ebitonde bye si bya kumala gateeba oba okuba nga byamala gateekebwawo. Tulaba, mu bungi nga bwe tusobola, ekipimo ebirungi n'okukwatagana (okukkiriziganya) okw'ensi eno n'okwewuunya... Nnyinza okugamba nti omuntu yenna eyeetegereza obutonde afuna ekitiibwa ky'eddiini mu ngeri gy'avumbulamu Ekitiibwa kya Allah. Mu ngeri eyo, siyinza kulowoozaayo munnaayaansi mutuufu atalina bukkiriza bwa maanyi mu mutima. Kino kiyinza okunnyonnyolwa bwe kityi: Tekisoboka okukkiririza mu saayansi ng'omuntu talina ddiini. Bwe kityo eddiini eteriimu kumanya (saayansi) buba buzibe bwa maaso, so ng'ate okumanya (saayansi) okutaliimu ddiini buba bulema.”

Olw'ensonga eyo Bannasaayansi bangi abataali Basiraamu baayingira Obusiraamu ate nga n'abangi abataayingira Busiraamu, baamanya nti baalina okukkiriza Obunene bwa Allah. Kino kya magero kya Kulaane. Allah agamba nti:

“Era abo abaaweebwa okumanya balaba ekyo ekyassibwa gy'oli okuva ewa Katonda wo nti ge mazima, era nti kirunngamya eri Ekkubo lya Oyo Owaamaanyi, Nnannyini kutenderezebwa kwonna.”

(Sabaa, 34 : 6)

“Tujja kubalaga obubonero bwaffe mu nsi (eno yonna), ne mu bo bennyini, okutuusa lwe kineeyoleka gye bali nti eno (Kulaane) ge

mazima. Abaffe ekyo tekimala bumazi nti Katonda Ye Mujulizi (alaba) ku buli kintu?” (Fuswilat, 41 : 53)

Omuntu yenna atunuulira ensi eno nga gy’atutte ng’eky’okuyiga, alaba obubonero obutabalibwa obwogeddwia mu *aya* eno.

Singa mu nsi mwalimu bantu bokka na bisolo bandikozesezza omukka gw’obulamu (*oxygen*) nga bagukyusa ne gufuuka “carbondioxide” (omukka ogw’obutwa) era mu kaseera katono bandifudde obutwa obugenda bwetyongera. Wabula Allah Owoobuyinza eyateekawo ensi, era yatonda ebimera n’abiwa obusobozi obukozesa *carbondioxide* nga bimukyusa ne bimufuula *oxygen* ensi eryoke esobole okutambulira mu bipimo ebirungi.

Ku ludda olulala Omutonzi yajjuza ebisatu eby’okuna eby’ensi amazzi. Ettundutundu ly’ekimu eky’okuna ekisigaddewo ekisinga obunene n’alitonda nga ddungu na njazi ebitaddako bimera. Ekitundu ky’et-taka ne kisigala nga kitono nnyo. Wabula Allah Owaawaggulu akyusakyusa ettaka lino okuva mu ngeri emu okudda mu ndala lisobole okuvaamu emmere eriisa ebiramu byonna mu nsi. Leka tutunuulire ekika ky’ensolo kimu. Singa ensolo ez’ekika ekyo zonna eziriwo, ezaali zibad-dewo, n’eziribaawo nga zonna bazireeta ku nsi omulundi gumu ebbanga lyonna eririwo lyandijjudde n’eby’okulya (oba ebikozesebw) tebyandimaze kuwanirira kika ekyo ekimu. Wabula Allah ebisolo byonna abiton-da mu biseera ebituufu n’ebifo ebisaana. Kino osobola okukissa ku bitonde byonna. Olwo ensi mu biseera n’ebifo ebikusike esobola okuwanirira obwesedde n’obwesedde (*trillion*) emirundi mingi. Okubeerawo kw’ebitone mu nsi kufugibwa ekipimo ebirungi n’okukugira. Okugeza, kimanyiddwa nti waliwo omuti (*plane tree*) oguzaala obukadde bw’ensi-go ezifuumuukira mu bbanga nga ziringa *paracuuti* ezikoleddwa ebyoya. Singa ensigo ne bwe zandibadde za muti gumu nga buli emu yalina omukisa okufuuka ekibala, ebifo byonna ebijimu byandijjudde miti egyo. Ensi teyandibadde na kifo kimala na muti ogumu bwe guti. Ekifaananyi kino osobola okukissa ne ku bitonde ebirala. Bino bisonga ku kintu kimu nakyo kwe kuberawo kw’okukkiriziganya n’okukwata-gana kw’ebintu mu bipimo ebisaana ebirungi mu nsi.

Kuno kw’ogatta okuba nga Allah Owoobuyinza yawa ebitonde ebi-ramu ebitendo nga n’ebyo byokka ebiwangaalira ku mmere emu bivaa-

mu ebintu bya njawulo ate nga n'ebivaamu, buli kimu kijjuuliriza kin-naakyo okusobola okuyimirizaawo obulamu bwa byonna. Okugeza ente oba endiga erya muddo naye n'evaamu amata n'ebyoya ebya wuulu; naye ekisaanyi ekivaamu wuzi za liiri (*silk*) kyo kivaamu wuzi ate ensolo endala yo n'evaamu buwoowo bwa misiki (*musk*), so nga byonna biridde ekikoola kye kimu. Enjuki evaamu mubisi ng'eridde ebimuli, so ng'omuntu, atwalibwa nga kye kitonde ekisinga obutuukirivu, tasobola kuvaamu mubisi ng'enjuki bwe zikola. Kkala ez'enjawulo, obuwoowo, ebikoola ebimuli bye bijja mu birungo ebiri mu ttaka awatali mutabuzi wa biragalalagala (munnakiimiya) asobola kukolayo ng'ebyo kyewuu-nyisa nnyo. Ensolo w'esobelera okukyusa omuddo ne gufuuka ennyama n'amata, omuntu ne bw'omuwa entuumu (tani) ne ntuumu z'omuddo okuggyiremu ekifi ky'ennyama kimu ekyo takisobola.

Omntu ategeera, buli lw'atunuulira ensi eno, ateekeeddwa okulaba okubeerayo kwa Allah, n'amaanyi n'obuyinza Allah by'alina. Ebintu Allah bye yakola ng'okuweereza Bannabbi n'okufuula abantu abajjuvu ng'ayita mu kubawa okumanya n'empisa, yabikola lwa kusaasira Kwe. Okwo gattako nti singa omuntu yeetunuulira n'atunuulira n'ensi ng'ako-zesa amagezi aba ajja kutegeererawo butya bwe kifuuka ekisesa era eky'obusiru obutakkiriza ng'alabye obunene n'ebyewuunyo byabyo.

Omutontomi bino yabiteeka mu bigambo ebirungi bwe yatontoma nti:

Amakulu mangi ageesengejja nga gayita mu nkola ezitakoma.

Obubonero bwa Allah bulijo bujja kubbeera mu mutima gwa Adamu.

*Ekintu ekyeraga kyokka nti ensi n'eggulu tebirina mpagi zibiwani ridge
Tewali buweke (butaffaali), tewali bipimo!*

N'ebbanga eritakoma waggulu, n'ettaka eriddugavu wansi.

*Muddu ggwe ky'oteekeddwa okukola kwe kuvunnama ku mukeeka
okusaalirwa!*

*Kituufu ddala, ensi eno etekoma kabonero akalaga okubeerayo kwa
Allah n'Ekitiibwa kye*

Era eyo y'ettaala y'obukkiriza.

Eggulu lirina ebituli ebiddugavu n'ebyeru. Kino saayansi omutuufu yaakakizuula ebiseera bino. Naye tusanga nga Allah alayira ebituli bino mu Kulaane entukuvu n'agamba nti:

“N’era siri atalayira ebifo (ebituli) by’emunnyenye era mazima ekyo kirayiro kya maanyi singa mumanyi.” (Waaqia, 56 :75 - 76)

Ekintu kino saayansi ow’akakyo kano kye yaakavumbula kiraga obulungi bw’ebintu ebituli mu maaso. Ekifo emunyyenye we bazalaalira kiyitibwa ekituli ekiddugavu. Ekintu ekitono kifulumu mu kituli ekyeru ne kitandikirawo okugaziwa emirundi obwesedde n’obwesedde (*trillion*) okusinga bwe kyabaddde. Ate emmunyyenye endala ezisingira wala ensi eno kwe tuli zifa mu kiseera ekigere nga zisemberedde ebituli ebiddugavu. Ekyo kitegeeza nti enjuba eyakaayakanya eggulu lyaffe, olunaku lumu ejja kutuukiriza ekyawandiikibwa nti, “Enjuba (n’ekitangaala kyayo) bw’erizingibwako.” (Takwir, 81 : 1)

Olunaku olwo enjuba nayo ejja kuvaawo. Tekyewuunyisa olunaku olwo okuluyita olunaku lw’okuzikirira. Buli kintu olwo lwe kiriggwaawo ne kituuka ku nkomerero yaakyo era tewaliba kya kukola okuggyako okudda eri Allah nga tuyita mu kuvunnama.

Mu bimpimpi, abo abamanyi bakitegeera nti ensi eno mu maaso g’ekitiibwa kya Allah eringa akaweke k’enfuufu mu buweke bw’enfuufu obungi (obuli eyo mu bwesedde n’obwesedde) obuli mu bbanga. Mu birala mulimu ensozi emiseetwe amayanja, n’abantu. Mu butaba na maanyi buno omuntu yeesanga nga talina ky’ali okuggyako omugaso agulina mu kubeera muweereza.

Ekifaananyi kino eky’ekifo ky’omuntu eky’okubeera nga ttondo butondo okuva mu mayanja kyetaagisa okutegeera mu magezi Allah Oyo Owamaanyi, Omusobozi, Eyebeezaawo Yekka, Omugabirizi, era amala ebyetaago by’abantu n’ebisolo ge yawa omuntu. Wabula okusobola okutegeera kino omuntu alina okubeera n’omutima omuggule. Kulaane egamba nti:

“Abaffe balemeddwa okutambula mu nsi ne bafuna emitima gye bategeera nagyo, era n’amatu ge bawuliza nago. Mu mazima amaaso tegaziba wabula emitima egiri mu bifuba gye giziba” (Hajj, 22 : 46)

Ibraahim Haqqi ow’e Erzurum bino abissa mu bigambo eby’amegezi n’agamba nti:

*Abo abamanyi basobola okulaba
Nnaye abazibe b’amaaso tebasobola.*

Ye Yunus Emre agamba nti:

*Ekkubo ettuufu likutwala mu kifo ekituufu
Eriiso erya ddala likutuusa okumanya Allah.
Allah alaba buli wantu
Naye kyetaagisa liiso okulaba...*

Ensi n'eggulu birina obujulizi bungi obulaga nti Allah gy'ali era nga kino tekyetaaga na kunnyonnyola. Abaddu ba Allah ekintu kino bakikombako na buli kitundu mu mitima gyabwe. Bwe basuula wabbali ebintu by'ensi, emyoyo gyabwe gitandika okuwulira ebyama bya Allah. Abo abasobola okukola kino, eky'okwesonyiwa eby'ensi, okusinziira ku hadiisi, "bafa nga tebannaba kufiira ddala". Bajja kusituka mu kiseera ekituufu. Bejja mu bulamu obwabwe bwe bandiwangadde ne bawangaa-lira mu mwoyo gwa Nnabbi.

Tebaba na kubuusabuusa kwonna ku mazima n'ebintu ebiriwo. Eki-faananyi kino wammanga kinnnyonyola bulungi embeera eyo:

Junayidi al-Baghdaadi, omu ku Bannaddiini Abaamaanyi, yabuuza abantu abaali banguwa nga badduka balina gye beeyuna. Yababuuza bw'atyi:

"Nga mwanguwa mulaga wa?"

Baamuddamu nti:

"Baatugambye nti waliwo kakensa eyavudde awantu; nti era alina obusobozi obunnyonnyola okubeerayo kwa Allah ng'akozesa ensonga lukumi mu emu lulamba! Tugenda kuganyulwa mu kunnyonnyola kw'akola. Naawe oyniza okutwegattako bw'oba oyagadde!"

Junayidi al-Bagdaadi olwawulira ebyo kwe kuteekako akamwenyu-mwenyu akakeneka n'abagamba nti:

"Waliwo obubonero n'obujulizi ebitabalika mu nsi amaaso bye gasobola okulaba n'omutima bye gusobola okuwulira. Waliwo obujulizi nkuyanja obulaga okubeerayo kwa Allah. Bantu mmwe! Awamu n'obujulizi obwo, leka abo mu mmwe abakyalimu okubuusabuusa bagende! Omutima gwange tegulina kakunkuna konna."

Bwe batyo abantu abalina okumanya kw'omwoyo ekintu kino bakinnnyonnyola bwe batyi:



“Allah teyekwese. Wabula, kiyinza okugambibwa nti Allah amaaso gaffe tegasobola kumulaba kubanga abantu tebasobola kugumira maanyi ag’okumulaba.”

Okugeza, singa mu kisenge mulimu ettaala (*bulb*) ng’erina amaanyi agaweza amaanyi g’okwaka (*volts*) enkumi ettaano, amaaso g’omuntu tegasobola kubaako ne kye galaba mu kitangaala eky’enkana awo. Na bwe kityo, ekitangaala kya Allah kya maanyi nnyo era eyo ye nsonga lwaki abantu tebasobola kumulaba. Abantu tebasobola kulaba Allah n’amaaso gaabwe ag’obutonde era eyo ye nsonga Allah kye yava agamba Nnabbi Musa nti, “Tojja kundaba (butereevu)” (A’araaf, 7 : 143)



OKUBEERAWO KWA ALLAH OKUTALINAAKO NTANDIKAWA: Kiri mu magezi nti ebitonde byonna bya Allah eyakola ebintu byonna era nga Ye talina yamutonda. Talina ntandikwa. Ye ye ntandikwa ya buli kintu. Kulaane egamba nti:

“Ye ye Ntandikwa era ye Nkomerero, ye wa waggulu era y’asinga okubeera okumpi...” (Hadiid, 57 : 3)

“Ku ntandikwa Allah yali waali, era tewaali kintu kyonna kyamusooka....” (Bukhari). Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yagambanga mu sswala nti: Katonda wange! Ggwe ntandikwa, era tewali kintu kyakusookawo....” (Muslim, 61) era yawa Abasiraamu amagezi okukozesanga ebigambo ebyo nga balina kye basaba.

OBUTAKOMA: Allah talina nkomerero. Waakubeerawo olubeereera. Kulaane egamba nti:

Tewali kintu mu nsi muno ekirina ekitendo eky’okubeerawo olubeerera. Eyo ye nsonga lwaki buli kintu mu nsi muno kiwangaala obulamu ku musingi gwa kugabana biseera, kubanga Allah ekitendo kino eky’okubeerawo olubeerera yakyererekera nga kikye Yekka era ebitonde byonna n’abifuula eby’okuggwaawo.

Ekipande ekigamba nti ye yekka (Allah) alibeerawo olubeerera, ekiwanikibwa ku ntaana z’abasiraamu kinnyonnyola ekintu kino. Yunus

Emre atujjukiza ensonga eno nti buli kiriwo, okuggyako Allah, kya kusaanawo (kiriwo kiseera kigere) n'agamba nti:

*Ndaga omuzimbo gwonna
Ogutalina nkomerero egwonoona
Kunngaanya ebintu byonna by'olina,
Ebyo by'ogenda okuleka ng'ofudde...*

N'olw'ekyo, abaddu ba Allah tebafaayo ku nsi eno wabula bettanira kutuuka ku mbeera ey'okusaanawo mu Allah. Abasajja n'abakazi bano abagezi tebagwa mu kitimba kya bya kweyagala by'ensi n'okumalibwamu n'ensi eno era bo, engeri gye bali mu kyama ky'omusingi gwa "fa nga tonnafa" batandikirawo olugendo olw'okubatuusa eri ekiseera ky'okubeerawo olubeerera.

Okukkiriza nti, "mubiri gwe guggwaawo, so ssi mwoyo," beeyambulako omubiri ne bagusuula, olwo ne batindigga olugendo olw'omutima gwabwe. Oluvannyuma gye biggweera nga batuuse eri Allah ne bagamba nti:

*Nsanze oyo gwe nsinga okwagala
Obulamu bwange ka buweebweyo.*



OBUMU BWA ALLAH: Ensi okubeera ng'etambula bulungi mu mirembe n'okukwatagana okuva lwe yatondebwa, kimala bumazi okulaga nti buli kintu kyakolebwa amaanyi gamu. Singa amaanyi ago gaalinako amaanyi amalala ge gakola nago olwo okukwatagana obulungi n'obutabenkevu (obutuufu) byandibadde byonooneka olw'enkaayana n'obutakkiriziganya ebyandibaluseewo wakati w'amaanyi ag'enjawulo era embeera y'obutali butebenkevu yandifudde obulamu okuba obuzibu. Mu Kulaane mulimu nti:

"Allah yagamba nti: 'Temweteerangawo basinzibwa babiri (mu kusinza, amakulu temusinzanga bakatonda babiri) kubanga ddala Omusinzibwa ali Omu, era Nze nzekka gwe muba mutya (teri mula-la)." (Nahl, 16 : 51)



“Gamba nti: singa waaliwo abasinzibwa abalala awamu naye nga bwe bagamba olwo bandinoonyezza ekkubo eribatuusa eri nnanyini Nnamulondo.” (Isra, 17 : 42)

“Singa mu ggulu n’ensi mwalimu omusinzibwa atali Katonda Omu, byandyonoonese. Okutenderezebwa kwa Allah, Katonda wa Nnamulondo, ali waggulu nnyo (wala) n’ebyo bye bamugattako!”
(Anbiyaa, 21 : 22)

“... era tewali Katonda yenna ali naye (singa waaliwo bakatonda bangi) buli omu yanditutte bye yatonda, ate abamu bandigezezzaako okulinnya ku bannabwe! Okutenderezebwa kwa Allah, ali wala nnyo n’ebyo bye bamugattako!” (Mu’miuuna, 23 : 91)

Singa weekenneensa Kulaane ojja kukisanga ng’ekintu Allah kye yasinga okulagira abaddu be kwe kukkiririza mu bitendo bye. Mu bitendo ebyo, okukkiririza mu Bumu bwa Allah kye kisinga okubeera ekikulu. Ekitendo kino kikulu nnyo ng’era, mu Busiraamu, okugatta ekintu ekirala ku Allah kibalibwa nga lye zambi ekkulu erisinga okuvaako obusungu bwa Allah. Kulaane erabula abantu era n’ebawa amagezi obutagwa mu nsobi eno eva ku bunafu bw’amegezi.

“Oyo agatta bakatonda abalala ku Allah, Allah Ejjana yagifuula haraamu ku ye (taligiyingira), era Omuliro gwe gugenda okubeera obudo bwe. Abalyazaamaanyi tebalina bagenda kubataasa.” (Maa-ida, 5 : 72)

“Era mazima ddala watumirwa ng’ababaka abalala nabo bwe baatumirwa nti bwe mugenzaako ne mugatta ekirala mu kusinza Allah, emirimo gyammwe gyonna gjija kwonooneka (mujja kuba mukoledde bwereere), era mujja kubeera mu abo abokufaafaaganirwa.” (Zumar, 39 : 65)

“Allah tasonyiwa kumugattako kintu kirala naye asonyiwa ekintu ekirala kyonna ekitali ekyo oyo gw’aba ayagadde. Omuntu agatta ekintu ekirala ku Allah aba akoze ezzambi eddene ennyo.” (Nisaa-i, 4 : 48)

Eddiini endala ezakka okuva mu ggulu zaalinga Obusiraamu nga zikyali mu mbeera ya zo mwe zakkira, naye oluvannyuma zaagenda zikyusibwa ne zigenda nga ziva ku mulamwa. Mu ddiini ezo eyasinga okuyisibwa obubi y’ey’Obugoberezi bwa Kristo. Mu ddiini eno okukkirirza mu Bbumu bwa Allah kwakyusibwa ekitagambika mu kyasa

eky'okutaano era okukkiririza mu Bumu bwa Allah n'obwannamunigina bwe, obutali butabikemu kantu ne kusikizibwa "Obusatu". Wabula abantu abakenkufu mu ddiini, ab'omu biseera bino tebawagaira nzikiriza eno eteriimu makulu ekibatuusa n'okwesamba kkanisa. Era eyo ye nsongwa lwaki olwaleero Obwapaapa bwatandika okunoonyereza ku ngeri Obukristu gye buyinza okuddayo okusomesa enzikiriza eyasooka ey'okukkiririza mu Bumu bwa Allah.

Allah ali "Omu" era ebigambo bino birambulukufu bulungi okulaga nti teri kubuuasbuusa teri Katonda mulala wa kubiri. Omutontomi alambika Obumu bwa Allah mu bigambo bino: "Ye Yekka aliwo. Ali Omu ku lulwe, Ye Yekka!"

Bwe kityo okukkiriza Allah kuteekwa okuba nga kulambulukufu nga tekulekaawo muwaatwa gwonna gulowoozesha nti kisoboka okubee-rayo katonda omulala. Enzikiriza ekkiririza mu Bumu bwa Allah, Obusiraamu gye bwagalala era gye bulagira. Lino era lye ddaala erisooka erireeta omuntu mu ddiini y'Obusiraamu. Enzigi nnyingi ez'okusaasira kwa Allah, emikisa gye, obuyambi, n'ebiyengera bigenda eri abo abatandulula, ebigere mu kkubo lino. Bw'atylo Bilaali al-Habashi (Allah amusiime) yagumira okubonyabonyezebwa okw'abo abaasinzunga ebifaananyi nga baagala kumuwaliriza kudda ku kusinza ebibumbe. Naye era, n'okwagala ennyo okw'obukkiriza, yabaddangamu ng'akozesa ebigambo "Ahad, Ahad (Allah ali Omu! Ali Omu!" Era ng'okumusasula okugumiikiriza kwe kuno, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yamufulua Omwaziinyi omukulu eyakoowoolanga abantu okugenda okusaala.

N'akantu akatono ennyo bwe kaba kabuze mu kukkiriza tekasobola kusasulwa bikolwa birungi ne bwe biba byenkana wa. Kino oyinza okukifaanaanyirizaako ekifo ky'omuntu asanyukira ebirungi ebingi by'afuna naye nga tasobola kugumiikiriza kuyisibwamu maaso oba kujolongebwa mu kituibwa kye. N'olw'ekyo obukaafiiri ssi kirala okuggyako okutyoboola ekituibwa kya Allah era nga kikolwa kya kivve ekikolebwa ku kituibwa kya Allah. Eno y'ensongwa lwaki kibalibwa ng'ekitasonyiyika. Olw'ensongwa eyo obukkiriza kye kikolwa ekikulembera Allah ky'alagira oluvannyuma emirimo emirungi emirala ne giryoka gigoberera.

Mu lutalo lwe Uhudi omusajja omuzira eyayitbwanga Amuri bin Thaabit yajja mu maaso ga Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) okuyingira Obusiraamu. Naye bwe yalaba olutalo nga lunyintidde kwe kubuuza Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) oba yandyesozze eddwaaniro okusooka oba asooke kulangirira kukkiriza Allah Omu, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kumugamba nti:

“Sooka olangirire obukkiriza bwo oluvannyuma ojja kwesogga eddwaaniro.”

Amuri bin Thaabit yagoberera Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kye yamugamba. Ng’olutalo luwedde Nnabbi olwalaba omulambo gwa Amuri bin Thaabit mu bazira abaali bafiiridde mu lutalo yagamba nti:

“Yakola kitono naye n’aganyulwa nnyo...!” (Ramazanoglu Mahmud Sami, Uhud Gazvesi, 35)

Obumu bwetaagisa okulangirira Allah okubeera Omu era nga Ye Yekka era nga wa njawulo atalina munne. Kwe kugaanira ddala okubearrawo bakatonda abasukka mu Omu. Kye kifo mu bukkirza ekiwa abantu Entebbe esinga okubeera ennungi. Ensonga eno Yunus Emre agissa bulungi mu bigambo bino:

*Twetaaga olubiri lw’Obumu.
N’okulangirira amawulire amalungi.
Buuka mu kirowoozo ky’obubiri
Era n’okwewulira ggwe (muweereza) muddu ggwe!
Okuva Obumu bwe kiri kitendo eky’ekitiibwa ekya Allah,
Okukiwa Allah nsonga ekkirizisa okusaba kw’omuntu.*

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yawanga Basswhaba amagezi okwogera ku bitendo bya Allah naddala Obumu, olwo okusaba (edduwa) kwabwe kulyoke kwanukulwe.

Ubaadah bin Swamiti anyumya nti Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti:

“Abo ababa batunula ekiro, boogere ebigambo bino: ‘Teri asinzibwa (mu butuufu) okuggyako Allah. Ali Omu talina amwegattako (munne) Obuyinza bubwe n’amatendo amajjuvu gage. Era ku buli kintu kyonna

Muyinza. Talina kintu kitalina mugaso. Era amaanyi gonna n'obusobozi obusaala n'okukola emirimo emirungi byonna biva eri Allah!"

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era yayongerako nti: "Omuntu oyo bw'agamba nti, 'Katonda wange! Nkusaba onsonyiwe' oba bw'asaba edduwa endala, oba bw'afuna wuzu n'asaala, okusaba kwe kwanukulwa." (Bukhari, Tahajjud, 21)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era yagamba nti omuntu yenna awulira ng'alina kye yeetaaga ng'ayagala Allah amuyambe, asooke afune wuzu, bw'amala asaaleyo laaka bbiri. Atendereze Allah, asaalire Nnabbi, n'olvannyuma asabe bw'atyi: "Teri asinzibwa (mu butuufu) okuggyako Katonda Omu, Omusonyiyi, Omusaasizi. Katonda w'ensi eno yonna, Omujjuvu atalina kintu kimukendeerako, era ng'amattendo gonna amajjuvu gage. Katonda wange! Nkusaba okungabira okusoniwa kwo n'okunkuuma obutakola mazambi gonna. Era nkusaba okunkuuma mu by'obugagga. Nkusaba obutalekaayo zzambi lyonna oba ebisobyo byange nga tobisonyiye! Katonda wange! Omusaasizi ennyo Oweekisa ekibuna! Nkusaba onyambe okukola emirimu emirungi gy'osiima." (Tirmidhi, Witiri, 17)



OBWAWUFU BWA ALLAH: Allah talina kintu kyonna kimwenkana. Talina kitonde kyonna ky'afaanana. N'olw'ekyo, talina kitendo kyonna kimufaananya muntu oba kintu. Emu ku nsonga ezitakkiriziganyizibwako mu ddiini ze baakyusakyusa olwaleero eri ku kintu kino. Eddiini zino zabbula bwe zaateeka wabbali ebitendo bya Allah okugeza okubeera ng'ayawukana n'ebantu n'abantu, okubeera ng'ali wala nnyo n'okufumiitiriza era n'okutegeera kw'omuntu, olwo ne bamuteekako, mu bitabo byabwwe, ebitendo by'abantu bingi okusinziira ku kufumiitiriza kwabwe. Baatuuka n'okumuteekako ebitendo nga: okwerabira, okukoowa, okwetonda, okulemererwa okulabirawo ekintu, n'okutabolwa. Okugeza bagamba nti Katonda awa ebiragiyo ku by'amataba, naye oluvannyuma n'abyerabira. Agenda okulaba nga buli kifo kijjudde amazzi! Awo nga lw'ajjukira ekiragiyo kye yawadde, ate oluvannyuma lw'okulaba nga buli kitonde kiri mu lyato, Ye kennyni ayanguwa n'aggalawo oluggi lw'eryato. Era okusinziira ku bitabo byabwwe, Nnabbi Yakubu yameggana ne Katonda era n'amegga



Katonda. Ku bigambo bino ebitayingira mu bwongo kw'ogatta okubeera nga kimanyiddwa nti Abayawudi baayita Uzayiru omwana wa Katonda ate abagoberezi ba Kristo ne bayita Yesu omwana wa Katonda (Tawuba, 9 : 30). Allah agamba mu Kulaane ku bikwata ku kukkiriza kwabwe okusinziira ku bye bafumiitiriza nti:

“Tebaawa Allah kigero kituufu kimusaana. Ate nga, ku Lunaku lwenkomerero, ensi yonna efunyirwa mu kibatu kye n'eggulu ligenda kuzingibwako Mukono gwe ogwaddyo. Okutenderezebwa ku kwe. Ali waggulu nnyo n'ebyo bye bamugattako.” (Zumar, 39 : 67)

“... Tewali kimufaanana kyonna, era ali Omu awulira era Alaba (ebintu byonna).” (Shuura, 42 : 11)

قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ اللَّهُ الصَّمَدُ لَمْ يَلِدْ وَلَمْ يُوَلَّدْ وَلَمْ يَكُنْ لَّهُ كُفُواً أَحَدٌ

“Gamba nti: Allah ali Omu Yekka; Allah Eyeesigamizibwako ensonga; teyazaala era teyazaalibwa; era talina kintu kyonna kimufaanana.” (Ikhlas, 112 : 1-4)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yawulira omuntu ng'asaba bw'atyi: “Katonda wange! Oli Omu Wekka bwannamunigina; Tozaala, tewazaalibwa era tolina kintu kyonna kikwenkana. Nkusaba ompe okusaasira kwo; nkusaba onsonyiwe ebyonoono byange, Ggwe Asonyiwa era Omusaasizi ennyo!”, yagamba omuntu ono bw'atyi:

“Asonyiyyiddwa. Asonyiyyiddwa. Asonyiyyiddwa!” (Abu Dawuda, Swalat, 179)

Yunus Emre oyo amanyi amawulire gano amalungi asaba Allah amusonyiwe ng'akozesa ebigambo bino wammanga:

Allah Owoobuyinza, Allah Owoobuyinza
Teri yenna alinga Ggwe!
Nkusaba osonyiwe ebyonoono byaffe,
Ggwe Musaasizi ennyo!



OKWEBEEZAAWO YEKKA: Allah yeebeezaawo Yekka era wa kubbeerawo olubeerera. Ebitendo eky'okweyimirizaawo Yekka n'okubee-

rawo olubeerera bimu ku mannya ga Allah, agategeeza nti Ye yeeyimiri-zaawo Yekka nga talina ntandikwa wadde enkomerero, era talina kyon-na kye yeetaaga ku kitonde kyonna. Mpozzi ate buli kintu kyetaaga gy'ali kisobole okubeerawo. Kulaane egamba nti:

“Abange abantu! Mmwe muli abeetaavu eri Allah. Ate Ye Allah ye mugagga (atalina kye yeetaaga) atenderezebwa.” (Fatwir, 35: 15)

Ng’Obubaka buno obutukuvu bwe bukirambika, Allah tali mu bwe-taavu eri kintu kyonna asobole okubeerawo, era eyo ye nsonga lwaki Allah yeebeezaawo Yekka olubeerera.

Omuntu bw’abeera nga tategeera kitendo kya Allah kino, era bw’abeera nga talina kukkiriza kujjuvu eri ensonga eno, obukkiriza bwe bubalibwa nga obutali bujjuvu era buba bufu. Kino kiri kityo kubanga okukola bw’atyo aba akkakkanya eddaala ly Allah ku ly’ebitonde.

Bw’atyo Allah tatendebwa na bitendo eby’abantu oba ebintu. Wabula abo emitima gyabwe egijjudde obukkiriza obutuukiridde bulijo boogera ku mannya ga Allah aga “okweyimirizaawo Yekka” n’erya “Okubeerawo olubeerera”, era n’emikisa gy’okwogera ku mannya gano beenyweza ku muguwa gwa Allah era ne basaanawo mu Ye. Kwe kugamba nti, omuddu okweyagalira mu kwogera ku mannya ga Allah amatukuvu kikwatagana n’engeri gye yeetakkuluzaako ebintu byonna n’asigaza Allah Yekka.

Sswahaba wa Nnabbi omu yasaba bw’atyi:

“Katonda wange! Amatendo gonna amajjuvu gago, Ggwe Musaasizi ennyo, era teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Ggwe. Ggwe Mutonzi w’eggulu n’ensi alina Ekitiibwa n’ekisa. Ggwe Mulamu, Eyeeyimirizaawo Yekka era Ow’okubeerawo olubeerera. Katonda wange! Nkusaba nga nkозesa amannya go!...”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) bwe yawulira ensaba ya Sswahaba ono, yabuuza abaamuli okumpi:

“Mumanyi amannya omuntu ono g’asabisa?”

Baamuddamu nti: “Allah ne Omubaka we be bamanyi!”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kwe kubagamba nti:



“Ndayira Allah Oyo akwadiridde obulamu bwange nti omuntu oyo asabye Allah ng’akozesa amannya ge agasinga obukulu. Edduwa ze n’ebyo by’ayagala by’asabye ng’akozesa amannya ago byanuukuddwa.”
(Tirmidhi, Da’awaati, 63)



Ebitendo bya Allah ebimanyiddwa bye bino wammanga:

OBULAMU: Allah alina obulamu era ekitendo kino kiri mu ye yen-nyini. Allah Mulamu olubeerera, ng’ekitendo ekimanyiddwa “Hayy” bwe kikiraga. Ye mulamu, ow’okubeerawo obulamu obutaggwaawo, era alina obulamu obutalina kkomodo.

Bwe kityo, obulamu bwonna bubeerawo ng’endabirwamu y’ekitendo kya Allah, era bwo bulina ekkomo. N’olw’ekyo, obulamu bw’ekitonde bwo bwa kiseera ekiriwo era bwa mubiri era nga buggyawo nga buva mu kwegatta kw’omubiri n’omwoyo. N’olw’ekyo butwalibwa okuva mu buli kintu kya mu nsi mu kiseera ekigere. Ekitendo kya “Omulamu atafa (Hayy)” kyo kya Allah Yekka, kubanga Ekitiibwa Kye kikwatagana na kubbeera mulamu, ow’olubeerera, era ng’alina obulamu obutaggwaawo. Mu bufunze, obulamu bwa Allah tebugaana kubbeerawo kwa kufa, era ekitendo eky’obulamu obutaggwaawo kikye Yekka. Kino kyog erwako mu Kulaane nti:

“Obwesige bwo buteke mu (Allah) Oyo Omulamu atafa.” Furqaan, 25 : 58)

Abu Muusa (Allah amusiime) anyumya bw’atyi:

“Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yayimirira muffle n’ayogera ebigambo bino ebitaano: ‘Allah Mulamu olubeerera, tasumagira era otulo tetumukwata. Y’ayongera riziki gy’awa abaddu be era n’agikendeeza. Esswala esaalibwa ekiro emutuukako nga gye basadde emisana tennaba, ate n’esswala gye basadde emisana n’emutuukako nga gye basadde ekiro tennaba kutuuka. Ekimusikiriza kye Kitiibwa kye Ekitukuvu. Singa ekisiikiriza ekyo kivaawo, Ekyenyi kye kyandiyokezza ebitonde byonna.’” (Muslim, Imaan, 293)

Hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) endala egamba nti:

“Omuntu oyo yenna asaba Allah amusonyiwe ng'akozesezza ebigambo bino emirundi esatu Allah amusonyiwa ‘Nsaba Allah Oyo Omulamu atalifa era agenda okubeerawo olubeerera ansaasire’.”

Allah agamba nti:

“Ye ye Mulamu: Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Ye. Kale mumusabenga ng’eddiini mugikolera Ye Yekka. Amatendo amajjuvu ga Allah. Alabirira ebitonde byonna.” (Mu’melu, 40 : 65)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe yabeeranga n’ekintu ekimutawaanya yasabanga ng’akozesa edduwa eno:

“Katonda wange Omulamu atalifa era Ow’okubeerawo olubeerera! Nkusaba onnyambe okuyamba okuva mu kusaasira kwo.” (Tirmidhi, Da’awaati, 91)

Ye Ali (Allah amusiime) anyumya bw’atyi:

“Olutalo lw’e Badri bwe lwatandika nnalwanayo akaseera oluvanyuma ne nngenda Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) we yali nga njagala kulaba kye yali akola. Nnamusanga avunnamye nga bw’ayogera ebigambo bino:

“Katonda wange Omulamu atalifa, agenda okubeerawo olubeerera! Nkusaba okuntaasa, nnoonya buyambi okuva gy’oli!”

Nnamuleka ne nzirayo mu lutalo ne nnwana. Bwe waayitawo akaseera nakomawo era okulaba kye yali akola. Naye nnamusanga akavunnamye nga bw’ayogera ebigambo bye bimu bye nnamuleka ayogera:

“Katonda wange Omulamu atalifa, agenda okubeerawo olubeerera! Nkusaba okuntaasa, noonya buyambi bwo!”

Nnaddayo ne nnwana. Bwe waayitawo akaseera nnakomawo ndabe kye yali akola kwe kumusanga mu kifo kye kimu. Yasigala bw’atyio okutuusa Katonda bwe yatuwa obuwanguzi.”

Waliwo aya eno egamba bw’etyi:



“Mumanye nti Allah awa ensi obulamu oluvannyuma lw’okufa kwayo! Tumaze okubalaga obubonero obweyolefu, mulyoke mutegere.” (Hadiid, 57 : 17)

Ibn Abbaasi *aya* eno yagyogerako bw’atyi:

“Okuwa ensi obulamu oluvannyuma lw’okufa kya kuyiga ekirabikako kye tuyinza okulaba. Naye waliwo n’amakulu amalala *aya* eno g’etusongerako. Allah agonza emitima emikakanyavu egayaguba ku bikwata ku bintu by’obukkiriza n’agizza eri Omuronzi waagyo. Agonza emitima egifudde ng’ayita mu kugisomesa n’okugiwa amagezi agategeera ensonga.”



OKUMANYA (N’AMAGEZI): Allah alina okumanya, era okumanya kwe (okumanya ensonga) kubuna buli kintu. Teri kintu na kimu ekiri wabweru w’okumanya kwe. Olw’ensonga eyo, Ye y’amanyi ebyayita, ebiriwo, n’ebirijja. Teri kintu kiyinza kwe kwekweka kumanya kwe. Buli kintu kimanyiddwa gy’ali era kyeyolefu gy’ali. Era amagezi (sayansi) abantu ge baakavumbula buweke butono nnyo ku kitendo kya Allah eky’okumanya. Mu Kulaane mulimu nti:

“Mazima ddala, teri kintu na kimu kyekwese Allah mu nsi ne mu ggulu.” (Aali Imraani, 3 : 5)

“Gamba nti: Ne bwe mukweka ekyo ekiri mu bifuba byammwe oba ne mukyolesa, Allah akimanya, era amanyi ebiri mu ggulu, n’ebyo ebiri mu nsi. Era Allah ku buli kintu kyonna Muyinza.” (Aali Imraani, 3 : 29)

“Era Ye ye Allah ali mu ggulu ne ku nsi. Amanyi ebyo byonna bye mukweka ne bye mwolesa, era amanyi ebyo bye mukola.” (An’aam, 6 : 3)

“Amayi ebyo ebiri mu maaso gaabwe (mu nsi) n’ebyo ebiri emabega waabwe (ku Lunaku Iwenkomerero), era tebalina kintu kyonna kye bayinza kwetooloola kumanya mu Kumanya kwe okuggyako ekyo ky’aba ayagade...” (Baqara, 2 : 255)

Eyo nno ye nsonga lwaki tugamba nti: “Allah y’amanyi!” kubanga okumanya kw’omuntu tekutuuka na mumwa gwa kappini (oba empiso)

mu guyanja gw'ensi eno yonna ogunene. Mu Kulaane waliwo ewagamba nti:

“...temwaweebwa mu kumanya okuggyako akantu katono nnyo.”

(Isra, 17 : 85)

N'olw'ensonga eyo, enzigi za saayansi ziggulwawo eri abantu okunoonyereza, naye era waliwo ebitensege ebitasobola kuyingirwamu okuggyako nga Allah akkirizza. Ensonga eri emabega w'ekyo kwe kuleka omuddu wa Allah amanye nga bw'alina by'atasobola era ategere nga bwe yeesigamye ku Allah olwo alyoke akkirize amaanyi ga Allah n'okumanya kwe. Mu Kulaane mulimu nti:

“... muyinza okutamwa ekintu nga kye kirungi gye muli, ate muyinza okwagala ekintu naye nga kibi gye muli, Allah y'amanyi mmwe temumanyi.” (Baqara, 2 : 216)

Mu butuu fu, abantu bafuna okwenyamira olw'ebintu ebisooka okubalabikira nga bibi, ng'omuntu tasobola kulaba kusaasira okuli emabega w'ebintu bino. Ate ebiseera ebirala ne yeezinga ku bintu ebiggyira mu kifaananyi ky'ebintu ebirungi n'atasobola kulabirawo bubi obubyekweseemu.

Banyumya nti waliwo omusajja omulongoofu eyali ava mu kika ekimu eky'Abawalabu. Abantu b'ekika ekyo baatwalanga nnyo ebigambo by'omusajja ono era nga babikolerako. Lwakya lumu ne basanga ng'embwa zaabwe zonna zifudde kwe kugenda ew'omusajja omulongoofu ono ababuulire ekyali kigenda mu maaso. Omusajja yasiriikirira. Nga wayise akaseera katono musajja wa Katonda ono yabagamba nti: “Okufa kw'embwa ezo osanga kujja kuvaamu ebirungi!”

Ekiro ekyaddako enkoko zaabwe empanga nazo zonna zaafa. Bwe baakitegeera baagenderawo ew'omusajja omulongoofu era eyabaddamu nga bwe yabaddamu ku ky'embwa nti: “Okufa kw'enkoko ezo osanga kujja kuvaamu ebirungi!”

Olwawulira bino omu ku bantu abo n'abuuza nti:

“Mukama waffe! Embwa ze zitukuma ate enkoko empanga ze zituzuukusa okugenda okusaba. Birungi ki ebyo okufa kw'ebintu bino bye kuyinza okutuleetera?”

Omusajja omulongoofu kwe kuddamu nti:

“Allah Ye yekka amanyi ebyama. Ddala alina ekintu ekyamazima eky'amaanyi ky'akwese mu nsonga eno kye tutayinza kutegeererawo kati.”

Ekiro ekyaddako omuliro gwonna gwazikira. Buli muntu olwo n'atandiaka okwewuunya ebizibu ebirala bye baali boolekedde ebyali bigenda okubatuukako.

Naye bwe baazuukuka ku makya olwo nga kwe kutegeera ekyama ekyali mu bintu ebyo ebyewuunyisa ebyagwawo. Ekiro ekyo waliwo abalabe abaali bazine era ne banyagulula ebyalo ebyali byetoolodde ekyalo ky'abantu abo era nga baasemberera nnyo ekitundu ky'abantu kino. Nayé bwe bataawulirayo mbwa eboggola wadde enkoko ekookolima ate nga yali nzikiza njereere, abalabe baabayitako buyisi nga tebategedde nti waaliwo abantu. Kale ekika bwe kityo bwe kyawona okunyagululwa n'okutirimbulwa. (Silk's Suluuk).

Bwe tutyo bwe tulaba ng'ebintu ebyagwawo ebyaleetera abantu okutawaanyizibwa okwamaanyi ate bwe byafuuka eby'omugaso ennyo gye bali! Ibrahim Haqqi Erzum ebintu bino abissa mu bigambo bino wammanga:

*Tobuuza lwaki ekintu kiri bwe kityi,
We kiri era we kisaana.
Tunuulira ekigenda okuzuuka gye binaggweera;
Leka tulabe Katonda ky'anaaleeta ku nkomerero,
Ye akola ekisinga obulungi!...*



Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti:

“Omuddu bw'alwala, Allah amusindikira Bamalayika babiri n'abalagira nti: ‘Mugende mulabe omuddu bw'atutte ensonga y'obulwadde obumukutte.’

Bwe basanga omuddu ng'ali mu kwebaza na kutendereza Allah, amawulire agakwata ku mbeera gy'alimu bagazzaayo mu maaso ga Allah Oyo amanyi ennyo. Olwo Allah eyasindise Bamalayika okulaba ebikolwa by'omuddu n'agamba nti:

'Bwe ntawala obulamu bw'omuddu ono eyeebaza, aba ajja kufuna ekifo mu Jjana. Naye ate era bwe mmuleka ne mmuwonya aba asaanira okubeera n'omubiri n'omusaayi ebisinga ku by'alina, era ne mmusonyiwa ebyonoono bye'." (Muwattwa, Ayn, 5)

Hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) eno etulaga nti n'ebantu ebirabika ng'ebitalina migaso girabikako ku ngulu gye tuli nga bibeera kugezesha okuva eri Allah, era nga biyinza okuviiarako omuntu okufuna empeera ennyingi.

Mu byafaayo by'obuntu waliwo ebyasooka okulabika ng'ebiyali biva ku busungu, naye oluvannyuma gye byaggweera ne bizuuka okubeera okusaasira. Mu ngeri y'emu waliwo ebantu ebyasooka okulabika ng'eb'yokusaasira naye ne biggwa nga byali bizze lwa busungu. Okugeza, abantu b'oku mulembe gwa Nnabbi Huudu baalaba ebire by'obusungu ne babirowooza okubeera ebire ebireeta enkuba. Amayinja gaamala kutandika kugwa wansi ng'olwo lwe bategeera nga bwe kyali ekibone-rezo, wadde ng'obudde bw'okweddako bwali bubaweddeko.

N'olw'ensonga eyo, buvunaanyizibwa bwa muddu okwewaayo eri Allah ng'amanyi nti Ye y'amanyi ennyo. N'okwewaayo kuno kusoboka kutuukirira nga kuyita mu kumanya oba okufumiitiriza mu mutima kubanga teri saayansi ayinza kuggya mu muntu ebizibu ebiyinza okuva mu butamanya nsongwa eno. Okumanya Allah kwe kwokka okuyinza okuggyawo ebantu bino. Mu butuufu, eriyo abantu bangi abataasoma naye nga baaweebwa empeera nnyingi nga bayita mu kumanya Allah.

Eyo ye nsongwa lwaki Yunus Emre atugamba nti saayansi asinga kwe kumanya Allah:

*Ennukuta abiri mu mwenda (29),
Z'osoma okuva ku A okutuuka ku Izzard,
Ogamba nti A, mukama wange,
Ekyo kitegeeza ki?
Saayansi ategeeza kumanya,
Ategeeza okwetegeera,
Bw'oba nga tosobola kwetegeera,
Lwaki osoma saayansi?
Allah ategeeza ekifo ky'okumanya kw'omuntu:*

“... omuntu era tamanyi ky’agenda kufuna enkya...” (Luqmaani, 31 : 34)

“Gamba nti: Okumanya (ekiseera), kuli eri Allah Yekka...” (Mulk, 67 : 26)

Okumanya kye kitangaala kya Allah. Okumanya okujjuvu kwa Allah, era Okumanya kwe kubuna buli kintu. Okumanya kwa Allah kulinga endabirwamu. Ebintu ebirabikira mu ndabirwamu biyinza okwawukana, naye endabirwamu eraga ebintu byonna by’ekubamu, ate yo tekyuka.

Okumanya kwa Allah tekubeera kirowoozo. Engeri ey’obutebenkevu ey’okwegendereza n’okukkiriziganya ensi eno yonna kw’eyimiridde, ng’era tewali muntu ategeera ayinza kubiwakanya, bwe bujulizi obupya obulaga okumanya kwa Allah okutakutukawo. Kyeyoleka kyokka nti omuntu ayinza okubaayo n’akantu k’ayiayaayo nga wayiseewo emyaka egiwera ate nga ayambiddwaako abantu abalala abangi. Okugeza, okusobola okuwuliziganya ng’abantu bakozesa essimu ez’omu ngalo kwe tuliko olwaleero kwaggyawo oluvannyuma lw’okumanya okwakunnganyizibwa okuva emabega mu byasa ebingi wamu n’ebintu ebingi abantu ab’enjawulo bye baayitamu mu biseera eby’enjawulo. N’ebintu ebirala ebyazuuka, n’okugenda mu maaso okwajja, byonna bifaanana bwe bityo. Ebintu ebyo byonna bye tumanyi n’ebitannaba kutweylekera ebitaggwaayo bintu ebyewuunyisa, Allah bye yateeka mu nsi n’okumanya kwe okutukuvu. Mu Kulaane Allah kino akijjukiza abantu nti:

“Abaffe Oyo eyatonda okuba nga tamanyi? Ng’ate Ye Mugondeza Amanyi (Kakensa).” (Mulk, 67 : 14)



ALLAH AWULIRA BYONNA: Allah Ye awulira byonna era okuwulira kwe tekulinga okwaffe. Teri ddoboozi lyonna erimwekwese ly’atawulira. Nga bwe bakinnyonnyola, awulira eddoboozi ly’ensolosozi etambulira ku jjinja. Era ebitonde byonna bisobola okuwulira ng’okuwlira kwabyo bikujja ku kitendo kya Allah ekya Awulira-byonna. Tebalina kye bayinza kuwulira singa obusobozi obwo buba bubaggyiddwaako. Waliwo ebifaananyi bingi ebiraga ekintu ekyo.

Allah mu bifo bingi ayogera ku kitendo ky'okuwulira byonna ng'akyogerera wamu n'eky'Okulaba byonna era ajjukiza abantu okulaba kwe okutukuvu, nga mw'ekyo abalabula obutabula okuva mu kkubo eggolokofu.



ALLAH, ALABA BYONNA: Ekitendo ky'okulaba byonna nakyo kitendo kya Allah okusinziira ku mbeera ze eza Obwakatonda. Alaba bulungi buli kintu kyonna. Ye ye Alaba-byonna. Teri kintu kiyinza kwekweka kulaba kwe. Era nga bwe bakyogera alaba ensanafu ng'eri ku jjinja eriddugavu ekiro (ekikutte enzikiza).

Jalaalu Ddiini Ruumi annyonnyola lwaki abantu bababuulira ku bitendo bya Allah omuli '**Amanyi byonna**', '**Awulira byonna**' ne '**Alaba byonna**':

"Allah akubuulira ku kitendo kye eky'okumanya byonna oleme kukola bikolwa bikyamu ku nsi."

"Allah akubuulira ku kitendo kye eky'okuwulira byonna olyoke okuumwa omumwa gwo nga muggale obutayogera bigambo bitasanyusa n'ebigambo ebibi."

"Allah akubuulira ku kitendo kye eky'okulaba byonna olyoke weewale okukola ebintu ebibi mu nkukutu."

Bw'atyo Allah amanyisa abaddu be obuvunaanyizibwa bwabwe ku nsonga eyo bw'atyi:

"Togoberera ebyo by'otalinaako kumanya kubanga mazima amatu, amaaso n'emimita byonna bijja kubuuzibwa ku bintu ebyo (ku Lunaku lw'okulamula)." (Isra, 17 : 36)

Niyadhi Misri obuvunaanyizibwa buno abwogerako ng'akozesa ebigambo bino wammanga:

*Eriiso eritalina busobozi bulaba,
Teririna kye liri okuggyako okubeera ery'obulabe ku mutwe kwe liri.
Okutu okutawulira magezi gonna,
Kusaana kuyiibwamu bikomo ebisaanuufu biyitemu.*

*Olulimi olutamanyi kutendereza na kwogera ku linnya lya Allah,
Ekinyama ekyo tokiyitanga lulimi (lwa muntu).*



Abaddu ba Allah abagyeemu babagamba bwe batyi:

“Abange abaddu! Abaffe mwatukkirizaamu mu bulamu bw’ensi oba temwatukkirizaamu? Bwe muba temwatukkirizaamu, lwaki temwagezaako kutukkirizaamu? Bwe muba mwatukkirizaamu mwali muteekeddwa okukolera ku bye mwali mukkirizaamu (nga bwe kye-taagisa)”.

Nahshabi ow’ekitiibwa, ajjulula ebigambo ebyo waggulu, agamba nti:

“Ggwe omuntu atatya! By’okola mu nkukutu bikole ne mu lwatu olwo kiryoke kyerage kaati oba otya Allah oba otya bantu! Bw’oba otya Allah, olwo oba omutiira buli wantu!...”

“Abagoberezi b’ekkubo eggolokofu era abatya Allah buli we babeera mu buli kifo baba bamanyi nti Allah abalaba.”

Kaliifa ow’okubiri, Umaru, lumu yali alambula ekiro ng’ayitaayita mu makubo g’e Madiina, kwe kuyimirira awulirize amaloboozi agaali gava mu nnyumba nga gaali ga kuwaanyisiganya bigambo wakati wa maama ne muwala we:

Maama yalagira muwala we ayongere amazzi mu mata. Yamugamba nti:

“Yongera amazzi mu mata ge tugenda okutunda enkyा.”

Omuwala yaddamu nti:

“Maama, tomanyi nti Kaliifa yagaana okutabula amazzi mu mata ag’okutunda?”

Maama yalagira omuwala ebya Kaliifa abiveeko nga bw’amugamba nti:

“Kaliifa anaamanya atya nti twatabudde amazzi mu mata ekiro kino!...”

Wabula omuwala eyalimu okutuya Allah yagaana okukkiriza obulyake obw’ekika kino maama we bwe yali ayagala okumukozesa kwe kugamba maama we nti:

“Maama ka tugambe nti Kaliifa tatulaba, naye ate butya Allah? Kyangu okukweka abantu obukuusa naye kinaasoboka kitya okubukwe-ka Allah Oyo alaba buli kintu?”

Ebigambo by’omuwala ono atya Allah byakwata Umaru omubabiro. Ebigambo by’omuwala munnaddiini ono byamusanyusa nnyo era nga wayiseewo akaseera yamwogerereza mutabani we. Bano baafumbiriganwa era ne bavaamu omwana Umaru bin Abdul Aziizi oluvannyuma eyafuuka Kaliifa ow’okutaano.

N’olw’ekyo, ekikulu ekiri mu kino kwe kutambuliza obulamu bwaffe ku musingi ogumanyi nti buli kiseera Allah atulaba bulungi kyonna kye tuba tukola. Mu Kulaane mulimu nti:

**“Amaaso tegasobola kumulaba naye Ye alaba buli maaso kye gala-
ba: Era Ye Mugondeza Omukenkufu mu buli kintu.”** (An'aam, 6 : 103)



OKWAGALA KWA ALLAH: Allah alina okwagala era akola ky’aba ayagadde. Bw’aba agenda okukola ekintu alagira bulagizi nti “Beera” olwo ekintu ky’aba alagidde ne kibeera. Ebikolwa bye tebitunulwamu:

“Omutandisi w’eggulu n’ensi. Bw’aba asazeewo ekintu agamba bugambi nti “Beera” ne kibeera.” (Baqara, 2 : 117)

**“Ye Mukasi (atunuulira) okuva waggulu eri abaddu be, era y’ama-
nyi buli kintu.”** (An'am, 6 : 118)

**“Gamba nti ‘Katonda wange Omufuzi w’obuyinza, owa obuyinza
oyo gw’oba oyagadde, n’oggyako obuyinza oyo gw’oba oyagadde,
oweesa ekitiibwa gw’oba oyagadde ate n’okkakkanya gw’oba oyagad-
de. Mu Mikono Gyo mwe muli obulungi. Mazima ddala Ggwe ku buli
kintu Oli Muyinza.”** (Aali Imraani, 3 : 26)

Nga aya ezo bwe zikiraga nti Allah Ye Mukozi atalinaako kkom, buli kintu ekigwawo oba ekikolwa kyonna, kibeerawo na kukkiriza kwe. Mu bufunze, “ekintu ky’asalawo kibeerawo, ate ekyo ky’aba tasazeewo tekinyinza kubeerawo!”



N'olw'ekyo, ebikolwa Allah by'ayagala bikolebwa na kwagala kwe. Ate ebikolwa Allah by'atayagala nabyo bikolebwa na kukkiriza kwe, naye nga mu kiseera we bizuukira biba bigezo gye tuli.

Bw'etyo *aya* eri waggulu ekirambika nti, buli kintu kiriko akakwakkulizo aka "Singa Allah ayagadde oba ng'akkirizza." Akakwakkulizo kano kakwata ku buli kitonde, nga mw'ozingidde eby'omubiri n'eby'omwoyo, era nga kizingiramu ne Bannabbi. Ekifaananyi kya kino kye kintu ekyagwawo ku mulembe gwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe):

Waliwo ekibinja kya Bannamalungu abaagenda ewa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) nga balina ebibuuzo bye baali bamubuuza. Olw'okuba nga bye baali bamubuuza yali tabimanyi bulungi ate ng'alowooza nti obudde gye bwali bujjako yali wa kufuna bubaka obukwata ku nsonga ezo, yabasaba bamuddire enkeera nga bw'abagamba nti:

'Mujje mundabe enkya lwe mujja okufuna okwanukulwa!"

Naye engeri we yayogerera nabo gy'ataagamba nti "Allah ng'ayagadde" oba "Allah bw'anaaba asiimye", Allah teyasindika bubaka okumala sabbiiti bbiri nnamba. Oluvannyuma lw'okulindira obubaka akaseera akawanvu, *aya* eno wammanga yakka:

"Era togezanga n'ogamba nti ekintu kino nja kukikola enkya okugyako (ng'ogasseeko nti) "nga Allah ayagadde". Jjukira nnyo Katonda wo bw'oba weerabidde ogambe nti: 'Oboolyawo Katonda aija kunnunngamya nsemberere okutuuka okumpi n'obulunngamu mu kino.' (Kahfu, 18 : 23 - 24)

Nga *aya* eno bw'ekiraga, abantu bulijjo tebasobola, oba tebalina busobozi bumala, okukola nga bwe baagala kubanga okwagala kwabwe n'amaanyi tebyemala. N'olw'ekyo, omuddu ateekeddwa okumanya obunafu bwe buno era, mu kukuumma obutiribiri obuvunaanyizibwa bwe eri Katonda, ateekeddwa obutagenda wala nnyo. Bw'atyo Allah annyonnyola nti ayinza okusonyiwa ebyonoono n'amazambi byonna, okuggyako okumuwakanya oba okumugattako ekintu ekirala n'omuddu okutyoboola eddembe lya bantu banne. Allah aija kusonyiwa oyo yenna gw'ali-

ba ayagadde naye tajja kusonyiwa muntu oyo amunyiiza. Kino kirambi-kibwa bulungi mu Kulaane nti:

“Bya Allah ebyo byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi, asonyiwa oyo gw’aba ayagadde, ate n’abonereza oyo gw’aba ayagadde. Allah Musonyiyi, Omusaasizi (ow’okusaasira okw’enjawulo).” (Aali Imraani, 3 : 129)

Mikwano nya Allah okwagala kwabwe bakubembeka ku kwagala kwa Allah nga bayita mu kutegeera ekitendo kino. Era nga bwe kiri mu bintu ebirala basaanawo mu Allah. Bamanyi bulungi nti okwagala (n’okusalawo) kwa Allah kuli mu kifo kituufu olwo byonna ebibeetoolodde ne babyolekeza ekifo ekyo.

Seeka Sunbul (Allah amusiime) yabuuza abayizi be ekibuuzo kino:

“Baana bange! Wandikoze ki singa Allah akuwadde obuvunaanyizi-bwa okuddukanya ensi eno?”

Buli omu yawaayo endaba eyiye eyawukana n’eya munne. Omu ku bayizi yagamba bw’atyi:

“Nze abatali bakkiriza bona mbazikiriza!”

Omulala n’agamba nti:

“Nze abanywi b’omwenge bona mbamalawo!”

Ko omulala nti:

“Abakommonta sigala bona mbatta ne mbamalawo!”

Mu bayizi mwalimu omukenkufu eyayitbwanga Mustaafa Muslikhiddini Afendi, eyali asirikidde awo. Seeka yamukyukira n’amubuuza nti:

“Mutabani! Ggwe wandikoze ki?”

Mustaafa Muslikhiddiini Afendi yamuddamu mu bukkakkamu nti:

“Mukadde wange! Mutawaana ki – Allah atutaase – oguli mu ngeri Allah gy’alabiriramu ensi eno? Nze buli kintu nandikiresse nga bwe kiri.”

Seeka Sunbuli Sinaani yakyamuukirira n’agamba nti: “Ekintu kati kifunye amakkati gaakyo we kiteekwa okubeera.” Era okuva ku lunaku olwo Mustaafa Muslikhiddiini Afendi baatandika okumuyita amakkati g’abamanyi, era Seeka bwe yafa ye yamusikira.



Bulayimu Haqqi ow'e Erzurum alangirira okwekwata kwe ku Allah mu bigambo bino ng'alinga aleeta mu bufunze omulamwa gwe tuliko:

*Ebikolwa bye byonna bisukkulumu,
Ebikolwa bye byonna bituukagana bulungi,
Era ebikolwa bye byonna biyamba;
Leka tulabe kiki ky'akola,
Ky'akola kibeera kirungi.*

*Twala ekigambo kyange, by'akoze byonna bye bisinga obulungi,
Ku kirayiro kyange akoze ekisinga obulungi,
Ku kigambo kyange akoze ekisinga obulungi;
Leka tulabe Allah ky'akoze,
Ky'akoze kye kisinga obulungi!...*



AMAANYI GA ALLAH: Allah Ye Owaamaanyi era Omusobozi. Teri kizibu gy'ali. Ekitendo kino Allah akyogerako bw'atyi mu bufunze mu Kulaane nti:

“...Allah ku buli kintu kyonna alina obuyinza.” (Baqara, 2 : 20)

Mu *aya* endala agamba bw'atyi:

“Mazima ddala bw'ayagala ekintu ekiragiro kye kiri nti ‘Beera’ ne kiba!” (Yaasiin, 36 : 82)

Era Allah bw'alagira ekintu kibeere ekintu ekyo kirina okubeera nga bw'aba alagidde. N'olw'ekyo, tetuteekeddwa kugwa mu nsobi ya kulowooza ku Busobozi bwa Allah nga tubugeraageranya n'endowooza yaffe ennafu nga bwe tulina okusobola okuliko ekkomo. Amaanyi ga Allah agatakoma tegaliiko bukwakkulizo wadde okulemererwa abantu kwe balina. N'olw'ekyo teri muntu atalina ky'alemwa bw'ogeraageranya n'amaanyi ga Allah agatalemwa. Amaanyi gaffe gakoma awo Allah w'aba alagidde gakome.

Ebyafaayo bijjudde okuwangulwa kw'abo abaayagala okwewaggula balinnye okusukka we baali bateekeddwa okukoma. Mu bano mwalimu Nimuroodi, Croesus, Abu Jahal n'abalala bangi. Baaleka ensi nga tebalina ke batutte, Allah n'atwala obulamu bwabwe n'abafuula ekisekererwa.

Twala eky'okulabirako eky'okufa kwa Nimuoodi, eyalokompoka mbu yali katonda. Okufa kwe okwava ku nsiri okumuluma kutuwa eky'okuyiga ku bikwata ku Maanyi ga Allah. Ekirala ekiwa eky'okulabirako ekiraga Amaanyi ga Allah kwe kuzikirira kwa Abraha n'abaserikale be abaalumba Ka'aba. Bw'obala enjovu ze yali aleese okulwana naye obunyonyi obunyonyi obwa Abaabiila ne bubasaanyaawo, okiraba nga kifaananyi ekirungi ekiraga Amaanyi ga Allah.

Jalaalu Ddiini Ruumi agamba nti:

“Wadde ensi eno ng'erabika nga etakoma era ennene ekisusse mu ndaba yo, naye ewa Allah teyenkana na kaweke. Zibula amaso olabe ebintu ebikwetoolodde; musisi, kibuyaga, n'amataba engeri gye bigoyaa-mu ensi eno n'ebintu ebigirimu!”

Mu mazima, Amaanyi ga Allah ebiseera ebimu geeyolekera mu bintu bye tuba tutamanyidde. Okugeza, emigaso egiri mu muliro, amazzi, empewo, n'ebintu ebirala eby'obutonde ebiseera ebimu gikyuka ebintu bino ne bifuuqa bya bulabe olw'amaanyi ga Allah. Mu kino omuntu yandibadde alaba Entegeka za Allah eziri emabega w'ebintu ebigwawo mu bintu eby'obutonde abo abatasobola kulaba mbeera eno baba balina obuzibu bw'okulaba. Jalaalu Ddiini Ruumi alabula abantu abo abagyemu abatafa ku biragiro bya Allah, n'agamba bw'atyi:

“Teweerabira nti ensi eringa kasubi mu maaso ga Allah. Okwagala kwa Allah ebiseera ebimu kugisitula mu ddaala ate ebirala ne kugissa. Ebiseera ebimu, kufuula ensi ng'erina omugaso ate ebirala ne kugifuula etalina mugaso. Olumu kugiuuba kugizza ku mukono ogwaddyo ate olulala ne kugizza ku mukono ogwakkono. Ebiseera ebimu kugifuula ennimiro ejjudde ebimuli bya looza ate ebirala ne kugifuula ennimiro ejjudde amaggwa...”

Amazima gano galagiddwa mu Kulaane nti:

“Tomanyi nti Allah ye nnannyini bufuzi bw'eggulu n'ensi era nga temulina atali Ye mukuumi yenna wadde omutaasa.” (Baqara, 2 : 107)

Ye Yunus Emre, kabaka w'abantu abagezi n'abaagazi, obwetaavu bwaffe eri Allah abussa mu bigambo bino:

*Bwe ngoberera ekkubo nga ssiri naawe,
Sisobola kuyambibwa wadde okusimbula ekigere!*

*Gwē maanyi gange agali mu mubiri gwange,
Okutwala omutwe gwange mu maaso!*



EKIGAMBO KYA ALLAH: Allah alina ekigambo, era teyeetaaga ddoboozi, nnukuta, wadde emboozi okulambika ekigambo kye. Okwogera kwa Allah tekulimu nnukuta oba eddoboozi; ebigambo bye tebirinaayo bigambo bya muntu yenna bye bifaaanana. Era abantu bayinza okwogera nga bayita mu kugabana ku kwogera kwa Allah. Yunus Emre ekintu kino akyogerako bulungi bw'atyi:

*Ye ggwe amanyi ekinyusi ekiri mu bigambo
Jangu oyogere okuva mu Ye ekigambo kino kiyita muye?
Oyo atategeera mulamwa gwa kigambo kino,
Alowooza nti kiva mu nze!*

Allah Owoobuyinza ebiragiro bye ne by'agaana n'ebirala abiwa Bamalayika, Bannabbi, n'abantu, n'ebitonde byonna okutwalira awamu, nga biyita mu kitendo kye ekya Ekigambo Ekitukuvu. Ng'okutonda kwa Allah bwe kuyita mu kigambo "beera", okutonda, mu ngeri emu oba endala, kusinziira ku kitendo kya Allah kino. Okweyoleka okutono okw'ekitendo kino kuyinza okulabikira mu kusobola okwogera okwaweebwa abantu. Yunus Emre ku kino agamba nti:

*Ekigambo kiyinza okuyimiriza olutalo,
Ekigambo kiyinza okutemesaako omutwe gw'omuntu,
Ekigambo kiyinza okukyusa ssupu alimu obutwa
N'afuuka omubisi gw'enjuki n'omuzigo!*



Ebitabo byonna ebitukuvu ebyassibwa byayita mu kitendo kino eky'Ekigambo Ekitukuvu. Obubaka ebiseera ebimu bwassibwanga Malayika Jibuliilu, ate ebiseera ebirala ne bukka buteree, nga bukwe-keddwa emabega w'ekisiikiriza. Eno emu ku ngeri z'okufunamu obubaka okuva ewa Allah. Mu Kulaane mulimu ekigamba nti:

“Omuntu teyalina Allah kwogera naye okuggyako nga Bubaka, oba emabega w’ekisiikiriza, oba nga (Allah) atumye Omubaka okutuusa obubaka bw’ayagala, nga Allah akkirizza. Mazima ddala Allah Waawaggulu, Mugezi.” (Shuura, 42 : 51)

“... Ate ne Musa, Allah yayogera naye butereevu.” (Nisaa-i, 4 : 164)

Allah yayogera ne Musa butereevu awatali kukozesa lulimi wadde eddoboozi, naye ng’akozesa ekitendo kye ekya Ekigambo Ekitukuvu ekitaggwaawo. Abantu ensanvu abaawerekera ku Musa okubeerawo ng’okwogera kuno kugenda mu maaso ne Jibuliilu, tewali n’omu yawulira kwogera kuno nga kukolebwa wadde okuwulira muli okwogera Okutukuvu. Musa yazirika ng’afunye okukyusibwa mu mbeera asobole okutuukana n’embeera eyaliwo. Yawulira ng’ali bweru wa biseera n’ekifo nga tajjukira gye yali, mu nsi eno ne ku Lunaku lwenkomerero. Yeegomba nnyo okulaba Allah, naye Allah n’amugamba nti: “Tolisobola kundaba!”

Wabula, Musa bwe yakalambira ng’ayagala okulaba Allah ng’ali mu mbeera y’okuzirika, yagambibwa atunule ku lusozi era ng’olusozi bwe lwandisigaddeewo nga telubetentese naye yandisobodde okulaba Allah. Okusinziira ku bye banyumya, ekimyanso ekyamaanyi kyajja ku lusozi nga kiri emabega w’ebibikka ebingi, olwo olusozi ne lwabika, Musa n’azirika. Bwe yadda engulu yasaba okusaasirwa, ng’awulira yali agenze wala nnyo (n’abuuka ensalo). Singa Musa teyazirikirawo, naye yandisaanyeewo mu ngeri olusozi gye lwasaanawo.

Ku ludda olulala, Malayika Jibuliilu, omu ku bamalayika abakulu, yagamba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ebigambo bino mu kiro Nnabbi mwe yatindiggira olugendo olw’ebafaayo okugenda mu ggulu bombi bwe baatuuka ku muti oguli mu ggulu ery’omusanvu:

“Nnabbi! Nze nzikirizibwa kukoma wano. Okuva wano okweyonge-rayo ojja kugenda wekka. Singa ntandulula ekigere kimu nja kwokebwa nsiriire ng’amanda!”

Nnabbi yekka ye yaweebwa omukisa okweyongerayo era n’aweewba ekitiibwa ky’okulinnya mu ggulu. Mu kiro ky’okulinnya mu ggulu, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe), Kabaka w’ebitonde,

yaweebwa ekitiibwa ky'okutuukirira n'okwogera mu ngeri gye tutasobola kufumiitiriza.

Engeri ekitendo ky'Ekigambo Ekitukuvu bwe kitalina kwegatta kwonna na bigambo birala, kiba tekirina bukendeevu bwonna. Ekigambo Ekitukuvu ekkyo ekituddira mu nsi, mu butuufu, ssemayanja ezitakoma mu makulu gaakyo. Kino mu Kulaane kyogerwako bwe kityi:

“Gamba nti, ‘Singa ennyanja yali bwino ow’okuwandiika ebigambo bya Katonda wange, ennyanja yandikalidde ng’ebigambo bya Katonda wange tebinnaba kuggwaayo ne bwe twandireese ennyanja endala eyambeko.” (Kahf, 18 : 109)

“Singa emiti gyonna egiri mu nsi nga gyali kalaamu ng’ennyanja (bwino ow’okukozebwaa mu kuwandiika) ng’ennyanja endala musanvu zija oluvannyuma okuyambako (ku nnyanja eno), ebigambo bya Allah tebyandiweddeyo. Allah wa maanyi nnyo, Mugezi wa byonna.” (Luqman, 31 : 27)

Ebigambo byonna mu nsi eno biraga ekitendo kino Ekitukuvu. Bw’atyo Allah alina amannya amakulu agoogerebwa ennimi ezitalika. Allah yawa ebitonde bye byonna, nga mw’otwalidde n’ebyo ebirooozebwaa obutabeera na bulamu, n’olulimi okuva mu kitendo kye Ekitukuvu Eky’ekigambo. Mu Kulaane mulimu nti:

“Eggulu omusanvu n’ensi n’ebyo byonna ebibirimu bitendereza Allah, era teri kintu okuggyako nga kimutendereza lwa kuba nga temutegeera kutendereza kwabyo. Mazima ddala Ye Waakisa, Musonyiyi.” (Isra, 17 : 44)

Yunus Emre yayogera ku bikusike ebiri mu *aya eyo n’agamba nti*:

Emigga gy’omu ggulu

Gikulukuta nga bwe giyimba ebigambo Allah, Allah

Ennyonyi ennyonza ez’Obusiraamu

Ziyimba nga bwe zoogera ebigambo Allah, Allah

Amatabi g’omuti gwa Tuba geewuuba

Nga gasoma Kulaane n’ennimi zaagwo

Ebimuli bya looza eby’omu ggulu

Biwunya akawoowo nga bwe byogera ebigambo Allah, Allah.

OKUTONDA (ENTANDIKWA): Ekyo kye kitendo Allah ky'akoze-sa okutonda, era nga kitegeeza okutonda okuva mu butaliwo; era ekitendo kino kya Allah Yekka. Ensi ezitabalika zonna ye yositonda. Era n'ebitendo ebya Allah ebirala nabyo bizingiddwa mu kitendo ky'okutonda.

Mu Kulaane mulimu nti:

“Oyo eyatonda buli kintu kye yatonda nga kirungi, era yatandika okutonda omuntu (nga tamujja mu kintu kirala kyonna wabula) ng’amujja mu ttaka.” (Sajda, 32 : 7)

“Ye ye Oyo eyabatondera ebyo byonna ebiri mu nsi oluvannyuma n’adda ku kutonda eggulu n’azitereesa nga ziri ggulu musanvu. Era Ye ku buli kintu Mumanyi.” (Baqara, 2 : 29)

“Oyo ajja omuliro mu muti ogwa kiragala, olwo ne muba nga gwe mukoleeza.” (Yaasiin, 36 : 80)

“Tebalaba ebantu Allah bye yatonda: (butya) ebisiikirize byabwe bwe bidda ku ddyo ne ku kkono, nga bavunnamira Allah, era nga bakkakkamu.” (Nahli, 16 : 48)

Ekitendo ky'okutonda kyawukana ku bitendo ebirala ebya Allah. Allah amanyi ng’ayita mu kitendo ky’Okumanya. Ate mu kitendo ky’Amaanyi, akola ebantu oba n’abiggyawo. Ate mu kitendo ky’Okwagala asalawo okubeezaawo ebantu oba n’abiggyawo. Olwo ekitendo ky’Okutonda, ne kijja, nga mu kyo okutonda ebantu mwe kuyita.

Ebantu ebikusike mu nsi byekwese mu kitendo ky’Okutonda. N’olw’ekyo, buli kintu eky’okutondebwa kiwa obujulizi ku kubeerayo kwa Allah.



Okuwumbawumba, Allah amanyiddwa n’abaddu be nga bayita mu bitendo bye. Ebitendo ebyo byonna n’ebitendo ebirala tebibeerawo kati oba olulala naye bibeerawo ekiseera kyonna okubeerawo kwa byo teku-sinziira ku byetaago bya kiseera oba ekifo.

Tewali kitendo kya Allah ekirina ekyennyume. Okugeza bwe tugamba nti Allah Mulamu tekitegeeza nti waliwo ekitendo ky’okufa. Waali naye okubeerawo kwe tekulinaayo kubeera ng’ajja kutuuka ekiseera

aveewo. Alina Okumanya, naye tasobola kwogerwako ng'alimu obutamanya (oba okumanya kwe kuyinza okuvaako obutamanya ne bujja). Agaba ebyetaago naye talii mu kuba na byetaago. Ebitendo byonna ebirala nabyo bifaanana bwe bityo.

Ku ludda olulala, Allah talina biyungo ebituukana n'ebitendo ebyo byonna, era teri na kitendo ekyenkana empeke y'akalo ku bitendo bye ekisangibwa mu bantu. Bifaananyi bufaananyi eby'ebitendo bino bye bisangibwa mu bantu. Okugeza, okusobola kwaffe okwogera kiva mu katundu akazza ekimyaso (oba okulaga ekifaananyi) mu kitendo kya Allah eky'ekigambo. Bwe kityo obulamu bwa Allah tebulina we bufaaniranirako bulamu bwaffe. Okulaba kwe tekwefaaanaanyirizaako kulaba kwaffe.

Mu bufunze, ebiri mu bitendo bya Allah Ow'ekitiibwa byonna birina obutakoma n'obutaggwaawo. Era ebitendo bya Allah byonna tebikoma mu kusooka ne mu biseera eby'omu maaso. Teri kitendo kya Allah ekiriko ekkomo. Olw'ensonga eyo, Okumanya kwe, Amaanyi ge, Ekigambo, Okutonda, n'ebitendo bye ebirala byonna, tebirina kibifaanana kyonna era tebinnyonnyolwa. Bwe tudda ku byaffe tusanga nga biriko ekkomo era nga biriko n'ekiseera. Olw'ekyo, abantu abatasobola bulungi kumanya bibakwatako, tebasobola kumanya bikwata ku bitendo bya Allah nga bwe kyetaagisa. Nga bwe tutasobola kutegeera obwennyini bwa Allah mu ngeri y'emu tetusobola kutegeera bwennyini bwa bitendo bya Allah.

Ku ludda olulala, ekintu oba ekitendo ekisukkulumu tekigeraageranyizibwa na kitendo kya wansi oba okukiteekako. Okukakaatikako okwekika ekyo bwe kuba kukoleddwa kukolebwa kukakkanya kintu ekyo ekisinga. Okugeza, singa kkapa ogigeraageranyizza n'empologoma, okugeraageranya kuno (oba okubembeka) kulaga kkapa kubbeera ya maanyi okusinga kkapa zinnaayo mu maanyi. Naye empologoma bw'eba nga gye bageraageranyizza ku kkapa kino kiba kitegeeza mpologoma kubbeera ntiitiizi era na kubbeera nnafu na butaba na maanyi. Bwe kityo okugeeraageranya Allah n'ebitonde bye buba buzibe bwa maaso era kuba kuzza gwa nnaggomola. Mu ngeri y'emu, kubbeera kutyoboola okutaggya mu busukkulumu bwa Allah. Eyo ye nsongea lwaki ekikolwa eky'ekika ekyo kiyitibwa kugatta bintu birala ku Allah era akikoze n'ayitibwa Mushiriku (agatta ebintu ebirala ku Allah). Okugeza, Abashiriku bakola ensobi,

obutakkiriza bitendo bya Allah ebtalina nsalo, okugeza okuba nga awulira byonna era alaba byonna, ne babyenkanyankanya n'obusobozi bwabwe bwe balina mu kuwlira n'okulaba olwo n'enzikiriza zaabwe ku bikwata ku bitendo bya Allah ne bazifundiza mu mayinja agatalina kye gasobola nga bo bennyini be bagawa n'ebifaananyi bwe galina okubeera. Wabula abo abategeera amazima nti ebitendo byabwe eby'obuntu kantu katono nnyo ku kifaananyi ekiva mu bitendo bya Allah, bawangaalira mu kiseera eky'obutaba na bwe bali nga bayita mu kumanya kw'omwoyo era, nga bawulira essanyu ly'obukkiriza, ne bagamba nti:

“Teri aliwo (mu butuufu) okuggyako Allah.”

Mu magezi ne mu birowoozo balina okumanya nti “Katonda wange! Oli ky'oli!”

Mu ngeri eno, nga tebalina kubuusaabuusa kwonna wadde kukyama kwonna (oba kubula) era oluvannyuma lw'okubeera n'omutima omutuufu, batuuka eri Katonda waabwe era ne bafuna ekifo mu kitabo ky'abatukuvu.

Om uku Basuufi (dervish) yabuuza Baayaziid-i Bastami nti:

“Mukadde wange! Mannya ga Allah ki agasinga obukulu?”

Baayaziid-i Bastami yamuddamu bw'atyi:

“Mwana wange! Olowooza waliyo amannya ga Allah agatali makulu (amatono)? Tobeera muntu atalina buvunaanyizibwa; amannya ga Allah gonna makulu. Bw'oba oyagala okusaba kwo Allah akwanukule, lekera awo okwemalamu n'eb'y'okweyagala by'obulamu! Amannya ga Allah tegabeera mu mitima egitalina buvunaanyizibwa. Emitima egijjudde okumanya gye gyo Allah gy'abeeramu ng'ayita mu mannya ge amangi.”

II. OKUKKIRIZA BAMALAYIKA

Bamalayika bitonde ebirungi ebtalina mubiri. Eyo y'ensonga lwaki tetusobola kulaba malayika na maaso gaffe nga ziri mu mbeera yaazo entuufu nga bwe zifaanana. Wabula ate malayika bitonde ebirina obusobozi okulabikira mu ngeri endala esaanidde. Wabula malayika zakkirizi-bwa okulabibwa Bannabbi abalondemu abaamanyi nga ziri mu mbeera zaazo ezitali za mubiri. Obubumbwa bwazo tebwetaaga mmere, byaku-

nywa wadde okwebaka, engeri gye zaatondebwa nga ziweereza Allah okumala ebiseera byonna. Tezaaweebwa mwoyo (*nafs*). N'olw'ekyo embeera yaazo tekkiriza kugyemera Allah. Omuwendo gwa zimalayika munene nnyo tegubalika. Kigambibwa nti amatondo g'enkuba galeete-bwa bamalayika ate nga buli malayika kino ekikola omulundi gumu gwokka nga terina mukisa mulala kuddamu kutonnyesa ttondo okutuu-sa ku Lunaku lw'okulamula (Olunaku lw'enkomerero). Eyo y'ensonga lwaki amatondo g'enkuba oba obuweke bwa muzira tebitomeregana nga bitonnya bikka wansi.

Bamalayika balina emitendera okusinziira ku buvunaanyizibwa bwe balina obw'enjawulo. Mawulaana Jalaalu Ddiini Ruumi kino akyogerako bw'atyi:

"Buli malayika alina ekitiibwa oba eddaala nga byawukana ng'om-wezi ogubonese bwe gwawukana n'omwezi omulamba."

"Buli malayika alina omugabo okuva mu kitangaala ekitukuvu. Era baweebwa ekitangaala ekitukuvu okusinziira ku madaala gaabwe."

Waliwo bamalayika bana abakulu be tuyinza okugamba nti bali ku ddaala lya "Bannabbi" ba bamalayika. Bano be ba: Jibuliilu (Gabudyeri oba Gabriel), Mikaa'iilu (Michael), Izraa'iilu (Azrail) ne Israafilu.

Jibuliilu ye yaweebwa obuvunaanyizibwa bw'okuleetera Bannabbi obubaka. Mikaa'iilu y'alina obuvunaanyizibwa ku bintu eby'obutonde ebigwawo. Izraa'iilu y'avunaanyizibwa ku kukomya obulamu bwaffe (okuggyamu emyoyo gyaffe). Israafilu ye y'ajja okufuuwa enngombe mu kiseera ensi lw'egenda okuggawo ne ku Lunaku lw'okulamula.

Bamalayika, mu ngeri y'okwogera, balinga emyoyo gyaffe gye tulina. Nga bwe tutasobola kulaba myoyo gyaffe, mu ngeri y'emu tetusobola kulaba Bamalayika. Nga bwe tutayinza kuwakana nga tugamba nti tetulina myoyo, mu ngeri y'emu tetuyinza kuwakanya kubeerayo kwa Bamalayika. Bagamba nti okuwakanya okubeerayo kwa Bamalayika kibanga okuwakanya okubeerayo kwa Bannabbi kubanga malayika ye yajjululanga ebigambo ebitukuvu eby'amazima okubituuusa ku eri abantu. Bw'etyo Kulaane erabula bw'etyi abo abawakanya okubeerayo kwa Jibuliilu, Malayika evunaanyizibwa ku bubaka:

“Gamba nti: oyo yenna abeera omulabe wa Jibuliilu, (mazima ddala obubaka) abussa ku mutima gwo na kwagala kwa Allah, ng’aka-kasa ebyo ebyaliwo okusooka era nga kulunngamya na kuwa mawuli-re amalungi eri abakkiriza.” (Baqara, 2:97)

Nga bwe tumaze okukiraba, Bamalayika ng’oggyeko okukola obuwereesa obutukuvu eri Allah balina emirimu emirala gye bakola. Abamu bayamba abantu abali mu buzibu nga bakolera ku biragiro bya Allah. Bamalayika ab’ekika kino, okuyamba abakkiriza, baakukola emi-rundi mingi mu byafaayo by’Obusiraamu, era Basswahaba ba Nnabbi, abaalwana mu lutalo lw’e Badiri, kino baakiwaako obujulizi bwe batyi:

“Mu ssaawa eya kazigizigi, mu lutalo lw’e Badiri, twalaba abalabe nga bafa nga tebakooneddwako na bitala byaffe.”

Allah kino akyogerako mu Kulaane n’agamba nti:

“Jjukira Katonda wo bwe yatumira Bamalayika (obubaka obugamba nti) mazima ddala nze ndi wamu nammwe. Munyweeze abakkiriza. Nja kuteeka okutya mu mitima gy’abatakkiriza mubateme waggulu w’ensingi zaabwe era mubatemeko obusongezo bw’ennwe zaabwe.” (Anfaal, 8 : 12)

**“Singa mwasobola okulaba nga Bamalayika baggyamu emyoyo gy’abatakkiriza (nga bafa), nga bakuba mu byenyi byabwe n’emigo-
go gyabwe, (nga bwe bagamba nti) mukombe ku (bukaawu bw’e)
bibonerezo by’omuliro ogubuubuuka!”** (Anfaal, 8 : 50)

Bamalayika abamu beemalirira ku buvunaanyizibwa bwa kutukuu-ma. Bano bayitibwa Bamalayika abakuumi (Hafaza); Bamalayika abalala bo bawandiika buli kantu ke tukola. Bano babayita “abawandiisi ab’ebitiibwa (Kiraaman kaatibiina)”. Waliwo Bamalayika Mun’kar ne Nakiir abavunaanyizibwa ku kusoya omuntu ebibuuzo nga y’akafa. Waliwo ne Bamalayika ng’obuvunaanyizibwa bwabwe kusabira bantu Allah abaso-nyiwe era baleme kubula kuva ku kkubo ttuufu.

III. OKUKKIRIZA EBITABO BYA ALLAH

Okuva ku Adam (emirembe gibeere ku ye), omuntu eyasooka okutondebwaa era Nnabbi eyasooka okufuna obubaka, n’okweyongera mu maaso, Allah yaweereza by’ayagala bikolebwae ne by’atayagala ng’ayita



mu bubaka. Obubaka buno okusooka obwaberanga mu mpapula naye oluvannyma ne bubeera mu bitabo olw'okuba obwetaavu bw'okulung-gamizibwa bwali bwetyongedde olw'okwetyongera kw'abantu n'ebizibu. Waliwo ebitabo ebikulu bina ebitukuvu: Tawuraati (Torah), Zabbuli (Psalms), Enjiri (Gospel), ne Kulaane. Ye Adamu yaweebwa empapula kikumi (100), Seth n'aweebwa amakumi ataano (50); Diriisa (Idriis oba Enoch) n'aweebwa amakumi asatu (30); ate ye Bulayimu (Ibrahim) n'aweebwa empapula kkumi (10). Nga tuzze ku bitabo ebikulu, Tawuraati yaweebwa Musa, Zabbuli n'eweebwa Daudi; Enjiri n'eweebwa Yisa (Yesu), Kulaane n'eweebwa Muhammadi (Allah asse ku ye okusaa-sira n'emirembe) Kabaka w'ensi eno yonna.

Ebitabo ebitukuvu biringa amabaluwa okuva ewa Allah ng'agawee-reza abaddu be. Bikola ku ngeri abantu gye bateekeddwa okumala obulamu bwabwe era ne biwa obujjanjabi obutuusa omuntu eri essanyu ery'olubeerera. Ebitabo bye bitulaga ekitendo kya Allah ekyaliwo okuva edda n'edda nga kye ky'okwogera eri ensi era n'okutegeera abantu. N'olw'ekyo ebitabo ebitukuvu era bituleetera eky'amagero mu bigambo n'obubaka ebibirimu.

Kulaane nga kye kitabo ekitukuvu ekyakomererayo yasangulawo ebitabo byonna ebyasooka. Kino kyalii kityo olw'ensonga bbiri. Esooka, ekiseera kiwanvu nga Kulaane tennaba kussibwa, ebitabo ebitukuvu byali byakyusibwa okuva mu ngeri gye byalimu oba nga byabula oba nga byayonoonebwa oba enyiriri zaabyo nga zaayonoonebwa oba okukwekebwa.

Ensonga ey'okubiri, ebyetaago by'omuntu ebyakyuka byali byetaaga obubaka obujjudde obw'enkomerero nga bupya. Awamu n'ekyo, obubaka obwasooka, era emiramwa emikulu egypt'empapula n'ebitabo, nga bikwata ku misingi emikulu egypt'obukkiriza, bwasigala nga bwe bumu. Omutontomi kino akissa bulungi nnyo mu bigambo bye:

Amakulu agali mu bitabo ebina gali nti: '*Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah*'.

Allah agamba mu Kulaane nti:

**"Na buli bantu twabawa enkola yaabwe (ey'emirimo gy'eddiini)
gye bagoberera kale tebakuwakanyanga mu kintu kino, wabula**

koowoola (abantu okudda) eri ekkubo lya Katonda wo. Mazima ddala ggwe oli ku bulunngamu obutereevu.” (Hajj, 22 : 67)

Ekintu ekyawula eddiini ezaava ewa Katonda (mu ggulu) kwe kubbeera nga, awatali kubuuusabuusa, zonna zeesigamiziddwa ku bubaka okuva ewa Allah. Wabula we twogerera ng’ekintu kino kyasigala na Busiraamu bwokka engeri ebitabo by’eddiini endala ezaakulembera Obusiraamu bwe byayingiramu ensobi z’obuntu mu ngeri gye byakuumibwamu n’engeri amakulu gaabyo gye gaayingizibwamu ebintu ebirala, n’engeri amakulu amatuufu agasooka gye gaakyusibwamu. Kyo ekituufu kiri nti Obusiraamu bwajja ng’ensonga enkulu yali ya kuba ng’eddiini endala zaali zikyusiddwa. Mu kiseera kye kimu, Kulaane, ng’obubaka obwakomererayo, ekunngaanya emiramwa gyonna egyasooka era nga bwe butuukirivu n’obujjuvu obw’ebyo obuntu bye bwetaaga okufuna eddembe n’essanyu wano ku nsi ne ku Lunaku lw’enkomerero. Okuva lwe buli obubaka obusembayo, Kulaane eri wansi w’obukuumi n’obuyinza bwa Allah. Kulaane ekirambika bulungi era n’esoomooza nti tekigen-da kubaawo yo okukyusibwa oba okuwanyisibwa n’egamba nti:

“Bwe mubaamu okubuuusabuusa kw’ebyo bye twassa mu biseera eby’enjawulo ku muddu waffe, kale muleeteeyo essuula emu bw’etyiefaanana Kulaane era muyite abajulizi (oba abayambi) bammwe babayambe, atali Allah, bwe muba ddala nga mwogera mazima.”

(Baqara, 2 : 23)

Nga *aya* eno bw’ekyogera, Kulaane ebaddewo nga tekyusibwa okumala ebyasa n’ebyasa. Erimu emisingi egirunngamya era ne gitutuusa eri okwesiima nga gye gino:

1. *Emisingi gy’obukkiriza n’emirimo emirungi.*
2. *Engeri y’obulamu bw’omuntu:* Emitendera gy’okutonda; okuaalibwa, okuwangaala ne ku nkomerero okufa. Era n’embeera y’omuntu: ebisikiriza omwoyo ebitali bya buvunaanyizibwa; ebisikiriza omwoyo gw’omuntu ebituukiride; wamu n’amakubo agayitibwamu okutukuza omwoyo okuva mu kwekuza.
3. *Entambula y’ensi ey’ekywuuunyo:* Emiko gy’eggulu omusantu; enjuba, omwezi, emmunyenye, ebintu eby’obutonde ebigawo,

enkuba, okukyuka kw'ekiro n'emisana, ebitonde ebiri wakati w'eggulu n'ensi n'obubumbwa bwabyo.

4. *Amawulire agakwata ku byafaayo n'ebintu eby'edda:* Ebirungi n'ebibi ebikwata ku mawanga ag'enjawulo ku nsi ne ku Lunaku lw'enkomerero; okwesasuza okutukuvu; eby'okuyiga okuva ku babaka n'abantu baabwe, n'eb'y'okuyiga okuva mu mirembe egyayita.
5. Ennyanja y'okujjukira, okufumiitiriza n'okutendereza ebiviira ddala ku ntandikwa nga tennaba okutuusiza ddala ku biseera ebyo mu maaso ebitaggwaawo.

IV. OKUKKIRIZA ABABAKA

Ababaka be balunngamya abatuusa abantu eri okuvumbula, okunoonya n'okusigala mu kkubo eggolokofu.

Abantu nga bwe basobola okukyama okuva mu kkubo eggolokofu, Allah y'abakuma obuteeyongera kubuuzaabuzibwa n'abatumira Bannabbi; bw'atylo Allah, ng'ayita mu bitabo ebitukuvu ne Bannabbi, bwe yategeeza abantu ebikwata ku buvunaanyizibwa bwabwe ne bye batatee-keddwa kukola era n'abafuula abavunaanyizibwa ku bye baba bakoze; era omukisa guno n'aguwa buli mutu.

Kulaane egamba nti:

“Era mazima ddala mu buli bantu (ba kibiina) twatumamu Omubaka (abagambe) nti ‘Musinze Allah era mwewale okugoberera ebintu ebikyamu...” (Nahli, 16 : 36)

Ekigendererwa ky'eddiini kwe kuyamba abantu okuggyawo oba okukendeesa ebisikiriza ebikyamu eby'omwoyo, n'okuyamba mu kwon-gera amaanyi mu bisikiriza by'omwoyo ebirungi. Wabula okusobola kino okukituukiriza, abantu beetaaga “ekifaananyi ekituukiridde”. Eno y'emu ku nsongwa Iwaki Allah yatuma Bannabbi eri obuntu, okubeera eby'okulabirako ebituukiridde eri abantu.

Allah agamba mu Kulaane ku nsongwa eno nti:

“Tewali mubaka gwe twatuma okuggyako (n’ekigendererwa kimu) abeere ng’agonderwa, okusinziira ku kwagala kwa Allah...”

(Nisa-i, 4:64)

Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ye ntikko y’obutuukirivu. Era eyo ye nsonga lwaki Allah agamba mu Kulaane nti:

“Mazima ddala mulina mu Mubaka wa Allah eky’okulabirako ekirungi eri oyo oba asuubira okusisinkana Allah n’Olunaku lw’enko-merero, n’atendereza nnyo Allah.” (Ahzaab, 33 : 21)

Olw’ensonga eyo, buli muntu alina obuvunaanyizibwa okukkiriza Allah n’okubeera omuddu omulungi. Wadde nga Allah yalagaanyisa Bannabbi okuyingira Ejjana ku Lunaku lw’enkomerero, naye nabo, baaweebwa obuvunaanyizibwa okutuukiriza omulimu gw’obwannabbi ogwabatumwa. Kino kyogerwako mu Kulaane bwe kiti:

“Tujja kbuuliza ddala abo betwaweereza obubaka era tujja kbuuliza ddala abo abaabuwebwa okubutuusa.” (A’araaf, 7 : 6)

Olw’okuba nga Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yali amanyi bulungi obuvunaanyizibwa buno ng’era muli abuwulira, yabuuza Basswahaba be abaali basukka mu mitwalo ekkumi mu kbuulira kwe okwasembayo (Okbuulira Okw’okusiibula) nga tan-nafa nti:

“Abange abantu! Mujja kbuuzibwa ebinkwatako enky; munaddamu mutya?” Basswahaba baddiramu wamu nti:

“Otuukirizza omulimu ogwakuweebwa ogw’okutuusa obubaka okuva eri Allah. Otuwadde amagezi era n’otubuulira!”

Nnabbi, ekitangaala ky’okubeerawo, ng’awulidde ebigambo bino, yagamba nti “Basswahaba bange!

Abaffe ntusizza obubaka?

Abaffe ntusizza obubaka?

Abaffe ntusizza obubaka?”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) obujulizi bwa Basswahaba yayagala okubukakasiza ddala ng’abuuzizza ekibuuzo kye



kimu emirundi esatu. Oluvannyuma yasaba Allah akakase obujulizi buno nti:

“Katonda wange! Nkusaba obeere omujulizi!

“Katonda wange! Nkusaba obeere omujulizi!

“Katonda wange! Nkusaba obeere omujulizi.” (Bukhari, Ilm, 37)

Okuva buli kibiina kya bantu bwe baakitumira Nnabbi, omuwendo gwa Bannabbi munene nnyo. Kulaane egamba nti:

“Mulimu abo (Bannabbi) be twakubuulira emboozi ezibakwatako; ate ne wabeerawo abo be tutakubuulira bibakwatako...” (Nisaa-i, 4 : 164)

Okusinziira ku njogera ezimu omuwendo gwa Bannabbi guwerera ddala emitwalo kkumi n'ebiri mu enkumi nnya (124,000). Kulaane eyogerako amannya ga Bannabbi amakumi abiri mu bataano abasinga obututumfu. Abamu ku bano baaweebwa amateeka amapya naye ng'abalala bangi baagendanga mu maaso n'amateeka ga Bannabbi abaabasookanga.

Bannabbi baaweebwa obuvunaanyizibwa obw'engeri zino essatu wammanga:

1. Okusomera abantu baabwe *aya za Allah*
2. Okukulembra abantu okutukuza emyoyo gyabwe
3. Okusoma Ebitabo Ebitukuvu ebyassibwa Katonda n'okuyiga ensonga wamu n'amagezi basobole okukulembra abantu baabwe okubatuusa eri ekkubo eggolokofu.

Okubeerayo kwa Bannabbi kukulu nnyo ku kubeera kwaffe obulungi. Balina eby'okulabirako bingi ebirungi mu buwangwa bwabwe nga byonna biri mu mubiri gumu; era mu ngeri ey'okukwatagana obulungi bakulembra emyoyo gy'abantu okugituusa eri Katonda waabwe.

Baagunjulwa era ne balondebwu Allah, era bwe batyo ne baba nti balina ebitendo eby'enjawulo Allah bye yabawa. Ebitendo bino bye bino wammanga:

Okwogera amazima: Bannabbi bulijo bakuumma butiribiri ekitendo ky'okubeera abantu abalungi. Ebikolwa byabwe bituukana bulungi n'ebigambo byabwe. Tebasobola kulimba n'akatono era amazima gaabwe

gaakakasibwa n'abo abataabakkiririzaamu. Wano ka tunokoleyebitono ku bifaananyi ebiyitirivu ebiraga ekitone kyabwe eky'obwesimbu.

Heraclius, Kabaka we Byzantium, olw'okwagala okumanya ebifa ku Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) alina bye yabuuza Abu Sufyaane, mu kiseera ekyo nga yali tannaba kusiramuka. Ekimu ku bibuuzo bye yamubuuza kyali kino:

Heraclius : Yali yeekyusizzaako n'ava ku kigambo kye?

Newankubadde Abu Sufyaane yawakanya nnyo Nnabbi naye yadamu nga talonzalonzessa nti:

Abu Sufyaane: Nedda! Bulijjo anywerera ku ky'aba ayogedde!

Ye Ubayy bin Khalaf yali mulabe wa Busiraamu ow'olulango era yali wa mutawaana ennyo. Nga Nnabbi tannasenguka, Ubayyi ono yali yamutiisatiisa okumutta ng'amugamba bw'atyi:

“Nina ensolo ey'amaanyi gye nnunda, era ng'olunaku lumu njia kugyebagala nkutte nga ndi ku nsolo eyo.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yamuddangamu nti:

“Allah bw'aliba ayagadde nngenda kukutta!”

Olutalo lw'e Uhudi bwe lwali lugenda mu maaso Ubayy bin Khalaf yatandika okunoonya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) nga bwagamba nti:

“Bwe sisobola kumufuna olwaleero ngenda kutuuka ku kizibu!”

Bwe yagwa ku Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'amuseemberera, Basswahaba baayagala okumugajambula (okumuggyako omutwe), kyokka Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) y'abayita n'abagamba nti:

“Mumuwe ekyanya ajje gyendi!”

Bwe yasembera okumpi, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kuggya effumu mu ngalo za sswahaba omu n'alikasukira Ubayyi bin Khalaf. Effumu lyayita ku nsingo ya Ubayyi naye wadde nga lyamunuubulako katono ekyo kyali kimala okuwanula Ubayy ku mba-

laasi kwe yali. Yatya nnyo kwe kudduka amangu n'addayo mu balwanyi be nga bw'aleekaana nti:

“Ndayira nti Muhammadi anzise!”

Bamusinzabifaananyi abaaliwo baatunula ku kiwundu kye yali afune ne bamugamba nti: “Naye wano bakunuubuddeko buntuubuzi!”

Wabula kino tekyakkakkanya Ubayy era wano kwe kugamba nti:

“Nga tuli e Makka, Muhammadi yanngamba nti, ‘Tewali kubuusa-buusa nja kukutta nga Katonda asazeewo!’ Ndayira nti nja kufa ne bw'aba ampandulidde buwandulizi malusu!”

Ubayy yabeera awo ng'asinda, Abu Sufyaane kwe kumuwooyawooya alekere awo okusinda nga bw'amugamba nti: “Toteekeddwa kusinda olw'olubale obubale olutono nga luno.”

Wabula Ubayy yamuddamu bw'atyi: “Ggwe omanyi antuusizaako olubale luno? Muhammadi y'aluntuusizzaako! Naye ndayira Llaata ne Uzza, singa olubale luno lubadde lwa kwawuzibwamu mu abantu b'e Hijaazi bonna bandizikiridde. Muhammadi yanngamba nga tuli e Makka nti, ‘Awatali kubuusabuusa nja kukutta nga Katonda asazeewo!’ Awo ne mmatira nti ajja kunzita. Okuva lwe yakyogera era wa kunzita ne bwe yandimpandulidde buwandulizi malusu obulusu.”

Gye byaggweera nga Ubayy, eyali omulabe asooka owa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), afudde eggulo limu ery'olu-naku lwe baateekateeka okudda e Makka.

Kino kya kuyiga kikulu nnyo. Ne Musinzabibumbe ow'olulango eyali amanyi ennyo Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) obulungi, yakkiriza amaanyi g'ekigambo kye.

Obwesigwa. Bannabbi be bantu abasinga obwesigwa mu nsi. N'abo abatali bakkiriza kino bakiwaako obujulizi era ekigambo kya Bannabbi baki-twala nga kikulu. Bwe batyo okutuusa ne Bamusinzabibumbe baatwalanga Nnabbi ng'asaanira okwesigika ne bamuyitanga “Omwesigwa” era ne bamuteresa ebintu byabwe eby'omuwendo nga bamwesiga n'okusinga ab'enganda zaabwe. Obwesigwa buno bwatuuka wala nga ne Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) we yatuukira okusenguka okugenda e Madiina yali alina eby'omuwendo by'aterekedde Bamusinzabifaananyi.

Wadde nga yali adduka kutaasa bulamu bwe obwali mu matigga, yasaba Ali, muganda we (omwana wa taata we omuto), okusigala e Makka azzeeyo ebintu by'abantu bye baali baamuteresa.

Amagezi n'okutegeera: Bannabbi baawukana ku bantu abalala mu kutegeera n'okumanya. Balina amagezi ga njawulo. Basalawo bulungi era nga bamanyi okusikiriza. Ebitone bino birabikira mu ngeri za njawulo mu Bannabbi era obulamu bwa Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bujjudde ebifaananyi bingi ebiraga ekitendo kino.

Ng'obubaka tebunakka, abantu b'ebika by'omu Makka eby'enjawulo baasalawo okuddaabiriza Ka'aba. Naye bwe baatuuka okuzza Ejinja Eriddugavu mu kifo we lyali lirina okubeera, waabalukawo obutakkaanya nga buva ku ani eyali ow'okufuna enkizo n'ekitiibwa okuzzaayo Ejinja Eriddugavu ery'emikisa ku emu ku nsonda za Ka'aba. Ekintu kino kya-genda wala era nga baali babulako katono okulwana ekyandiresewo olatalo ddekabusa wakati w'ebika olwanditwazizzaako akaseera. Ng'embeera eyoonoonese, waliwo omuntu omu eyaleeta ekirowoozo bw'atyi:

“Temulwana! Okuva ensonga eno lw'etulemye okugonjoola tuleke omuntu anaasooka okuyingira ng'ayita mu mulyango ogwo atusalirewo eky'okukola!”

Bakkiriziganya ku kirowoozo ekkyo era ne balinda omuntu ayingire. Wabula omuntu olwayingira baabugaana essanyu kubanga yali Muhammadi “Omwesigwa”.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe baamuyitiramu ekyali kibakaayanya yalonda omuntu omu omu akiikirire ekika kye. Oluvannyuma yaggyako essuuka n'agyalirira ku ttaka n'abasaba bateeke Ejinja Eriddugavu ku ssuuka era buli akiikira ekika kye afune ensonda gy'akwatako ku suuka. Bwe kityo buli kika bwe kyasobola okufuna ekitiibwa ky'okusitula ku Jjinja Eriddugavu. Oluvannyuma ye yennyini yasitula ejinja eriddugavu n'aliteeka mu kifo we lyali lirina okugenda nga bo baliwaniridde ku suuka. Bw'atyo bwe yasobola okulaga ekifaanayi ekirungi mu kulengera ewala n'amagezi era n'asobola (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) okutaasa abantu olatalo zzisabyalo olwali lwengedde.

Ku ludda olulala, amagezi Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ge yayolesa mu kulwanirira Obusiraamu n'okulengera ewala mu ntalo, naddala olw'e Hudaybiyya, olutalo lw'okununula Makka n'olutalo lwe Hunayni, ne mu ngeri gye yakwatamu abantu b'e Twaifa n'obwenkanya bwe yalaga, ebyo byonna bya kika kya waggulu era biri wala n'abusobozi bw'omuntu owa bulijjo.

Engeri y'okutegezaamu abantu: Bannabbi batuusa ebiragiro ebitukuvu ku bantu nga bwe baba balagiddwa. Kino bakikola nga tebon geddeemu wadde okukendezaamu.

Obutaba na mazambi (obutukuvu): Bannabbi bakuumibwa obutakola bugyemu bwonna wadde ekyonoono. Wabula engeri gye batee-keddwa okumanya nti nabo bitonde ebirinamu obunafu era olw'obuteetwala nga bakatonda ebiseera ebimu bakolayo ensobi entonotono. Waliwo ensonga endala eri mu kintu kino. Singa Bannabbi baali tebasobola kukola nsobi yonna, abantu bandifunye eky'okwekwasa mu mitwe gyabwe obutasobola kugoberera byakulabirako byabwe nga balowooza nti eky'okugoberera ebyo bye baalagirwa okukola n'okuleka ebyabagaanibwa tebasobola kukikola kubanga kyetaagisa bantu ba njawulo. Bwe kityo Bannabbi tebateekeddwa kulowoozebwako ng'abava mu lulyo lwa Bamalayika era kino Kulaane ekyogerako mu *aya eno ey'ekitiibwa* nti:

“Gamba nti singa mu nsi mwalimu Bamalayika nga be batambu-liramu nga bali mu mirembe, twandibatumidde Malayika nga muba-ka okuva mu ggulu.” (Isra, 17 : 95)

Ng'oggyeko ebitendo ebitaano ebya Bannabbi bona, Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) alina ebitendo ebirala bisatu (ebyeyongerako) era bye bino wammanga:

1. Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ye Mwagalwa wa Allah, era alina enkizo ku bantu abalala bona. Y'asinga okussibwamu ekitiibwa mu bitonde byonna. Najiibu Fadhil Kisakurek, Omutontomi Omutuluuki, ayogera ku Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ng'akoze-sa ebigambo bino:

*Akawoowo ko kaasengejjebwa dda mu biseera ebitajjukirwa.
Oli mubisi gwa njuki, okubeerawo kwo ky'ekintu enjuki mwe
zitereka omubisi*

2. Nnabbi Muhammad (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yatumibwa eri abantu bona n'amajinni. Kino kitegeesa nti ye Nnabbi w'ebizito ebibiri. N'eddiini gye yaleeta ya kubeerawo okutuusa ensi lw'eriggwaawo. Bannabbi abalala baatumibwanga eri abantu ab'enjawulo era nga balina ekkomo ku biseera bye baatumibwamu. N'olw'ekyo, wadde ng'ebiyamagro bya bannabbi bona byali bituukagana na biseera byabwe mwe baatumibwawa, ebyamagero bya Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) tebirinaako kkomodo lya kiseera. Mu byo Kulaane kye kyamagero ekisinga obukulu ekijja okusigalawo okutuusa enkomerero y'ensi.
3. Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ye Nnabbi wa Allah eyasembayo. Wabula bwe tutunuulira eki-gambo Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kye yagamba nti: "Nnabeera Nnabbi nga Adamu ali wakati wa mazzi n'ettaka", olwo Nnabbi abeera nga ye 'yasooka' bw'otunuulira okutondebwa, okuva lwe yatondebwa okubeera Nnabbi w'ensi ebbiri ey'abantu n'ey'amajinni.

Ng'oggyeeko ebitendo bino byonna, Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yaweebwa ekifo ekya waggulu ekya "Maqaam Mahmuud" n'Okuwolereza Okunene. Olw'ensonga eyo Nnabbi ow'ekisa ajja kusaba Allah asonyiwe ebyonoono by'abantu b'ekibiina kye (*Ummah*) ku Lunaku lw'okulamula era okuwolereza kwe kujja kuk-kirizibwa. Ebigambo bya Kulaane bigamba bwe bityi:

**"Singa abo awo we baalyazamaanyiza emyoyo gyabwe nga bajja
gy'oli ne beegayirira Allah abasonryiwe, ne basaba ne Omubaka abee-
gayirireko, bandisanze Allah nga Musonyiyi Omusaasizi"** (Nisaa-i, 4 : 64)

Ebigambo ebyo (ebya Kulaane) biraga nga okuwolereza kwa Nnabbi Muhammadi bwe kugenda okubeera okukulu era okw'omugaso ku Lunaku lw'okulamula.

Ebigambo bino wammanga ebikwata ku Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) nabyo bituusa amawulire amalungi eri emitima gyaffe.

“Ku Lunaku lw’okulamula, abantu bajja kugenda ewa Adamu bamusabe abeegayirireko Allah abasonyiwe nga bwe bagamba nti: “Twe-gayiririreko Allah atusonyiwe!”

Adamu ajja kubaddamu nti:

“Ssi nze ndi mu kifo ekyo; kyandibadde kirungi ne mugendako ewa Bulayimu! Oyo ye mukwano gwa Allah...”

Bwe baligenda ewa Bulayimu agenda kubagamba bw’atyi:

“Nze ssiri mu kifo ekyo; naye mugezeeko Musa! Oyo ye yayogera ne Allah...”

Bajja kugenda ewa Musa naye ajja okubagamba bw’atyi:

“Ssi nze ali mu kifo ekyo, naye mugezeeko Yisa! Oyo ye mwoyo ogwava ewa Allah era yava mu kigambo kye....”

Bwe balituuka ewa Yisa ajja kubagamba bw’atyi:

“Ssi nze ali mu kifo ekyo naye mugende ewa Muhammadi!”

Bajja kujja ewange mbagambe nti “Kituufu, nze ndi mu kifo ekyo.”

Oluvannyuma nja kusaba okukkirizibwa okuyingira mu maaso ga Allah era nja kukkirizibwa. Oluvannyuma nja kufuna obubaka obunjigiriza ebigambo by’okutendereza bye ssimanyi kati. Nja kukozesa ebigambo bino okutendereza Allah era nvunname. Nga ndi mu mbeera eno nja kugambibwa bwe ntyi:

“Muhammad! Situla omutwe gwo! Yogera kati, ebigambo byo bijja kuwulirwa! Saba kati; okusaba kwo kujja kwanukulwa! Wolerezza abantu; okuwolerezza kwo kujja kukkirizibwa!”

Oluvannyuma nja kugamba bwe nti: “Katonda wange! Njagala abantu b’ekibiina kyange; njagala abantu b’ekibiina kyange!”

Allah agenda kugamba nti:

“Muhammadi! Jangu otwale buli muntu alina obukkiriza obwenkana empeke y’akalo omujje mu Muliro.”

Nja kuvaayo nkole nga bwe nngambiddwa. Oluvannyuma nja kukomawo okwebaza Allah nga nkozesu ebiambo by'okutendereza nga bwe mba nasoose okukola. Nja kuddamu nvunname omulundi omulala. Allah ajja kuddamu agambe nti:

“Muhammad! Situla omutwe gwo! Yogera kati, ebiambo byo bija kuwulirwa! Saba kati; okusaba kwo kujja kwanukulwa! Wolereza abantu; okuwolereza kuno kujja kukkirizibwa!”

Nja kuddamu njogere nti:

“Katonda wange! Njagala abantu bange; njagala abantu bange!”

Allah ajja kugamba nti:

“Muhammadi! Jangu otwale buli muntu alina obukkiriza obwenkana empeke y'akalo omujje mu Muliro.”

Nja kuvaayo nkole nga bwe nngambiddwa. Oluvannyuma nja kukomawo okwebaza Allah nga nkozesu ebiambo by'okutendereza nga bwe ndiba nasoose okukola. Nja kuddamu nvunname omulundi omulala. Allah ajja kuddamu agambe nti:

“Muhammad! Situla omutwe gwo! Yogera kati, ebiambo byo bija kuwulirwa! Saba kati; okusaba kwo kujja kwanukulwa! Wolereza abantu; okuwolereza kwo kujja kukkirizibwa!”

Nja kuddamu njogere nti:

“Katonda wange! Njagala abantu b'ekibiina kyange; njagala abantu b'ekibiina kyange!”

Allah ajja kugamba nti:

“Jangu otwale buli muntu alina obukkiriza obutono n'okusinga empeke y'akalo omujje mu Muliro.”

Nja kuvaayo nkole nga bwe nngambiddwa. Oluvannyuma nja kukomawo okwebaza Allah nga nkozesu ebiambo by'okutendereza nga bwe ndiba nasoose okukola. Nja kuddamu nvunname omulundi omulala. Allah ajja kuddamu agambe nti:



“Muhammad! Situla omutwe gwo! Yogera kati ebigambo byo bijja kuwulirwa! Saba kati; okusaba kwo kujja kwanukulwa! Sabira abantu okusonyiyibwa; okuwolereza kwo kujja kukkirizibwa!”

Mu kiseera kino nja kugamba nti:

“Katonda wange! Nsaba olukusa lwo luzingiremu buli muntu eyagamba nti, ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’.”

Allah ajja kugamba nti:

“Ndayira Ekitiibwa kyange n’Obunene bwange, nja kujja mu Muliro buli muntu eyagamba nti: ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’.” (Bukhari, Tawuhiidi, 36)



Mu bimpimpi, Bannabbi balina ebitendo ebisukkulumu ebitasobola kuyitibwako era baafuuka abalunngamya eri abantu, era abantu baabwe baalagirwa okubakkirizaamu n’okubagoberera. Allah Owaawaggulu alagira Abakkiriza nti:

“**Mugambe nti: ‘Tukkiriza Allah, n’obubaka obwo obwassibwa gye tuli, n’obubaka obwo obwassibwa eri Bulayimu ne Ismaaila, ne Is’haaka ne Yakubu n’Ebika (abazzukulu b’abaana ba Yakubu), n’obubaka obwaweebwa Musa ne Yisa n’obwo obwaweebwa Bannabbi okuva eri Katonda waabwe. Tetwawulamu n’omu ku bo era nga ffe twewaddeyo gy’ali (nga tuli Basiraamu).**” (Baqara, 2 : 136).

“**Abo be bo Allah be yalunngamya; goberera okulunngama kwbwe (kwe baafuna).**” (An’aam, 6 : 90).

Abo abagondera ekiragiro ekitukuvu kino bafuna essanyu n’okwesiima mu nsi ne ku Lunaku lw’enkomerero era bafuna ekifo eky’ekitiibwa mu nsi zombi. Allah agamba nti:

“**Abo bona abagondera Allah ne Omubaka we abo be bagenda okubeera awamu n’abo Allah be yagabira ebyengera mu Bannabbi, n’abo abakkiriza amazima, n’abajulizi (abaafiira mu ntalo z’eddiini) n’abalongoofu, era abo be basinga obulungi okubeera nabo.**” (Nisaa-i, 4 : 69).

So ng'abo abagyemera ebiragiro ebitukuvu be bo abagenda okubee-ra mu kufaafaaganirwa mu nsi zombi:

“Kale mutambule mu nsi, mulabe enkomerero y’abo abaawaka-nya amazima!” (Nisaa-i, 16 : 36)

“Oyo yenna agaana okukkiriza (okubeerawo kwa) Allah, ne Bamalayika be, n’Ababaka be, n’Olunaku lw’enkomerero, aba abuze olubula olutagambika.” (Nisaa-i, 4 : 136)

Mu biseera ebyayita, abantu abatafaayo abeemalangamu n’ebi’okweyagala by’ensi eby’ekiseera, mu buli kiseera na mu buli mulembe, baabula okuva ku kkubo lya Bannabbi erijjudde ekitangaala, Bannabbi ba Allah lye baabalagiriranga era ne bazikirira. Baasobola n’okubuza abantu baabwe be baatuusa n’okuzikirira. Mu bujega, ebintu ebtaliimu eby’ensi eno byabamalamu ne bafuuka ekitagasa. Baasalawo okweyisa ng’ensolo olw’obutamanya byama na nsonga eziri emabega w’ebitonde okutondebwa, bwe batyo ne bazikirizibwa bwe basisinkana obusungu bwa Allah.

Mu Kulaane mulimu nti:

“Emirembe emeka gye twazikiriza nga tebannajja? Abaffe osoba-la okubaako ne gw’ofuna ku bo oba osobola okuwulira akukuba akaa-ma?” (Mariyamu, 19 : 98)

“Abaffe tebaatambula mu nsi ne balaba enkomerero y’abo abaa-basookawo? Baali babasinga amaanyi era baalima ensi ne bagiyin-giwaza mu muwendo gw’ebintu okusinga bano bwe bakoze, ababaka baabwe ne babaggyira n’obunnyonnyofu Allah teyabalyazamaanya naye bo bennyini be beeryazaamanyanga.” (Ruum, 30 : 9)

Allah ayogera ku bantu abo abagayaavu abaleméra ku bukaafiiri ng’akozesa obubonero obutukuvu n’okulabula ebingi ennyo, n’agamba bw’ati:

“... Kale okwesamba kuli eri abantu abo abatakkiriza!” (Mu’miu-na, 23 : 44)

Mu bufunze, ababaka bonna bantu ba bitiibwa abaalunngamya obuntu nga bali ku musingi gwa tawuhidi (obumu bwa Allah). Okuwa-kanya omu ku bano, ng’obubaka bwe bwakakasibwa Kulaane, kujja

omuntu mu bukkiriza. Okugeza, omuntu awakanya obwanabbi bwa Yisa aba takyabalibwa nga Omukkiriza. Bannabbi bonna, batuusa emisingi gye gimu ku bantu, era ng'obubaka obwo bwonna yali ddiini ya Busiraamu. Nnabbi ow'enkomerero Muhammadi (Allah asse ku ye okusasira n'emirembe) ye mukama wa Bannabbi bonna. Ajja kukunngaanya abantu be bonna wansi wa “Bendera ý'okutendereza” ku Lunaku lw'okulamula. Bendera eno ejja kubeeramu ne Bannabbi bonna abaa-sooka nga bali n'abantu baabwe abaabakkiriza ne batambulira ku kkubo eggolokofu. Bano be Bannabbi n'abantu baabwe bonna abaabagoberera mu mirembe gyabwe okutuusa ebiragiro byabwe Allah lwe yabisangulangawo; bonna bajja kufuna ekifo kyabwe mu “Bantu ba Muhammadi.”

“Era emirembe gibeere ku Babaka! Namatendo gonna amajjuvu ga Allah, Omulabirizi w'ebitonde byonna (era abirabirira).” (Swaffaat, 37 : 181 – 182)

V. OKUKKIRIZA OLUNAKU LW'ENKOMERERO

Allah Owoobuyinza yateekateeka emitendera etaano egy'obulamu bw'omuntu. Omuntendera ogusooka gwe gwo omuntu w'abeerera mu nsi y'emyoyo. Ogw'okubiri kye kiseera wabeerera mu lubuto lwa maama we; omutendera ogw'okusatu gwe gwo ogw'obulamu obw'ekiseera mu nsi eno; omutendera ogw'okuna kye kiseera omuntu ky'amala mu mutendera ogw'omu makkati emagombe mu ntaana, omutendera ogw'okutaano ye Nkomerero n'obulamu obutaggwawo oba mu Jjana oba mu Muliro. Omuntu yaweebwa obulamu obw'ekiseera ng'ekigezo. Okwesiima n'essanyu ebitaggwaawo bisinziira ku bikolwa bya muntu n'enneyisa ye mu bulamu buno obw'ekiseera. Okukkiriza Olunaku lw'enkomereo gwe gumu ku misingi omukaaga okuyimiridde Obukkiriza era gwe gusobozesa omuntu okumanya nti waliyo empeera n'ebibonerezero eri ebikolwa n'ebikolebwa omuntu olwo abantu bafuuke ba buvunaanyizibwa mubulamu buno obw'ekiseera. Essira eringi lyateekebwa ku kukkiriza Olunaku lw'enkomerero okutuusa lwe lwayogerwako wamu n'okukkiriza Allah mu *aya* nnyingi mu Kulaane. Allah Oweekitii-bwa agamba nti:

“... Omuntu yenna akkiriza Allah n’Olunaku lw’enkomerero n’akola emirimo emirungi aija kufuna empeera ze okuva eri Allah era tebagenda kufuna kutya kwonna wadde okunakuwazibwa.” (Baqara, 2: 62)

Waliwo *aya* ezoogera ku bitendo by’abakkiriza ng’eno: “**Abo abakkiriza Allah n’Olunaku lw’enkomerero tebakusaba lukusa baleme kulwana n’emaali yaabwe n’emibirgyabwe (bo bennyini okwnyigira mu lutalo) era Allah amanyi abo abamutya**”. (Tawuba, 9 : 44)

Aya ezo zoogera ku bitendo by’okukkiriza Allah n’Olunaku lw’enkomerero.

Enkomerero eyo egenda okutandika oluvannyuma lw’okufa bulamu bupya, gy’eri era ya kubeeawo olubeerera. *Aya* ey’ekitiibwa eno egamba nti:

“**Obulamu buno obw’ensi tebulina kirala wabula omuzannyo n’okwesanyusa! Naye ddala ennyumba y’Enkomerero obwo bwe bulamu obwannamaddala singa bamanyi**” (An’kabuuti, 29 : 64)

Okumanya kino kwandiviiriddeko omuntu buli kadde k’alina na buli kakisa okubikozesa obulungi n’atabeera muntu atafaayo ku buvunayizibwa bw’alina eri Allah. Obulamu bwabwe bukyuka ne bufuuka obulamu obujjudde okusinza Allah n’okukola emirimu emirungi. Bali mu mbeera eri wakati w’okutya n’okusubuira ku bikwata ku buddo bwabwe n’Enkomerero yaabwe. Emitima gyabwe gikaaba n’amaaso gaabwe ne gayunguka amaziga olw’okutya Allah era nga beeraliikirira Olunaku lw’okulamula.

Banyumya nti waliwo omusajja omutya Katonda omu eyagenda mu katale Yali agenze kubaako by’agula bye yali yeetaaga. Yali amaze okubalamu mu bintu bye yali agenda okugula era n’alaba nga ssente yali aziweza. Wabula bwe yatuuka mu katale yeesanga nga ssente ze yali alina zaali tezimala kugula bintu bye yali azze okugula. Bw’atyo musajja wa Katonda yatandika okukaaba era n’akaaba nga tasirika. Eky’okulaba omusajja omukulu akaabira ssente obutamumala kyewunyisaabantu abaaliwo. Baagezaako okumuwooyawooya asirike nga bwe bamugamba nti okukaaba olwa ssente okugaana okumala teyali neeyisa nnungi ku muntu omukulu. Nga wayise akaseera musajja wa Katonda yakkakkana okuva mu mbeera era, ng’eno bwasinda, n’abuuliraabantu bwatyi:

“Temulowooza nti amaziga gange gazze lwa nsi eno! Wabula ntegedde nti okubala kwange kwe nnakoze nga ndi ka nga bwe kutasobodde kumala kugula bintu mu katale bye nabadde njagala! Kati kino bwe kiba tekisoboka, butya okubala kwe tukola mu nsi bwe kuyinza okumala okutuyisa mu Lunaku lw'enkomerero!”

Tewali kubuusabuusa nti amaziga agayiika ku lw'okusinza n'okuweereza Allah mu bulamu buno gajja kuleeta akamwenyumwenyu ku matama ku Lunaku lw'enkomerero. Olw'ensonga eyo, omutontomi omwatiikirivu Yunus Emre, akwala ekifo ky'okumwanjo mu bantu abo abayiwa amaziga olw'obulamu obw'oluvannyuma era n'ayita na buli muntu okwegatta mu nnyiriri ze zimu.

Bwe tujjukira bwe tuti olunaku olwo (Olunaku lw'okulamula).

Leka tuttulukuse amaziga olwaleero

Luno lwe lunaku olw'okwerekereza byonna

Leka tuttulukuse amaziga olw'olunaku luno.

Ensi ya kweyasaayasaamu ku lunaku olwo

Abafu bona bajja kuzuukira.

Ebikolwa byonna ebikyamu bya kubuuzibwa

Leka tuttulukuse amaziga olw'olunaku luno.

Eggulu ligenda kubejjukamu ku Lunaku olwo

Omuntu wa kugumira ebintu bingi

Buli muntu agenda kubbeera mu ntiisa

Leka tuttulukuse amaziga olw'olunaku luno

Entiisa y'olunaku olwo

abantu abatalina mutawaana ebafula bakadde.

Kati butya ate omwonoonyi.

Leka tuttulukuse amaziga olw'olunaku luno.

Olunaku olwo kaseera ka kukaaba

Abasajja n'abakazi bagenda kubbeera bukunya

Leka emitima gyonna gisiriire.

Leka tuttulukuse amaziga olw'olunaku luno.

Yunusu waabwe! Tandula ebigere mu kkubo eggolokofu.

Ow'oluganda kiki ky'osobola okukola

Okuteereeza kuva eri Allah Yekka.

Leka tuttulukuse amaziga olw'olunaku luno.

Mu kitontome ekirala Yunus agamba bw'atyi mu nnaku:

Ekipimo ky'ekitabo kye mu mateeka kibeere kituufu.

Abatagoberera mateeka babonerezebwe.

Aboonoonyi baakuyisibwa nga bwe kisaanira.

Nze nkola ki? Nngambe ki?

Obulamu ku nsi kuno ne bwe bulijjula, omu ku Bamalayika abakulu, Israeaafilu ajja kufuuwa engombe (suuri) erivaamu eddoboози eryatondeбwa edda ku ntandikwa nga liva mu ngombe eyo (suur) abantu bona bajja kuzuukira oluvannyuma bakungaanire mu kifo ky'okuzuukiriram.

abantu okuzuukira ku Lunaku lw'enkomerero kitono nnyo ku Allah Owoobuyinza eyatonda ebitnu ebyali bitabangawo. Kulaane kino ekyogerako bweti:

“Omuntu agamba nti: butya nga mmaze okufa, abaffe ngenda kuzuukizibwa nga ndi mulamu? Abaffe omuntu tajjukira nti twamutonda olubereberye nga teyali kintu kyonna?” (Mariyamu, 19 : 66 - 67)

“Omuntu alowooza nti tetusobola kukunngaanya magumba ge? Nedda (ssi ekyo kyokka) wabula tusobola n'okutereeza enjola (ebinkumu) eziri ku nnwe z'engalo ze.” (Qiyaama, 75 : 3 - 4)

“Omuntu talaba nti twamutonda okumuggyga mu matondo g'amazzi g'ekisajja naye n'ava awo n'afuuka omulabe ow'olwatu? N'atufaananya ebintu ebirala ne yeerabira engeri gye twamutondamu. N'agamba nti: ‘Ani agenda okuzuukiza amagumba gano nga gamaze okufuuka obuwulungwa (enfuufu)?’ Gamba nti: ‘Agenda kugazuukiza Oyo eyagatandikawo okugatonda olubereberye ate nga ye mumanyi ku buli kitonde. Oyo abaggyira omuliro mu muti ogwakiragala ne musobola okukuma. Oyo eyatonda eggulu zonna n'ensi alemwa atya okutonda abantu nga bo? Nedda wabula Ye Mutonzi Omumanyi. Eki-gambo kye bw'aba asazeewo ekintu kwe kugamba nti ‘Beera’ ne kibee-ra. Okutenderezebwa kwa Oyo eyassa obufuzi obw'oku ntikko mu Mukono Gwe ate nga gy'ali gye mujja okuddizibwa.” (Yaasiin, 36 : 77- 83)



“Ajja ebiramu mu bifu, ate ebifu n’abiggyamu ebiramu, ensi n’agiwa obulamu oluvannyuma lw’okufa kwayo, nammwe bwe mutyo bwe mugenda okuggyibwayo (okuzuukizibwa).” (Ruum, 30 : 19)

“Gamba (ggwe Muhammadi) nti: ‘Ka mubeere mayinja oba byuma, oba ebintu ebyatondebwa ebibazitowerera mu mitima’. Bajja kugamba nti, ‘Ani agenda okutuddiza obulamu (okutukomyawo)’. Gamba nti: ‘Oyo eyabatonda omulundi ogwasooka!’ Bajja kukunyee-nyeza omutwe bagambe nti: ‘Ekyo kigenda kubeerawo ddi?’ Gamba nti: ‘Oboolyawo kiri kumpi!’ ” (Isra, 17 : 50 – 51)

“Abange abantu! Bwe mubeera mu kubuusabuusa ku bikwata ku kuzuukira, mumanye nti mazima Ffe twabatonda nga tubajja mu ttaka oluvannyuma ne tubajja mu ttondo ly’amazzi g’ekisajja, oluvannyuma ne tubajja mu kisaayisaayi, oluvannyuma mu kinyamanyama ekitondeddwaako (ebiyungo) n’ekitatondeddwaako, tusobole okukinnyonyola gye muli ne tutebenkeza mu nnabaana w’abakazi kye twagala okumala ekiseera ekigere. Oluvannyuma ne tubafulunya nga muli baana bawere, oluvannyuma musobole okukakata. Mu mmwe mulimu abafiisibwa era mu mmwe mulimu oyo azzibwa eri obulamu obusinga okubeera obwa wansi obw’obukadde abeere nga talina ky’amanyi oluvannyuma lw’okubeera nga yali alina ky’amanyi. N’olaba ensi nga teriimu bulamu, naye bwe tumala okugitonnyesaako amazzi, ekyamuka (n’efuna obulamu) era n’ereeeta (n’emeza) buli kintu ekisanyusa.” (Hajji, 22 : 5)

Bino engeri gye biri bigambo bya Allah Owoobuyinza, atwala obulamu bw’abalamu ate abafu n’abazuukiza, biraga nti okuzuukira kugenda kubeerawo awatali kubuusabuusa. Mu maaso g’ekintu kino eky’oku-beraa wo awatali kubuusabusa, omuntu alina okuteeka mu birowooza okulangirira kuno: “Ojja kufa nga bw’owangadde, era ojja kuzuukizibwa nga bw’ofudde.” Mu ngeri eyo omuntu ateededwa okweteekerateekera olunaku luno.

Nga Yunus bwe yagamba nti:

Mikwano gyange! Baganda bange!

Ntya nti nja kufa.

Ate nga ndi mweteggef uku funa kye nsanira.

Bwe ntyo sifaayo nga nfudde.

Ate Allah Owoobuyinza agamba nti:

“Omuntu yenna akola ekirungi ekizitowa nga akanyiikuuli ajja kukiraba; ate oyo yenna akola ekibi ekizitowa nga akanyiikuuli ajja kukiraba.” (Zalzala, 99 : 7-8)

“Olunaku lwe watalibaawo kyabugagga oba omwana birigasa muntu, okuggyako oyo (aliganyulwa) alijja ewa Alla n’omutima omulamu.” (Shuaraa, 26:88 – 89)

Omutontomi omwatikirivu Arif Nihad *aya* zino zaamuwa amaanyi n’ayiyya ennyiriri zino wammanga:

*Baagamba nti: “Teri nku mu muliro;
Omusaabaze y’ajja okwetwalira enku ze!
Olwo ne mmanyia nti omuntu agenda mu Jjana
Aliba alina okwetwalira ebimuli bya looza ne lily.*

Yunus naye atulaga nti omuntu alina okweteekateeka ng’agenda mu Lunaku lw’okulamula n’agamba nti:

*Enkya omulimu gujja kuba nga tegunnaggwa.
Bwe guba nga tegukomekerezeddwa leero ku nsi kuno!*

Mu bigambo ebirala, Enkomerero kifo ekitaddizibawo eri abantu abalungi n’ababi kubanga tewali kintu kisinga kuba kya butonde okusinga okusasula obulungi n’okubonereza abo abasaanira okubonerezbwa. Singa tewaali makomera oba ebitongole ebirala mwe bateeka abamenyi b’amateeka n’abakozi b’ebibi mu nsi eno ey’ekiseera obulamu bwandibadde buzibu nnyo. Ne bw’oyogera ku nsonga eno yokka, kyan-dibadde kisoboka okukkiriza okubeerayo kw’Olunaku lw’enkomerero.

Kintu kyangu okugeraageranya ng’oyita mu bifaaananyi bino: Omuntu ayagala nnyo okubonereza ng’ekintu ekibi kimukoleddwako ne bwe kubeera kubojebwa kwa kiwuka ku mubiri gwe. Ku ludda olulala, omuntu asiima ekirungi ekiba kimukoleddwaka ne bwe kibeera kikopo kya kaawa era ekirungi akijjukirira emyaka egiwera. N’olw’ekyo buba buzibe bwa maaso obutakkirizika okulowooza nti ebikolobero ebikolebwaa omuntu wamu n’ebintu ebirungi omuntu by’akola mu bulamu bwe nti bisigala nga tebifiiriddwaako Allah Owoobuyinza. Waliwo abalyazaamaanyi bamusibiramubbwa abanyigiriza abalala; okwemulugunya kw’omuntu gwe banyigirizza; obukaafiri bw’atali mukkiriza; n’obukki-



riza bw'omukkiriza mu bulamu ku nsi kuno. Singa tewali kusasulwa mpeera n'abantu okubonerezebwa olw'eneeyisa embi, okutonda abantu kwandibadde tekuliimu makulu. Si kyokka naye n'enteekateeka ezaatee-ka ebitonde byonna wansi w'okulabirirwa kw'abantu nazo tezandibademu mugaso. Bino byonna byandibadde bikontana n'ekitendo kya Allah Owoobuyinza Oyo Omwenkanya era Ateekubiira. Nga Allah Owoobuyinza ali wala nnyo n'obutaba mutuukirivu, mu ngeri y'emu ali wala nnyo n'okugwa mu bukendeevu obwo. Olw'okukkaatiriza ensonga y'Olunaku lw'okubala abantu, okusasula empeera n'okubonereza, Allah Owoobuyinza agamba nti:

“Abaffe omuntu alowooza nti ajja kulekebwa awo nagalaale?”

(Qiyyama, 75 : 36)

“Abaffe mwalowooza nti twabatonda mu muzannyo era nti temugenda kuzzibwa gye tuli?!” (Mu'minuuna, 23 : 115)

“Tetwatonda ggulu n'ensi nga tuli mu muzannyo.” (Dukhan, 44 : 38)

“Abakaafiiri ne bagamba nti: ‘Essaawa (endagane) tejja kututuukako’ Gamba nti: ‘Ndayira Katonda wange Amayi ebikusike! Mazi-ma ddala ejja kubajjira; tewali kintu kyonna ka kibeere nga kizitowa nga empeke y'akalo nga kiri mu ggulu oba mu nsi wadde nga katono okusinga ku mpeke y'akalo okuggyako nga kiri mu Kitabo Ekinnyonyofu.” (Sabaa, 34 : 3)

“Allah! Teri asinzibwa mu butuufu okuggako Ye. Ajja kubakunnagaanya ku Lunaku Iwenkomerero olatalinaamu kubuusabuusa. Ani ayogera embooz esinga eya Katonda?” (Nisaa-i, 4 : 87)

“Abange mmwe abakkiriza! Mukkirize Allah ne Omubaka We, n'Ekitabo Kye ekkyo kye yassa eri Omubaka We, n'Ekitabo ekkyo kye yassa olubereberye. Naye omuntu awakanya Allah ne Bamalayika Be, n'Ebitabo Bye, n'Ababaka Be, n'Olunaku Iwenkomerero, aba abuze olubula olw'ewala ennyo.” (Nisaa-i, 4:136)

“Abuuza nti” ‘Olunaku lw'okuzuukira lugenda kubeerawo ddi?’ Naye (olunaku) amaaos bwe galiggwaamu ekitangaala, omwezi ne gusiikirizibwa, enjuba n'ezingibwa wamu n'omwezi, omuntu agenda kugamba nti: ‘Obuddukiro buli ludda wa?’ Nedda! Tewali buddukiro. Ewa Katonda wo ku Lunaku olwo ye walibeera obutebenkevu. Omun-

**tu ajja kutegeeezwa ku Lunaku olwo ebyo bye yakola okusooka ne
bye yakola oluvannyuma.”** (Qiyaamah, 75 : 6 -13)

Ekiseera olunaku lw'okuzuukira we lugenda okubeererawo tekyogewrako mu Kulaane wadde mu hadiisi (ebigambo n'ebikolwa bya Nnabbi). Wabula, obubonero obutono n'obunene obulaga okusembera kw'Olunaku olwo babwogerako mu bikolo ebyo ebikulu. Tuyinza okubwogerako wano mu bufunze:

a. Obubonero obutono:

1. Okusoma n'okumanya bijja kukendeera ate obutamanya bweyongere. Omwenge n'obwenzi bijja kuba bikolebwa kyere.
 2. Okutta nga kuva ku busonga omutali oba awatali nsonga yonna kujja kweyongera.
 3. Obwenkanya n'ensonga okuwulirwa bijja kuvaawo abantu nga tebakyafaayo oba ekintu kiri mu mateeka oba nedda, kikkirizi-bwa oba tekikkirizibwa.
 4. Okwewaggula ku bazadde n'okufukaamirira abakyala bijja kweyongera.
 5. Okubba mu bipimo n'okulya enguzi bijja kusaasaana era buli muntu ajja kutandika okubyemulugunyako.
 6. Okussa ekitiibwa mu bantu n'ekisa bijja kukendeera nnyo era abantu bajja kuba nga tebakyafa nnyo ku kulabulwa.
 7. Okusenguka okudda mu bibuga kujja kweyongera. Ebizimbe bijja kututumuka. Abantu abatasobola mirimu n'ababi bajja kuweebwa ebitiibwa era be bajja okubeera n'obuyinza n'amaanyi.
 8. Okukuba zaala, okulagula n'ebikozesebwa mu zaala bijja kuyitirira era bibe biganzi. Abantu bajja kuba nga tebakyafaayo ku biseera.
 9. Okwonoona ssente, ebintu, n'ebintu eby'omugaso kujja kweyongera. Abantu bajja kufa nnyo ku bintu by'ensi okusinga essanyu eriri mu Lunaku lw'enkomelerero.
- b. Obubonero obunene:
1. Omukka ogugenda okumala ennakku amakumi ana.

2. Okujja kwa Dajjaali masiya
3. Okujja kw'ekisolo ekiyitibwa Daabatul Ardhwi,
4. Enjuba okuvuirayo ebugwanjuba
5. Ya'juuj ne Majuuj okusaasaanira ensi eno.
6. Nnabbi Yisa (emirembe gibeere ku ye) okudda ku nsi.
7. Nnawookeera w'omuliro ogw'amaanyi ogugenda okwaka ogugenda okwokya ekitundi ky'e Hijaazi.
8. Okubbira kw'ebifo bisatu mu Buvanjuba n'Obugwanjuba ne mu kizinga kya Buwalabu.

Olunaku lw'okulamula lugenda kutandika Israafilu, omu ku Bama-layika abakulu bw'alifuuwa enngombe era okuzuukira kugenda kubaawo ng'afuuye enngombe y'emu omulundi ogw'okubiri. Kino kyogerwako ku Kulaane bwe kityi:

“Engombe (suur) n'efuuyibwa, bona abali mu ggulu zonna n'abo abali mu nsi ne bazirika okuggyako oyo Allah gwaliba ayagadde (n'asigalawo) oluvannyuma n'efuuyibwa omulundi omulala, olwo bona ne besanga nga bayimiridde batangaaliridde (balinda ekigenda mu maaso).” (Zumar, 39 : 68)

Okwongera ku bigambo bino n'okunnyonnyola obubonero bw'Olu-naku lw'okulamula, waliwo enteekateeka endala ey'enngombe Israafilu gy'agenda okufuuwa. Okusinziira ku kuteekulula kuno, waja kuberawo okufuuwa mu nngombe kwa mirundi esatu:

1. Okufuuwa kw'omu bbanga (Nafkhatul Fadhwaa): Enngombe eno bw'erifuuyibwa, ensi yonna ejja kuba nga teyeenyeenya.
2. Okufuuwa okw'okubwatuka (Nafkhatul Sswa-iqah): Enngombe bw'erifuuyibwa ku mulundi guno, buli kintu kigenda kuzikirira. Teri lusozi lugenda kusigalawo ate ensi egenda kusigala nga ya museetwe era nga nttereenvu. Buli kintu kijja kuzikirira. Allah Owaamaanyi Yekka y'agenda okusigalawo.
3. Enngombe y'okuzuukira n'okulamulwa: Allah Owaamaanyi ajja kulagira ebiriwo byonna “okuyimirira” era bui muntu agenda kuzuukira ayimirire. (Tefhiimu, IV, 591)

Allah Owaawaggulu agamba nti:

“Enngombe ejja kufuuyibwa, olwo abantu bave mu ntaana zaabwe nga banguyiriza okugenda eri Katonda waabwe. Bajja kugamba nti: ‘Nga zitusanze! Ani atuzuukizizza okutujja we tubadde twebase (mu ttulo twaffe). (Bajja kugambibwa nti) kino (Allah) Omusasisizi ennyo kye yabalagaanyisa era n’ababaka ne boogera mazima!” (Yaasiin, 36 : 51 - 52)

Okusinziira ku bamanyi abamu, abatakkiriza n’abo abagyemera Allah Owaamaanyi bajja kufuna obulumi n’ebibonerezo mu ntaana. Wabula, obulumi obuli mu ntaana butono nnyo bw’obageraageranya ku bulumi obuli mu muliro. Olw’ensonga eyo ekiseera omuntu ky’amala mu ntaana kibalibwa ng’ekiseera ky’okwebaka. Bwe balizuukira okuva mu ntaana abo abaakola ebyonoono n’abo abaafa nga tebakkiriza bajja kusisinkana obulumi obuyitirivu era awo bajja kutandika okupapa n’okulaajana nga basaba obuyambi ng’eno bwe bagamba nti, “Tuswadde, kiki ddala ekigenda mu maaso.” (Omer Nashi Bilmen, Tefsir, VI, 2943)

Abo abaliba basaliddwa ebibonerezo byabwe bajja kwogera ebigambo bino: “Tuswadde! Mbeera ki eno gye twesanzeemu. Okusinziira ku ndaba eno, ebibonerezo by’omu ntaana bijja kuggyibwawo mu kiseera kya myaka amakumi ana, ebbanga eriri wakati w’engombe esooka n’eyokubiri. Omufu ku kiseera ekkyo ajja kubeera mu mbeera ya kwebaka. Olw’ensonga eno, bwe balizuukuka okuva mu tulo otwo ku Lunaku lw’okulamula ne bamanya nti bagenda kufuna ebibonerezo bajja kulaajana nga bwe bagamba nti “ani oyo atuzuukusizza okutujja mu tulo twaffe?”

Ekikulu okujjukira wano si ddi Olunaku lw’okulamula lwe lulibearwo, wabula buli muntu abe nga yeetegekedde okufa ng’olunaku lwe olusembayo, era n’obulamu bwe obw’Olunaku lw’enkomerero.

Ensi kitangalijja ekikwenyakwenya, so ng’Enkomerero bwe bulamu obutaggwaawo. Tulina okwekuba mu kifuba ne tudda mu mbeera yaffe ng’okufa tekunnatutuukako. Kino tusaanidde okukikola tusobole okwewala ebibonerezo n’okwejjusa nga tetulina magezi gonna. Tewali kubuusabuusa nti buli muntu ajja kugolekaganya ne malayika Izraa-ilu (Malayika w’okufa) mu kiseera ky’atamanyi wadde ekifo. Olw’ensonga eyo omuntu ateekeeddwa okumanya ensonga eziri emabega wa aya eno:

“Mudduke mudde eri Allah.” (Dhariyaati, 51:50) Kino kiba kijja kumuyamba asobole okunoonya obuyambiokuva ewa Allah nga obuddiro bwe.

Abakkiriza abannamaddala be bo abatandikirawo okusiga mu bulamu obujja oluvannyuma lw'okufa okutandika n'olwaleero nga tebannalindirira lunaku lwabwe olusembayo (okufa). Abantu ab'ekika ekyo tebajja kutya wadde kubeera na nnaku ku lunaku olw'entiisa olunaku olw'okusala emisango.

Omutontomi omwatiikirivu Yunus ayogera ku by'ayagala ku Lunaku lw'okulamula

*(Allah Owaamaanyi) nkusaba otuteeke
Mw'abo abaliyingira ennyumba entukuvu eya Firdawi.
Ne mw'abo abagenda okulaba obulungi bwo
Bwe balituuka mu maaso go.*

VI. OKUKKIRIZA OKUGERA

Okwagala kwa Allah kuli mu buli kyonna ekiriwo. Tewali kintu kiyinza kubeerawo nga tekiriimu kwagala kwa Allah na maanyi Ge. Ne bwe kaba kaweke ka nfuufu tekayinza kuva mu kifo kudda mu kirala oba akaswera akatono okukyusa ebiwawaatiro byako awatali kwagala kwa Allah. Okuva Allah Owoobuyinza lw'alina okumanya okusinga okwa buli kintu wamu n'okumanya ensonga mu buli kimu era n'amagezi era ng'amanyi ekyagwawo mu biseera eby'emabega n'ekijja okugwawo n'ekirigwawo. Okusalawo (okugera) ekintu ekirigwawo mu biseera eby'omu maaso kwe kuyitibwa. “Okugera (Qadar)” ate ekintu ekigreddwa bwe kigwawo nga Allah bwe yakigera ekyo kye kiyitibwa “okusalawo kwa Allah (Qadha).”

Omuntu tayinza kutegeerera ddala n'amalayo bulungi amakulu g'okugera ng'akozesa okumanya okw'obuntu n'ebipimo abantu bye bakozesa. Era eyo ye nsonga lwaki okugera kwa Allah kubadde kujja kukozesebwabu emirundi mingi. Tewali kinene muntu ky'ayinza kuganyulwa mu kugezaako okusima amakulu g'okugera kubanga okutegeera kw'omuntu kulina we kukoma. Kulaane kino ekiraga bulungi era tekkiriza muntu kubaako ky'akola okugezaako okusima okugenda ewala ekigambo kugera:

“Ewuwe ye wali ebisumuluzo by’ebintu ebitalabwako (ebyekwese) teri abimanyi okuggyako Ye....” (An'aamu, 6 : 59)

Nga bwe kitasoboka kunnyonnyola muntu eyazaalibwa nga muzibe langi (kkala) z’ebintu, na bwe kityo okutegeera kw’omuntu, n’okubeera nga kulina we kukoma, n’ebigambo ebitono by’alina, tasobola kutegeera kumalayo byonna ebyekwese n’ebintu ebikwata ku kugera. Abo bokka Allah be yawa okumanya okw’enjawulo be balinako akatono akayinza okubayamba okutegeera okugera. Emboozi eno eri mu Kulaane ennyonyola bulungi kye twagala okugamba.

Allah Owoobuyinza atuma Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) eri Khidri (emirembe gibeere ku ye) Allah gwe yali awadde okumanya okw’enjawulo, Musa (emirembe gibeere ku ye) asobole okubaako ne by’amuyigako. Okumanya kuno Khidri kwe yali alina kwali kuzza ekitangaala okuva ku Lubaawo Olukuumibwa (Lawuhul Mahfuuz) oluli ewala n’ebintu ebivaako ensonga n’ebigendererwa. Musa (emirembe gibeere ku ye) ne Khidri (emirembe gibeere ku ye) batandika okugenda ku lugendo ne batandika okufuna okweyoleka kw’ebintu ebitukuvu.¹ Bwe weetegereza ebintu ebiri mu mboozi eyo ebyatuukawo ng’okozesa amagezi, omuntu ayinza okukisanga ng’okuwummula ekituli mu lyato kiraga butali bwenkanya eri bannanyini lyato naye ng’ate omuntu bw’addamu n’atunuulira ekintu kye kimu nga bwe kyali, kyali kitegeeza kukuuma lyato obutanyagibwa bantu abaali balumbye akatundu era nga lyali lya kusigala nga lye livaamu ku ssente n’okuyamba bannyini lyo abaali abaavu.

Mu ngeri y’emu wadde ng’okutta omwana mu mboozi eyo kwali kulabika (ku ngulu) ng’okutemula, naye nga mu butuufu kwali kutaasa bulamu bwa bazadde be abaali abakkiriza n’okubateekerateekera Olu-naku Iwenkomerero. Era bw’otunuulira ku ngulu, eky’okuzimba ekisenge abantu abaali bagobaganyizza Khidri (emirembe gibeere ku ye) ne Musa (emirembe gibeere ku ye) kuno mu butuufu kwali kukuuma bya bugagga eby’abaana ba mulekwa ababiri.

Wabula ebikusike n’ensonga eziri emabega w’ebintu ebyo bisobola kuvumbulwa ng’omuntu ayise mu kumanya Allah kwe yamuwa. Olw’ensonga eyo ebikusike ebikwata ku kugera tebisobola kutegeerwa magezi

1 Omuvvuunuzi:



gokka. Okutegeera amakulu agali mu kugera kiri wala n'okutegeera kw'omuntu ng'akozesa amagezi ge aga bulijjo. Eyo y'ensonga lwaki Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yutulagira okukkiriza okugera kwa Allah era n'atugaana okukukubaganyaako ebirowoozo n'okukaayana ku bikukwatako. Bwe yasanga abantu nga babbinkidde mu kukubaganya ebirowoozo ku bikwata ku kugera, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti:

“Abaffe waliwo eyabawa obuvunaanyizibwa okukubaganya ebirowoozo ku nsongya y'okugera oba kino kye kyatumya (Omubaka) gye muli? Abo abaabasookawo baazikirira olw'okukubaganya ebirowoozo na kutaganjula nsongya ya kugera. Kale temuddamu kugikubaganyaako birowoozo.”

Ekikulu mu nsongya eno si kwe kunoonya okusima n'okusokoola ebikwata ku kugera, wabula okutegeera obubaka obukulu obugirimu n'okumanya obuzibu obuli mu kugitegeera. Allah enneeyisa y'abantu yagyawulamu emirundu ebiri:

1. Ebintu eby'obuwaze / ebikolwa ebiteekeddwa okubaawo
2. Ebintu eby'enyongeza / ebikolwa ebya kyeyagalire.

1. Ebintu Eby'obuwaze / Ebikolwa Ebiteekedwa Okubaawo.

Ebikolwa eby'obuwaze bigwawo nga tetubyagadde oba okubisalawo era bino biva ku kugera na kusalawo kwa Allah. Tekisoboka n'akatono okubaako ne kye tubikolako oba okukyusa entambula y'ebintu ebyo. Okuzaalibwa, okufa, okuzuukira, okwebaka, okulumwa enjala, enkula gye twakulamu, ebiseera bye tumala ku nsi n'ebirala ebifaanana bityo, byonna bimu ku bintu eby'obuwaze era ebitasobola kwewalika. Ebintu ebigwawo bwe bityo oba ebikolwa bwe bityo biyitibwa okugera kwenyini (*qadarul mutwlaq*) era abantu ssi be bakuvunaanyizibwa ku bintu ebirina okubeerawo n'ebikolwa. Amaaso g'abantu tegasobola kulaba n'amatu gaabwe tegasobola kuwlira ebintu ebyo lwe binaaggawo. Omutontomi Omusuufi Omwatiikirivu ayitibwa Ruumi alaga embeera eno ey'ekywuuunyo bw'atyi:

“Wona okugera okw'engeri eyo, ate entuuko eyita mu kwetaba mu kugera okulala n'okusalawo okutukuvu.”

Kulaane yo mu *aya* eno wammanga eyogera bw'etyi ku kugera nga bwe kutasobola kwewalika era nga bwe kulina okugawato.

“... N'ekiragiro kya Allah okwo kusalawo okwakolebwa (okulina okutuukirizibwa).” (Ahzaab, 33 : 38)

Wabula omuntu tateekedwa kulowooza nti ebintu by'obutonde ebi-gwa bitalagaanye nti kwe kugera era kwe kusalawo. Okugera mu ng'eri emu kutegeeza butebenkevu na kutereera kwa nsi era kulaga enkola entukuvu erimu okutereera kuno nga Allah Owoobuyinza kino bw'aki-nyonyola mu Kulaane.

“Mazima ddala buli kintu twakitonda mu kigero (kyakyo ekituufu).”
(Qamaru, 49)

Eno y'ensonga lwaki okuwakanya ebiva mu kugera bwe kitegeeza obutamanya oluusi n'obusiru. Buli kintu kitambula nga kiri mu biseera byakyo ebituufu. Okugeza, entambula y'enjuba egenda bulungi nga tewali muntu yeeralikirira oba n'afuna okubuuusabuusa mu ntambula yaayo oba nafuna okutuya nti enjuba egenda kusemberera ensi ejookye oba yeeyongereyo ewala eteeke obulamu mu katyabaga. Abasiraamu n'abatali Basiraamu bonna bakkiriza nti enjuba eva Buvanjuba n'egwa e Bugwanjuba buli lunaku awatali kwosa oba okukeerewa. Mu ngeri y'emu, omuntu bw'ategeera ensonga eri emabega w'ekintu kye kimu kirungi oba kimulabikira ng'ekibi (ekirimu emitawaana) yandigambye nga takirumyemu nti, “embeera yonna ekivuddemu, ekyo kye kituufu okubeera.” Kino kitegeeza kukakasa na kukkiriza ntegeka za Katonda. N'abatakkiriza abasinga okubeera ab'omutawaana muli munda bawulira nga bamativu bwe balaba engeri ennungi era ekkiriziganya, ebintu gye bitambulamu era n'engeri entebenkevu ensi gye yassibwawo. Beewuunya ebintu engeri gye bitambulamu. Buli kintu kikusike abantu kye bavumbula, nga kwe kwagala kwa Katonda (ayagadde bakikole), kisika abantu abategeera ne bwe batabeera bakkiriza, eri ebyewunnyo by'entegeka za Katonda mu kiwonvu ekitaggwaawo, era ne kubeeuwunyisa, ng'og-gyeeko okumala gawakanya ensonga eziri emabega w'ebintu ebikusike.

Abo abaleeta ensonga ezitategerekekka ne boogera ebtaliimu nsa nga bwe waliwo embeera etambuza okugera abo tebategeera bikusike ebikwata ku kugera kwa Katonda era tebalina kulowooza yadde amagezi. Abantu ab'ekika ekyo tebasobola kwawulawo kirungi na kibi, ekituufu

n'ekikyamu, ekintu ekyaddala n'ekitali kyaddala, era abo butamanya bwe bubatawaanya.

Ku ludda olulala, kyeraga kyokka nti ebintu okugera n'okusalawo kwa Allah tebimanyiddwa nga bwe bifaanana. Okutukweka ebintu bino mu butuufu kusaasira eri omuntu kubanga, singa amanya ekigenda okumutuu-kako kye kimu kirungi oba kibi, obulamu bwandimukaluubiridde nnyo. Mu ngeri eyo, ebintu ebitambuza obulamu bwe, okugeza okulya, okunywa, okukola n'ebirala byandiyimiridde. Abantu bawangaala n'essuubi ery'okuwangaala era tebakutukawo na kusuubira ne bwe babeera ku mugo gw'entaana kubanga Allah Owoobuyinza yabakweka okugera n'okusalawo kwe. Kuno kusaasira nnyo era nteekateeka ntukuvu entuukirivu ebisobozesa omuntu okugenda mu maaso n'obulamu bwe mu nsi muno.

Bwe tudda ku bikwata ku bibi ebikolebwa, tewali kibi kiva mu kwa-gala kwa Allah. Wabula yakkiriza ebikolwa ebibi okubeerawo ng'ekye-taagisa okugezesu mu nsi muno. Allah Owaamaanyi yakugira omuwen-do gw'ebibi ebizuuka era okukoma ku muwendo guno kulimu okusaasi-ra eri ebitonde kubanga takkiriza bibi byonna ebyetoolodde obulamu okugwawo. Kino tuyinza okuba nga tetukimanyi naye okukugira ebibi kukuuma abantu ku bintu ebirabwako n'ebitalabwako ebyandibatuusiz-zaako obulabe. Ekitali ekyo, singa abantu nga baali tebalina bukuumi bwenkana awo abantu bandisendasendeddwa okukola amazambi oku-sinziira ku bibi n'okwegomba kw'omwoyo. Kino kiri kityo kubanga omuntu yettanira okukola ebibi nga bwe yettanira okukola ebirungi.

Allah Owaamaanyi okusendebwasendebwa kuno akwogerako bw'atyi:

“Omuntu asaba ebibi nga bw'asaba ebirungi omuntu apapa nnyo.”
(Israa, 17 : 11)

“Singa Allah yali ayanguyiriza abantu ebibi (bye beesabira) nga bw'abanguyiriza ebirungi, olwo bandibadde baatuusibwako dda ebi-zibu” (Yunus, 10:11)

abantu mu nsi gye bakoma okulowooza n'okwepimamu gye bakoma okumanya amakulu agali mu *aya zino*. Okutegeera okukuma Allah kw'awa omuntu tusobola okuwa ebifaananyi bino ebiraga ekisenge ekitukuvu ekitangira obubi n'ebintu ebirumya okuzuuka (ebigawwo).

Leka tutunulire ku nneeyisa y'omulimba n'ebigambo bye. Okusobola okumatiza omuntu omulala, oba alina okukozesa ebigambo nga: "Ge nkubuilira ge mazima. Bwe mba nnimba amaaso gange gazibe" (wano bagamba Katonda ankube bbalaayi oba Katonda ankolimire). Bw'ayogera eby'obulimba taziba maaso era okugezesebwa kwe n'ekiseera ky'ebigezo mu nsi eno bisigala nga bulijo bwe bibeera nga tebikyuseeko. Mu ngeri y'emu abantu bangi abakola endagaano ne bayisa mu kamwa ebigambo ebyagala okwefanaanyirizaako bwe bityi: "Bwe nkola bwe nt yo omutwe gwange gukululweko oba emikono gyange gimenyeke; bwe neeyisa bwe nt yo (waakiri okufa naye nga sikoze bwe nt yo). Ebigambo bino biyinza okuba nga bya ddala ng'oli ky'ayogera akitegeeza mu kiseera w'ayogerra ebigambo ebyo. Wabula abantu bangi abakola ebintu ebyawukana ne bye basuubiza nga kyandibadde kibakakasaako ebintu ebibi bye basaba okubatuukako (okufiira mu kitooke kya gonja, laddu okunkubira wano). Naye wadde nga beesanga mu mbeera gye batayagala, emitwe gyabwe tegitemebwako (okuntemangako omutwe) oba emikono gyabwe okumenyeka wadde okufa. Waliwo ebintu bingi ebyefaanaanyirizaako ebyo. Mu mbeera bw'et yo, Allah Owoobuyinza atekawo ekisenge ky'obukumi okusinziira ku kisa kye n'okusaasira kwe wakati w'omuntu n'ebintu ebibi by'ayagala singa akoze ekintu ky'atatekeddwa kukola. Ebintu ebibi tebisobola kubeerawo kubanga Allah Owaamaanyi akuumma abantu Be. Aya eri waggulu gye twaleese ensonga n'amagezi ebiri emabega wa kino ebyogera bulungi.

Nga batambulira mu kitangaala kino, Abamanyi Allah n'abaddu ba Allah abamutyua bakkiriza ebintu ebirungi n'ebibi ebiva mu kugera n'en-teekateeka za Katonda olwokubanga baba bamanyi ekisa n'okusaasira kwa Allah Owaamaanyi. Ekitontome kino kyogera ku nneewayo eyo eri okwagala kwa Allah:

*Buli kintuukako nga kiva wuwo kisanyusa
 Ka kibeere kimuli kya looza oba liggwaa
 Ka kibe kyambalo kya bwakabaka oba byambalo bya bafu.
 Okusaasira kwo n'ennaku byombi bisanyusa.*

Mu aya eno wammanga, Owaamaanyi Allah atulagira okubeera mu mbeera y'okukkiriza n'okwewaayo:

“Gamba nti: ‘Teri kijja kututuukako okuggyako ekyo Allah kye yatugerera. Ye Mukuumi waffe. Kale abakkiriza bateeke obwesige bwabwe mu Allah.’” (Tawuba, 9 : 51)

Laba ekitontome kino bwe kijjayo obulungi ensonga eno:

Manya nti ekibi tekiva wa mulabe oba ekirungi okuva ew'omuntu ow'omukwano.

Byonna ebizuuka bisse mu Mikono gya Allah Owaamaanyi; manya nti byonna biva gy'ali.

Kulaane era etugamba nti Allah Owaamaanyi alina ekisa era akiraga oyo yenna gw'aba ayagadde.

“Allah bw'akutuusaako obuzibu, tewali asobola kubuggyawo okuggyako Ye. Ate bw'akwagaliza obulungi teri ayinza kuzzaayo birungi by'aba agabye. Akituusa kw'oyo yenna mu baddu be gwaba ayagadde. Era ye Musonyiyi Omusaasizi.” (Yunus, 10 : 107)

Okubissa mu bufunze, emirembe gy'omutima n'ebirowoozo gyekwese mu kwewaayo n'okukkiriza okusalawo kwa Katonda. Ebikolwa byonna omuntu by'akola ebitali kukkiriza ebiva mu kugera biba bya bwereere era tebirii mu gaso. Omutontomi Omusuufi: Omwatiikirivu Ruumi kino akinnyonnyola bw'atyi mu lulimi oluwooma nti:

“Ojja kufuna obuzibu bw'onogenda n'essuubi ly'okufuna emirembe n'obutafuna bubi; era omutawaana ogwo ogwakugererwa okukutuukako guija kukutuukako era guija kukusanga.”

“Oteekeddwa okumanya nti tewali nsonda mu nsi eno ey'ekiseera eteriimu mitego na bubenje. Tewali ngeri ndala ya kufunamu ssanyu okuggyako okuvumbula Allah mu mutima gwo n'okufuna obuddo eri okubeera kwe mu mwoyo. Eno ye ngeri yokka ey'okufunamu okuwona n'emirembe. Tolaba nti n'abo abawangaalira mu bifo ebisinga obutabee-ramu mitawaana mu nsi eno ey'ekiseera era ey'okuggwaawo n'abo abalwoozebwa okuba abasingira ddala okubeera ab'amaanyi nabo gye big-gweera nga bafu.”

“Oteekeddwa okunoonya obuddukiro mu kusaasira n'okukuma kwa Allah Owoobuyinza okusinga okugezaako okunoonya okuwona mu bitimba eby'ekiseera. Allah obutwa abukyusa n'abukufuulira eddagala

erivumula bw'aba ayagadde ate amazzi n'agafuula obutwa era bw'aba nga bw'atyo bw'ayagedde."

2. Ebikolwa Ebya Kyeyagalire / Eby'okulondamu

Allah Owaamaanyi yawa omuntu okusalawo okuteemalirira era okupime okusobola okwawula okusalawo kw'abantu ku kusalawo kwa Katonda. Omuntu ajja kusasulwa empeera olw'ebikolwa ebirungi ebiva mu kusalawo kwe era ajja kubonerezebwu olw'ebikolwa ebibi ebiva mu kusalawo kwe. Allah ateeckawo engeri esobozesa omuntu okugenda ku ludda lwonna ye (omuntu) lw'aba asazeewo okutwala. Okwetaba kwa Allah Owoobuyinza kukoma mu kuteekawo embeera eyo. Omuntu yee-taba mu kikolwa nga omuntu ku bubwe era essaawo ekikolwa ekkyo, era kibeerera ddala mu nkola y'omuntu. Wabula ebiseera ebimu omuntu asobola okulemwa okukola ekikolwa awamu n'okuba nga y'amaliridde okukikola nga kino kiva ku Allah Owaamaanyi kwetaba mu kikolwa ekkyo nga Omuronzi ate era ebiseera ebimu Allah agaana omuntu okukola nga bw'ayagala.

Nga bwe twannyonyodde eddako, ssi kirungi okugezaako okufuna kalonda ow'okumanya akwata ku kugera okuggyako kimala okutegeera ebikulu ebiri mu kugera n'ensonga lwaki weekuli. Abamu ku abo Allah be yawa okuyingira ejjana be bakkirizibwa okugonjoola ebikusike ebikwata ku kugera. Olw'ensonga eyo, okugezaako kwonna okuggulawo omulyango ogutuusa omuntu eri ebikusike ebikwata ku kugera kutegeezza kugenda wala. Okugera bwe kuba nga kukuumiddwa ng'ekyama era ng'omuntu tategeezebwako ku kiki ekijja okuzuuka mu biseera ebyo mu maaso abamu ku bantu abatamanyi bagamba nti: "nze okugera kwange baakuwandiika bubi (oba Allah bw'atyo bwe yangerera okubeera). Okwogera bwe batyo, abantu abo bavvuunula entegeera yaabwe ku bikwata ku kugera basobole okudduka obuvunaanyizibwa obw'ebikolwa byabwe n'emirimo gyabwe. Okugezaako omuntu okudduka obuvunaanyizibwa bwe n'okukolera mu mbeera etekwatagana na kigendererwa kya kutondebwa, kya butaliimu na kumala biseera.

Okumanya kwa Allah Owoobuyinza tekulina kkomo wadde ensalo. Amanyi ebyo byonna ebyaliwo, ebiriwo n'ebiribeerawo mu biseera eby'omu maaso sso nga okumanya ebyo mu maaso kweylefu nnyo

ng'okumanya ebyo ebyakayita emabegako. Olw'okuba okumanya kwaffe kukolera mu nsi eggwaawo ate nga ya kiseera, kino kitulowozesa nti ebantu eby'okugwawo mu maaso ebimanyiddwa Allah Owoobuyinza nti era yabigera dda era n'abinyweza tebikyuka. Kino kiva ku magezi gaffe okubeera nga tegasobola manafu era nga gakugirwa obutasobola bwaffe okulowoolereza wabweeru w'ensalo z'ebiseera. Olutimbe lw'ebiseera bwe luggyibwawo buli kintu kiba kitangaavu. Bw'atyo Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) we yagendera mu lugendo lw'ekiro (Miraaje) yalaba ensi etaggwawo era bwe yali annyonnyola bye yalaba yagamba nti:

“Nnawulira amaloboozi g'ekkalaamu ng'ewandiika okugera” (Haa-kim, Mustadrak, II, 405)

Bwe yali ajjukira bye yalaba mu nsi eteggwaawo yanyumya nti:

“Nnalaba engeri Abdu Rahmaani Ibn Awuf gye yatwalibwa mu Jjana”.

Mu lugendo lwe luno olwamutuusa mu ggulu, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yaggyibwa mu nsalo z'ebiseera n'alaba ebantu ebirala eby'enjawulo. Allah Owoobuyinza alina okumanya okutakoma okw'ebantu nga bwe biri kubanga talinaako lukomera lwa biseera era takwatibwako biseera na kifo.

Olw'ekyo, bwe tulowooza ku butasobola bwaffe okutegeera eky'ebiseera tujja kusobola okulaba nti Allah yawa abaddu be amaanyi agasalawo mu kigero ekyenkana n'obuvunanyizibwa bwe balina. Singa tekyali bwe kityo, Allah Omusaasizi ennyo Ow'ekisa ekingi teyanditadde mugugu ku baddu be ng'abawa obuvunaanyizibwa obw'ekika ekkyo ate bw'amala n'abalamula

Okuba ng'abantu abavunaanyizibwa obutereevu ku bikolwa byawee eri Allah era nga Allah ajja kubalamula okusinziira ku bikolwa byabwe, kyeraga bwerazi nti Allah yamala dda okubawa eddembe ly'okusalawo.

Mawulaana Jalaalu Ddiini Ruumi abuulira abo abategeera ensonga eno bw'atyi:

“Omuddu bwe yeewaayo eri okugera, afuna empeera ez'ekyo eri Allah. Okugera kuwoomerera nga switi eri omuddu oyo eyeewaayo gye kuli; kuleetera ekyenyi ky'omuddu oyo okumwenya.”

“B’okola obubi ekkalaamu ewandiika nti kibi bw’obeera ku kkubo etuufu ekkalaamu ekuleetera essanyu.”

“Omubbi yagamba poliisi bwe baamukwata nti ekyo kye nkoze Allah yali yakigera dda. Bwe yayogera ekyo owa poliisi kwe kumugamba nti nange kye nkola nakyo Allah yakigera dda. Okola ensobi ate n’one-nya okugera, eyo tesobola kubeera ntegeera ya muntu mugezi.”

Mu bimpimpi, Sitaane asikiriza omuntu okukola ebibi, ate omwoyo ne gumusikiriza okukola obulungi. Singa bino tebyafuilibwa bya kyeyagalire eri omuddu ate kiki ekyandiwalirizza ebyo ebibiri, sitaane n’omwoyo okuvuganya?”

“Ffe abantu tulina obusobozi obukweke mwe tuyita okulondawo. Laba engeri obusobozi buno gye bukolamu bwe tuba nga tulina ebirrowoozo bibiri eby’enjawulo. Okola okusalawo ku kiriwa ekikusingira obulungi; olwo n’osalawo kiriwa ky’otwala ku bibiri! Ate nga tewali muntu yenna akuyambako mu kusalawo kwo. Wali ekyo osobola okuituukako singa tewalina busobozi bulondawo?”

“Okukkiriza nti tukakibwa okukola bye tukola eba nsobi nnene. Enzikiriza ey’ekika ekyo mu ngeri y’emu etegeeza omuntu okulowooza nti talina magezi.” Abakkiririza mu ndowooza eya “tukakibwa” ekyo bakikola bakozesa magezi, naye ate ne bawakanya eky’omulimo amagezi gwe gakola. Muganda wange! Singa abantu tebaalina busobozi na maanyi agasalawo, waali wasobola okubeerayo ebigambo nga ‘kino kibi, kiri kirungi?’ N’ensolo zokka zitegeera ebintu mu kigero ekigya mu busobozi bwazo. Naye, kyetaagisa omuntu okubeera omugezi okutegeera ekintu kino!”

“Singa abantu baali tebaawebwa okusalawo okwa kyeyagalire, okuvumula obulwadde tewandikunoonyezza kuva wa Allah butereevo mu kifo ky’okugenda ew’omusawo? Obulwadde ssomo ddungi eriyinza okukusomesa okusalawo okwa kyeyagalire kye kutegéeza.”

“B’oba olowooza nti tolina ddembe lya kwesalirawo lwaki okola enteekateeka ez’okukola ekintu gundi oba gundi olwaleero oba enky? Olowooza omuntu asobola okukola enteekateeka ez’okukola ekintu nga talina kusalawo kwa kyeyagalire?”

“Abange mmwe abakkiririza mu ndaba ey’okukakibwa! Bwe mugamba nti omuddu tasobola kwesalirawo nga mu kiseera kye kimu

mugenderera kukuba bituli mu maanyi ga Allah, temulaba lwaki Allah abaddu be abassaako obuvunanyizibwa olw'ebikolwa bye babakoze? Okutwala endowooza bw'etyo era oba oteeka ekitendo ky'omuntu eky'obutamanya ku Allah. Mulowooza nti Allah, Omuronzi w'ensi eno yonna, atulugunya abaddu be ng'abavunaanye okukola ekintu kye basobola? Mwekunngaanye, musobole okutegeera ensonga eziri emabega wa Allah okuvunaana abaddu be olw'ekyo kye bateekeddwa okukola ne kye batateekeddwa kukola!"

"Mutunuulire ensi yammwe yokka; bwe muba mulowooza nti Allah Yekka y'alina eddembe ly'okusalawo lwaki muvunaana omubbi ng'alina ebantu byammwe by'ababbyeeko olw'ekikolwa ky'aba akoze. Lwaki abamu mubabala nga balabe bamwme era ne mubabeerako n'akakukuuzi? Kija kitya okuteeka ezzambi eryo n'omusango ku bantu abatalina ddembe lya kusalawo? Olw'ensonga eyo wateekwa okubeerawo eddembe ly'okusalawo! Ekitali ekyo tewandibaddewo nsongezimbisa makomera!"

Waliwo ensonga endala eyetaaagisa okwogerwako wano: Okutwalira waggulu n'okuyisaawo eddembe ely'okusalawo, n'okulaba amagezi nga kye kintu ekisinga obukulu, nako kabonero ka butamanya. Bw'atyo omuntu asobola okumanya butya okusalawo kw'omuntu bwe kuli okunafu, bw'oba okugeraageranyizza ku kusalawo kwa Allah okutalina kkomo nga kino kisinziira ku kumanya n'amagezi by'aba afunye (okutegeera kw'omuntu kwe kusalawo engeri....). Nga byonna obirese, okusalawo kw'omuntu, nga kutono nnyo tekulina bwe kwenkana, tekutera kusangibwa mu baddu abo abasanawo ku lwa Allah. Olw'ekyo ebigambo n'ebikolwa eby'abantu abo abatukuvu abatakkiririza mu kusalawo kw'omuntu kusobola kulabirwa mu mbeera eno. Tebagaanira ddala nti omuntu talina kusalawo, naye okusalawo kw'omuntu bakulaba nga okutaliwo nga waliwo okusalawo kwa Allah okutalinaako kkomo. Naddala, ku baddu abo abasaanawo mu Allah bwe bafuuka "eriiso lya Allah n'omukono Gwe" mu nsi muno, okusalawo kw'omuntu kulinga omuliro gw'omusubaawa oguggweerera wansi w'ekitangaala ky'enjuba era gye biggweera nga guwedewo. Ekifaananyi kino kituwa eky'okulabirako ekirungi.

Waliwo olugambo olwasaasaana nti Muhammad al-Noor al-Arabi, omuweereza wa Allah eyali awangaala obulamu obutukuvu mu biseera bya Ba-Ottoman ebyakomererayo, nti yali awakanya eky'omuntu okubeera n'okusalawo okw'obuntu. Kabaka Aboul Hamidi II (Owookubiri)

kwe kumuyita mu misomo gye eg'y'enjawulo attottole kiki ddala kye yali akkiririzaamu. Muhammad al-Noor al-Arabi yannyonnyola endaba ze mu ddarasa bwatyi:

"Nze siwakanyangako kusalawo kwa muntu wabula nagamba nti ku bantu abamu kulinga okutaliwo; kubanga abatukuvu abaasooka buli kaseera bawulira nga Allah ali awo (we bali) era okusalawo kwabwe tekufuna mukisa kuvaayo mu lujudde. Olw'ensonga eyo, bye bakola babikola basinzira ku kusalawo kwa Allah Oyo atambuza ebintu atalinaako kkomo, ng'era tebabikola nga basinziira ku kusalawo kwabwe. Okugeza kati tuli mu maaso ga Kabaka. Tukola ekyo ekitulagiddwa bwe tugambibwa okujja nga tujja bwe batugamba okugenda nga tugenda. Tetusobola kukozesa kusalawo kwaffe nga Kabaka oyo atuli waggulu asazeewo kirala. Wadde, nga bw'otunula ku bantu abatalina buvunaa-nyizibwa n'ebitonde ebirala wabweru, byo birina obwetwaze bungi era nga ba ddembe ku bikwatagana n'okwesalirawo.

Bwe tugenda ewala mu misingi gino emikulu tusisinkana ebintu bingi ebyetaaga okunnyonnyola. Naye omulamwa ogw'ensonga guli bwe gutyi:

Omuntu alina eddembe ly'okwesalirawo eryamuweebwa Allah. Wadde nga Allah abeeramu mu kukola obwetaavu bwonna, asanyukira bintu birungi byokka. Ekigendererwa ky'omusomesa kwe kulaba nga omuyizi ateekeddwareekeddwa era n'aweebwa n'okumanya. Naye omuyizi bw'aba nga tafuddeeyo mu kkubo eryo, omusomesa talina ky'asobola kukola. Mu ngeri y'emu, omulimo gw'omusawo kwe kuvumula omulwadde. Naye omulwadde bw'atagoberera by'aba amulagidde, mulwadde yekka y'ateekeddwa okwetikka obuvunaanyizibwa ku kibi ekiba kimutuuseeko. Omulwadde, mu mbeera eno, tateekeddwa kune-nya musawo.

Olw'ensonga eyo, olw'okuba ebikolwa byaffe biva mu kusalawo kwaffe, tetuyinza kweggyako musango nga twewogoma mu kugera.

Okwewozaako okwo okw'omuntu atasinza oba atagoberera eddiini by'egamba obwo bubeera buzibe bwa maaso. Allah awa obuyambi omuntu oyo ayagala okusinza, ate tayamba muntu oyo atayagala kusinza.

Okweggyako omusango olw'ebyonoono bye tukola nga twewogoma mu "kugera" mu ngeri eno si kwa bwenkanya, si kwa magezi era si kikolwa kya buntubulamu.



Olw'ekyo, ebigambo bya Shahadah ebigamba nti "Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah" bizingiramu amateeka gano gonna, era abo abakkiriza bulambalamba omusingi n'amateeka gano n'emitima gyabwe n'olulimi lwabwe babalibwa nga bakkiriza.

Ssi kya magezi okubeera ng'omuntu tamanyi bintu n'amakulu ebiri mu kukkiriza kuno. Abaddu ba Allah abatukuvu abalina emitima egittuukiridde bawangaala obulamu obusaanira ekitiibwa kya Allah kye bawulira munda. Obulamu bwabwe bufaanana nga obulaadi beezainga n'ekitangaala kya Allah. Bulijo bagezaako okwesanyawo mu Allah Muhammad Asad al-Arbili, omu ku baddu ba Allah abatukuvu eyatuuka ku ddaala eryo yagamba nti:

"Nkyalwana okulaba nga ntereeza obukkiriza bwange. Nkyagezaako okwogera Shahaada mu ngeri entuufu, kubanga ssi kyangu kugamba nti "Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah' ng'okyalina amasanamu mu mutima gwo. Ne bwe nkyogera, kisigala kibuusibwabuusibwa nti kikkirizibwa mu maaso ga Allah." Bwe kityo, okulangirira obukkiriza n'ebigambo 'Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah' kyetaagisa okumanya omulamwa gwakyo omutuufu. Okuwa obujulizi okw'obukkiriza awatali kukimanyira ddala tekuleeta bigendererwa biba bikisuubiddwaamu, wadde nga tekiri wala nnyo na kuleeta mugaso. Awamu n'ekyo okwatula Shahaada bwe kuba nga kukoeddwa mu ngeri entuufu kuwa omwoyo empeera ezitaggwaawo.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) lumu yawa Khububa n'agamba nti:

"Omuntu yenna bw'ayatula ebigambo, 'Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah ng'akikakasa mu mutima, era nga talina ky'akoze kirla ekikisangulawo Ejjana eba emukakaseeko."

Ali (omwana wa taata wa Nnabbi omuto era mukoddomi wa Nnabbi Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe era oluvannyuma eyafuuka

Kaliifa) kwe kubuuza nti “Mubaka wa Allah! (Ky’ogamba nti) awatali kintu kirala kibubaabuza kigambo kyo kitegeeza ki?”

Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kwe kumuddamu nti “kwe kwagala ensi eno; ye muntu okufiirwa omutima eri ensi eno.” (Ihya).

Hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) era ng’eri ku nsonga y’emu egamba nti:

“Teri muddu wa Allah agamba nti: ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’ gwe batakomekkereza nga bamugguliddewo emiryang-gya ggulu; okutuusa ebigambo bye ebya Shahaada lwe bigenda wag-gulu ne bituuka ku Namulondo (Arshi) ya Allah, nga kino akifuna ebbanga ly’amala nga takoze mazambi manene.” (Tirmidhi, Daawat, 126)

Olw’ensonga eyo, omuntu yeetaaga okwewala okukola amazambi. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba nti:

“Omuddu bw’akola ezzambi afuna ebbala eriddugavu ku mutima. Bwe yenanya ebbala eryo livaawo; ekitali ekyo lisigala ku mutima terivaako. Bw’akola ezzambi eddala afuna ebbala eddala eriddugavu ku mutima, bw’atyo okutuusa omutima gwe lwe guddugala ng’eryanda.” (Tirmidhi, Tafsiir, 83)

Okwogera ekigambo ekya Shahaada tekulina kye kukola ku mutima gwa muntu afaanana bwatyo. N’olw’ekyo ebintu bino ebina omuntu alina okubivaako:

1. Okuwakana n’abantu abasiru
2. Okuyitiriza ebyonoono
3. Okwetabula ebiseera ebingi n’abantu abatakuzira kuwasa oba kufumbirwa
4. Okukolagana ennyo n’abantu abalina emitima emifu ku bikwata ku ddiini.

Sitaane ky’asinga okwettanira ennyo kwe kwekwata omutima gw’omuntu. Omutima gw’omuntu bwe gubeera mu kujukira n’okutendereza Allah, olwo Sitaane tasobola kuguseemberera era yeeyongerayo



wala. Naye omutima bwe gвесамба okutendereza Allah olwo Sitaane agusemberera n'agwekwata.

Mu Kulaane mulimu awagamba nti:

“Abaffe ekiseera tekituuse eri abakkiriza emitima gyabwe okugonda nga gitendereza Allah awamu n'amazima agakka?” (Hadiid, 57 : 16)

Omuntu eyeesamba okutendereza Allah n'awangulwa omwoyo gwe bye gwagala oyo abeera ng'ekikomo (eky'omuwendo) ekigudde mu ttosi. Olutalo lw'okulwanyisa omwoyo lutuukirira ng'omuntu yeetukuzizza okweggyamu embeera zonna embi era n'okuleeta obulungi mu omulamwa gwe. Abantu abo abasobola okwetukuza mu ngeri eyo bafuna emikisa okuva ewa Allah. Allah agamba:

“Mazima wa kwesiima oyo eyeetukuza.” (A'la, 87:14).

Tewali kubuuusabusa nti okwetukuza okw'ekika ekyo kutandika na kwatula bigambo by'okukkiriza.

Abu Ali Daqqaq agamba nti:

“Omuddu bw'agamba nti teri asinzibwa mu butuufu omutima gwe gulongoosebwa ng'ekiwero ekibisi bwe kirongoosa endabirwamu. Bwe yeeyongera n'agamba nti “okuggyako Allah” ekitangaala kya Allah kitandika okwakira omutima gwe omuyonjo ennyo. Wano kiba kyeraga bwe-razi mu mbeera eyo nti Sitaane okugezaako kwonna kw'akola kugwa butaka.

Hasan al-Basri alambulula Sitaane by'aba alowooza bw'atyi:

“abantu b'ekibiina kya Muhammadi nngenda ne mbakuumira mu mazambi, naye okwenenya kwabwe kunnemesa okutuukiriza kye njagala. Ebikolwa ebikyamu ebimu mbibafuulira ebirungi. Mu ngeri eno, bangi mu bo tebabyewala engeri gye batabitwala kubeera mazambi mu ngeri y'emu era tebabyenena. Era Hasan al-Basri abakkiriza abalabula okwerinda Sitaane agamba nti:

“N'olw'ekyo ebikolwa ebyo ebibalibwa obutabeera mazambi, biko-lwa bikyamu; naddala ebikolwa ebikolebwa olw'okutuukiriza eby'obwagazi bw'omwoyo, n'ebyo ebibalibwa okubeera mu nsalosalo z'eddiini.”

Wahb bin Munabbih agamba nti:

“Tya Allah! Ogenda n’ovumirira Sitaane era n’omukolimira mu lujjudde, so nga bw’obeera wekka omugondera era n’omufuula mukwano gwo.”

EBITI BIBIRI EBY’OBUKKIRIZA

Ekigambo ky’obukkiriza (*Kalimat Shahaada*) kirina ebitundu bibiri: Ekisooka kiri ku kukakasa okubeerayo kwa Allah n’Obumu bwe; eky’okubiri kiri ku kukakasa Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ng’Omubaka wa Allah era omuddu we.

Obukkiriza busimba emirandira mu mwoyo ne biguyingizaamu ebitundu bino ebibiri nga byombi biri wamu. N’olw’ekyo ekitundu ekimu kyokka tekimala. Omuntu ateekeeddwa okufaayo ku kwegatta kw’ebitundu ebibiri era n’ategeera nga bwe kyetaagisa obukulu obw’okukkiriza mu bwannabbi bwa Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe).

Aya emu ekwata ku nsonga eno egamba bw’etyi:

“... Omuntu yenna agondera Allah ne Omubaka We, aba yeesii-mye olwesiima olunene.” (Ahzaab, 33 : 71)

Omulumwa gw’ensi eno yonna eyatondebwa ng’eva mu kwagala Allah kwe yalaga ebitonde bye n’eri obuntu bwonna, gwatondebwa mu kitangaala kya Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe). Bwe kityo, omulumwa gwa Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe), kye kifaananyi ky’endabirwamu mu nsi y’okwagala. Ekitangaala ky’okwagala ekikwatiridde okutonda kyafuula eggulu n’ensi okubeerawo. Allah yayogera ku Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) n’ebigambo “ye ggwe omwagalwa wange!” Bwatyo n’amufuula akasolya k’entikko y’obutonde. Akasolya kaali waggulu ddala nti Allah yayatula erinnya lya Muhammadi wamu n’erinnya lye era n’aliteeka ku lubaawo lw’okugera ku ntandikwa ng’akozesa ebigambo.

“Teri Katonda okuggyako Allah, ne Muhammadi Mubaka wa Allah.”

Nnabbi Adam (emirembe gibeere ku ye) olwalaba ebigambo ebyo nga biri ku ggulu yasaba Allah amusaasire olwa Muhammadi bwe yali asindikibwa mu nsi bwe yalemerwa. Allah yamusonyiwa n’agamba nti:



“Adam! Oyo y’asinga okubeera omwagalwa gyendi mu bintu bye nnatonda. Bw’oba osaba, saba ku lulwe. Kati nkusonyiye nga bw’onsabye ku lulwe. Singa ssi ye, sandikutonze. (Haakim, Mustadrak, II, 672, Bayhaqi, Dalaa-ilu, V, 488 – 489)

Allah, mu Kulaane, akakasa ekitiibwa kino, n’eddaala ery’enjawulo bye yawa Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) n’agamba nti:

“Ne tukusitula mu kukwogerako.” (Inshiraahi, 94 : 4)

Abavvuunuzi abamu *aya* eno baginnyonnyola bwe batyi:

“Owange gwe Omubaka wange! Erinnya lyo lyayogerebwa n’erinnya lyange mu kigambo kya *Shahaada*.

Ekigambo ky’obukkiriza kitandika ne “Teri asinzibwa mu butuufu”. Kino kitegeesa kujja byonna ebisinzibwa ebirala mu mutima. Kino kinnyonnyolwa ng’okukuumma omutima okuguggyamu okwagala n’okwegomba.

“Tolaba oyo eyafuula okwagala kwe Katonda we?” (Furqaan, 25 : 43)

Oluvannyuma lw’okuggyga bakatonda abalala bona mu mutima, ebigambo “okuggyako Allah” ne bijja. Kino kitegeesa okuijuza ekifo ky’omutima ogumaze okutukuzibwa ne guggyibwamu ebintu ebirala byonna bye bagatta ku Allah, ekitangaala kya Allah.

Era nga bayita mu bigambo bino eby’okwatula Shahaada y’obukkiriza “Muhammadi Mubaka We” okwagala Omubaka (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kuteekewa mu mutima. Olw’omuntu aba afunye obukusike ebiri mu kigambo afuna ekifo kye mu bantu abaagala Allah ne Nnabbi we era ne yeegatta mu nnyiriri z’abo abeesima.

Eyo ye nsonga lwaki okunnyonnyola Obumu bwa Allah ne Muhammadi okubeera Omubaka We era omuddu We kwe kukakasa okuggalawo okuva ku lulimi n’omutima gw’omuntu, era nga bwe bityo ke kalombolombo akakulu mu Busiraamu akayingiza omuntu mu kibiina ky’Abakkiriza.

Katonda waffe yatonda ensi eno yonna, era n’atonda Kulaane n’abantu, okusinziira ku bisaanyizo eby’amaanyi ge n’ebitendo bye, era n’abawunda ng’asinziira ku kiragiro n’amaanyi ebitukuvu. Ensi eno

eriwo, etambula okuva ng'obutakoma tebunnabeerawo okutuuka ku butakoma, erina enteekateeke ey'okwegendereza n'obutebenkevu obtuukiridde era nga ly'essomero ery'obumu ebituukiridde.

Ku wankaaki w'essomero lino ery'Obumu, ne ku ggulu ne ku nsi kuwandiikidwaako ebigambo.

لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ مُحَمَّدٌ رَسُولُ اللَّهِ

(Laa ilaaha illa Llaahu Muhammadun rasuulu Llaahi)

“Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah; Muhammadi muba-ka wa Allah.” Teri kaweke katamujjukira (Allah) era teri kaweke katala-ga maanyi Ge.

Olw'okuba nga waliwo enkwatagana ku kumanyiiragana wakati wa Omuronzi be bye yatonda, buli kaweke kaweebwa okwagala okutukuvu ng'obusobozi mu nsong a eno buweebwa omuntu, kubanga omuntu ye ntikko y'okutonda.

Omuntu aweebwa okwagala okutukuvu okw'amaanyi n'amazima ag'omwoyo. Omutima gwe gwambazibwa omwoyo gw'eddiini. Olw'en-songa eyo, okukkiriza Allah kwatandika n'okutandika kw'obuntu, era kujja kugenderera okutwaliriza ekitundu ekisinga obunene olubeerera. Wabula wajjanga kubeerawo abantu abatono abalina obwongo obusa-saanye abajja okugaana okukkiriza era bagoberere okwagala kwabwe okw'omubiri. Kulaane eagamba nti:

“... Ekitangaala Kye kijjula wadde ng'abatakkiriza kino bakitam-wa.” (Tawuba, 9 : 32)

Eggemo ly'okutendereza Allah bwe lisanga ekisenge mu mutima gw'omuddu we, omuddu asinza Allah Yekka, era omwoyo gwa aya eno gubaawo.

“Abakkiriza be bo bokka singa Allah aba ayogeddwaako emitima gyabwe gikankana.” (An'faal, 8:2)

Bwe kityo ekituu fu kisimba amakanda. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ayogera ku bukulu bw'ekifo nga kino bw'atyi:

“Ng’olugoye bwe luyulika ne lukaddiwa, n’obukkiriza mu mutima bwe buyulika ne bukaddiwa. Mu mbeera eyo, zza obuggyga obukkiriza bwo n’okulangirira obukkiriza (tawuhidi - obumu bwa Allah).”

Okutendereza Allah bwe kutasimba makanda mu mutima, omuddu tasobola “kufuga kusikirizibwa kwe okudda eri okwagala okw’omubiri. Allah abantu ab’ekika ekyo aboogerako bwati:

“Tolaba oyo eyafuula okwagala kwe Katonda we? Abaffe osobola okubeera amumalira ensonga ze?” (Furqaan, 25 : 43)

Kino kitegeeza nti okulangirira Shahaada kuteekeddwa okutukuma okutujja mu mazzi g’okwagala kw’omubiri, ne kutukulembera okututuusa eri okugoberera empisa za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe). Ekitali ekyo, tetuyinza kufuna kulunngamizibwa na mpeera kuva gy’ali.

Banyumya nti waliwo omuntu eyali tagoberera mpisa za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) eyaloota ng’alaba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe). Naye Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yali tamufaako. Mu mbeera eyo, omusajja yabuuza Nnabbi nti:

“Mubaka wa Allah! Oli munyivu gye ndi?”

Ko Nnabbi nti: “Nedda”.

Ko omusajja nti: “Ate lwaki tonfaako?”

Ko Nnabbi nti: “Anti sikumanyi!”

Ko omusajja nti: “Mubaka wa Allah! Butya bw’obeera nga tommanyi? Nze ndi mu bantu b’Ekibiina kyo ate ng’abamanyi batugamba nti okumanya abantu b’Ekibiina kyo kyangu gy’oli okusinga maama azaalira ddala omwana bw’amanya omwana we...”

Nnabbi kwe kumuddamu nti:

“Ekyo kituufu ddala! Wabula sirina kintu kyonna mu mpisa zange kye nsobola kukumanyirako. Jjukira nti abantu bange mbamanya okusinziira ku ngeri gye bagobereramu empisa zange.”

Omuntu ono bwe yazuukuka yawulira ennaku olw’engeri gye yalimu, era n’atandika okugoberera empisa za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira

n'emirembe). Yatandika okwogera Shahaada ng'asabira ne Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) Allah amusaasire. Nga wayiseewo akaseera omusajja yaloota Nnabbi (SAW) omulundi omulala. Ku luno Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yamugamba nti.

“Kati nkumanyi era nja kukuwolereza eri Allah”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ye w'omukwano mu b'emikwano, omuganzi mu baganzi, era asaanira okwagelibwa mu buli ngeri. Era kye kitonde ekitali kyabulijjo. Y'asinga okusanyusa era asinga abantu bona okutya Allah; era y'asinga okubeera omusaasizi era nga ye mulunngamya w'abantu nantalabikalabika. Ye yakyusa abantu abaali bafugika abaana baabwe abato nga balamu wansi w' omusenyu gw'eddungu eryokya, n'abafuula abalina emitima emigonvu, era n'aba-somesa ekitabo kya Allah n'okumanya ensonga. Okumubala nga musukkulumu ku balala bona, era n'okumwagala enjagala etageraageranyizika, kabonera akalaga obukkiriza obujjuvu. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) mu kino agamba bw'atyi:

Toyinza kubalibwa ng'omukkiriza omujjuvu okutuusa lw'onjagala okusinga bwe weeyagala ne bw'oyagala bakadde bo, omukyala wo, n'abaana bo!” (Bukhari, Imaani, 8)

Hadiisi eyo waggulu kulabula kulungi na kuzuukusa. Ku ludda lw'abo abali ewala ennyo n'okwagala, amakubo agabatuusa eri ekitaangaala ky'omwoyo n'okukulaakulana kwa gwo maggale. Empeke y'okwagala emerera mu ttaka ly'okwagala n'efuna ekikoola. Ye ye nsibuko y'emikisa gy'omwoyo. Ettaka lye ery'okwagala likyusa emyoyo egyakadiwa ne ligifuula ebikomo ebitali bitabule.

Bannabbi n'abatukuvu abaafuna ekitangaala nga bakiggya ku kitangaala kya Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bamujulira ng'omwezi bwe gujulira okubeerayo kw'enjuba. Eyo ye nsonga lwaki mu buli mutima ogugamba nti:

أَشْهَدُ أَنَّ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَأَشْهَدُ أَنَّ مُحَمَّدًا عَبْدُهُ وَرَسُولُهُ

(Ash'hadu an laa ilaaha illa Llaahu, wa ash'hadu anna Muhamma-dan abduhu wa rasuuluhu) “Njulira n'omwoyo ne nkakasa n'olulimi nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah era njulira nti Muhammadi muddu we era mubaka we”, ekitangaala ekitukuvu kikoleezebwa ng'en-



dabirwamu bwezza ekitangaala. Emitima egoy gifuna essanyu eritalojje-ka nga liva ku kweyoleka kw'ekitangaala kino.

Embeera ya Bilaali Omuhabash eyafuna essanyu ery'ekika kino etuwa eky'okulabirako ekirungi. Bilaali yali musajja awangaala yekka nga talina wa luganda oba kintu kyonna kya kwekwatako. Yali muddu buddu. Naye olunaku lumu yafuna ekitiibwa ky'ekitangaala ky'obukkiriwa. Okubonaabona kwe yatuusibwako oluvannyuma ng'anyweredde ku bukkiriza bwe, kwali kwa maanyi nnyo okugumira, okutuusa okunywewera kwe ku nsonga bwe kwafuuka ekifaananyi eky'okulabirako eri Abasiraamu abali mu kulwana ku lw'obukkiriza bwabwe.

Yalaba ekyenyi n'ekitangaala kya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era n'aloza ku kwagala kwe. Okubeerawo kwe kwonna kwali kitundu ku Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Naye, Mukama we eyali talina mukisa kuva mu kitangaala ekitukuvu yamutulugunya ng'alagira bateeke ekifuba kye ekyereere wansi mu ddungu eryali lyokka ng'eryanda. Mukama we era yalagira omubiri gwa Bilaali okutaali kagoye konna gukubwe kibooko. Omusaayi gwatiiriika okuva mu ddiba ly'omubiri gwe omuddugavu. Bo abantu abatalina buvunaanyizibwa abaali bamwetoolodde nga bwe bamukowoola nga basaakaanya nti:

“Muddu ggwe omukyafu! Komawo ewaffe osobole okutaakiriza obulamu bwo.”

Wabula ye yawulugumanga buwulugumi ng'empologoma n'awog-gana ng'ayogera ekigambo kya Shahaada.

Olwawulira kino, abantu abo abataali ba buvunaanyizibwa baataama bugo ne batandika okumukuba era ne bamukubira ddala. Bwe baalemwa okwemalako ekiruyi, baamukuba emiggo mu nsingo ne bamusibamu omuguwa ne batandika okumuwalula nga bamwetolooza mu nguudo za Makka. Awamu n'ekyo Bilaali omuhabashi obuddukiro yabunoonya mu kwagala Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Yali tawulira bulumi wabula omutima gwe gwali gujjudde okwagala Omubaka. Omutima gwe gwali munene okwenkana ensi, wadde nga mu by'omu nsi yali ali mu mbeera mbi ddala era nga yali talina ky'alina.

Bwe kutyo okwagala kwa Bilaali (Allah amusiime) kwamusitula eddaala, n'ava ku mbeera y'omuddu owa bulijo n'afuuka omufuzi w'emitima. Yafuuka muazzin (omwaziinyi) wa Nnabbi. Ne mu kiseera ky'okufa okwagala kwe yali awulira eri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwali ku mutima gwe era kwe kugamba ng'atuusiza okussa omukka omuvannyuma nti:

“Sanyuka, sanyuka! Mbuuka ngenda ewa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe).

Olw'ekyo tulina okwetegereza amakulu agali mu kigambo kya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kino:

“Omuntu abeera n'oyo gw'ayagala okusinga....” (Bukhari, Adab, 96)

Tulina okuteekayo okufaayo okuganyulwa mu bintu *aya* eno by'eyo-gerako.

“Ekyo Omubaka ky'aba abawadde mukitwale ate ekyo ky'aba aba-gaanye mukireke. Mutye Allah kubanga Allah muyitirivu wa kubonyaabonya.” (Hashru, 59 : 7)

Ekitundu ekisooka ku bigambo bya Shahaada, nga ye mpagi esinga obukulu mu Busiraamu, kiraga mu bufunze omuntu nga bwali omuddu omwesimbu eri Allah. Ate ekitundu eky'okubiri kitegeeza okugoberera okulunngamya kwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) okusobola okubeera omuddu omwesimbu eri Allah.

Obulombolombo buno obujja wammanga by'ebisaanyizo ebiteekeddwa okutuukirizibwa, okulangirira kuno okusobola okufuna ekifo mu mutima:

1. *Omutima guteekeddwa okubeera awamu ne Katonda. Kino kisobola okutuukirizibwa ng'omuntu ayita mu kutendereza Allah. Kulaane egamba nti:*

أَلَا بِذِكْرِ اللَّهِ تَطْمَئِنُ الْقُلُوبُ

“.... awatali kubusabuusa mu kutendereza Allah emitima giteben-ker.” (Ra'd, 13:28)

Ekigambo “mutima” tekitegeeza ekinyama kyokka, wabula era ge makkati g'okwagala n'okumanya. N'ekigambo “kutendereza” mu *aya* eri

waggulu tekitegeeza kuddinngana mannya ga Allah mu bigambo kyokka. Kitegeeza okumanya Allah munda mu mutima. Eno y'engeri yokka omutima gye guyinza okufunamu okumatira n'okukulaakulana okw'omwoyo. Era essanyu Allah ly'awa abantu liija mu ngeri eyo.

Emitima egyo, egiba gimaze okutuuka ku kigendererwa ekyo bulijo giba giwundiddwa n'obulungi obutuukirivu. Gyegomba obulungi bw'okubeerawo, era nga gimanyi nti kino si kirala wabula kweyoleka kwa Butuukirivu Obutukuvu.

2. *Okwongera ku kwagala Omubaka wa Allah mu mutima gw'omuntu kutuusa omuntu ku kukwatagana n'abo abaagala Obusiraamu n'okukyawa nga bwe kyetaagisa abo abayigganya Obusiraamu.*

Okwagala kintu ekyetaagisa omuntu okubeera omukkiriza owannamaddala. Ng'omuntu ayita mu kwagala, okusinza n'empisa ennungi bifuukira omukkiriza essanyu n'omikisa.

Engeri omuntu gy'atunuuliramu okubeerawo ekyuka n'efuuka nnungi. Omuntu bw'atyo ategeera ebikusike ebiri mu njuba evaayo ku makya n'enjuba egwa akawungeezi. Omuntu yeewuunya obukugu bw'omusiizi w'ebifaananyi ebirungi; naye butya langi ennyingi ezeetabudde mu butonde nga zikyuka buli kadde mu lunaku olumu... Tunuuulira ebimuli ebirina langi ez'enjawulo okugeza ng'ebimuli bya looza n'ebirala butya bwe bayinza okujja kala ezo zonna mu ttaka eriddugavu? Mu bufunze, omuntu bwe yeetunuulira n'atunuulira n'ensi ng'abitunuuliza omukwano n'okwagala asobola okusikirizibwa n'ebywunyo ebirimu.

3. *Omuntu asobola okubeera mu bumu n'abaddu ba Allah abatukuvu n'asobola okukoppa engeri gye basinzaamu n'engeri gye beeyisaamu.*

Okusinziira ku masomo g'omwoyo "ebintu ebiramu oba ebikuyakayuka biba bisobola okusaasaana," enneeyisa n'empisa bisobola okukwata abantu ng'obulwadde obukwata bwe bukola. Basswahaba, abaaliko abantu abatamanyi mu biseera ebimu, baafuuka abantu abasinga okubeera n'empisa mu nsi, nga bino babifuna okuva mu kufuna obubaka, okufuna ekitangaala, wamu n'amaanyi ag'omwoyo bye baafuna

okuva mu kubbeera mu darasa za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe).

Mu butuufu, embwa y'abasajja b'omu mpuka omusanvu (Aswhaa-bul Kahfi) gye baayitanga Kathmir yafuna emikisa ng'eyita mu kusobola okubeera awamu n'abantu abalongoofu (wadde nga yo yali mbwa bubwa). Kulaane eyogera ekyafaayo kino eky'abasajja omusanvuabee-baka n'embwa yaabwe era nga kirimu eky'okuyiga.

4. *Omuntu alina okukwata obulungi ebitonde ku lwa Allah.*

Ebiseera bingi Allah aweereza abaddu be obubaka obukwata ku mannya ge "Omusaasizi ennyo" era "Ow'ekisa ekingi" n'amannya ge amalala. Abaddu be abateekamu obusaasizi. Omuntu ayagala Katonda ebitonde bye aba alina okubisaasira n'okubikwasa ekisa. Olaba n'okutta omusota ogw'obutwa kulina okukolebwa n'obwegendereza obatalumya musota guno mu ngeri eteetaagisa.

Bino bye biraga okulangirira obukkiriza nga kye kisumuluzo ky'Ejjana, ge mannyo g'ekisumuluzo ky'Ejjana.

Banyumya nga babijja ku wahb bin Munabbih lumu baamubuuza nti:

Ebigambo ﷺ “Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah!” si kye kisumuluzo ky'Ejjana? Yaddamu nti:

“Kituufu naye ekisumuluzo kibeera n'amannya. Bw'oba olina ekisumuluzo ekirina amannya, olwo oluggi lw'ejiana lusobola okuggulwawo. Ekitali ekyo teruggulwawo.” (Bukhari)

EBIGAMBO EBISINGA OBUZITO KU MINZAANE (KU LUNAKU LW'OKULAMULA)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti:

“Mazima ddala, Allah ajja kulonda mu lujjudde mu bantu bange omuntu omu ne fayilo 99 nga nnene nnyo eziisobola okulabibwa omuntu yenna. Zijja kubikkulwa olwo Allah agambe nti:

‘Oyinza okwegaana ekintu kyonna ekiri munno? Bamalayika bange abawandiika balina kye baakuwandiikako ekitali kituufu?’

Omuntu ajja kuddamu nti:



“Nedda, Katonda wange!”

Allah ajja kuddamu agambe nti:

“Kituufu, olina empeera ze tulaba. Tewali bulyazaamaanyi bugenda kukukolebwako olwaleero”

Ku ludda olumu olwa minzaane wagenda kuteekebwayo fayiro (ziri ekyenda mu omwenda) ate ku ludda olulala wassibweyo olupapula lumu oluliko Shahaada

أَشْهَدُ أَنْ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَأَشْهَدُ أَنَّ مُحَمَّدًا عَبْدُهُ وَرَسُولُهُ

(Ash'hadu an laa ilaaha illa Llaahu, wa ash'hadu anna

Muhammadan abduhu wa rasuuluhu)

(Njulira n'omwoyo gwange ne nkakasa n'olulimi nti: ‘Teri asinzi-bwa mu butuufu okuggyako Allah, era njulira n'omwoyo gwange ne nkakasa n'olulimi nti Muhammadi muddu we era Mubaka we’)

Era olupapula oluliko Shahaada lugenda kuzitowa okusinga fayiro ekyenda mu omwenda, kubanga tewali kintu kirina kuzitowa kusinga linnya lya Allah.” (Tirmidhi)

Hadiisi eno wammanga ey'ekitiibwa ey'amaanyi era ezitowa egamba nti:

“Okutendereza okusinga obulungi kwe kukozesa ekigambo “لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ” (Laa ilaaha illa Llaahu - Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah); ate okusaba okusinga obulungi kwe kugamba nti, (Alhamdu li Llaahi - Amatendo amajjuvu gonna ga Allah.) (Ibn Maajah, Adab, 55 Tirmidhi, Nasaa-i)

Okulangirira obukkiriza gye mirandira gy'obukkiriza. Okulangirira gye kukoma okwogerwako, obukkiriza gye bukoma okubeera obw'amaanyi era obutuukirivu.

Hadiisi entukuvu egamba nti:

“Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) yagamba nti: ‘Katonda wange! Njigiriza ekintu kye nyinza okukozesa mu kukusinza n'okuktendereza.’

Allah yaddamu nti: “Gamba nti ﷺ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ (Laa ilaaha illa Llaahu - Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah!)

Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) kwe kugamba nti:

“Katonda wange! Njagala kumbuulirayo ekintu eky’enjawulo gye ndi.”

Allah n’amuddamu nti:

“Musa! Singa eggulu zonna omusanvu n’ensi omusanvu nga byonna biteekeddwa ku ludda olumu olwa minzaane ng’olulala kuliko ekigambo ﷺ (Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah) ku mizaane y’emu, ekigambo ekyo kyandizitoye okusinga eggulu zonna n’ensi zonna.” (Nasaa-i)

Ye Kabaka Sulayimaani yali ayita ku kyalo mu kifo ekimu ng’alina eggye eddene ery’amaanyi omwali amajinni n’abantu. Yatuuka mu kiwonvu omwali ensanafu. Ensanafu eyali ekulira zinne waayo bwe yalaba Sulayimaani n’eggye lye kwe kugamba nti:

“Bawansanafu! Muddeyo mangu mu biyumba byammwe, Sulayiman n’eggye lye baleme kubalinnya kubabetenta nga tebamanyi! Obwakabaka bwa Sulayimaani (emirembe gibeere ku ye) bwa maanyi nnyo aija kubabetenta! “Muddeyo mangu mu biyumba byammwe!”

Nnabbi Sulayimani (emirembe gibeere ku ye) Allah gwe yawa obusobozi obw’enjawulo okuva mu ggulu nga yali asobola okutegeera enni-mi z’ensolo n’ebiramu ebirala yawulira ebigambo by’ensanafu enkulu kwe kugiddamu nti:

“Nedda! Obwakabaka bwange bwa kiseera! N’obulamu bwange obwo ku nsi buliko ekkomo. Sso nga essanyu omuntu ly’afuna ng’ayo-gedde ekigambo kya tawhiidi omulundi gumu, teririiko kkomoo!”

Ebikwata ku kusoma ekigambo kya Shahaada awamu mu bantu abangi, Twabaraam ayogera hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) eno ejja nti Imaam Ahmada agyogera ng’agijja ku Shaddaad bin Awsi:

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) olunaku lumu yakunngaanya Basswahaba n’ababuuza:

“Mulinamu Abantu b’Ekitabo (abagoberezi ba Kristo n’Abayawudi) mu mmwe?”

Baamuddamu nti, "Nedda, Omubaka wa Allah."

Wano Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kubagamba baggalewo oluggi; olwo n'abalagira bw'atyi:

"Musitule emikono gyammwe mutendereze Allah nga mwogera ebigambo bino,

اللَّهُ أَكْبَرُ (Laa ilaaha illa Llaahu - Teri asinzibwa mu butuufu okugyako Allah).

Shaddaad bin Awsi anyumya ebyali mu lukunngaana olw'okutendereza bw'atyi:

"Twatendereza Allah nga tuyita mu kwogera ebigambo teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, oluvannyuma Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yasaba edduwa eno.

"Katonda wange! Wanjawula nga Omubaka wo olw'ekigambo kino. Wandagira okukyogera. Wandaganyisa Ejjana nga nkyogedde. Ate Ggwe tomenya ndagaano Yo!"

Oluvannyuma Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba Basswhaba be bw'atyi:

"Muntegere amatu! (Mumpulirize) ngenda kubawa amawulire ag'essanyu! Musanyuke, Allah, abasonyiye (amazambi gammwe)." (Ahmada bin Hanbali, Twabaraani).

Hadiisi endala eyeesigika egamba nti:

"Okulangirira nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah kya muwendo nnyo mu maaso ga Allah. Kulina ekifo ekirungi mu maaso ga Allah. Omuntu akyogera nga mwesimbu mu butuufu bwakyo Allah amuyingiza Ejjana. Era omuntu akyogera ng'amala gakyogera ku lulimi, naye nga tekiva ku ntobo ya mutima omusaayi gwe n'eb'obugagga bye bikuumbwa; naye aba ajja kulamulwa olw'ekyo ku Lunaku lw'enkomero." (Jam-ul Fawaa-idu, I, 23)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era agamba nti: "Langirira amawulire amalungi eri abantu abagenda okukuddira mu bigere! Omuntu yenna ayatula nti:

لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ “Laa ilaaha illa Llaahu - Teri asinzibwa mu butuufu okugyako Allah) ekyo ng’akyogera mu bwesimbu era ng’akijja ku ntobo ya mutima gwe ajja kuyingira Ejjana. (Jamul Fawaa-it, I, 18)

Omuntu ayogera ekigambo لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ (Laa ilaaha illa Llaahu - Teri asinzibwa mu butuufu okugyako Allah) aba ateekeddwa okwesamba okwagala kw’omubiri n’eb’ensi ebirala ebimutwaliriza eri okugyema, era aba ajja kugenda mu maaso okutuusa omutima gwe bwe gujjula ekitangaala kya Allah kyokka era n’amegezi n’ebikusike ebitukuvu; era mu mbeera eno agenda yeeyongera okulowooza ku bunafu bwe n’ekitiibwa kya Allah. Okugaziya ku nsongna eno kyalangirirwa nti:

“Oyo eyeemanyi obulungi, era aba amanyi Katonda we.”

OKuva mu kyama kino waliwo ekintu ekikulu ennyo ekyetaagisa okutegeera.

Amaaso ga Allah gatunuulidde butereevu omutima ogujjudde okwagala Allah. Omu ku bayizi yabuuza Bayazid al-Bastami nti: “Mbuuliraayo engeri y’okusinza ensembeza okumpi ne Allah!”

Bayazid al-Bastami yamuwa amagezi bw’atyi:

“Yagala abaddu ba Allah abatukuvu! Gezaako okuwangula emitima gyabwe; kubanga Allah akebera mu mitima gyabwe emirundi 360 olunaku. Leka Allah bw’aba alambula emitima egyo akusangemu.”

OKULANGIRIRA OBUKKIRIZA MU KASEERA K’OKUFA

Omuntu okusobola okulangirira Shahaada nti لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ (Laa ilaaha illa Llaahu - Teri asinzibwa mu butuufu okugyako Allah; Muhammadi Mubaka wa Allah) - kalimatu tawuhiidi -) ng’omuntu assa omukka omuvannyuma kintu kya mukisa nnyo. Naye okwogera ekigambo ekyo mu kamwa kuteekwa okubeera nga kuwangudde emitima gyaffe olwo tusobole okukyogera nga tussa omukka omuvannyuma. Bwe tusobola okuwangaalira ku bisaanyizo by’ekigambo ekyo, olwo kiba kijja kuba nga kitusiwi mu mitima gyaffe. Omuddu bw’abeera nga tamanyi biragiyo by Allah, waba wa kubeerawo ebbanga eddene wakati we n’okulangirira obukkiriza, ate omuddu bw’abeera nga tasobodde kwemalako butamanya bwe, ebbanga lyeyongera bwetyongezi okugaziwa, era n’okwatula obwatuzi ekigambo kuba tekujja kumumala. Kino kimalamu nnyo

amaanyi. N'olw'ekyo buli kaseera mu bulamu bwaffe kandibadde katekebwateekebwa okusinziira ku bisaanyizo eby'okulangirira obukkiriza nga kino tukikola tusobole okufuna essanyu ery'olubeerera. Ekyafaayo kino ekijja ekyaliwo mu biseera bya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kiwa ekifaananyi ku nsongna eno:

Waliwo omuvubuka eyali munnaddiini ng'ayitibwa Alqama nga yali omu ku Basswhahaha ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Alqama yali muwlize era teyalaganga kwekaanya kwonna ng'aweeddwa obuvunaanyizibwa bwonna.

Ekitendo kye kino ne Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yakisiima ng'era akitendereza. Naye bwe yali asemberedde okufa yalemererwa okwatula ekigambo ky'obukkiriza. Oluvannyuma Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) baamubuulira ku mbeera ye. Olw'oku ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yali ayagala nnyo omuvuboka ono yasutukiramu n'agenda okumulaba era n'amubuuza ekyali kigenda mu maaso. Omuvubuka yamuddamu nti:

“Mubaka wa Allah mpulira nninga alina ekintu ekiringa kkufulu ku mutima gwange.”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kubuuza abantu abaaliwo oba waaliwo ekintu ekyali kiyinza okulobera omuvubuka oyo okwatula ekigambo eky'obukkiriza. Bwe beebruza, bakisanga nga Alqama yali yanyizaako maama we ng'era maama yali akyali munyiivu gyalii. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yayita maama w'omuvubuka engeri gye yali amwagalamu olw'emirimo emirungi gye yali akoze.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yabuuza maama wa Alqama bw'atyi:

“Singa omuntu akumye omuliro ng'ayagala kusuulamu mutabani we amwokye, omukyala oyo ekyo ky'aba agenda okukola oyinza okukiwagira?”

Maama eyali mu kwennyamira yaddamu bw'atyi:

“Nedda Mubaka wa Allah ekyo siyinza kukyagala!”

Nnabbi kwe kumugamba nti:

“Bwe kiba bwe kityo, kati wandisonyiye mutabani wo ebyo ebyamu-sobako. Muggyeeko omusango ku bikwata ku buvunaanyizibwa bwe gy’oli!” (Tanbiihul Ghaafiliina, 123 - 124)

Maama eyali awulira obubi mu mutima yasonyiwa omwana we bwe yamala okulaba ekisa eky’enjawulo n’okusaasira Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kye yalaga eri omwana oyo. Yakkiriza n’aleka bye yali avunaana mutabani we. Omuvubuka bw’atyo yasobola okwatula ekigambo ky’obukkiriza awatali kuwulira nkenyera oluvannyuma n’afa.

Waliwo ebintu bingi ebifaanana n’ekyafaayo kino mwe tweyonoo-nera eddiini yaffe n’obulamu bwaffe obw’oluvannyuma. Kulaane ne Hadiisi za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) byekwese mu kulangirira obukkiriza. Tusaba Katonda atukuume tuleme kubera mu bagyeemu abatafaayo era atusobozese okwatula ekigambo ky’obukkiriza, nga Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) bwe yagamba nti:

“Oyo yenna asobola okulangirira Shahaada nti, ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’ ng’ekigambo kye ekisembayo (nga tannafa) mu nsi muno, wa kuyingira Ejjana” (I. Canan. Kutbu al-sitta Muhtasar, II, 204)

OMUWOLEREZA OMUKULU

Okulangirira obukkiriza kukola ng’omuwolereza eri abalangirizi ba kyo mu maaso ga Allah. Kimuwolereza mu ngeri ematiza okutuusa omuddu lw’asonyiwbwa. Hadiisi ey’ekitiibwa egamba nti:

“Waliwo empagi mu ggulu ekoleddwa mu kitangaala ekitukuvu. Omuddu bw’agamba nti “teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah” empagi eno etandika okwenyeenyenya. Olwo Allah n’agigamba nti:

“Tewenyeenya!”

Empagi eddamu nti:

“Omuddu eyayogedde alangiridde obukkiriza tannaba kusonyiyibwa. Butya bwe nsirikira wamu ne sseenyenya?”

Allah addamu n’agamba nti:

“Ddala musonyiye.”

Olwo empagi n'esirisa okwenyeenya.” (Bazzaari).

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era agamba nti:

“Abantu abalangirira obukkiriza tebalina mutawaana mu ntaana zaabwe era tebajja kubeera na mutawana ku Lunaku lw'okulamula. Nsemberera okuwulira ebigambo bye boogera nti “Tukwebaza Allah Gwe eyatwozaako ennaku n'ebitutawaanya n'obituggyako.” Ng'ebigambo ebyo byogerwa abantu abo we baviira mu ntaana nga beekunkumulako ettaka.” (Fadhwailul-A'amaal, 478)

“Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah” kitegeeza kukimanya bulijo na kukiwulira munda ku ntobo y'omutima. Okulangirira nti “Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah” nga kukoleddwa bulungi era mu bwesimbu y'engeri y'okusinza ensukkulumu ku ngeri z'okusinza endala zonna. Obubaka n'okukowoola kwa Bannabbi bona bifunziddwa mu kulangirira kuno. Ye nkizi y'eddiini zonna entuufu.

“Tetwatuma Mubaka yenna nga tetunnakutuma okuggyako nga twamutumira obubaka nti mazima ddala teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Nze. Kale nsinza.” (Anbiyaa, 21 : 25)

Okusaasira kwa Allah eri abaddu be n'abasonyiwa tekulina kkom. Nga bwe kiri mu Kulaane, Allah ayinza okusonyiwa ebyonoono byonna okuggyako okumugattako ekintu ekirala. Era nga bwe kiri mu hadiisi za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), Allah ajja kubonereza abo abaamugyemera n'abo abalemera ku ky'obutalangirira bukkiriza. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti:

“Singa omuntu ayogera ekigambo ky'okukkiriza n'atalondawo nsi kugisussa ku ddiini obusungu bwa Allah tabumuteekako. Naye bw'alondawo ensi mu kifo ky'okulondawo eddiini era n'agamba nti, “Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah”, Allah amugamba nti: ‘Toli mwesimbu mu ebyo by'oyogera!’” (Fadhwailul A'amaal, 481)

Abu Hurayira anyumya bw'atyi:

“Lumu nnabuuza Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) nti: ‘Ani alisinga okuganyulwa mu kuwolereza kwo ku Lunaku lw'okulamula?’ Nnabbi yaddamu nti:

‘Era nnabaddde nsuubira nti ggwe ojja okusooka okumbuuza eki-buuzo bwe kityo engeri gye mmanyi engeri gy’ojjumbiramu ebinkwatako. Omuntu ajja okusinga okuganyulwa mu kuwolereza kwange y’oyo agamba nti, ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’ mu mazima era nga mwesimbu ng’akijja ku ntobo y’omutima gwe.....”(Bukhari)

Baraa anyumya bw’atyi:

“Mu lutalo lw’e Uhudi waliwo omuntu eyalina ekyambalo ky’olutalo mu maaso ge eyajja ewaali Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) okulangirira nga bw’ayingidde Obusiraamu. Naye bwe yalaba olutalo lunyinyitidde kwe kubuuza Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) bw’atyi:

“Mubaka wa Allah! Nsooke nngende nneetabe mu lutalo oba nsooke kwatula kukkiriza kwange mu Katonda Omu?”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yamugamba nti:

“Sooka oyatule okukkiriza kwo oluvannyuma weetabe mu lutalo!”

Amir bin Thabit yagoberera Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kye yali amugambye, era nalwana n’obuzira. Oluvannyuma Nnabbi bwe yalaba omulambo gwe mu bazira abaali bafiiridde mu lutalo yagamba nti:

‘Yakoze kitono naye n’aganyulwa kinene! (Ramazanoglu Mahmud Sami, Uhud Gazvesi, 35)

OBULUNGI BW’OKULANGIRIRA OBUKKIRIZA

Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba nti:

“Waliwo olutimbe wakati wa Allah na buli kimu mu bitonde Bye. Naye tewali lutimbe lusiikiriza bigambo ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’ n’emikisa taata w’omwana gy’awa mutabani we.” (Tirmidhi)

Kigambibwa nti:

Waliwo ebizikiza bya ngeri ttaano era n’ettaala ezibyakira ttaano:



- a. Okwagala ensi eno ekyo kizikiza, ate okutya Allah kye kitangaala ekyakira okwagala okwo.
- b. Ekyonoono ekyo kizikiza; okwenenya y'ettaala ya kyo ekyakira.
- c. Entaana ekyo kizikiza, okwatula nti ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’ buli kiseera y'ettala egyakira.
- d. Obulamu obw’oluvannyuma ekyo kizikiza, emirimo emirungi y'ettaala eyakira obulamu obwo.
- e. Olutindo olugenda mu Jjana ekyo kizikiza; obukkiriza obwanamaddala ekyo kye kitangaala ky’olutindo olwo.

Omuntu oyo asobola okwenyweza ku bitangaala bino afuna essanyu ery’olubeerera. Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba nti:

“Ku lunaku lw’enkomerero, Allah ajja kulagira nti oyo yenna eyalangirira nti, ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’ n’aba ng’alinamu akanyikuuli ak’obukkiriza mu mutima gwe, muleke ave mu muliro! Oyo yenna eyalangirira nti teri.... oba nanzijkira, oba n’abaako we yantiira, mumuleke ave mu muliro!” (Haakim)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba nti: Omu mu mmwe bw’afuna wuzu n’agamba nti, ‘Njulira nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, nti era muhammadhi Mubaka we era muddu we’, emiryango gy’Ejjana omunaana giggulwawo ku lulwe, n’ayingirira mu gumu ku miryango egyo gw’aba ayagadde. (Muslim, Twahaarat, 17: Abu Dawuda, Ibn Maajah)

Okulangirira obukkiriza kye kitangaala ky’omutima. Mu ngeri y’emu era kye kitangaala ky’ekyenyi ky’omuntu.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba nti:

“Abaana bo batandise okwogera n’ekigambo, ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’. Bayigirize okugamba nti, ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’ nga batuusizza okufa, kubanga omuntu yenna ayatula nti, ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’ nga kye kigambo kye ekisembayo mu nsi muno, tavunaanibwa zambi lyonna ne bw’awangaala emyaka lukumi,” (Bayhaqi)

Wabula omuntu okuleka shahaada n'etambuza obulamu bwe kintu kikulu nnyo, kubanga embeera ye ng'assa omukka omuvannyuma eba ejja kusinziira ku ngeri omuntu gye yakolangamu mu ngeri eno. Kigambibwa nti Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) lumu yabuuza malayika w'okufa bw'atyi:

Malayika w'okufa! Olabikira mu kifaananyi ki ng'otwala obulamu bw'omuntu? Njagala kukulaba nga bw'olabika mu kiseera ekyo.”

Mallayika w'okufa yamuddamu nti:

Nnabbi wa Allah! Abaffe ekyo osobola okukigumira?”

Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) bwe yaddamu nti, ‘Yee, nkisobola’, Malayika w'okufa kwe kugamba nti:

“Kale kyusa ekyenyi kyo!”

Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) bwe yakyusa ekyenyi kye omulundi omulala Malayika w'okufa yali ali mu kifaananyi ekitiisa era yali atiisa nnyo okutunuulira. Nnabbi Bulayimu ng'alabye ekifaananyi kino yazirika. Bwe yadda engulu yalaba Malayika w'okufa ng'ali mu kifaananyi kye yalimu okusooka n'amugamba nti:

“Ku muntu omukozi w'ebibi kimala bumazi okulaba ekyenyi kyo, ne bw'aba tazzeeyo kutuukibwako kintu kirala!” (M. Sami, Ramazanoglu, Ibrahim Aleyhisselam)

Tekyewuunyisa! Eri omuntu eyawangaala ng'omukkiriza owannamaddala endabika ya Malayika w'okufa ejja kuba tetiisa.

Omuddu aweebwa ebigezo emirundi mingi mu nsi muno. Okukkiriza kwe bwe kubeera okw'amaanyi ebigezo bino abiyita, naye bw'ataba wa maanyi abigwa.

Bwe batyo, abantu bafuna ebizibu, okubonaabona, ennaku n'obulumi mu lutalo lwabwe olw'obukkiriza n'okukola emirimo emirungi. Mu ngeri eno abantu abalongoofu n'abatali balongoofu beeyawulangamu. N'olw'ekyo okubeera obubeezi n'okukkirirza mu Allah tekimala; omuntu yeetaaga okwongerayo ekifo kye ng'ayita mu kwambaza obukkiriza bwe emirimo emirungi asobole okuyita ebigezo ebingi mu bulamu.



Mu *aya* eno ejja, Allah alangirira butya obukkiriza bwe bukwataga-na n'ebikemo:

“Abantu balowooza nti bajja kulekebwa bagambe bugambi nti “Tukkirizza nga tebagezesewa? Ddala twagezesza abo abaabasoo-kawo; era Allah ajja kumanyira ddala abo abategeeza kye bagamba era ajja kumanya abo abalimba.” (Ankabuut, 29 : 2 - 3)

Okusinziira ku kulangirira okuli mu *aya* ya Kulaane eyo waggulu, obukkiriza kyengera era okugezesewa kye kipimo ekipima omuwendo omuddu gw'alina okusasula asobole okukuuma okukkiriza kwe. Allah ayagala abantu be basasulire obukkiriza olwo balyoke bategeera obukulu bw'okukkiriza, ng'abagezesza okusinziira ku busobozi bwabwe. Mu Kulaane mulimu nti:

“Allah yagula ku bakkiriza emyoyo gyabwe n'emmaali yaabwe, n'abawanyisizaamu Ejjana...” (Tawuba, 9 : 111)

N'olw'ekyo abantu balina okuwaayo emyoyo gyabwe, ebintu byabwe n'ebirala mu kkubo lya Allah ng'ebbeeyi y'obukkiriza obutuukirivu. Mu butuufu, emitawaana okubonaabona n'obulumi obw'ensi abakkiriza bye batuukako biwandiikibwa ng'omuwendo ogusasulwa mu nsi nga gwa kuzzibwawo mu Bulamu obujja.

Ku ludda olulala, okufuba kw'abatakkiriza okuyigganya abo abalwana okuwangaala ng'eddiini bw'eragira, awatali kubuu sabuusa, kujja kubatuusa eri Enkomerero embi ey'obulumi mu muliro; kubanga ekyo kibagwanira olw'ensonga bbiri: Esooka tebalina bukkiriza, ate endala bayigganya Abakkiriza.

Mu bimpimpi omuwendo gw'obukkiriza, amakulu omuwendo omukkiriza owannamaddala gw'alina okusasula, kwe kukuuma omutima gwe nga mutukuvu tegulinaamu kusikirizibwa kwewaayo eri muntu oba kintu, atali Allah. Kino kitegeeza kufuba nga bwe tusobola okuyita ebigezo byaffe. N'olw'ekyo okudduka ekikolwa kyonna oba enneeyisa eyinza okwonoona omukisa gwaffe ogw'okusimba n'okulabirira obukkiriza obutuufu kisaanyizo ekiteekeddwa okutuukirizibwa.

Obutuukiriza kisaanyizo kino omuntu kumutwala eri okusaanawo okw'obuliwo n'embeera efuula okwenenya nga tekukyamugasa.

EBINTU EBYONOONA OKULANGIRIRA OBUKKIRIZA.

1. *Okwewaayo eri ebintu ebirala atali Allah.* Allah agamba nti:

“Mazima ddala Allah yabataasa mu bifo bingi ne mu lutalo lw'e Hunayini, obungi bwammwe bwe bwabasigula naye ne butabaako kintu kyonna kye bwabagasa, ensi n'ebafundirira wadde nga ngazi nnyo, olu-vannyuma ne mukyuka ne mudduka.” (Tawuba, 9:25)

Eyo y'ensonga lwaki omuddu yandigoberedde omusingi ogugamba nti Ggwe Wekka Ggwe tusinza era Ggwe Wekka gwe tunoonya okutuyamba.

2. *Obutatwala biragiyo bya Allah n'ebyo bye yagaana ng'ebintu ebikulu.* Kuno kwe kugyemera Allah ne Omubaka we. Ku kino Allah agamba nti:

“Kisoboka kitya nze okwegwanyiza atali Allah okuba Omulamuzi wange (ansalirawo) awamu n'okuba nti Ye ye yassa gye muli Ekitabo (Kulaane) nga kinnyonnyoddwa bulungi. N'abo be twawa Ekitabo (Abayawudi n'Abagoberezi ba Kristo) bamanyidde ddala nti (Kulaane Kitabo) kye twassa mu mazima nga kiva eri Katonda wo. Kale tobeeranga mw'abo ababuusabuusa.

“Era kimaze okutuukirira ekigambo kya Katonda wo mu mazima n'obwenkanya, mpaawo kikyusa Bigambo Bye. Ye ye Awulira era Amanyi byonna.

“Bw'ogondera abo abali ku nsi abasinga, bagenda kukubuza okukuggyga ku Kkubo lya Allah, ate nga tebagoberera okuggyako bye bateeba era tebalina kye bakola okuggyako okulimba.

“Mazima ddala Katonda y'amanyi oyo abula okuva ku Kkubo lye era y'amanyi abalunngamu.” (An'aam, 6 : 114 – 117)

“Abange mmwe Abakkiriza! Bwe mugondera ekibiina ky'abo abaaweebwa Ekitabo (Abayawudi n'Abagoberezi be Kristo) bajja kubazzaayo mu bugyemu oluvannyuma lw'okukkiriza kwammwe!

“Butya bwe mugyema nga aya za Allah zibasomerwa ate nga ne Omubaka we ali mu mmwe. Omuntu oyo eyeekwata ku Allah aba alunngamye eri ekkubo eggolokofu.” (Aali Imraani, 3 : 100 – 101)

“Abange mmwe Abakkiriza! Bwe mugondera abo abaagyema bajja kubazzaayo emabega ku bukongovule bwa mmwe, mubeere abaafaaganiddwa.

“Wabula Allah Ye Mukuumi wammwe era Ye ye Mutaasa asinga.

“Tujja kuteeka entiisa mu mitima gy’abo abatakkiriza kubanga baagatta ebintu ebirla mu kusinza Allah ebyo Allah by’ataabagamba; obuddo bwabwe Muliro ate nga obwo bwe buddo obusinga obubi eri abalyazaamaanyi.

“Allah yatuukiriza endagaano gye yabalagaanyiza bwe mwali mubatta (abalabe) n’obuyinza bwe; okutuusa lwe mwaggwaamu amaanyi ne muyombagana ku kigambo wakati wammwe ne mugyema oluvannyuma lw’okubalaga kye mwagala. Mu mmwe mulimu ayagala obulamu bw’ensi, era mu mmwe mulimu ayagala Enkomerero. Oluvannyuma n’abaddusa ne mubaviira alyoke abagezese. Yabasonyiwa era awa obulungi Abakkiriza.” (Aali Imraani, 3 : 149 – 152)





ESSWALA (SWALAT / NAMAZ)

*Empagi Esooka Ey'okusinza Okw'Obusiraamu,
Empagi y'Eddiini, Ekitangaala ky'Obukkiriza,
Era Entambula Ey'okulinnya kw'Abakkiriza.*



"Mazima ddala beesiimye Abakkiriza. Abo abeewombeefu mu sswala zaabwe." (Mu'minuuna, 23 : 1 – 2)



Obulamu bw'omuntu bujjuppe obubonero obulaga okunoonya ekituufu okusobola okutuuka ku Mutonzi w'ensi. Obubonero buno buva mu kukkiriza kwaffe okuli mu butonde bw'okwagala okukkiriza n'oku-sinza. Bino biri munda era bizimbiddwa mu bubumbwa bw'omuntu. Abo abasigala nga baggyidwaako amazima amatukuvu ne babula nga baddira ebintu ebtalina maanyi ne babifuula bakatonda be basinza, ebintu ebitasobola na kwetuusaako ebyetaago ebyabyo eby'obutonde kino nga kyalabika mu biseera ebyayita n'olwaleero, bakomekkereza nga bagoberera amakubo agatategeerekeka era agatali matuufu. Bwe kityo olwaleero obukadde n'obukadde bw'abantu basinza ebintu ng'ente, so ng'era bangi mu bo okugeza ng'abagoberezi b'eddiini ezaakyusibwa abalina endowooza egamba nti Katonda alina ebitendo by'abantu, so nga Katonda talina kimukendeerako era y'agabirira era alabirira ensi yonna.

Kino kiraga nti omuntu yeetaaga okubeera omuweereza era nti yee-taaga okutuukiriza ebisaanyizo ebimusobozesa ekyo okukituukiriza (eki-gendererwa). Bwatyo Allah agamba mu Kulaane nti:

Satonda majinni na bantu okuggyako lwa kunsinza.” (Dhariyat, 51 : 56)

Kino kitegeeza nti olw'okusalawo kwa Katonda, omuntu muddu ate engeri gy'awangaalira mu kyama eky'obuweereza, ali mu mbeera ya bwetaavu (lubeerera). N'olw'ekyo omuntu ateekeddwa okutuuka ku kwesiima n'obuwanguzi ku ddaala ly'asoboleramu okutwala okusikirizi-



bwa kuno okw'obutonde eri okugoberera (okufuna) ekitiibwa n'okugulimizibwa kw'omuntu. Era olwo n'abeera ng'aweereddwa obuvunanyizibwa bw'okutendereza n'okusinza Katonda we. Ggye bigweera ng'ebitendo byonna ebisukkulumu omuntu bye yaweebwa nga byonna biri ku nsonga ya kutuukiriza bувunaanyizibwa buno. Kulaane egamba nti:

“Gamba nti, ‘Katonda wange tabafaako singa ssi kusaba kwam-mwe.” (Furqaan, 25:77)

Bwatyo, Allah mu *aya* eno, ne mu *aya* endala nnyingi mu Kulaane ayogera nti omuntu yeetaaga okubeera n'obukkiriza. N'olw'ekyo abakkiriza abagenderera okusembera mu maaso ga Allah n'emitima emirungi benyweza ku nsulo ennungi ez'ebikolwa eby'okusinza ebityitibwa emirimo emirungi era n'omutima ogwagala, basaabala okugenda mu liyanja ly'obumu ne Katonda waabwe. N'esswala awatali kubuusabuusa, kwe kusinza okusinga obunene n'obukulu okutuusa omuddu eri eriyanja ly'okwegatta ewa Katonda. Kino kiri kityo kubanga esswala ggwe musingi era entikko ey'ebikolwa byonna bwe tuba tutunuulidde ebigirimu, gy'ekoma n'eddaala.

Ebitonde byonna mu nsi, nga mw'otwalidde enjuba, omuddo ogwakiragala n'emiti byonna bitendereza Allah. Ebinyonyi, ensozi n'amayinja byonna bitendereza Allah mu ngeri gye tutamanyi. Ebimera bitendereza Allah nga biyimiridde; ebisolo bimutendereza abikutamye, ate ebantu ebtalina musaayi (bulamu) byo Allah bimutendereza byebasse wansi. Ebitonde ebyo mu ggulu nabyo bwe bityo. Bamalayika abamu batendereza Allah nga bayimirdde, abalala nga bakutamye n'abalala nga beebase wansi. Wabula esswala Allah gye yawa omuntu ng'entambula emulinyisa (emutuusa ku kulinnya) bino byonna ebikunganya (eby'okusinza). Bwe batyo abo abasaala n'omutima ogumu bafuna empeera ezitalika era n'okweyolekerwa okw'omwoyo okuva ekikolwa kino eky'okusinza lwe kikungaanya ensinza yonna ebitonde byonna ebyo ku nsi eno n'ebyo mu endala zonna ze bisobola okukola.

Solomon Chalabi ekintu kino ekyeyawulidde esswala akiteeka bulungi mu bigambo bino.

Oyo yenna asaala esswala eno, afuna ekitiibwa mu maaso ga Allah.

Engeri gy'ekungaanya buli ngeri ya kusinza, okwegatta ku Allah mwe kuli mu kusinza okw'ekika kino.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kino akyogerako bwati: "Esswala esobozesa omuntu okufuna okukkirizibwa eri Allah n'okwagala kwa Bamalayika. Y'engeri ya Bannabbi, kye kitangaala ky'amagezi. Ggwe musingi gw'obukkiriza. Ewa ebintu omuntu by'afuna (*Riziki*) emikisa ne byeyongera era ne byala. Ewa omubiri eddembe kye ky'okulwanyisa ekirwanyisa abalabe. Ekuumira wala Sitaane. Y'ewolereza omuntu asinza ewa Malayika Walumbe. Ggwe musubbawa era omukeeka mu ntaana. Yeyanukula Bamalayika Mun'kar ne Nakir (Bamalayika ababiri ababuuza omufu ebibuuzo nga yakaziikibwa). Ye w'omukwano ogwomunda okutuusa ku Lunaku lw'okulamula. Kye kisii-kirize ekiribikka abakkiriza ku lunaku lw'okulamula. Ye ngule eri ku mutwe. Kye kyambalo ekibikka omubiri. Kye kitangaala ekisooka. Lwe lutimbe oluli wakati we n'abalala. Bwe bujulizi bw'abakkiriza mu maaso ga Allah. Bwe buzito ku mizaane. Y'efuula okuyita ku lutindo nga ogen-da mu Jjana (*swiraatwa*) okwangu ennyo, kye kisumuluzo ky'ejjana kubanga esswala kutendereza kuwa kitiibwa, kugulumiza, kusoma na kusaba. Mu bimpimpi okusaalira mu kiseera ekituufu kukunnganya ebikolwa byonna ebirungi." (Tanjihul ghafiliina, 293)

Eyo y'ensonga lwaki esswala ye nsisinkano ne Allah era kye kirabo eri abantu b'Obusiraamu ng'okulinya okutono (bw'okugerageranya ne Miraaje okulinya kwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) nga kino bwe kyogerebwako mu Kulaane.

".... Vunnama osembere kumpi ne Allah!" (Alaq 96 : 19) Omuntu asobola okusembera okumpi ne Allah ng'ayita mu kusaala.

Mu sswala entuufu (eyaddala) byonna ebitali Allah bigyibwawo era ebintu byonna ebirabankanya omuntu eby'ensi bisangulwawo. Asinza ne gwe basinza basisinkana. Olwo omuntu asobola okulambula okugen-da wansi w'ebiyama ebitukuvu. Esswala yalaalikibwa ku Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) oluvannyuma lw'okusisinkana Allah mu kiro ky'okulinya mu ggulu (Lailatul Miraaje) nga malayika omukulu Jibaliilu si yagireeta, n'olw'ekyo, eyo y'ensonga lwaki Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti:

“Esswala kye kitangaala ekisanyusa eriiso lyange.” (Nasaa-i Ahmada bin Hanbali).

Ebyo ebikungulwa okuva mu sswala okugeza ng’okutuukirira, obuk-kakkamu, okussa ekikoowe, okufuna emirembe n’omukwano ebyo byonna tebisoboka kufunwa kuva mu kintu kirala okuggyako mu sswala. Eddaala ly’esswala mu nsi muno liringa eddaala ly’okulaba Allah ku lunaku lw’enkomerero. Kubanga tewali kikolwa kya kusinza omuddu mw’ayinza kusemberera Allah okusinga bw’abeerera mu sswala. Obuwoomu obusinga obulungi n’okweyoleka kw’omwoyo bisobola kufunika nga biyita mu sswala. Tuyinza okugamba nti ebikolwa byonna ebikolebwa mu kusinza madaala agateekateeka omuntu okumutuusa eri esswala. Eyo ye nsonga lwaki Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yannyonyyla esswala nga “empagi y’eddiini era ekitangaala ky’omutima, ekisumuluzo ky’essanyu era okulinnya kw’abakkiriza.” Esswala n’embeera yaayo entukuvu yonna, kikolwa ekitali kya bulijo eky’okusinza ekigabanyizibwa wakati w’omuddu ne Allah. Mu kino eringa ssuula ya al-Faatiha (ssuula esooka mu Kulaane).

Aya ennye ezisooka mu suula eno Allah ze yassa ze zino:

1. Mu linnya lya Allah Omusaasizi alina okusaasira okubuna, Omusaasizi alina okusaasira okw’enjawulo.
2. Amatendo gonna amajjuvu ga Allah omulabirizi era agabirira ebitonde.
3. Omusaasizi alina okusaasira okubuna, Omusaasizi alina okusaasira okw’enjawulo.
4. Omufuzi w’olunaku lw’okusasula.

Aya eyokutaano egamba nti, “Ggwe wekka gwe tusinza era gy’oli yokka gye tunoonya okutuyamba n’okutujja mu buzibu (okutudduukirira)”. Aya eno egabanibwa wakati w’omuddu ne Allah. Eggyayo obuvunaanyizibwa omuddu bw’alina eri Allah n’ekitiibwa kya Allah ne ky’akolera abaddu. Omuddu ateekeddwa ebikolwa bye byonna eby’okusinza okubikolera Allah Yekka nga muli amanyi nti Allah ye Yekka alina okusinzibwa. Aya ezisigadde ez’essuula eyo za muddu. Mu hadiisi ezijjuuliriza Kulaane (*Hadiisi Qudusi*) Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) z’ayogera naye nga bigambo ebiva eri Allah, Nnabbi (Allah

asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti Allah Oweekitiibwa yagamba nti, “Nagabanya esswala wakati wange n'omuddu, ekitundu ekimu kyange ate ekirala kikye.” (Muslim, Swalat, 38 - 40)

Bwe kityo sswala erimu omuddu okuwanjagira Katonda we. Esswala kusaba. Allah agamba mu Kulaane nti, **“Yimirizaawo esswala olw'oku-njogerako.”** (Twaha 20:14)

Ate era ekyama ekiri mu *aya* “kale munzijkire, nja kubajjukira!” (Baqara, 2:152) kirabikira mu sswala okusinga mu ibaada endala zonna.

Mu biseera bye sswala obumu ne Allah mwe bulabikira nga kino bwe kirambikibwa mu hadiisi Qudusi endala. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti Allah yagamba nti: “Nze ndi wamu n'oyo ansaba...” (Bukhari, Tawhiidi, 15)

Wabula omuntu okusobola okuganyulwa mu bumu buno nga bwe kyetaagisa, aba alina okutuuka ku ddala erya Ihsaan (okulongoosa). Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kino akyogerako bwati:

“Ihsaan (okulongoosa) kwe kusinza Allah (okusaala) ng'olinga omulaba! Bw'oba tomulaba ye akulaba!” (Muslim, Imaan, I)

Bwe kityo esswala esaaliddwa bw'etyo ebalibwa nga “ekitangaala ky'eriiso (essanyu): Abo abasaala mu ngeri eyo beesiimisa Allah ne Omubaka we (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe).

N'olw'ekyo esswala eringa omuti ogw'emikisa ogulaga Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye.) ekkubo. Kye kyekubagizo ky'emitima egifunye ebizibu; ly'essanyu ly'emitima egikooye ebintu by'ensi ebigimalako emirembe; kwe kugabirira kw'omwoyo; bwe bujjanjabu bw'emitima; era lwe lulimi lw'okumanya. Bwe waabangawo obuzibu mu buvunaanyizi-bwa bw'ensi, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yalagiranga Bilaali (Sswahaba eyali yeetisse eddimu ly'okwaziina okukoowoola abantu okusaala, adhan) bw'ati:

“Owange Bilaali! Tuwewezeeko ng'okowoola abantu eri esswala.”

Kino kyabeeranga bwe kityo kubanga tewali kikolwa kya kusinza kyenkan sswala. Omuntu ali mu sswala ayinza obutabaako kimutaata-aganya okuggyako esswala. Esswala ekutulawo enkolagana gy'aliko n'ebintu ebirala. Ewa omuntu omukisa gw'okufuna essanyu eritalojjeka



ly'ajja mu kubeera obumu ne Allah. Teri nsinza ya ngeri ndala yonna eyinza kuwa muntu ssanyu lya kika ekyo. Okugeza, mu kiseera kya *Ibaada* (okusinza) y'okusiiba omuntu ayinza okubeera mu katale ng'omutunzi oba omuguzi... Omuntu ali mu hijja naye ayinza okubeera mu mbeera y'emu. Wabula, omuntu ali mu sswala tayinza kubeera muguzi oba mutunzi, asobola kusaala kyokka. Kino kitegeeza nti aba ali mu maaso ga Allah mu mubiri n'omwoyo.

Abakkiriza abatuufu basaala eswala ttaano olunaku nga bwe kyalaalikibwa mu Kulaane nti, “**Esswala zaalaalikibwa ku bakkiriza mu biseera byazo ebigere.**” (Nisaa-i, 4 : 103)

Basaala ne sswala ez'enyyongeza (eza ssuuna), era mpolampola bafuna ekifo mu baddu ba Allah abakozi b'emirimo emirungi, era ku nkomerero, nga bafunye okusaasira okutakoma n'ekisa, batuuka awali emirembe nga bwe kyalaalikibwa Allah mu kiragiro, “Dda eri Katonda wo!”

Abasiraamu abagoberera ekkubo lino bali mu kifo ekya “**munzijukire, nja kubajjukira!**” (Baqara, 2:152)

Beeyagalira mu “**okwogera ku Allah kye kisinga obunene (ekintu mu bulamu)!**” (Ankabuut, 29 : 45)

Ekigambo kino kirimu amakulu abiri: “okwogera ku Allah”, ekitengeeza, okusaala kye kintu ekisingira ddala obunene, n'amakulu agagamba nti “Allah okujjukira omuddu kunene nnyo okusinga omuddu bw'ajjukira Allah.” Olw'ensonga eyo, okusaala kye kikolwa (oba omulimo) ekisookerwako mu kusinza ekisembeza omuddu okumpi ne Allah.

OKWETEEKERATEEKERA ESSWALA

Okusobola okusaala kikulu nnyo omuntu okweteekerateekera sswala obulungi. Mu Hadiisi za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), okufuna wuzu (okutawaaza) kwogerwako ng'ekisaanyizo ekisooka.

Okufuna wuzu kye kisaanyizo ekisooka kubanga kulimu obulungi obw'omwoyo, obw'omubiri n'obw'obubumbwa. Imaam omukulu Abu Hanifa alina ebigambo bye yayogera nti bwe yafunanga wuzu yabanga awulira ng'ebyonoono bye biringa ebinaazibwa. Ebigambo bino birungi kubanga binnyonnyola obukulu bw'okweteekerateekera sswala obulungi. Okuyigirizibwa okw'omwoyo n'okulengerera ewala okwa Imaamu

oyo omukulu mu nsonga eno kwayatiikirira nnyo, era lumu yagamba bw'atyi omuvubuka embulakalevu eyali afuna wuzu:

“Mwana wange! Bambi amazambi lino na lino galeke.”

Omuvubuka yamubuuza nti, “Omanyi otya nti nkola ezzambi lino na lino?”

Imaamu omukulu kwe kumuddamu nti: “Ndabidde ku mazzi agakulukuta ng’ofuna wuzu...”

Ku ludda olulala, okusenya amannya ng’okozesa omuswaki (*miswaaki*) nakyo kintu kikulu, era yali sunna (mpisa ya Nnabbi) Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe. Ensonga eno Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agyogerako bw’ati: “Sswala y’omuntu gy’asadde ng’asenyezza amannya n’omuswaki (*miswaak*) ya maanyi emirundi nsanvu okusinga esswala omuntu gy’asadde nga tasenyezza.” (Ahmada bin Hanbali, Musnad, VI, 272)

“Omuswaki (*miswak*) tegukoma ku kuyonja mannyo kyokka, naye era gusanyusa Allah.” (Bukhari, Swawmu, 28)

Nga bwe kimanyiddwa, ekikolwa ky’okusaala kikolebwa lulimi nga kiyita mu bantu okwatula ebigambo ebiraga obwannamunigina bwa Allah, okukakasa nti “Allah munene, okutendereza Allah, n’okusoma okulala. N’olw’ekyo akamwa, okusaba okutukuvu mwe kuva, kateekedda okukuumibwa nga kayonjo mu sswala. Kino awatali kubusabuusa kijja kuleeta emirembe mu mutima.

Wadde ng’akasenya n’eddagala ly’okusenya nga nabyo biyonja amannya, naye waliwo emigaso eg'yekisawo emirala egifunibwa mu kukozesa omuswaki, nga bwe kiri mu hadiisi za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe). Omuswaki gukuuma amannya nga guga-gaana okuvunda era ne guziyiza ebizibu by’omu lubuto okwo kw’oteeka n’emigaso emirala.

Ekimu ku bintu ebikulu mu kwetegekera esswala kwe kumanya ebi-saanyizo bye sswala, sunna zaayo n’ebintu ebikakata okukolebwa mu sswala ng’etteeka. Kino kisinziira ku hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) egamba nti “ebintu ebitono eby’okusinza nga bikoleddwa okusinziira ku kumanya bisinga ebikolwa ebingi nga bikoleddwa mu butamanya.



Era nate tutekeddwa okugezaako nga bwe tusobola okwetegekera esswala nga tutukuza emitima gyaffe okugigyamu obulabe, enkwe, n'obunafu obulala bwonna mu mpisa nga kino tukikola nga bwe tulongoosa ebitundu byaffe eby'ebweru ku mubiri. Tutekeddwa okwekengera obukodyo bwa Sitaane n'emitego gye n'abantu abalinga Sitaane abatujja ku mulamwa nga tweteekateeka.

Abantu abagezi bategeera era ne bateeka mu nkola *aya* eno nti "kuuma engoye zo nga nnyonjo (teziriimu bbala)!" Mudathiru, 74 : 4. *Aya* etegeeza nti: "Weeyonje ku ngulu ne munda nga weetegekera esswala ekitegeeza nti okubeera mu maaso ga Allah, beera n'empisa ennungi!"

Kigambibwa mu hadiisi ya Nnabbi emu nti "funza enkizi y'omugongo gwo, era wewula olubuto lwo ku lwa sswala!" (Jamiu's swaghiiru)

Eky'okufunza enkizi (okukendeeza amakkati g'omugongo) kitegeeza kwewala bikolwa ebyaziyizibwa ate okuwewa olubuto (okulukuma nga lutono) kitegeeza butalya nnyo.

EBYETAAGISA OKUKOLA NG'ESSWALA TENNABA: OBUKKAKKAMU OBW'OKUGONDA (KHUSHU-U)

Ebyetaagisa okukola ng'esswala tennaba ebyokungulu bifugibwa amateeka ga fiqh (Entaputa y'amateeka g'ekisiraamu). Esswala esaalibwa nga tegoberedde mateeka ga Busiraamu tekkirizibwa. So ng'ate esswala eba tesaaliddwa mu ngeri y'obugonvu n'obukakkamu tessibwamu kitibwa. N'olw'ekyo esswala eteekeddwa okugatta awamu amateeka ag'okungulu n'agomunda ago agawunda omutima. Okuwunda omutima kutuukirizibwa na kuteeka mu nkola ekyama ky'okwetukuza. Kulaane egamba nti:

"Ddala beesimye abo abeetukuza" (A'ala, 97 : 14)

Okusiga okw'omwoyo kuno kukulu nnyo mu sswala. Allah tayogera ku bintu ebiteekeddwa okukolebwa mu sswala (faradhwa), ebyetaagisa (waajib), wadde omuwendo gwa laaka ze sswala, naye addinngana obukulu bw'okugonda n'obutabenkevu mu birowoozo. Obukulu bw'embeera zino bugenderera mu bulamu bwaffe. Olw'ekyo oludda olw'omwoyo mu sswala lwe lusinga okubeera olukulu omuntu asaala lw'ateekeddwa okussaako essira.

Mu Kulaane waliwo ewagamba nti:

“Abakkiriza baakwesiima abo abalaga obugonvu mu sswala zaa-bwe.” (Mu’minuuna, 23: 1 – 2)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba nti:

“Omuntu afuna wuzu nga bwe kyetaagisa, n’asaalira mu kiseera ekituufu, n’akutama era n’avunnamu bugonvu n’okutya, esswala ye evaayo ng’ettaala eyaka ennyo n’esabira omusaaze oyo nti: ‘Allah akukuumu nga bw’otuukirizza ebyetaagisa ku nze!’ So ng’oyo atafuna wuzu mu butuufu bwayo, n’atasaalira mu biseera ebituufu, n’atakutama na kuvunnamu kutya n’okugonda, esswala ye evaayo ng’ekintu ekid-dugavu n’esabira omusaaze nti: ‘Allah akuveemu nga bwondagajjalidde!’ Bw’etyo esswala, ng’egoberera ekiragiro kya Allah, ebaako ne w’egenda mu kifo oluvannyuma n’ekomawo n’ekuba omuntu asaala oluyi mu kye-nyi.” (Twabaraani)



Bahaaddiin al-Naqshiband lumu baamubuuza nti:

“Omuddu asobola atya okubeera omugonvu mu sswala?”

Yaddamu nti:

“Waliwo ebantu bina ebyetaagisa ekyo okukituukako:

1. Okuba ng’ennyingiza yo eri mu mateeka.
2. Okwegendereza ng’ofuna wuzu
3. Okuwulira nga Allah w’ali ng’omuntu atandika okusaala n’agamba nti “*Allaahu akbaru*” (Allah Munene)
4. Omusaaze okuwulira okubeerawo kwa Allah ekiseera kyonna; okusigala ng’ali mu mirembe n’obukkakkamu, n’okugondera Allah oluvannyuma lwe sswala.”



Okugonda mu sswala kukulu nnyo era omuddu Allah amukwata okusinziira ku kugonda kwe. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti:

“Omntu bw'amaliriza esswala kimu eky'eempeera kiyinza okumuweebwa oba n'aweebwa kimu kya munaana, oba kimu kya musanvu, oba kimu kya mukaaga oba kimu kya kutaano, oba kimu kya kuna, oba kimu kya kusatu oba kitundu kya mpeera....” (Abu Dawuda, Swalat, 124)

abantu bangi abatasobola kufuna kimu kya mukaaga wadde ekimu eky'ekkumi eky'eempeera z'esswala ze basaala. Omusaaze afuna kitundu ekyo ky'aba akoze mu kutya n'obugonvu.” (Abu Dawuda, Nasaa-i)

Kitegeesa nti omuddu afuna empeera mu sswala gy'asadde mu bugonvu n'okutya.

Abo abasaala mu bwesimbu ekigendererwa kyabwe kiba kusaala bulungi era nga bwe batyo beewayo eri Allah. Balowooza ku sswala yokka era nga basaala basobole okufuna eby'omwuyo bye bawangula. Amaaso gaabwe bagakkakkanya nga gatunuulidde ebifo we bagenda okuvunnamra, era nga muli bawulira nti bali wansi n'okwetegereza okutukuvu, ne bagenda mu ssanyu ery'omwoyo.

Eno y'embeera ey'abaddu abeesimbu abalina emitima emirungi. Kino kitegeesa nti okugonda mu kutya bye bibala eby'obwesimbu. Oluvannyuma obwesimbu buwa omuddu okutya era ne bumulinnisa eddaala mu maaso ga Allah era ne bumuwa obukuumi Obutukuvu. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kino akyogerako nti:

“Amawulire amalungi g'abo abalunngamizibwa mu kkubo eggolokofu. Olw'okuba bo, emitawaana eg'yamaanyi givaawo.” (Fadhwailul A'amal)

Obwesimbu n'okugonda okusobola okusimba amakanda mu mutima olwo bisobole okuleeta emigaso gy'omwoyo, ebintu bino biteekeddwa okwegenderezebwu n'okuteekebwu mu nkola:

1. *Emirembe gy'omutima*: Omwoyo guteekwa okubeera nga gukkalidde nga guli ku sswala yokka, okutendereza Allah ne *aya* omuntu z'asoma. Omusaaze ateekeddwa okukutulawo okulabankana n'ebysensi. Omwoyo ogutasobola kukutulawo kulowooza ku bintu bya nsi tegusobola birowoozo ebyo kubimalira ku sswala. Tegusobola kumanya nti guli mu

maaso ga Allah. Singa omuntu asobola okuwangula okwerabira kuno, n'asobola okubeera mu wamu ne Allah, era n'asobola okuganyulwa mu makulu agali mu by'asoma, olwo afuna emirembe mu birowoozo / omutima. Bwe batyo abaddu ba Allah baafubanga okusasula, ssi sswala zokka ze batasaalanga bulungi mu ngeri ematiza, wabula n'ezo ze bataasobola kusaalanga ng'ebirowoozo bibali wamu. Wabula kino tekitegeeza nti buli muntu ateekeddwa okweyisa mu ngeri y'emu ng'eyo, naye kiraga obukulu bw'okubeera n'omutima omulamu mu sswala.

Ekireeta obutebenkevu mu birowoozo kwe kulafuubana okufuna eby'omwoyo. Kwe kwegomba okusitula omwoyo. Okulafuubana kutuukirira na kutegeera nti okubeera mu mukwano gwa Allah kisoboka kufunika ng'oyita mu sswala.

2. *Okutegeera (okumanya)*: Omuntu ateekeddwa okumanya by'asma. Kino kye kintu ekikulu ekyokubiri oluvannyuma lw'obutebenkevu bw'omutima. Okutegeera kukola ng'olutindo olw'obutebenkevu mu mutima busobole okubeerawo ne mu biseera ebirala.

3. *Okuwa ekitiibwa*: Omuntu ateekwa okumanya nti ali mu maaso ga Allah, olwo n'akuumma ekitiibwa mu mubiri n'omwoyo. Ekitegeeza nti okuwa ekitiibwa kugenderera na mirembe mu mutima, okutegeera, n'okugoberera amateeka mu sswala. Okubeera n'empisa zino kwongera mu maaso omutindo gw'esswala era esswala erina empisa zino ya kuwlereza omusaaze ku Lunaku lw'okulamula.

Omuntu ateekwa okulowooza ku kulabula kuno okujja:

"Bw'oba oyagala esswala yo okubeera ey'okulinnya (mu ggulu), tolowooza nti okusinza kwo kulungi nnyo kusuffu mu maaso ga Katonda Oweekitiibwa n'emikisa Allah gye yakuwa! Tolowoolezangako ddala nti okusinza kwo kumala okwebaza ebyengera Allah bye yakuwa! Lowooza ku Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) eyagambanga nti, "Katonda wange! Saasobodde kukwebaza mu butuufu nga bwe kyetaagisa; nkusaba onsonyiwe!"

4. *Okutya n'okuwa ekitiibwa*. Omuntu asaala alina okuwulira okutya n'okweraliikirira ebiva mu kuwa ekitiibwa. Okutya kuwa omuntu asaala okumanya amaanyi ga Allah n'okubeera kwe owa waggulu, olwo okutya n'okussaamu ekitiibwa ne byeyoleka. Okutya kuva mu kuwa Allah kitii-

bwa n'okukuuma omutima okuguggyamu obutamanya. Eno y'engeri esinga okusitula eddaala ly'omuddu mu maaso ga Allah. Kulaane egamba nti

“...Abasinga ekitiibwa mu maaso ga Allah y'oyo asinga okumuty....” (Huju-raati, 49:13)

Abu Dharri anyumya nti:

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) olunaku lumu, yali atambuddeko mu biseera ebikoola by'emit we bikunkumukira. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kugamba nti:

“Abu Dharri! Teri kubuuusabuusa nti singa Omusiraamu asaala ku lwa Allah Yekka, sswala ye n'agisaala n'obwesimbu mu mutima (nga ky'akola akitegeeza), ebyonoono bye bikunkumuka ng'ebikoola bwe bikunkumuka okuva ku muti.” (Ahmad, Targhiib)

5. *Okulindirira okulimu okusuubira*: Omuntu ng'asaala ateekeddwa okusuubira okusaasira kwa Allah, era na bwe kityo okumuwanjagira oluvannyuma lw'esswala. Omuntu bw'atyat obuti, embeera eno emufuula alina ennaku, era olunaku lumu okutya kuyinza okutaataaganya obutebenkevu bw'omyoyo gwe. N'olw'ekyo okulindirira okulimu essuubi kugyawo akabi kano.

6. *Obukakkamu*: Kino kijuuliriza ebirungi bye twogeddeko waggulu. Omuddu eyeeraba ng'ali mu maaso ga Allah, awulira okuswala bw'aba ng'alina empisa embi z'akola, era bw'atyat asobola okuzeewala. Mu ngeri eyo, bw'abeera mu sswala amanya ebrisobyo bye n'ebintu by'abuusa amaaso. Teyeesigula *ibaada* z'akola. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ku nsongna eno agamba bw'ati:

“Omuntu yenna teyeesigulanga ng'alowooza nti ebyonoono bye bisonyiyiddwa olw'okusinza (okusaala) kw'akoze. (Fadhwail ul A'amaali 251)

Omuntu tateekeddwa kwesigula nti ebyonoono bye bisonyiyiddwa olw'esswala gy'asadde, era bulijjo ateekeddwa okusigala nga musonyiwavu olw'ebikolwa bye ebibi engeri okusonyiwa bwe guli omukisa n'okusaasira okuva eri Allah. Okusonyiwa kuva mu kisa Allah ky'aba akwattiddwa omuntu. Ekitali ekkyo, tetusobola kusaala na kwebaza bulungi Katonda. Wabula esswala ezisaaliddwa mu bukakkamu ne mu kwegendereza, zisanyusa Allah mu Busaasizi bwe n'Ekisa kye.

Mu bimpimpi, omuntu oyo atagatta ntambula ya mubiri n'okutya mu mutima tasobola kufuna kinyusi kya sswala. Omuntu yeetaaga okufuba okutuusa ekigendererwa ky'esswala mu mubiri n'omwoyo. Ebintu ebyonoona enkwatagana y'omubiri n'omwoyo biteekeddwa okuggyibwawo, ebirowoozo nabyo biteekeddwa okuba nga tebirina kibrabankanya kyonna. Okugeza Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), ku nsonga eno yagamba bw'atyi:

“Esswala n'emmere bwe biggyira mu kiseera ekimu musooke mulye (olvannyuma musaale)!” (Bukhari, Muslim)

Abayivu Abasiraamu ensonga eno ekwata ku kukwatagana kw'omubiri n'omwoyo mu sswala bagissaako essira, era nga bayisiza mu lugero boogera ku sswala z'abantu ba bityi bisatu ezitakkirizibwa.

1. Omuyizzi (w'esswala)
2. Omwetissi (w'esswala)
3. Omusuubuzi (w'esswala).

Wano omuyizzi bategeesa omuntu oyo atunuulira kino na kiri ng'ali mu sswala; omwetissi ne bategeesa oyo ateeteewuluza asobole okwewala okuddamu okutawaaza so nga ddala awulira bubi (nga yandikyetaaze); ate omusubuuzi wano ye muntu atajja bintu bya nsi mu mutwe n'omutima. Abantu ab'ebiti bino ebisatu ebiri mu ngero tebasobola kutebenkera mu sswala, era tebasobola kufuna butebenkevu na butefu n'okutya ebyetaagisa. Bamala gasaala era basaala kutuusa tteeka, ekintu ekitakkirizibwa mu maaso ga Allah kubanga ebitundu by'omubiri (ebiyungo) nabyo biteekwa okubeera ebyetegegef. Bw'atyo Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) eyalaba omuntu ng'ayisa engalo mu kirevu (ng'asaala) yagamba nti:

“Singa mu mutima gw'omuntu ono mwabaddemu okutya n'okugonda, ebiyungo bye byonna byandibadde wamu.” (Tirmidhi)

Hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) eno eraza eri obumu bw'omubiri n'omwoyo mu sswala.

Hadiisi ya Nnabbi eno wammanga (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) nayo erambika ensonga eno:

“Bw’osituka okusaala, saala ng’okuumira ebitundu by’omubiri gwo gwonna wamu. Tweenyeenya ng’Abayawudi bwe bakola kubanga okukuma omubiri nga tegwenyeenya kimu ku bisaanyizo by’esswala ennungi. (Tirmidhi)

Ebintu musanvu mu sswala bintu bya Sitaane (amakulu nti Sitaane abyagala nnyo). Okwerumika (omusaayi okujja nga guva mu nnyindo), okusumagira, okubuusabuusa, okwayuuya, okwetakula, okumagamaga, okuzannyisa ekintu....” (Tirmidhi)

Ebintu bino bikosa omwoyo gw’esswala. Mu ngeri endala, omuntu asaala bw’alaga okutya n’obugonvu ku ngulu, naye munda nga talinaamu kutya, ekikolwa kino kiyitibwa kugonda oba kutya okw’obunnanfuusi, era omutima guteekeddwa okukuumirwa ewala n’embeera ey’ekika ekyo.

Ekisembayo ku nsonga eno ey’okutya, bye bigambo bya Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) Allah by’atuwa mu Kulaane nti:

“Katonda wange! Nkusaba onteeke mu bakooma esswala obutiribiru ne bazzukulu bange (nabo bwe batyo), Katonda waffe, era nkusaba okkirize esswala yange!” (Ibraiim, 14 : 40)

Hatem-i Asam awa amagezi engeri y’okusaalamu obulungi n’agamba nti:

“Weeteekereteekere okusaala mu ngeri esingayo obulungi. Oluvannyuma Ka’aba ogiteeke mu makkati g’ebisige byo; olutindo olu-genda mu Jjana (swiraa-twa) luteeke wansi w’ebigere byo. Ejjana giteeke ku mukono gwo ogwaddyo; ate Omuliro ogiteeke ku mukono ogwa kkono! Genda mu maaso ga Allah n’essuubi n’okutya, ng’olowooza nti Izraa-iilu (Malayika w’okufa) agenda kukuggyamu omwoyo, era ng’eno ye sswala yo esembayo mu nsi muno! Tandika okusaala n’obwegendereza ng’otegeera ky’okola ogambe nti “Allaahu Akibaru (Allahu Munene!)” Tandika okusoma Kulaane mpolampola nga bw’olowooza ku makulu gaayo! Omutima gwo gufuule ogukutama mu kuwa ekitiibwa era ovun-name mu bukkakkamu. Omubiri gwo guleke gugoberere ebisaanyizo by’esswala eby’ebweru, naye omutima gwo guleke gubeere olubeerera mu mbeera y’okuvunnamu era togukkiriza kwawukana kw’omwoyo n’omubiri wadde ebbanga ly’olussa olumu...”

Al-Ghazaali annyonnyola engeri y'okubeeramu n'okwagala Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) w'obeere-ra mu kutuula ng'osoma tahiyyatu mu sswala n'awa eky'okulabirako ekikulu. Mu sswala, kyetaagisa nnyo omutima okubeera mu mirembe nga bwe kinnyonnyolwa mu kusomesa kuno wammanga:

Agamba nti:

"Kyetaagisa omusaaze okufumiitiriza Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ng'ali wakati w'amaaso g'omutima awo w'agambira nti, 'Owange Nnabbi, emirembe n'emikisa nya Allah bibeere ku ggwe!' Mu tahiyyatu esooka n'ekomererayo."

Okulamuska kuno naddala okwa Allah eri Nnabbi mu kiseera ky'okulinnya kwa Nnabbi okugenda mu ggulu (Miraaje) n'ebigambo 'Owange Omubaka! Emirembe n'okusaasira kwa Allah bibeere ku ggwe mu nsi muno ne ku Lunaku lw'enkomerero', kwali kuweesa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kitibwa.

Esswala y'eringa okulinnyisibwa kw'omukkiriza mu ggulu, ng'ewa abo abagirowoozaako ennyo emigaso okuva eri Okusaasira Okutukuvu.

N'olw'ekyo omuntu yandigezezzaako okufuna emigaso egiva mu mwoyo gw'okuweereza emikisa eri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) mu sswala. Kitegeeza okutujjukiza okulinnya kwa Nnabbi mu ggulu. Okulinya kwe bye bikusike ebiri mu kukyuka kw'okwagala kwa Allah eri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Okulangirira obukkiriza okusomebwa ng'omuntu yaakamala okusaalira Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), kulaga engeri okukkiri-za Allah Omu n'okubeera omuddu we bwe kiri eky'ekitiibwa ennyo, era kiraga nga bwe kyetaagisa okuweereza ebiramuso eri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) buli linnya lye bwe lyogerwako. Bwe kityo, esswala na bino byonna ebigirimu eringa akaggi k'eddirisa aka-tuggulirwa okuva ku mulamwa omutuufu ogw'Obusiraamu. Abaagazi ba Allah basembera kumpi n'akaggi k'eddirisa kano.

Era ne batunuulira okukyuka kuno okwawaggulu n'ebintu mu butuufu bwa byo nga bwe balaba ebikusike ebitukuvu. N'olw'ekyo omuntu tayinza kutuuka ku butuukirivu bwa kukkiriza nga tategedde ebyama ebiri mu kuweereza ebiramuso eri Nnabbi (Allah asse ku ye



okusaasira n'emirembe) nga kw'ogasse n'okusoma erinnya lya Allah ng'ayita mu kwogera n'okulangirira obukkiriza.

Olw'ekyo, Allah alagira abakkiriza okusaalira Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ng'ekiraga okwagala eri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) mu *aya* omugambirwa nti Allah ne Bamalyaika be nabo basaalira Nnabbi.

“Ddala Allah ne Bamalayika be basaalira Nnabbi (Allah amuwa emikisa n'emirembe)! Abange mmwe Abakkiriza mumusaalire mumusabire n'emirembe emingi.” (Ahzaab, 33 : 56)

Olw'ekyo abo abasinza ne basaala batwalirizibwa era ne batafira ddala ku bintu bya ku nsi. Tebeefiirayo ku bintu bya nsi n'amasanyu gaayo.

Jalaalu Ddiini Ruumi ayogera ku bantu abo abasobola okusaalira mu ngeri eno n'agamba bw'atyi:

“Abantu abo bava mu nsi muno amangu ddala nga baakayingira bwe bati mu sswala nga bafaananako ensolo esaddaakiddwa bw'ebanga esaliddwa.”

Oluvannyuma Ruumi akoowola omuntu asaala n'amugamba nti:

“Saala ng'oyimiridde ng'omusubbaawa bwe guyimirira mu kifo ekimu mu muzikiti nga gulaga obwolekero bw'e Makka. Beera muggezi omanye amakulu g'ebisomebwa ebisooka ng'otandika okusaala. ﷺ Allaahu Akbaru (Allah Munene) kitegeeza nti Katonda waffe! Twewaayo nga saddaaka mu maaso go! Era bwe tusitula emikono gyaffe okugyolekeza amatu, buli kintu tukirese mabega, era buli kintu tulkyolekezza Ggwe!”

Okusoma ﷺ Allaahu akbaru (Allah Munene) ng'omuntu atan-dika sswala kulinga okwatula ekigambo “Allah munene” ng'omuntu asala ekisolo kya saddaaka. Nga bw'agamba nti ﷺ Allaahu akbaru (Allah munene) ng'atandika sswala, aba ateekeddwa okweyambulamu ebintu byonna by'awulira muli.”

Mu kiseera ekyo omubiri gwo gulinga nga Ismaail ate omwoyo gwo gulinga Ibraahimu (emirembe gibeere ku bo). Omwoyo gwo bwe gugamba nti, Allah Munene omubiri gwo gweyambula obusimu bwonna n'obwagazi era bw'ogamba nti:

(بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ) ntandise n'erinnya lya Allah Omusaasizi ow'okusaasira okubuna, Omusaasizi ow'okusaasira okw'enjawulo, bibeera bisaddakiddwa."

Abo abasaala bayimirira mu nnyiriri nga bwe bandikoze ku Lunaku lw'okulamula; batandika okubalibwa emirimo gyabwe ne bawanjagira Allah.

Okuyimirira mu sswala ng'omuntu akaaba kulinga okuyimirira mu maaso ga Allah ku Lunaku lw'okulamula ng'abantu baakazuukuka okuva mu ntaana. Allah aija kukusimba ebibuuzo akubuuze nti, "Okoze ki mu bulamu bwo obwo ku nsi? Biki bye wapakasa era biki by'ompaddeko?"

"Ebibuuzo eby'ekika ekijo bijja mu bwongo ng'omuntu ayimiridde mu maaso ga Allah mu sswala. "Ng'ayimiridde mu sswala omuddu awulira okuswala oluvannyuma n'akutama wansi nga tasobola kusigala ng'ayimiridde olw'ensonyi z'awulira. Ng'ali mu kukutama atendereza Allah nga bw'agamba nti, "Okutenderezebwa kwa Allah, Omunene."

"Oluvannyuma Allah alagira omuddu nti, "Situla omutwe gwo oyanukule awulira ebibuuzo!" "Omuddu asitula omutwe mu busonyiwavu, naye tasobola kugumira mbeera eyo, mu kiseera ekijo avunnama."

"Oluvannyuma Allah agamba nti: "Situla omutwe gwo oyanukule. Ngenda kukubuuza ku by'okoze mu bulamu bwo obw'ensi."

"Ekigambo kya Allah ky'amugamba kya maanyi nnyo era nga tasobola kugumiikiriza kusigala ng'ayimiridde. Bw'atylo atuula wansi ng'awese amaviivi ge Allah agamba nti "Nnakuwa ebyengera n'ebintu eby'omugaso wabikozesa otya? Abaffe wabyebaza? Nnakuwa ebintu eby'obugaga ebirabwako n'ebi'omwoyo; wabifunamu ki?

"Oluvannyuma omuddu akyusa ekyenyi kye n'akyolekeza ku ludda olwaddyo; awo n'alamusa omwoyo gwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ne Bamalayika. Era abagamba nti 'Bakama b'ensi y'emyoyo! Mbasaba muwolereze omuddu ono omunaku eri Allah."

"Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ayanukula omuntu ono alamus awo n'alamusa bw'atylo: Ekiseera ky'obuyambi n'okukuwa emirembe kiweddeko. Byonna byandikoleddwa mu bulamu obw'ensi. Tokozze mirimu mirungi mu nsi, tosinzizza nga bwe kyetaagisizza; ebiseera byo obyonoonye!

“Olwo omuddu ekyenyi ekyolekeza oludda olwakkono, n’asaba obuyambi okuva eri abooluganda lwe. Bamuddamu nti: Ffe totusaba buyambi; ffe baani? Olina okwanukula Katonda wo ku lulwo!”

Omuddu atasobola kufuna buyambi okuva ku njuyi zombi aggwaamu essuubi. Bw’amala okubulwa essuubi lyonna ery’okufuna obuyambi adda eri Allah okunoonya obuddukiro gy’ali era nga bw’ayanjuluza ebi-batu bye mu sswala agamba nti: “Katonda wange! Mpeddemu essuubi lyonna okuva ew’omuntu yenna. Ggwe Eyaasooka Ow’enkomerero era Ow’enjawulo atalina amufaanana eri abaddu okuwanjagira era ow’enkomerero ew’okuddukira. Nkusaba obuyambi mu kusaasira kwo n’ekisa ebitaggwaawo.”

Ruumi ayongerako:

“Laba obubonero buno obulungi obw’esswala era omanyeyekoky’ogenda okusisinkana. Weekumeekume ogezeeko okuganyulirwa mu sswala yo mu mubiri n’omwoyo! Omutwe gwo togukoteka ng’ekinyonyi ekironda empeke ku ttaka! Wuliriza ebigambo bya Nnabbi nti: Omubbasinga obubi y’oyo abba mu sswala ye.” (Haakim, Mustadrak, I, 353).

“Omuntu bw’asaala ng’ali mu kutyaa n’obukkakkamu eri Allah ng’amanyi okwagala kwe, Allah amusasula n’amugamba nti nja kukuyamba.”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ng’ayogera ku ddaala ly’esswala mu ngeri y’okutya okw’okusaamu ekitiibwa yagamba nti:

“Abantu babiri bayinza okusaala nga buli omu asaala yekka naye nga basaalira mu kifo kye kimu, mu kiseera kye kimu. Wabula ne wabee-rawo enjawulo nnene wakati waabwe ng’eringa eri wakati w’eggulu n’ensi.” (Ihya).

N’olw’ekyo Kulaane ekiraga bulungi nti abakkiriza be bo abasaala nga batya era nga bagonvu mu sswala zaabwe: **“Era abo abakuuma (obutukuvu bw’e) sswala zaabwe.”** (Ma-aariji, 70 : 34)

Era mu ssuula y’emu mu Kulaane mulimu nti:

“Abo esswala yaabwe abagisaala olubeerera.” (Ma-aariji, 70 : 23)

Abo abalina obumanyirivu mu bintu by’omwoyo balowooza nti:

“Ekigendererwa kya *aya* eno kwe kunnyonnyola omwoyo gw’esswala okuva ebirabika ku ngulu mu sswala bwe bitasobola kusigalawo lubeerera. Wabula omwoyo gwe gukutama ne guvunnamma. Esswala ey’olubeerera kitegezea kujukira Allah buli kiseera.”

Mawulaana Jalaalu Ddiini Ruumi, naye *aya* eno aginnyonnyola ng’ayita mu lugero n’agamba nti:

“Omuddu akuma embeera ye eno mu sswala n’oluvannyuma lw’esswala, mu ngeri eno ebiseera bye eby’obulamu abimala mu kutya Allah na mpisa nnungi era omumwa ggwe na gwo n’agukuma n’omwoyo gwe. Eno y’embeera y’abo abaagala Allah.”

Ruumi agenda mu maaso nti:

“Esswala eyo etukuumira ewala n’ebikolwa ebibi esaalibwa emirundi etaano olunaku, wadde nga abaagala Allah bulijjo basigala mu sswala olw’omukwano oguli mu mwoyo gwabwe n’okwagala okutukuvu okukoleeza amawuggwe gaabwe tegukkakkana n’okusaala emirundi etaano olunaku.

Esswala y’abaagala Allah eringa embeera y’eky’enyanja mu mazzi. Ng’eky’enyanja bwe kitayinza kuwangaala awatali mazzi, n’omutima gw’oyo ayagala Allah teguyinza kuwangaala awatali sswala za lubeerera. N’olw’ekyo enngombo egamba nti: “Tonnambula nnyo!” Abaagala Allah tebagikozesa. Omwoyo gw’abaagala Allah bulijjo gusigala nga muyonta.

“Ayagala Allah bw’ayimirira ewala n’okwegomba kwe, ne bwe kaba akaseera akatono, kimuwulikikira ng’emyaka olukumi. Bw’amala emyaka olukumi n’ekintu ekisinga obuganzi gy’ali kimuwulikikira ng’akaseera akatono ennyo gy’ali. Eyo nno ye nsonga lwaki ayagala Allah lubeerera abeera mu sswala era nga mu sswala mw’ayita okusisinkana Allah. Bw’asubwa laaka emu ey’esswala kimuwulikikira ng’asubiddwa laaka z’esswala olukumi olulamba.”

“Abange mmwe abagezi era abategeera kiri bwedu wa magezi okutegeera obumu ne Allah mu sswala. Kisoboka kutegeerekeka na kusaddaa-kayo magezi olwa Oyo asinga obuganzi n’okuzza obuggyga omutima.”

Ate okuzza obuggyga omutima kisinziira ku ludda ki omuddu lw’akwata Ruumi oludda luno alwogerako bw’atyi:

“Obwolekero bwa bakabaka ye ngule n’olukoba; ate obwolekero bw’abantu abalowooleza mu by’obugagga by’ensi ye zaabu ne feeza; ate obwolekero bw’abo abaagala ebintu ebirabibwako gaba masanamu; ate obwolekero bw’abo abaagala eby’omwoyo guba mutima na mwoyo; ate obwolekero bw’abo abaakyawa ensi ke kafo mu muzikiti; ate obwolekero bw’abo abatafaayo ku bintu, gye mirimo egitali mikulu nnyo; ate obwolekero bw’abanafu kwe kulya n’okwebaka; ate obwolekero bw’abantu kwe kumanya n’amagezi.

Obwolekero bw’ayagala Allah kwe kweyunga okutaggwaawo; obwolekero bw’omuntu omugezi, kye Kyenyi kya Allah; ate obwolekero bw’abantu abateeka ennyo ebirowoozo ku nsi kwe kufuna ebintu n’amaadaala; obwolekero bw’abayizi (*dervishes*) kwe kufuna enteekateeka ez’ediini; obwolekero bw’okwagala ennyo, kwe kwegomba ebintu by’ensi; ate obwolekero bw’abantu abali mu busibe kwe kuteeka obwesigwa mu Allah.

Tuteekeddwa okumanya nti obwolekero gye tutunula nga tusaala ssi gwe muzimbo gwa Ka’aba, naye kye kifo Ka’aba w’eri. Ka’aba bw’evaawo n’edda mu kifo ekirala eyo teyinza kubererayo bwolekero bwa sswala.”

N’olw’ekyo, omuntu ateekeeddwa omutima gwe okugwolekeza eri Allah ng’ate omubiri gwe agwolekeza Ka’aba. Kubanga obwolekero bw’omutima Ye Allah.

Ku ludda olulala, okusobola okutuukiriza eky’okutya n’okugonda mu sswala, omuntu aba alina okubeera n’okumalirira mu mutima okutuufu ng’agoberera hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) egamba nti, “Ebikolwa biramulwa na kigendererwa.” Kino kitegeesa kumanya muli ani oyo gwe twesimbye mu maaso bwe tuba tuli mu sswala nga tusaala. Kino kyetaagisa okwekenneensa omutima bye gwagala n’okwawukana n’ebigendererwa byonna okuggyako okukkirizi-bwa Allah.

Omuntu ateekeeddwa okuwulira ekitiibwa kya Allah mangu ddala nga yaakatandika okusaala n’ebigambo. “Allaahu akbar” (Allah Munene!). Omuntu bw’asitula ebibatu bye n’abyolekeza amatu okutandikira emabega we aba alina okwerabira buli kimu. Omuntu asaala alina okuwulira essanyu ery’okubeera mu maaso ga Allah mu mutima gwe. Bw’atandika

okusaala, atekwa okuwulira muli ng'alinga ajjulukuse okuva mu bulamu buno obw'ekiseera n'adda mu bulamu obw'enkomerero.

Bw'aba ayimiridde, omuntu asaala atekeddwa amaaso ge okugatunuza awo w'agenda okuteeka omutwe ng'avunnama. Obudde bwonna atekeddwa okuwulira muli nti ali mu maso ga Allah, era nti kitonde ekiteemalirira nga bulijo yeetaga obuyambi bwa Allah. Ateekwa okugezaako okubeera mu baddu ba Allah abo Allah b'awaana n'ebigambo nti: "Omuddu omulungi oyo!"

Bw'aba asoma mu Kulaane atekeddwa okusoma obulungi, era n'agezaako okutegeera n'okulowooza ku makulu ga *aya* wamu n'okuzissa mu nkola mu bulamu. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti "Okusoma Kulaane kitegeeza kwogera na Allah." (Abu Nuaim, Hilya, 7, 99) N'olw'ekyo omwoyo gw'omuntu bw'aba ng'asoma Kulaane guteekeddwa okubeera nga mwegendereza era omuzuukufu.

Omusaaze atekeddwa okwogera ebigambo "okutenderezebwka kubere ku Allah Omunene" ng'alowoolereza ku makulu g'ebigambo ebyo nga muli awulira ekitiibwa kya Allah awo w'abeerera mu kukutama.

Ate w'agambira ebigambo: "Okutenderezebwka Katonda wange Owaawaggulu" ng'ali mu mbeera y'okuvunnam, omuntu asaala atekeddwa okuwulira muli nate ekitibwa kya Allah. Nga tukimanyi bulungi nti omuddu mu mbeera y'okuvunnam aba w'asingira okubeera okumpi ne Allah, tuteekeddwa okuvunnamya emyoyo gyaffe awamu ng'emibiri gyaffe bwe givunnam. Eyo yokka ye ngeri gye tuyinza okwewanguliramu emikisa egiri mu *aya* egamba nti: "Vunnam obeere kumpi (ne Allah)!" (Alaq 96:19) Bw'atyo omuddu atekeddwa okwyalira mu kubeera kwe ne Allah ng'agezaako okubeera mw'abo abaagala Allah era abeesunga ennyo okufuna okwagalibwa Allah.

Oluvannyuma lwa buli laaka bbiri ez'esswala omuddu ng'atudde bulungi wansi atekeddwa okutuula mu kitiiwa era awulire engeri gy'ali omwetaavu ng'era olw'ensonga eyo atekeddwa okuwanjagira Allah amuwe okusaasira.

Bwe kituuka ku kikolwa ky'okukyusa ekyenyi kye okutunula kud-dyo ne ku kkono, (okufundikira esswala nga bw'agamba malayika ebbiri nti "emirembe n'okusaasira kwa Allah bibeere ku mmwe", omuntu asaa-

la bino ateekeeddwa okubikola mu kuwulira essanyu ly'okubeera awamu ne Allah ng'ayita mu sswala era empulira eno gy'alina munda n'agigabana ng'alamusa Bamalayika ababiri ku kibegabega ekyaddyo ne kkono.

Esswala bw'eba ng'esaaliddwa mu ngeri esanyusa Allah, okulamuska kuno Bamalayika bakuddamu. Era Allah esswala ey'ekika kino agisalamu empeera ku Lunaku lw'enkomerero nga bwe kiri mu Kulaane.

“Emirembe gibeere ku mmwe olw'obugumikiriza bwe mwakola! Ennyumba yammwe ey'Enkomerero nga mpitirivu obulungi.” (Ra'ad, 3:24)

Ebyetaagisa ebyo eby'esswala nga okutya n'obugonvu, obulungi munda, n'okuba awamu ne Allah, ssi bintu omuntu by'atasobola kutuu-kako. Okweyagala okw'omwoyo mu sswala tekuteekeddwa kubalibwa ng'ekintu eky'okwewunda mu sswala. Engeri esswala Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ze yasalanga, ng'ate ye yatusomesa engeri y'okusaalamu, zituwa engeri esukka ku bipimo ebyo. N'ensaala ya Basswahaba n'abo mikwano gya Allah (abalondemu) abaddiraa Basswahaba mu bigere nazo kya kulunngama kya mwoyo gye tuli.

ENSAALA YA NNABBI (ALLAH ASSE KU YE OKUSAASIRA N'EMIREMBE)

Banyumya nti Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe yabanga asaala ng'abaliwo bawulira eddoboozi ery'okusinda nga liva mu kifuba kye. Ali (Allah amusiime) ajjukira ekintu kino n'agamba nti: “Nnalaba Nnabbi ng'akaaba mu sswala ng'ali wansi w'omuti mu lutalo lw'e Badiri. Yakaaba nnyo era ekiro kyonna n'akimala mu kifo ekyo...” (Fadhwailul A'amal, 299)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yalabwako ne mu mbeera ng'omutima gwe guvaamu amaloboozi nga galinga okutokota kw'entamu efumba enva. (Abu Dawuda, Swalat, 157; Nasaa-i, Sahw, 18)

Ayisa naye agamba bw'atyi:

Bulijo twanyumyanga ne Nnabbi naye ekiseera ky'esswala bwe kyatuuukanga yafuuukanga n'abeeranga ng'eyali tatulabangako, era ebirowoozo bye byonna yabizzanga eri Allah...” (Fadhwailul A'amaal, 299)

N'olw'ekyo okufuna omukisa gw'esswala ng'eno kye kyandibadde ekigendererwa ekisaale eky'emyoyo gyaffe. Wadde nga kino tekitera kutuukirira twandibadde tugezaako mu ngeri ng'eno. Mu bimpimpi, embeera y'ebirowoozo bya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) mu sswala ye yandibadde ekifaananyi ekisembayo kye twettanira. Gye tukoma okusemberera ekifaananyi kino ekisembayo, gye tukoma okufuna emigaso mu sswala zaffe.

Wano we tugambira nti omuntu tayinza kukola kikolwa kyonna ne kituukirira bulungi nga tayise mu kugezaako mirundi egiwera. N'esswala bw'etyo bw'eri. Mu kusooka esswala esaalibwa ng'erina by'ebulamu. Era omuddu yeetaaga ekiseera okugisaala ng'etuukiridde bulungi ng'omuntu w'ekitone ky'okusiiga bwe yeetaaga ekiseera n'obumanyirivu okusobola okukola omulimu mu butuufu bwagwo. Olw'ensonga eyo, abo abatasobola kusaala sswala zaabwe mu ngeri ematiza tebasaanye kuggwaamu maanyi era balina okugenda mu maaso nga bagezaako okutuusa lwe banaatuuka ku kusaala nga bwe kyetaagisa. Ng'omuntu bwe yeetaaga okusengejja ttani z'ettaka asobole okufuna *gulaamu* emu eya zaabu, omuntu yeetaaga okugezaako okutuuka ku butuukirivu n'emirembe mu sswala na kuddinngana mu ngeri y'obugumiikiriza.

Era kyetaagisa mu sswala okufuna okuwulira muli nga bwe bakunyonna yola mu hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe)

"B'osaala kikole ng'eringa ye sswala yo gy'ogenda okukomako ofe! Toyogera kintu ky'ogenda kwejjusa; tosikirizibwa na bintu abantu abatalina buvunaanyizibwa bye beegomba!" (Ibn Maajah, Zuhud, 15).

Basswhaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'abalongoofu ba Allah abaabaddira mu bigere bulijjo baalwanga nnyo okutuuka ku kigendererwa kino hadiisi ya Nnabbi Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe ky'eyogerako.

OKUSAALA KW'ABASIRAAMU ABAASOOKA

Umaru (Allah amusiime), Kaliifa owokubiri bamufumita nga bamutaddeko ekiwundu eky'amaanyi ekyali eky'okumuviirako okufa. Ekisago kino kyamutuusibwako omusajja omusinza w'omuliro eyali alina bye yee-mulugunya. Umaru yavaamu omusaayi mungi era ng'ali mu mbeera mbi

nnyo era waayitawo akaseera katono n'azirika. Naye we yazirikira kyali kiseera kya sswala ne wabaawo eyayogerera okumpi n'okutu kwe nti:

“Owange Umaru! Kiseera kya sswala!”

Ekyewuunyisa, Umaru yadda engulu okusaala era bwe yamala n'agamba nti:

“Omuntu atasaala talina kifo mu Busiraamu!”

Oluvannyuma lw'ebigambo ebyo yaddamu n'azirika era n'afa.

Ali, Kaliifa owookuna, ye yapeeruukanga era ne yeesammulako ebirowoozo byonna eby'ensi ng'ali mu sswala. Lwe baamukuba akasaale ng'ali mu lutalo, yasalawo kutandika kusaala omuntu asobole okumusika akasaale mu mubiri. Teyawulira bulumi nga bamuggyamu akasaale. Lumu baamubuuza nti:

“Owange omukulembeze w'abakkiriza! Lwaki ekyenyi kyo kipeeruuka ate omubiri gwo ne gukankana bwe kiba kiseera kya sswala?” Yaddamu nti:

“Ekyo kiseera kya kusinza *ibaada* eyo eggulu n'ensi gye bitaasobola kugumira. Era simanyi oba nja kusobola okugikola mu butuufu bwayo oba nedda.”

Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bona baafunanga muli okuwulira okutya nga basaala.

Ye Hasane (Allah amusiime), muzzukulu wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), yappeeruukanga ng'afuna wuzu. Waliwo kino eyakiraba kwe kumubuuza bw'atyi:

“Owange Hasane! Lwaki opeeruuka ng'ofuna wuzu?” Hasane kwe kumuddamu nti: “Ekyo kiseera kya kuyimirira mu maaso ga Allah, Owaamaanyi Oweekitiibwa era Omunene.”

Hasane yalinanga edduwa gye yasomanga ng'ayingira omuzikiti ng'egamba bw'etyi:

“Katonda wange! Wuuno omuddu wo ali ku luggi lwo. Katonda wange Omusaasizi ennyo! Omuddu wo akola ebyonoono ali mu maaso go. Walagira abaddu bo abalongoofu okusonyiwa ensobi z'abo ababakoze

ebibi kubanga oli wa kisa nnyo era oli Musonyiyi nnyo. Nkusaba onsonyiwe ebyonoono byange era onsaasire olw'ekisa kyo n'okusaasira kwo!"

Zayn al-Abidiina yapeeruukanga olwasitukanga okugenda okufuna wuzu era bwe yabanga agenda okusaala ng'amagulu ge gakankana. Abaamubuzanga nti "kiki ekiba kikutuuseeko" yaddangamu nti "temumanyidde ddala mu maaso g'ani mwe mba nngenda okuyimirira?"

Lumu ennyumba ye yakwata omuliro ng'ali mu sswala naye n'atakirabirawo. Olw'amala esswala bamubuuira ekyali kiguddewo nga bwe bamubuuza bwe bat, "Kiki ekyakulobedde okulaba ekyabadde kigenda mu maaso?" Yabaddamu nti "Omuliro ogw'oku Lunaku lw'enkommerero gwe gwannemesessa okuwulira omuliro gwo ku nsi kuno."

Muslim bin Yasaar yateranga okuwulira mu ngeri y'emu ng'ali mu sswala. Lumu yali e Basra ng'asaalira mu muzikiti gwayo, omuzikiti ne gugwa naye n'atakiraba ekyali kituuseewo ye n'agenda mu maaso na kusaala. Bwe yamala okusaala baamubuuza bwe bat:

"Omuzikiti gugudde naye tokifuddeko! Lwaki weeyisizza bw'otyo?"

Yeewuunya nnyo kwe kubabuuza nti: "Kituufu omuzikiti gugudde?"

Ye Sufyaane bin Thawuri lumu yali abbidde mu kufumiitiriza okw'omwoyo. Yabeera yekka okumala ennaku musanvu nga talya tanywa. Mukama we mu by'omwoyo kino baakimugamba kwe kubuuza:

"Naye ebiseera by'esswala aba abimanyi?"

Be yabuuza baamuddamu nti:

"Abimanyi era asaala bulungi esswala ze." Bwe yawulira kino kwe kugamba nti "Neebaza Allah atakkiriza Sitaane kulumba Sufyaane."

Omuntu omu ayagala Allah yanyumya bw'atyi: "Lumu nnasaala esswala ya Aswri Dhunnuun al-Misiri gye yakulembra. Yali muddu wa Allah omutuukirivu. Yasoma nti "Alaahu akbaru" naye yaleekaana nnyo ng'agamba nti: "Allaahu" ne ndowooza nti omwoyo gwe gwawukanye n'omubiri gwe. Ate bwe yagamba nti "Akbaru" omutima gwange ne gutyemuka ne gweyuzaamu bulere".

Amir bin Abdullah ye yakutulangawo byonna eby'ensi era yagambanga nti "nandyegombye ne bankuba akasaale ne kayita mu mubiri



okusinga okumanya abantu abali awo bye bakola ne bye boogera nga ndi mu sswala.”

Abo abatasobola kusaala nga Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe baasaalanga tebafuna ssanyu lya kusaala. Baatuuka n'okubuuusabuusa engeri esswala gy'ejja omuntu mu bintu ebiri wabweru w'esswala. Tebalina magezi gasobola kutegeera nti abantu nga bafuna essanyu ly'okukola ebikolwa eby'ensi n'ebibi, lwaki nabo tebafuna ssanyu ly'omwoyo ng'erifunibwa mu sswala. So ng'ate kizibu eri abo abatasobola kutegeera ssanyu ery'ekika kino okutegeera embeera y'essanyu lino. Abantu abo abatafaayo, bakkiriza nti abantu bayinza obutalaba kintu kyonna kibeetoolodde nga bali mu kwogera n'abaagawa baabwe oba nga bali mu ngeri endala, naye tebasobola kutegeera nti omuntu asobola okufuna essanyu okuva mu sswala esobozesa omuddu okusobola okwogera ne Allah, gw'asinga okwagala. Obwo buzibe bwa maaso na butalaba bya kika kya waggulu.

Mu butuufu, esswala entuufu etuusa omuddu eri obutuukirivu n'okumanya Allah. N'olw'ekyo, okusaala kutwalibwa nga kintu kyangu nnyo eri abo abalina obukkiriza obw'amaanyi era abo emitima gyabwe egyawundibwa n'okwagala Allah, esswala ebawa essanyu eritoogerekeka. Eyo ye nsonga lwaki bulijjo bawulira nga balinga abali mu sswala ne bwe babeera mu mubiri tebali mu sswala. Waiswal Qarani bulijjo yayagalanga okubeera mu sswala. Lumu mukwano gwe yamulambula ng'asaala. Mukwano gwe yamulinda amale okusaala, naye bwe yamulaba nga yali tagenda kumala kusaala kwe kwegamba muli nti:

“Omutima gwange! Wazze wano kulambula Waiswal na kubaako by'omuganyulwamu eby'omwoyo. Eno y'embeera ye esinga okubeera eyo waggulu. Gano ge magezi agasinga okubeera amalungi gy'oli. Elikolwa kyogera okusinga ekigambo! Bw'oba osobola okufuna eky'okuyiga okuva mu ekyo ky'olabye, kino kimala n'okusinga kye wabadde oyagala okutuuka ku nkomerero y'obulamu bwo!”

Lino lyali ssomo eritali lya bigambo era eryali lisinha okubeera eddungi eri omuntu ono. Era oluvannyuma bwe yallowooza nti yali amaze okuweebwa emikisa emitukuvu ekifo ekyo yakivaamu.

Bwe kituuka kw'abo abatuuka ku mbeera bw'etyo Allah aboogerako bw'atyi mu Kulaane.

“.... ne sswala. Mazima ddala esswala nzibu nnyo okuggyako eri abo abagonvu.” (Baqara, 2 : 45)

Wadde nga tuyinza obutasobola kutuuka ku ddaala ly'abo Allah b'ayagala nga bwe bakola, tuteekeddwa okugezaako nnyo ng'eemitima gyaffe n'emyoyo gyaffe nga bwe bisobola. Ebiseera ebimu Sitaane etubuzaabuza n'etuwugula okutujja ku sswala nti kubanga tetusobola kusaala nga bwe kyetaagisa mu bugonvu n'okutya. Kino kitimba ekiyinza okuviiirako omuntu okubula. Kisingako okusaala wadde nga tekukoleddwa mu bogonvu n'okutya ebituukiridde okusinga obutasaalira ddala. Enjawulo eri wakati w'ebantu ebyo byombi (okusaala esswala etetuukiridde n'obutasaalira ddala) nnene nnyo. Abo abatasala bulijjo bafuna okufaafaganirwa. Naye abo abasaala, wadde nga tebasadde bulungi, lumu bayinza okufuna ebyengera ebitukuvu ebibalunngamya okusaala esswala ezituukiridde ezikkirizibwa mu maaso ga Allah. Ne bwe tusaala esswala emu yokka efaanana bw'etyo tuyinza okufuna embavu okwesimba mu maaso ga Allah.

ESSWALA ETTAANO EZIKATA OKUSAALIBWA BULI LUNAKU

Emirimo emikulu Allah yagirangirira eri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ng'ayita mu Malayika omukulu Jibuliilu. Wabula esswala ettaano eziteekedwa okusaalibwa buli lunaku ng'etteeka ezo zaaweebwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) butereevu mu kiro eky'ebywuuunyo lwe yalinnya mu ggulu. Mu kusooka, zaali sswala amakumi ataano ezaali ez'okusaalibwa buli lunaku naye Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) n'awa Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) amagezi bw'atyi:

“Mubaka wa Allah! Ekyo nnakigezaako ku Batabani ba Yisirayiri nga tonnatumwa naye ne nnemwa. Abantu bo nabo obuvunaanyizibwa obw'ekika ekyo tebabusobola!”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ekiro ekyo, yasaaba Allah emirundi etaano okukendeeza esswala okuzituusa ku sswala ettaano ez'etteeka eza buli lunaku.

Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) n'era yagamba Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) nti:



“Abantu bo n’esswala ettaano tebazisobola okuzisaala buli lunaku.”

Nnabbi kwe kumuddamu nti: “Nswala okuddayo okuwanjagira Allah omulundi omulala!”

Olwo ne zifuuka esswala ttaano buli lunaku.

Wabula era Allah yalaga abaddu be okusaasira okusinziira ku kuwanjaga kwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) era n’amubuulira n’amawulire amalungi n’akendeeza esswala okutuuka ku ttaano:

“Owange Nnabbi! Allah tajjulula kigambo kye. Mujja kufuna empeera za sswala amakumi ataano wadde nga musadde ttaano.” (Ibn Maajah, Iqaamatus Swalah, 194)

Nnabbi abuulira abantu be ebikwata ku sswala ettaano eza buli lunaku bw’atyi:

“Allah yagamba nti nalaalika abantu bo esswala ttaano. Waliwo kye mbasuubiza. Mazima ddala (eno y’endagaano yange). Omuntu asaalira esswala ezo ettaano mu biseera byazo ddala nja kumuyingiza Ejjana. Naye tewali ndagaano gye nkoze wakati wange n’abo abatasaala sswala ezo. (Ibn Maajah, Iqaamatus Swalah, 194)

Mu hadiisi ya Nnabbi endala mulimu nti:

“Allah yalaalika esswala ttaano zisaalibwe abaddu be buli lunaku. Allah akakasa abo abasaala esswala ezo mu bwesimbu okubayingiza Ejjana ku Lunaku lw’okulamula. Naye Allah talagaanyisa abo abatattwala sswala nga kikulu, abaziragajjalira ne baba ne bye batatuukiriza mu kuzisaala, Allah abo ajja kubakolako nga bw’ayagala ayinza okubabonereza oba n’abasonryiwa.” (Ibn Maajah, Iqaamatus Swalah, 194)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yabuuza Basswahaba ekibuuzo kino ng’ayagala kubannyonyola obukulu bw’esswala ettaano eza buli lunaku.

“Singa omu ku mmwe alina omugga ogukulukutira okumpi n’oluggi lwe, ng’anaaba mu mugga guno emirundi etaano olunaku, olowooza ayinza okubaako n’akakyafu akayinza okusigala ku mubiri gwe?”

Basswahaba baamuddamu nti:

“Tewali bukyafu bwonna buyinza kusigala ku mubiri gwe.”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kubagamba nti:

“N'esswala ettaano zikola bwe zityo. Allah asangulawo ebyonnono n'esswala ettaano ezisaalibwa buli lunaku.” (Bukhari, Mawaaqiit, 6)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yalangirira amawulire amalungi gano wammanga mu hadiisi ez'enjawulo.

“Singa amazambi amanene geewalibwa, esswala ettaano eza buli lunaku n'esswala ya Juma (esaalibwa ku Lwokutaano mu jjama) bibalibwa ng'ebisangulawo amazambi amatono agaba gakoleddwa wakati wa buli kimu n'ekirala. Era kino kigenderera ebiseera byonna” (Muslim, Twahaarah, 14)

“Omusiraamu bw'afuna wuzu ng'ekiseera ky'esswala kituuse, n'asaala mu ngeri entuufu erimu okutya, esswala ye eyo esangulawo ebyonoono bye by'aba yaakakola. Era kino kigenderera ebiseera byonna. (Muslim, Twahaarah, 7)

Kiteekwa kitegeerekeke wano nti esswala ettaano eza buli lunaku zonna nkulu. Waliwo ensonga lwaki zisaalibwa mu biseera bya njawulo mu lunaku. Engeri gye zaawukanyamu ebiseera, nnungi eri omubiri gw'omuntu n'omwoyo gwe. Olw'ensonga eyo, omuntu ateeqwaa okuberra omwesimbu buli emu n'agisaala nga bwe kyetaagisa mu bwesimbu. Allah agamba mu Kulaane nti:

“Okutenderezebwa kwa Allah bwe mu buwungeeza ne bwe mu bukeesa. Era amatendo gonna amajjuvu gage mu ggulu ne mu nsi ne mu biseera eby'olw'eggulu n'olunaku we lutandikira okukkakka-na.” (Ruum, 30:17- 18)

Abdullah ibn Abbaasi *aya* zino azibala ng'ezoogera ku sswala ettaano eza buli lunaku n'agamba nti:

“Ebigambo ‘bwe muzuukuka ku makya’ kitegeeza sswala ya kumakya (subuhi). Ebigambo ‘olweggulu’ bitegeeza sswala ya mu ttuntu (Dhuhuri)

Ebigambo ‘olunaku bwe lutandika okumenyeka’ bitegeeza sswala ya Aswiri.



Ebigambo ‘bwe mu bwungheeza’ bitegeeza sswala ya Magharibi (eyakawungeezi) n’ey’ekiro (Isha).”

Waliwo *aya* endala mu Kulaane ezoogera ku sswala ezaalaalikibwa.

Saphiri assa essira ku bukulu bw’esswala ettaano ezaalaalikibwa okusaalibwa buli lunaku n’ayogera bw’atyi ku mbeera y’abo abatasala:

“Bamalayika bakooowoola abo abatasaalira ddala sswala ya ku makya (subuhi) bwe batyi: ‘Abange mmwe aboonoonyi ababi ennyo!’

Abo abatasaalira ddala sswala ya mu ttuntu nti, ‘Owange ggwe eyammibwa!’

Abo abatasaalira ddala sswala ey’olweggulo nti, ‘Owange ggwe omwewagguzi!’

Abo abatasaalira ddala sswala ya kawungeezi nti, ‘Owange ggwe nantasiima!’

Abo abatasaalira ddala sswala ey’ekiro (Isha) nti, ‘Owange ggwe afiriddwa!

Ku ludda olulala, engeri n’amateeka agafuga esswala ezaalaalikibwa n’esswala endala ezeeyongerako (sunnah) Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ze yasaalanga bulijjo oba ezo ze yateranga okusaala, gateekeddwa okugobererwa obulungi. Bino bye bitundu ebikulu eby’esswala ettaano n’esswala eza kyeyagalire ebitateekeddwa kuleka oba kulgajalirwa olunaku lwonna. Waliwo hadiisi nnyingi eza Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ezikwata ku nsonga eno.

“Laaka ebbiri eza ssuna eze sswala yo kumakya za mugaso nnyo okusinga ensi n’ebitonde byonna ebiri mu nsi.” (Muslim, Sswalatul Musaafiriina, 96)

“Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yasaalanga Laaka nnya nga tannasaala laaka ezaalaalikibwa eza sswala y’omu ttuntu (dhu-hur), era yasaalanga laaka bbiri oluvannyuma lwa sswala y’omu ttuntu.” (Tirmidhi, Juma, 66)

“Allah asaasire abantu abo abasaala laaka ennya nga tebannasaala laaka ezaalaalikibwa eza sswala ya Aswir.” (Tirmidhi, Swalat, 201)

“Yanguwa osaale laaka bbiri eza ssunna oluvannyuma lw’okusaala laaka essatu ezaalalikibwa ez’esswala ya kawungeezi (Magharibi), okuva lwe bazitwalira awamu ne laaka ezaalalikibwa.” (Rezin)

Bino ebijja wammanga byayogerwa nga bikwata ku laaka ennya ezennyongeza ng’omuntu tannasaala sswala ya kiro (Isha).

“Waliwo esswala esaalibwa wakati w’okwaziina (adhan) n’okukima (Iqaamah) okukolebwa nga laaka ezaalaalikibwa zigenda okutandika.” (Bukhari, Adhan, 16)

Ate ne laaka ebbiri ezigoberezebwako oluvannyuma lwa laaka ez’et-teeka (faradhwu) eza sswala ey’ekiro (Isha) zimanyiddwa nti Nnabbi bulijjo yazisaalanga.

Ekimu ku bintu ebikulu ebikwata ku sswala kwe kusaalibwa mu kiseera kyayo. Buli Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) lwe baamubuuzanga nti:

“Kusinza kwa kika ki okusinga obulungi?”

Yaddangamu nti: “Esswala esaaliddwa mu kiseera kyayo.” (Bukhari, Mawaqiitus swalat, 5)

N’olw’ekyo, kirungi okusaala esswala nga yaakayingirawo. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kino yakyogerako bw’atyi:

“Allah asanyukira nnyo abo abasaala sswala mu biseera byayo ebituufu, naye asonyiwa abo abazisaala ng’ekiseera kiggwaako.” (Jam’ul Fawaaid, I, 163)



Ng’oggyeeko esswala ettaano ezaalaalikibwa buli lunaku waliwo esswala endala eyalaalikibwa nayo ye sswala y’okulwokutaano (Jumu’ah). Esswala eno esaalibwa mu kibinja era ekulemberwa khutuba (okubuulirira). Esaalibwa mu kifo kya sswala yo mu ttuntu (eya Dhuhuri). Abantu bona abasajja abawezizza emyaka gy’obukulu bateekeddwa okusaala sswala eno okuggyako abatambuze. Sswala eno ssi ya buwaze eri abakyla naye bayinza okwegatta ku basaaze. Kulaane eyogera ku bukulu bwa sswala y’okulwokutaano nti:



“Abange mmwe Abakkiriza! Okukowoola kw’esswala bwe kuba kukoleddwa ku Lwokutaano mwanguwe eri okutendereza Allah, muleke eby’okusuubula ekyo kye kibasingira obulungi bwe muba nga mumanyi!” (Jumu’ah, 62:9)

SSWALA EZITALI ZA TTEEKA

Mu hadiisi quodusi (hadiisi Allah mwe yatumira obubaka eri Nnabbi, Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe, naye Nnabbi n’abutuusa ku bantu ng’akozesa bigambo bye), Allah agamba nti:

“Omuntu yenna awalana omuddu wange nja kumuggulako olutalo. Omuddu wange tayinza kunsemerera na kintu kye njagala okusinga ekyo kye nnamulaalikako. Naye omuddu wange tavaawo ng’ansembere-ra n’ebintu eby’enyongereza (bye ssamulaalikako) okutuusa lwe mwaga-la. Bwe mwagala nfuuka amatu ge g’awuliza, ne nfuuka amaaso ge g’ala-bisa, era ne nfuuka ebibatu bye by’akwasa, nfuuka ebigere bye by’atam-buza (nfuuka omutima gwe gw’alowoozesha ne nfuuka olulimi lwe lw’ayogeza). Bw’ansaba mwanukulirawo. Bw’ampanjagira muwonye ekintu nkimatangira. Tewali kintu kye siyanguyira kukola ng’okutwala obulamu bw’omuddu omukkiriza. Tayagala kufa ate nga nange saagala kintu ky’atayagala...” (Bukhari, Riqaaqi, 38)

N’olw’ekyo, Abasiraamu bannaddiini abaty Katonda nga bagendera ku hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) basaa-la sswala eza sunna mu biseera by’okutya, mu biseera bya matumbibud-de ne mu biseera ebirala, era ne bwe baba nga balina kye betaaga, nga zino bazongereza ku sswala ezaalalikibwa (eza Fawadhwaa). Bali mw’abo abaatendebwa mu Kulaane nti:

“Obubonero bwabwe buli mu byenyi byabwe nga buva mu kuvunnama kwe babeeramu.” (Fati’hi, 48 : 29)

Bafuna essanyu ery’olubeerera nga balijja mu sswala era nga sswala eza sunna zisaalibwa olw’okukuma essanyu lino eritaggwaawo. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) wadde nga teyakola kyonoono yasaalanga ekiro okutuusa ebigere bye bwe byazimbanga era yasomanga Kulaane okutuusa lwe yakooawanga. N’olw’ensonga eyo sswala za sunna tezitwala kifo kya sswala za faradhwa naye ate zongera kuzinyweza na

kuziwanirira nga n'ensonga kwe kugezaako okuzisaala mu ngeri entuufu. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti:

“Okusinza (*ibaada*) omuddu kw’alisooka okubuuzibwako ku Lunaku lw’enkomerero ye sswala. Eswala ye bw’erisangibwa nga yasaalibwa bulungi ajja kuba awonye naye bw’erisangibwa nga nkendeevu, ajja kubeera mu abo ab’okufaaaganirwa. Sswala eza faradhwa bwe zirisangibwa nga tezimumala kumutaasa, Allah ajja kugamba nti:

“Waliwo esswala eza ssunna omuddu wange ze yasaala zijuulirize sswala eza faradhwa?”

Ibaada endala nazo bwe zityo bwe zigenda okubeera.” (Tirmidhi, Swalat, 188)

N’olw’ekyo okubala sswala eza faradhwa ng’ezimala nsobi nnene, kubanga kisemberera okuba nga tekisoboka okusaala sswala eza faradhwa nga bwe kyetaagisa era mu butuufu bwazo. Ne bwe tuziwa obuzito obwenkana wa, tusobola ekiseera kyonna okukola ensobi nga tuzisaala. N’olw’ekyo tetulina mukisa mulala okumalawo obumulumulu obwo okuggyako nga tuyise mu kusaala sswala ez’ennyongereza. Ebiba bitatuukiridde nga tusaala sswala eza faradhwa bisobola okujjuulirizibwa ne sswala eza ssunna, okuva lwe tutalina mukisa kuziddamu kuzitereeza singa zituyiseeko oba nga tetuzisadde bulungi. Wabula kino tekitegeeza nti tuleke sswala ezaalaalikibwa amaanyi tugamalire ku za sunna zokka. Twandigezzako okusaala esswala ez’ebika byombi mu kiseera kye kimu. Enkola ya Nnabbi ku nsonga eno etuwa eky’okulabirako eky’enjawulo ekirungi. Ku ludda olulala, abo ababa bataasadde sswala za faradhwa mu biseera byazo ebituufu tebandigezezaako kuliwa esswala ezita-saalidwa kyokka, naye bandisadde ne sswala eza sunna engeri sswala ezibayiseeko bwe basobola okuzisaala ekiseera kyonna mu lunaku so nga esswala eza sunna, okugeza nga ezo ezisaalibwa akawungeezi, olw’egg-gulo, ng’enjuba evuddeyo, n’ekiro zirina kusaalibwa mu biseera byazo.



Rabii-a bin Ka’abi al-Aslami yagamba bw’atyi:

“Nnabeeranga ne Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ekiro nga mmulindako okumuwa amazzi ag’okufuna wuzu n’ebirala. Lumu yanngamba bw’atyi:



‘Mbuulira ekintu kye wändiyagadde mu nze nkukolere!’

Nnamugamba nti:

‘Njagala kubeera naawe mu Jjana.’

Kwe kugamba nti: ‘Oyagala ki ekirala?’

Nnamuddamu nti: ‘Ekyo kyokka kye njogedde kye njagala.’

Kwe kunngamba nti:

‘Bwe kiba bwe kityo, kati nnyamba ng’oyita mu kusaala ennyo nga bw’osobola!’” (Muslim, Swalat, 226)

Hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) endala ekwata ku nsonga eno egamba bw’etyi:

“*Teri kintu kiyinza kuyamba muddu okuseemberera Allah ng’oku-vunnamu ng’ali yekka. Ekitengeeza nti sswala za sunna z’asaala ng’ali yekka awaka ze zimusembeza okumpi ne Allah okusinga ebirala.*” (Ibn Mubaarak).

Ye Shaqiq al-Balkhi yagamba nti:

Twanoonya ebantu bitaano era ne tubisanga mu bantu bitaano:

1. Ebibala mu *riziki* twabinoonyanga mu sswala z’olw’eggulo.
2. Ekitangaala mu ntaana twakinoonyanga mu sswala esaalibwa ekiro.
3. Okuddamu ebibuuzo Bamalyika ababiri bye babuuza omufu twakunoonyanga mu kusoma Kulaane.
4. Okusobola okuyita ku lutindo okuva mu nsi eno okugenda mu ggulu (Swiratwa) twakunoonyezanga mu kusiiba na mu kuwa saddaaka.
5. Ekisiikirize ku Lunaku lw’okulamula twakinoonyezanga mu kutendereza Allah ng’omuntu ali yekka.

Waliwo sswala za sunna nnyingi, era ng’ezisinga obukulu ze zino wammanga:

Sswala ya Dhuga (Esswala esaalibwa mu kiseera kya kalasamayanzi, ekitundu ky’olunaku ekisooka ng’ettuntu terinnaba).

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti: “Ebigambo ‘amatendo gonna amajjuvu ga Allah’ eyo eba saddaaka, ebigambo ‘okutenderezebwu kwa Allah’, eyo nayo saddaaka, ebigambo ‘Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah’ eyo nayo saddaaka; okulagira okukola ekirungi eyo nayo saddaaka, okuziyiza okukola ekibi eyo nayo saddaaka. Ate sswala ya Dhuha eya laaka ebbiri edda mu kifo kya bino byonna.” (Muslim, Swalaatul Musaafiriina, 81)

Ayisa, mukyala wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yanyumya bw'atyi: “Lumu nnalaba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ng'asaala sswala ya Dhuha, era teyaddayo kumpitako obulamu bwange bwonna.” (Bukhari ne Muslim).

Sswala ya Awwaabiina (ey'olweggulo)

Nnabbi yagamba nti:

“Oyo yenna asaala esswala wakati w'akawungeezi n'esswala y'ekiro eyo eyitibwa sswala ya Awwaabiina (abeenenya).” (Ibn Mubaarak, al Raqaa-iq)

***Tahiyyatul Masjidi* (sswala esaalibwa ol'okulamusa omuzikiti)**

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti omuntu mu mmwe asaalenga laaka bbiri bw'aba ayingidde omuzikiti nga tannatuula wansi!” (Bukhari, Swalat, 60)

Sswala ya Taraawiihi (esswala esaalibwa mu mwezi gwa Lamanzaane oluvannyuma lwa sswala y'ekiro eyalaalikibwa)

Ayisa, mukyala wa Nnabbi (Allah amusiime) yagamba nti:

“Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) teyeezinganga ku kusinza mu myezi emirala nga bwe yeezinganga mu kusinza mu mwezi gwa Lamanzaane. Ate era mu mwezi ogwo naddala yasinganga okwezinga mu kusinza mu nnaku ekkumi ezisembayo mu mwezi gwa Lamanzaane.” (Muslim, Itikaafu, 832)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti:

“Oyo yenna asaala ekiro kya Lamanzaane nga mwesimbu era ng'asaala lwa kusuubira kufuna mpeera, asonyiyibwa amazambi g'aba yaakkakola.” (Bukhari, Imaani, 27)



Esswala esinga obukulu esaalibwa mu Lamanzaane ye sswala ya tarawiya (tarawiihi). Esaalibwa mu laaka amakumi abiri era olw'okuba etwala ekiseera kiwanvuko omuntuasuubirwa okugisaala obulungi.

Sswala ya Istikhaara (esswala esaalibwa ng'omuntu tannaba kwe-baka ng'asuubira Allah okumusalirawo ekisinga obulungi ku bintu ebi-biri oba okusingawo)

Jabbeeri bin Abdallah yagamba nti:

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yatuyigirizanga sswala ya Isti-khaara ng'alinga atuyigiriza essuula mu Kulaane..” (Bukhari, Tahajjudi, 28)

Sswalaatul Haaja (sswala esaalibwa omuntu okutuukiriza by'ayagala)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ayogera ku sswala y'ekyetaago omuntu gy'asaala ng'asaba Allah amumalire ekyetaago kye oba amuwe ky'ayagala, n'agamba nti:

“Omuntu yenna alina ky'ayagala okuva eri Allah, asooke afune bulungi wuzu nga bwe kyetaagisa, oluvannyuma asaale laaka bbiri, oluvannyuma asabire Nnabbi okusaasirwa, era bw'amala asabe edduwa eno wammanga.

“Teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, Omusaasizi ennyo, Oweekisa ekingi. Amatendo gonna amajjuvu ga Allah, afuga eggulu. Era amatendo gonna ga Allah, alabirira ebitonde byonna.

Katonda wange! Njagala ebintu ebiva mu kusaasira kwo, era njagala okusonyiwa kwo, era njagala okutuuka ku bulongoofu. Katonda wange Omusaasizi ennyo! Nkusaba oleme kulekawo zzambi nga tolisonyiye, wadde nnaku okuggyako ng'oginzieeko, wadde kyetaago okuggyako ng'okinkoleddeko... (Tirmidhi, Witr, 17)

Sswala ya Tahajjudi (esswala esaalibwa omuntu ng'azuukuse ekiro) n'esswala endala ezisaalibwa ekiro.

Buli kiseera kirina engeri yaakyo mu maso ga Allah. Wabula, ebiseera ebimu bya muwendo nnyo okusinga ku binnaabyo, era birina okukozesebwa obulungi. Ekiro kye kimu ku biseera bino Kulaane ne hadiisi za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kye byogerako ng'eky'omuwendo.

Obuzito Allah bw'awa ekiro n'ebyama ebikirimu bingi nnyo tebibalika. Allah agamba nti:

“Ndayidde ekiro n'ebyo bye kikunngaanya mu kizikiza kya kyo.” (Inshiqaaq, 84 : 17) “Ndayidde ekiro bwe kiba kikunidde.” (Dhuha, 93:2) Ekyma ekiri mu Allah okulayira ekiro ddirisa ettukuvu eri emitima gyaffe n'emyoyo gyaffe okulingirizaamu okusobola okulaba ebintu ebingi.

Ekiro kye kiseera ky'okuvunnama mu maaso ga Allah n'okwagala n'omukwano olw'ekigendererwa eky'okufuna okusima kwe, mu kifo ky'okwebaka ku buliri obugonda. Olw'ensonga eyo esswala ezennyyongeza ezisaalibwa ekiro nkulu nnyo okufuna okusemberera Allah. Olw'ekyo omuntu ayagala era n'asaala ekiro olw'okwagala kw'awulira eri Allah. Oyinza okugamba nti okusaala ekiro kulinga okusisinkana n'okunyumya ne gw'oyagala ekiro: okusigala ng'otunula ekiseera buli muntu w'aba yeebakidde kitegezea kukuteeka mu kibiina ky'okwagala n'okusaasira.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yasaalanga ekiro okutuusa ebigere bye lwe byazimbanga. Lumu baamubuuza

“Mubaka wa Allah! Lwaki weekaluubiriza obulamu ng'ate Allah yakirangirira mu Kulaane (mu ssuula 48) nti wasonyiyibwa amazambi go gonna?”

Yaddamu nti:

“Kiba kibi ki nze okubeera omuddu asiima (eyeebaza)?” (Bukhari, Tahajjad, 6)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era yagamba nti:

“Esswala esinga okubeera ennungi ng'ogyeko sswala ezaalaalikibwa ye sswala esaalibwa ng'omuntu asisimuse ekiro okuva mu tulo.” (Muslim 202 – 203)

“Laaka ebbiri omuntu z'asaala ekiro za mugaso nnyo okusinga ekintu kyonna mu nsi. Singa ssaalowooza nti gwandibadde mugugu na kuzitowereza abantu b'Ekihiina kyange nandibalagidde okusaala laaka ezo.” (Fadhwailul A'maal, 257)

Waliwo akaseera mu kiro singa Omusiraamu akagwikiriza n'asaba ekintu okuva ewa Allah, ekintu ekkyo kimuweebwa (mbagirawo).” (Tirmidhi, Witr, 16)

“Singa omusajja azuukuka ekiro n’azuukusa ne mukyala we basaale laaka bbiri bombi, Allah awandiika amannya gaabwe mu abo abasinga okutendereza Allah. (Abu Dawuda, Tatwawwu-u, 18)

“Tolekanga okusaala ekiro! Kubanga eyo yali mpisa ya bantu aba-longoofu abaabasooka. Okusinza ekiro kisembeza omuntu okumpi ne Allah, kuggyako omuntu amazambi, ne kukuuma omubiri nga mulamu (tegulwala), ne kumuziyiza okukola ebikolwa ebibi.” (Timidhi).

“Allah asaasire omuntu azuukuka ekiro okusaala mu ngeri y’emu n’azuukusa mukyala we okukola ekintu kye kimu. Allah era asaasire omukazi azuukuka ekiro okusaala, era n’azuukusa ne bba akole ekintu kye kimu!” (Abu Dawuda, Witri, 13)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yagamba Abu Dharri, bw’atyi:

“Abu Dharri! Abaffe weetegeka ng’ogenda okutambula olugendo?”

Ko Abu Dharri nti:

“Ye, Nnabbi nneetegegeka.”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kwe kugamba nti:

“Kale butya bw’olowooza olugendo olw’Olunaku lw’okulamula bwe lugenda okubeera? Wuliriza kye nngenda okukugamba; nkubuulire ekintu ekigenda okukugasa ku Lunaku lw’okulamula?”

Abu Dharri yaddamu nti:

“Ye Omubaka wa Allah!”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kwe kugamba nti:

“Siiba ku lunaku olw’ebbugumu ennyo ng’osiiba lwa kwetegekera Lunaku lwa kulamula. Saala esswala eya laaka ebbiri ekiro osobole okuwona ekiwuubaalo mu ntaana. Tambula olugendo ogende ku Ka’aba omulundi gumu mu bulamu bwo, era owe saddaaka omuntu omunaku olw’okwetegekera Olunaku olw’okuzikirira. Yogera ebigambo ebirungi oba okuumee olulimi olwo obutayogera bigambo bikyamu!” (Ibu Abid Dunya, Kitaab al Tahajjud).

Ku nsonga eno, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba Abu Hurayira bw'atyi.

“Owange Abu Hurayira! Bw'oba oyagala okubeera mu kusaasira kwa Allah ng'oli mu ntaana ne ku Lunaku lw'okuzikirira, zuukuka ekiro osaale laaka bbiri ku lwa Allah. Owange Abu Hurayira! Bw'osaalira mu nsonda emu mu nnyumba yo, ennyumba yo eyaka ng'emmunyeenyre mu ggulu, era efuuka ng'emmunyeenyre eri abantu mu nsi muno.” (Ihyaa – u uluumuddiini, I, 1023)

Abdallah bin Umaru, olw'okwagala okumuvvuunulira, yaleka Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) amanye emu ku ndooto ze ng'ayita mu Hafsa, eyali mwannyina wa Abdallah era nga mukyala wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba ng'avvuunula endooto eyo nti:

“Abdallah muntu mulungi nnyo wabula ate yandibadde musuffu singa abadde asaala ekiro!”

Okuva kw'olwo Abdallah teyalekayo kusaala kiro (Bukhari, Tahajjud, IV, 360)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti “Malayika omukulu Jibuliilu yagamba nti Ekitiibwa ky'omukkiriza, tewali kubuuusabuusa, kikwatagana ne sswala y'ekiro...” (Haakim, Mustadrak, IV, 360)

Om uku baddu ba Allah abo b'asiima y'oyo ava mu kiriri kye eki-gonda era ekibuguma alyoke asaale esswala ya tahajjud. Allah asiima omuddu oyo n'agamba Bamalayika nti:

“Kiki ekireetera omuddu wange ono okufaayo okusaala ekiro mu budde buno?”

Bamalayika baddamu nti:

“Lwa kwagala kufuna kusaasira kwo na mikisa gyo, na lwa kutya bibonerezo byo.”

Allah abagamba nti:

“Kale kati muwadde by'anneetaagamu. Era mukuumye okuva mu ebyo by'atyia.” (Fadwailul A'amaal, 299)

Aya za Kulaane nnyingi zikoowoola abakkiriza okutendereza Allah mu biseera by'ekiro.



“Ne mu kitundu ekimu eky’ekiro mutendereze n’olvannyuma lw’okuvunnama.” (Qaf, 50 : 40)

“Ne mu kiro mutendereze n’olvannyuma lw’okubula kw’emmu-nyeenye.” (Twur, 52 : 49)

“N’abo abamala ekiro nga basinza Katonda waabwe, nga bavun-nama ne bayimirira.” (Furqaan, 25 : 64)

Allah annyonnyola ebitendo by’abo abajja okuwona okuyingizibwa mu Muliro era bayingire Ejjana n’agamba nti:

“Akaseera katono nnyo ke beebakangamu. Ne mmambya ng’ebu-lako katono okusala beegayiriranga nnyo Allah abasonyiwe.” (Dhariyaat, 51:17-18)

Ku kitibwa kino ogattako nti Allah ayogera ku bakkiriza abo abamutendereza obudde bw’ekiro ng’abalina enkizo bw’obageraageranya n’abakkiriza abalala n’abatakkiriza.

“Abaffe oyo omugonvu eri Allah avunnamo oba n’ayimirira (ng’ali mu sswala) mu biseera by’obudde bw’ekiro, ng’aty a Enkome-rero ate ng’asuubira okusaasira okuva ewa Katonda we (afaanana n’oyo atakkiriza)? Gamba nti: ‘Abaffe abo abamanyi n’abatamanyi benkana?’ Abo bannannyini magezi (na kulowooza) be bajukira.”
(Zumar, 39 : 9)

Nga Allah bw’ayogera kw’abo abalongoofu abasinza ekiro, mu ngeri y’emu alabula abaddu abo abatafaayo nga tebakola nga bannaabwe.

“N’ekiro muvunnamire omutendereze ekiro ekiwanvu. Mazima ddala abo (abatakkiriza) baagala obulamu bw’ensi eno obw’amangu ne baleka emabega waabwe Olunaku oluzito.” (Insaan, 76 : 26 – 27)

Ekitundu ky’ekiro ekyokubiri kigambibwa okubeera nga kye kisinkago okubeera n’enkizo. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) lumu yabuuzibwa ku kintu ekkyo nti:

“Mu kitundu ki okusinza mwe kusingira okukkirizibwa?”

Yaddamu bw’atyi: “Okusinza okukolebwa mu kitundu ekyokubiri eky’ekiro...” (Abu Dawuda).

Wabula nga bwe kitali kyangu okusinza ekiro, omuntu alina okugenderera bino. Ku kwagala ennyo okusinza ekiro, omuntu alina okulya emmere enyanguyangu ate ne yeebaka mangu. Banyumya nti:

“Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) abantu teyabawagiranga kwebaka nga sswala y'ekiro (Isha) tennaba ate teyabawagiranga kunyumya ekiwanvu oluvannyuma lwa sswala eyo.” (Bukhari, Mawaqqitu al-sswalat, 23)

Omusiraamu ateekeeddwa okwemanyiiza okwebaka amangu n'okuzuukuka nga bukyali. Wayinza okubeerawo embeera eziteebeereka naye ekyo tekisaanidde kumalamu muntu maanyi agasaala ekiro. Umaru, Kaliifa owokubiri, agamba nti:

“Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ebiseera ebimu yayogeranga ne Abu Bakari ku nsonga z'Abasiraamu okutuusa obudde lwe bwakyanga. Nange nabeerangawo nabo.” (Tirmidhi)

Emisingi gino mikulu nnyo okusobola okuggyawo obuzibu obuli mu kuzuukuka okusaala ekiro era giyamba okusumulula ebifundikwa bya Sitaane by'etugga omuntu nga yeebase. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti:

Bwe weebaka Sitaane etugga ebifundikwa bisatu emabega w'ensingo yo olwo n'egamba buli kifundikwa ky'etugga nti: ‘ekiro ekiwanuvu kibeere naawe’. Bw'ozuukuka n'oyogera erinnya lya Allah ekifundikwa ekimu kisumulukuka. Bw'ofuna wuzu ekifundikwa ekirala kisumulukuka. Ate bw'osaala ebifundikwa byonna bisumulukuka, olwo n'ozuukuka ku makya ng'oli mulamu era ng'oli mu ssanyu. Ekitali ekyo ozuukuka ng'oli mu tulo era nga toli musanyufu.” (Bukhari, Tahajjud, 12)

Bwe kityo, kyeraga kyokka nti esswala esaalidwa ekiro ya muwendo nnyo era ng'ekwata kifo kyakubiri bw'oggyako sswala za faradhwaa (ezaalalikibwa). Wabula abo abasaala ekiro bajjukizibwa nti tebateekeddwa kwewulira mbu kubanga basinza Allah ekiro. Ekyo bwe bakikola bafirwa emikisa gye bandibadde bafuna mu kusaala okwo. Bulijo bandijjukidde Hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) egamba nti:

“Waliwo abantu bangi abasinza ekiro, naye ne baviirayo awo. Basuala busuzi nga batunula.” (Ahmada bin Hanbali, Musnad, II, 373)



SSWALA ESAALIBWA MU JAMA (EKIRINDI)

Ekimu ku bintu ebisinga obukulu ebikwata ku sswala kye ky'okuba nga sswala ezaalaalikibwa zisaaliwba mu jama.

Okusaalira sswala ezaalaalikibwa mu jama nkola ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ey'amaanyi era nga teyalekayo kuzisaalira mu jama okuggyako mu nnaku z'obulamu bwe ezaasembayo we yabeerera omuyi.

Ekyafaayo kino wammanga kikulaga obukulu bw'okusaalira sswala mu jama. Omu ku Basswhaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) eyayitbwanga Abdallah Ibn Maktuumu, eyali muzibe, lumu yasaba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) amusonyiwe eky'okusaalira sswala ezaalaalikibwa mu jama.

“Owange Omubaka wa Allah! Omanyi ekizibu kyange; emit gy'entende mingi mu kkubo erituuka ku muzikiti! Ate siyinza kufuna muntu ankwata ku mukono!”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yamuddamu nti:

“Owlira okwaziina kw'esswala?”

Yamuddamu nti: “Ye, nkuwlira!”

Nnabbi kwe kumugamba nti: “Oba okuwulira jangu osaale jama ne bw'oba oyavula...” (I. Canan, Kutubi al-sitta, VIII, 256)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti:

“Abo abajja mu muzikiti mu nzikiza bajja kufuna ekisiikirize ku Lunaku lw'okulamula lwe watalibeerayo kisiikirize.” (ibu Maajah)

Waliwo hadiisi za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ezikwata ku nsonga eno endala:

“Esswala esaaliddwa mu jama esinga omuntu gy'asade yekka emirundi abiri mu musanvu.” (Bukhari, Adhan, 30)

“Sswala esaaliddwa abantu ababiri erina enkizo ku eyo esaaliddwa omuntu omu; esswala esaaliddwa abantu abasatu erina enkizo ku eyo esaaliddwa abantu ababiri. Omuwendo gye gukoma obunene n'esswala gy'ekoma okwagalwa ewa Allah.” (Abu Dawuda, Nasai, Imaamat, 45)

“Abo abasaala sswala y’ekiro mu jama babalibwa ng’abamaze ekitundu ky’ekiro ekisooka nga basaala; ate abo abasaala sswala y’oku makya mu jama babalibwa ng’abamaze ekitundu ky’ekiro eky’okubiri nga basaala.” (Muslim, Masjid, 260)

“Abo abasaalira esswala ettaano eza buli lunaku mu jama nga tebayosa bajja kuyita ku lutindo oluva mu nsi eno okubatuusa mu Jjana nga balinga olumamya. Kuno gattako nti Allah ajja kubazuukiza era abakunngaaanye mu bbaliro mu mugigi ogw’okubiri ogw’Abasiraamu oluvannyma lwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe). Abo abasaala jama ekiro n’emisana bajja kufuna empeera ezenkanakana n’abajulizi abaafira mu kulwanirira eddiini lukumi lulamba.” (Jam’ul fawaa-id, 246)

“Muyimirire mu nnayiriri entereevu nga musaalira mu jama kubanga ako kabonero ka sswala esaliddwa obulungi. (Abu Dawuda, Swalat, 93)

Okusaalira sswala mu jama kwongera amaanyi g’obukkiriza mu muntu. Ye ndabirwamu y’ekibiina ky’Abasiraamu. Ekibiina ky’abakkiriza kikuumibwa lwa sswala za jama.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba nti:

“Omuntu agenda mu muzikiti okusaala oluvannyma lw’okufuna wuzu awaka, alinga omuntu agenda ku Ka’aba okulamaga oluvannyma lw’okuteekako hiraami (engoye ez’enjawulo ez’emikolo gya hijja).” (Fadhwailul A’amaal, 275)

Omuntu ono aweebwa empera buli kigere ky’alinnya ng’agenda ku muzikiti era ezzambi lye limusonyiyibwa.

“Omuntu asaalira mu jama ennaku amakkumi ana okuva lwe zitandika okutuusa lwe ziggwaako aweebwa ebitiibwa bibiri: Ekisooka awona n’atagenda mu Muliro. Ekyokubiri kwe kumwesambya obunnanfuusi.” (Muslim, Tirmidhi)

Ku Lunaku lw’okulamula Allah ajja kubuuza nti:

“Baliwa baliraanwa bange?”

Bamalayika bajja kuddamu nti: “Katonda waffe! B’ani baliraanwa bo?”

Allah ajja kugamba nti: “Be bo abaagendanga mu mizikiti bulijjo.”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba nti:



“Omuzikiti ge maka g’omukkiriza owannamaddala era Allah abad-du be bano yabakakasa okubawa obwangu, okusaasira, n’okwanguyirwa okusomoka Olutindo olutwala abantu okubajja mu nsi okubatwala mu ggulu: (Twabaraani).

Okusaalira sswala mu jama kintu kikulu nnyo ng’era Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yalabula abantu ku buzibu obuyinza okutuuka ku bantu abagayaalirira jama. Emu ku hadiisi za Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ku nsongha eno egamba nti “Sswala z’abantu abo abatasala jama wadde nga bawulira okwaziina (ne basalawo okusaalira wonna we bali) nga tebalina nsongha ematiza tezikkirizibwa.”

Basswahaba bamubuuza nti:

“Omubaka! Kiki ekibalibwa ng’ensonga ematiza?”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kwe kubaddamu nti:

“Bwe bulwadde oba okutya akabenje.” (Abu Dawuda, Ibn Maajah)

Ekibiina ky’abantu bwe baba tebasobola kweyunga ku jama mu muzikiti, bateekeddwa okukola jama eyaabwe awo we bali. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kino yakyogerako bw’atyi:

“Abantu abawera abasatu mu kyaloo oba ekitundu ekyesuisse, bwe batasala bonna mu jama, Sitaane ebeefunngamyako (ebeerimbikamu n’ebafuga). Gezaako okusaala n’abantu abalala era kola kyonna ky’osobola okwetaba mu jama; kubanga omusege gulya endiga kaasa (eyeesuisse zinne waayo.)” (Abu Dawuda, Ahmad ne Nasaa-i).

Okusaala sswala ya jama ku makya n’ekiro kukulu nnyo. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba nti:

“Oyo yenna asaala sswala ya Isha (ey’ekiro) mu jama abalibwa ng’amaze ekitundu ky’ekiro ekisooka mu kusinza; ate oyo asaala esswala y’okumakya (subuhi) mu jama abeera ng’amaze ekitundu eky’okubiri eky’ekiro mu kusinza.” (Muslim)

“Singa abantu baali bamanyi ebirungi ebiri mu kukoowoola abantu okugenda okusaala n’okuyimirira mu lunyiriri olusooka mu jama, bwe bandibadde nga tebalina mukisa gwonna gubitukako wabula nga bayise mu kukuba kalulu basobole okubeera abaaziinyi oba okusobola okusimba ku lunyiriri olusooka, baalisazeewo okukuba akalulu. Singa baali bamanyi ebi-

rungi ebiri mu kukeera okugenda okusaala jama, bandibadde bavuganya. Singa baali bamanyi empeera eziri mu sswala y'okumanya n'ekiro baaligenze okuzisaala ne bwe baalibadde bagenda baavula.” (Bukhari, Muslim)

N'olw'ekyo Omukkiriza ateekeddwa omutima gwe okugumalira ku sswala, n'amatu ge okugawaayo okuwuliriza okwaziina. Okwetaba mu jama kutandika na kwetaba mu kwaziina okw'esswala. Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) okwazina olwatandikanga nga bayimiriza byonna bye baabanga bakola ebikwatagana n'ensi basobole okwetegeka okuyingira mu mbeera ze sswala. Emikono egyawubbanga ennyondo, n'ennimi ezaayogeranga nga biyimirira; enguudo nga zonna zitwala bantu kugenda ku muzikiti. Emitima gyabwe egiali gjjjudde okwagala Allah gyagobereranga okulunngamya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe yannyonnyola nti:

“Bw'owulira okwaziina okw'esswala ddamu ebigambo omwaziinyi by'ayogera! Oluvannyuma oyogere ebigambo ebinsaalira! Omuntu oyo yenna ansaalira omulundi ogumu Allah amusaasiramu emirundi kkumi ng'okumusasula. Kino kikulu nnyo era ddaala lya waggulu nnyo mu Jjana era nga lya kuweebwa omuddu omu yekka, era nga njagala okubeera omuntu oyo. Omuntu oyo ayagala okuwolerezza kwange, kujja kumuweebwa.” (Muslim, Swalat, II)

Omuntu agenda ku muzikiti n'atafunu makulu ag'omwoyo ag'omunda agali mu sswala nga bwe gannyonyoddwa waggulu tafuna mikisa mu kikolwa kye. Hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) eyogera ku nsongna eno erina okujjukirwa egamba nti:

“Omuntu afuna ky'aba amaliridde munda ng'agenda ku muzikiti.”
(Abu Dawuda)

Ku ludda olulala okusaala jama kuwa omuntu obusobozi obwokufuna obulamu bwe, era ne kuyamba omuntu okutereeza obulamu bwe obuba tebuteredde. Waliwo hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) egamba nti omuntu oyo asitula omutwe okuva mu kuvunnama nga imaanu (omukulembeze asaaza) tannasitula mutwe gwe tatya nti Allah ayinza omutwe gwe okugufuala nga ogw'endogoyi?” (Bukhari ne Muslim). Hadiisi eno eraga nti abantu abatagendera ku nteekateeka basobola okutendekewba nga tuyita mu sswala; n'omuntu bw'atyo ayinza oku-



tendekebwa okuyimirira obulungi mu maaso ga Allah. Ekitali ekyo, okutereera n'okutebenkera tebiyinza kubaawo mu sswala.

Ekigambo ekisembayo ku bikwata ku sswala ya jama ky'ekyo nti buli mukkiriza omutima gwe guteekeddwa okubeera ku muzikiti; kubanga mu bantu b'ebibiina omusanvu abo abaalagaanyisibwa ekisiikirize kya Katonda ku Lunaku lw'okulamula lwe watalibeerayo kisiikirize kirla, mulimu ekibinja ky'abakkiriza abo emitima gyabwe egiringa egiwani-kiddwa ku muzikiti.”

SSWALA NG'OBUDDUKIRO OBW'ENJAWULO

Esswala kwe kusinza okusinga okubeera n'enkizo ku kusinza okula-la kwonna era bw'eto ya njawulo mu kunoonya okutaasa kwa Allah. N'olw'ekyo omuntu bw'afuna obuzibu obw'engeri yonna, omutawaana, okusoomoozebwaa, okubonaabona, amayengo, n'obulumi aba alina okudda butereeuv eri esswala. Kino Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yakikolanga.

Hudhayifa yagamba nti:

“Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) buli lwe yafunanga obuzibu obw'ekika kyonna yaddukiranga eri sswala.” (Ahmada, Abu Dawuda) Ate Abu Dardaa yagamba bw'atyi:

“Buli omuyaga lwe gwakunnguntanga nga Nnabbi agenda mu muzikiti era ng'abeera eyo okutuusa lwe gwaggwangayo. Mu ngeri y'emu yasaalanga mu kiseera ky'okusiikirizibwa kw'omwezi oba enjuba.”

Wano ka tulambululeko ku ky'okusiikirizibwa kw'omwezi oba enjuba. Olunaku Bulayimu, mutabani wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), lwe yafa omwezi gwasiikirizibwa. Basswahaba abamu kwe kuwanuuza nti:

“Omwezi gusiikiriziddwa ku lunaku lwe lumu omwana wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) lw'afiiriddeko.”

Naye Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kino yakiwakanya nga bw'agamba nti:

“Omwezi oba enjuba tebisiikirizibwa lwa kufa kwa muntu?” (Muslim, Kusuuf, 29)

Ku ludda olulala, muwala wa Abu Bakar yabuuza Ayisa, mukyala wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) enjuba ng'esiikiriziddwa nti:

“Ako kabonero ka busungu oba kuzikirira?”

Ayisa kwe kumwanukula nti: “Yee”.

Amri bin Aas naye anyumya bw'atyi:

“Enjuba yali emaze okusiikirizibwa. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kuyimirira asaale. Yayimirira n'alwawo nnyo ne tulowooza nti teyali wa kukutama naye kyaddaaki yakutama. Naye era yalwawo nnyo ne tulowooza nti taakutaamulukuke. Yavunama, era ne tulowooza nti teyali wa kusitula mutwe; naye yagusitula n'abeera mu kifo ekayo n'alwawo nnyo okutuusa lwe twalowooza nti yali ssi wa kuvunnama mulundi gwa kubiri. Naye yamala n'avunama. Era ne tulowooza kye kimu. Naye yamala n'asitula omutwe. Bw'atyo era bwe yakola ne mu laaka ey'oku-biri ey'esswala. Yabeeranga akaaba we yabeereranga mu kuvunnama.

Oluvannyuma yawanjagira Allah bw'atyi:

“Katonda wange! Tewakakasa nti togenda kubabonereza ebbanga lye ndimala nga ndi mu bo?! Tewakakasa nti togenda kubabonereza ebbanga lye balimala nga beenenya?!

“Okusiikirizibwa kwe njuba kwaggawo enjuba n'etandika okwaka nga ne Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) amaze okusaa-la.” (Nasaa-I ne Abu Dawuda)

Ng'ebayaayo bino bwe bikyoleka, okusiikirizibwa kw'enjuba ssi kintu kya bulijjo ekiggyawo olw'embeera y'obutonde. Okusiikirizibwa kw'enjuba kuggyawo okutujukiza ekitiibwa kya Katonda n'amaanyi ge. Era nga kula-bula kwa Katonda, era akabonero ka Lunaku lw'okuzikirira; kubanga okufuna eggulu erikutte enzikiza ekibwatukira ate ng'obudde misana, kiraga butya omwezi n'enjuba bwe bikolera mu biragiro bya Allah ng'era bitambula okusinziira ku nteekateeka za Allah, era kitulaga embeera nga bw'egenda okubeera ku Lunaku lw'okuzikirira. Abantu bateekeddwa okufuna okulabulwa okuva mu kusiikirizibwa kw'omwezi n'enjuba olwo babeere nga bafaayo ekiseera kyonna era babeere nga bamanya nti buli kintu mu nsi eno kijja ne kigenda, ekyo kibaviireko okwetegekera Enkomerero; kubanga okukwati-bwa kw'enjuba tekugenda kuggyibwawo mulundi mulala.



Okulabula kwa Allah okw'engeri eno kuyinza n'okusangibwa mu bintu ebirala. Okugeza enjatika z'ettaka nakwo kulabula okwefaananyirizaako kuno. Allah asobola okutwala obulamu bwa baddu be nga tayise mu kutabangula njatika zino. Naye, aziraga amaaso g'abaddu be ng'ekifaananyi eky'enkomerero eyinza okubeerawo, olwo basobole okubeera ku bunkenke obw'olubeerera mu ngeri eno basobole okweteekerateekera Enkomerero. Mu butuufu kuno kulabula Allah kw'akola era nga ssi kwe kulabula kwokka. Amataba, omuyaga, endwadde ezitawonyezebwa, n'ebirala, ng'ebyo byonna kulabula kwa Allah. Omutontomi ensonga eno agyogerako bwati:

*Okufa kunsemeredde,
Nga kwekwasa okulumwa omutwe!*

Wabula era kiteekeddwa okukkaatiriziwba nti singa bino tebyaliwo abantu mu butafaayo bandibadde bagwa mu nkwegulo z'okufa nga tebakwetegekedde ne bazikirira ne baggwaawo. Naye, Allah Omusaasizi ennyo abaddu be abalunngamya ng'ayita mu bintu bingi bye basanga ebitukuvu basobole okweteekerateekera ekyo ekiteewalika, ng'okufa tekunnabazinduukiriza. Nadr anyumya nti:

“Olunaku lumu ekizikiza kyawkwata emisana. Nnadduka ne ngenda ewa Anasi okumubuuza nti:

“Ekintu ekifaanana bwe kiti kyagwawooko ku mulembe gwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe)?”

Yanziramu nti: “Allah akitukingirize! Twaddukanga ne tuyingira mu mizikiti kibuyaga ne bwe yakunnguntanga obukunngunsi!”

Ekyabakozesa nga bwe batyo kuba esswala ye ngabo etangira obubenje obungi n'ebirumya mu nsi eno, era ye ngabo etangira Omuliro. Allah agamba nti:

“Abange Abakkiriza! Munoonye okuyambibwa nga muyita mu kugumiikiriza ne mu sswala; mazima ddala Allah ali wamu n'abagumiikiriza. (Baqara, 2 : 153)

Obwakabaka bwa Falaawo (Pharaoh) e Misiri bwayatiikirira nnyo mu byafaayo. Bwayatiikiirira olw'effugabbi, okweraga n'okweyagala. Bwali mu bufuzi mu Misiri ne mu biseera bya Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye). Kabaka Falaawo yawambanga abakazi abalungi

abaagendanga mu nsi ye, bwe yabanga omufumbo ng'atta bba olwo bwe yabanga alina mwannyina n'asaba mwannyina amumuteere.

Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yava mu kibuga kye Urfa ne mukyala we Sarah ne boolekera Misiri nga Nimroodi amaze okufa. Bwe yali asala ensalo basajja ba Falaawo baamubuuza ebikwata ku mukazi gwe yali naye. Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yabaddamu nga bwe yali mwannyina (nga munda ategheeza mu ddiini) ng'asuubira nti yali ajja kusobola okumweddiza ng'alina engeri gy'ako-zesezaamu amateeka. Bwe yaddamu bw'atylo kwe kumuleka ye agende naye ne batwala Sarah mu lubiri.

Banyumya mu Bukhari nti Sarah bwe yatuuka mu lubiri yafuna wuzu n'asaala laaka bbiri, olwo ne yeegayirira Allah amutaase, era Allah n'amutaasa.

Falaawo eyali agezaako okutuukirira Sarah yatandika okuziyira kubanga Allah yali akuum Sarah. Gye byaggweera nga Falaawo asannya-ladde era kino ne kimuyitirirako. Oluvannyuma yata Sarah ng'amuwadde omuddu we (omuzaana) Hajara ng'ekirabo. Falaawo yagamba abakungu be abaali mu lubiri era abaali bawuniikiridde bw'atyi:

“Omukazi ono ssi muntu jjinni. Aba kusigala nange akaseera katonno bwe kati nandizikiridde. Nnamuwadde omuzaana wange ng'ekirabo aleme kuntusaako bulabe!”

Ebyo byonna laaka ebbiri Sarah ze yasala ze zaabikola.

N'olw'ekyo, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yala-giranga abantu be ab'omu nju okusaala buli lwe batuukibwangako obuzibu oba akatyabaga era nga yasomanga *aya* ya Kulaane eno:

“Lagira abantu bo okusaala era ekyo okiremereko, tetukusaba kutusasula mpeera. Ffe tukugabirira nabo. N’Enkomerero ennungi y’abo abakola emirimo emirungi.” (Twaha, 20 : 132)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era yatutegheeza nga Bannabbi abaamusooka bwe bekwatanga ku sswala buli lwe baafunanga obuzibu oba emitawaana.” (Fadhwailul A’amaal, 249)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era yagamba nti:

“Allah ayamba abantu b'Ekihiina kyange ng'asinziira ku sswala abantu aba wansi ze basaala n'obwesimbu bwabwe.” (Nasaa-I, Jihaadi)

Allaama sha'raani agamba bw'atyi:

“Ensi abantu baamu mwe batasaala efuna obutyabaga n'ebizibu. Ate ensi abantu baamu mwe basaala etaasibwa n'etetuukako bizibu ebyo. Omuntu aleme kugamba nti: ‘Nze nsaala, abalala bwe baba tebasaala ebyo siraba we binkwatirako’ kubanga kasita ekibiina ky'abantu kituukibwako emitawaana oba akatyabaga kino tekitaliza nalumanya ne saalumanya.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) lumu yabuuzibwa bw'atyi ku kintu kino:

“Tusobola okuzikirira ne bwe tubeera nga muffe mulimu abantu abalongoofu?”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yaddamu nti: “Yee, obukyamu bwe buba bwefuze (ekitundu). (Muslim, Fitanu, 1)

N'olw'ekyo buli Mukkiriza eyaweebwa amaanyi ag'omunda alina obuvunaanyizibwa okulagira abalala okukola ebirungi n'okubaziyiza okukola ebibi.”

Ku ludda olulala, engeri yokka ey'okutikkulwa omugugu oguli ku bibegabega byaffe nga buyita mu bikolwa ebitali bya bувунаanyizibwa, kwe kwenyweza ku sswala. Kino kitegeeza nti okuwona ebyonoono kisoboka omuntu ng'ayise mu kwenenya na kusaala. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba omwonoonyi eyajja ewuwe ne basaala bonna ng'ayagala kwenenya yamugamba nti:

“Allah asonyiye ebyonoono byo.” (Muslim, Abu Dawuda ne Bukhari)

ESSWALA EY'OLUBEERERA

Ebiragiyo Allah by'awa mu Kulaane tebikozesa kigambo “Saala”, wabula byoyerwa n'ebigambo “Yimirizaawo esswala!”

Sswala esaaliddwa obulungi eziyiza Omukkiriza okugendera ku bwagazi; era ereetera Omukkiriza okuwulira essanyu. Mu Kulaane waliwo ewagamba nti:

“... Era oyimirizeewo esswala kubanga esswala eziyiza omuntu okukola ebikolwa eby’obuwemu n’ebikolwa ebikyamu era okwogera ku Allah kye kisinga obunene, era Allah amanyi ebyo bye mukola.” (An’kabuuti, 29 : 45) Esswala eziyiza omuntu okukola ebikolwa ebibi nga tannaba kusaala oba ng’amaze, oba ng’ali mu sswala. Esswala bweteziyiza muntu kukola bikolwa bokyamu kino kiba kitegeeza nti oyo tasaala lubeerera. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ayogera ku sswala ez’abantu ab’ekika ekyo n’agamba nti:

“Omuntu oyo yenna esswala ye gw’eteziyiza kukola bikolwa bibi ebimanyiddwa by’akola ate emwongerayo bwongezi kumwesambya Allah.” (Jam-ul Fawaa-idu I, 339)

N’olw’ekyo ekintu ekisinga obukulu wano omuntu kye yanditad-deko ennyo essira bugonvu mu sswala.

SSWALA EZISAALIBWA NG’OMUNTU TATADDEEYO MWOYO (ASAALA KUTUUSA TTEEKA)

Sswala etesaaliddwa bulungi n’eyo Sitaane gy’ayingiramu yenkana oluyi lwe bakubye omuntu agisadde. Kulaane egamba nti:

“Okuboonaboona kuli eri abasaaze abo abasaala esswala zaabwe nga baziragajjalira, abo abasaala ka bandabe ne bamma (baliraanwa baabwe) obuntu obutonotono.” (Ma-uuna, 107:4-7)

Abataputa Kulaane boogera ku ngeri zino ssatu ez’obutafaayo mu sswala:

1. Obutafaayo nga sswala etuuse omuntu n’agirindiriza n’agisaala mu kiseera ekirala.
2. Obutawulira sswala mu mwoyo awamu n’okuba nga mu mubiri omuntu ali mu sswala.
3. Obutafaayo ku bintu ebirina okukolebwa mu sswala.

Mawulaana Jalaalu Ddiini Ruumi agamba nti:

“Nnabuuza amagezi gange obukkiriza kitegeeza ki? Amagezi ne geesigama ku matu g’omutima gwange ne gugakuba akaama nti, ‘obukkiriza ze mpisa’.”



Empisa ezisinga obulungi kwe kuwa Allah ekitiibwa ate kino kiragi-bwa mu kusinza naddala mu sswala.

Obutamanya ebyetaagisa, ebiteekeddwa okukolebwa n'ebiri mu sswala ekyo Sitaane kyekozesa okujja emikisa mu sswala. Okusikirizibwa kw'omutnu asaala eri obutafaayo kukkiriza Sitaane okubeerako ne ky'ekola ate nga esswala Sitaane gy'enafuya tekkirizibwa.

abantu abamu balaga nga bwe bali abalwanirizi b'Obusiraamu lukulwe naye nga tebategeera bukulu bwa sswala nga bwe kyetaagisa era nga tebagifaako tebagitwala ng'ekikulu. Banyooma ebiragiro bya Kulaane ne Hadiisi n'amagezi ge bibawa, era ne basigala nga tebafaayo ku sswala. Bagayaalirira ekitiibwa, okutya n'ebiteekeddwa okukolebwa mu sswala. Basaala mu ngeri eringa eraga nti baagala kuva mu sswala amangu nga bwe kisoboka. Tusaba Allah atuwonye obutafaayo obw'ekika ekyo.

abantu abatali ba bувunaanyizibwa balinga abo abagwereddwaako ssente (ne bataba na ke basigazizza). Baba tebalina kye basigazizza okugyako okukoowa n'okuggwaamu amaanyi. (Nasaa-i)

“Allah tabala bitendo birungi ebirala eby'abo abatasala bulijjo.”
(Twabaraani)

Oluvannyuma ate Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yayogera ku muntu okugayaalirira esswala nga “obubbi”. Agamba nti:

“Omubbi asinga abantu obubi y'oyo abba mu sswala ye.” (Ahmada ne Haakim)

Ate obubbi obw'ekika kino okuba nga bukolebwa ku lwa Sitaane omubbi talina ky'afuna okuggyako okukoowa. Era omubbi yandijjukide ebigambo bya Allah mu nsong eno nti:

“Okubonaabona kuli eri abasaala abo esswala zaabwe abaziraga-jjalira..” (Maa'uuna, 107:4-5)

Nga aya eno bw'ekirambika, abo abagayaavu tebasobola kusemberera sswala, ate abo abatasobola kuwangula obuteewaayo bwabwe tebasobola kuggwera mu mwoyo gwa sswala, bwe batyo ne batasobola kugiganyulwamu. Omuntu oyo asaala nga tafuddeeyo ku bintu ebirina okutuukirizibwa mu sswala n'asaala nga tamanyi na kumanya nti ali mu maaso ga Allah,

n'abeera ng'ali mu kulowooza ku bintu bya mu nsi ng'ali mu sswala, ekyo kitegeesa nti ddala abeera tasaala era nti esswala eyo esigala ku nsi.

Bw'etyo esswala eteekeddwa okufuula obukkiriza bw'omuntu obutuukiridde mu mutima, emaliriza ng'eggyeewo buggyi obukkiriza bw'abo abatafaayo ku sswala. Era esswala z'abantu ab'ekika ekyo tezirina ke zibawa okuggyako ebinonerezo ebitaggwaawo. Kulaane egamba nti:

“Abannanfuusi (ddala) bagezaako okukwenyakwenya Allah naye ye y'abakwenyakwenya. Bwe bayimirira okusaala bayimirira bagayavu. Baagala bantu babalabe era nga Allah tebamutendereza okugyako kitono nnyo.” (Nisaa-i, 4 : 142)

ABO ABEEWALA ESSWALA (ABATASAALIRA DDALA)

Omuddu wa Allah omutuukirivu yalabula abantu abatasala n'agamba bw'atyi:

“Abo abatasaalira ddala olw'ebi'okufuna by'oku nsi bagenda kuzuukizibwa era bayimirire ku Bbaliro okubalamula ne Qaruuna. Abo abatasaala olw'amaanyi ge beerabamu mu kufuga, okuddukanya n'okutambuza emirimo bajja kuzuukizibwa ne Falaawo. Abo abatasaala olw'okubeera abakungu ab'amaanyi bajja kuzuukizibwa ne Haaman (omukungu wa Falaawo) n'abo abeesamba sswala olw'okwagala ennyo okufuna amagoba mu by'obusuubuzi bajja kuzuukizibwa ne Ubayy bin Khalaf, omulabe wa Nnabbi kayingo.

Abo abagayaalirira esswala bawangaala obulamu obutalina kalungi kabuvaamu. Tebalina kitangaala kitukuvu eky'obulungi mu byenyi byabwe. Teri kikolwa kyabwe kigenda kuvaamu mpeera. Edduwa zaabwe ze basaba Allah, tezikkirizibwa. Era baggyibwako okwagala kw'abantu abatukuvu. Obumanyirivu bwabwe bwonna buli mu bulumi okugendera ku nngombo egamba nti: “Ofa nga bw'owangaala”. Entaana zaabwe zikyuka ne zifuuka ebinnya by'Omuliyo, eyo gye basanga obusungu bwa Allah nga bupalindiridde. Babuuzibwa n'amaanyi era oluvannyuma ne basuulibwa mu Muliro.

Nga bwe kinyumizibwa mu hadiisi eri mu Bukhari, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yabuuzanga Basswhahaba oluvannyuma lwa sswala y'oku makya oba baabeeranga bafunye ebirooto. Abo abaabanga baloose baamubuuliranga endooto zaabwe era ng'abavvu-



nulira bye zaabanga zitegeeza. Olunaku lumu era yabuuza oluvannyuma n'agamba nti: "Nnaloose abantu babiri abazze ne bantwala."

Oluvannyuma yababuulira endooto yonna ng'abannyonnyola Ejana n'Omuliyo, naddala okubonaabona okuli mu Muliro. Embooz y'omusajja ali mu Muliro yanyumizibwa bw'etyi:

"Omukku basajja yakubibwa ku mutwe n'ejjinja. Ejjinja lyamukuba nnyo okutuusa nti lyamubuukako ne ligwa eri. Kino kyazuuka emirundi n'emirundi."

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kubuuza abantu ababiri abaamutwala:

"Omuntu ono yani?"

Baamuddamu nti:

"Omusajja ono otulo twamusingira okusaala esswala ezaalalikibwa era yava ne ku ky'okusoma Kulaane wadde nga yali yayiga okugisoma ku ntandikwa."

Sitaane naddala egezaako okwesambisa omuddu okumujja ku sswala. Sitaane eyagala okukakasa nti omuddu akuumiddwa wala n'okusasira kwa Katonda okuva lw'ekimanyi nti oyo atalina sswala talina ddini." (Twabaraani)

N'olw'ekyo, Abakkiriza abalengera ewala beekuuma ebitimba bya Sitaane ku nsonga eno ne bafa ku sswala ne bakola kyonna ekisoboka okulaba nga baliwa sswala ezo ze baba batasobodde kusaalira mu biseera byazo ebituufu.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti:

"Omuntu oyo yenna eyeerabira esswala ye, agisaala mangu nga yaakagijjukira; tewali ngeri ndala ya kugisasulamu (eteri eno)." (Muslim, Masaajid, 314) Obubaka obuli mu badiisi eno obw'okuliwa esswala etesaliddwa mu kiseera kyayo bwe buba tebuifiiriddwaako, omuddu aba ajja kubreira mu mbeera mbi nnyo ku Lunaku lw'enkomerero.

ESSWALA NG'EKKUBO LY'OKWAWULA

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yawa amagezi omuntu yenna eyasiramuka nti:

“Akabonero k’Obusiraamu ye sswala. Omuntu asaala mu biseera ebituufu n’agenderera ebintu byonna ebijuza esswala, n’agisaala n’omutima gumu omuntu oyo abeera Mukkiriza.” (Fadhwailul A’amaal, 255 – 256)

Yasomesanga abo abeegattanga ku Busiraamu engeri y’okusaalamu era ng’abategeeza nti esswala ye mpagi y’eddiini era ye yawula Omukkiriza ku atali mukkiriza.

Basswhaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) obutasala baakutwalanga nga obutali bukkiriza. Abu Bakar yagamanga abantu abaamubeeranga okumpi esswala bwe yatuukanga nti:

“Abange abantu! Musituke! Muzikize omuliro gwe mulimu nga mukozesa esswala!”

Esswala tekoma ku kya kwawula bwawuzi wakati w’omukkiriza n’atali mukkiriza naye awa enjawulo mu madaala g’abakkiriza. Abu Hurayira anyumya hadisi eno:

“Abantu babiri nga bava mu kika kya ba Udaa baagenda ewa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) okuyingira Obusiraamu. Oluvannyuma omu yafiira mu lutalo mu ddwaaniro. Omulala ye yafa obulwadde nga wayiseerwo omwaka. Nnaloota ng’omu eyafa obulwadde bwe nga wayiseewo omwaka ng’ayingidde mu Jjana nga munne eyafa ng’omuzira nga tannayingira. Kino kyanneewunyisa nnyo ne nngamba nti:

“Eddaala ly’oyo afiiridde mu lutalo teriri waggulu okusinga eddaala ly’oyo afudde obulwadde? Eyafiira mu lutalo ssi ye yandisoose okuyingira Ejjana?”

Ekintu kino Bwe nnakibuuilira Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yagamba bw’atyi: “Tolaba empeera z’oli eyafa oluvannyuma ze yafuna? Yasiiba mu mwezi gwa Lamazaane mu mwaka ogwo ogweyongeramu ng’oli amaze okufa. Era yasaala laaka ze sswala kakaaga kalamba.” (Ahmada ne Ibn Maajah)

Olulala mu mbeeraefaanana bw’etyo, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yabuuza Basswhaba bw’atyi:



“Omuntu eyafa nga wayisewo omwaka teyakola ibaada endala?”

Kko bo nti: “Yee, yakola”

Yeeyongera n’ababuuza nti:

“Teyeeyongerako okuvunnama emirundi egisinga ku gy’oli eyali yafa omwaka gumu emabega?”

Baamuddamu nti: “Kituufu.”

Awo Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kwe kugamba nti:

“Waliwo enjawulo nnene wakati waabwe ng’eri wakati w’eggulu n’ensi.”

Enkizo y’esswala eyogerwa mu hadiisi ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) eno wammanga:

“Allah teyalaalika kintu kisukkulumu ng’obukkiriza n’esswala. Singa yali wa kulaalika kintu kisuukkulumu kirala yandikiragidde Bamalayika wadde bamalayika abamu bakutama abalala ne bavunnamu ekiro n’emisana.”

“Sswala ye Jihaadi (okulwana mu kkubo lya Allah) esinga obunene.”

“Omuntu bw’ayimirira okusaala, Allah akyukira gy’ali ate bw’amala okusaala nga Allah akyuka okuva gy’ali.” (Fadhwailul A’amaal, 256)

“Singa waba wabaddewo akatyabaga oba omutawaana okuva mu ggulu abantu abali mu muzikiti tebibakosa...” (Fadhwailul A’amaal, 256)

“Ekisumuluzo ky’Ejjana ye sswala.” (Tirimidhi, Twahaarat 3)

“Esswala ye saddaaka ya buli Mukkiriza atya Katonda.” (Kuzai, Musnad, I, 181)

“Omuntu agayaalirira esswala abeera ng’omuntu afiiriddwa eby’obugagga bye byonna era afiiriddwa n’abantu b’omu maka ge bonna.” (Nasaa-i ne Ahmada)

Olw’obukulu bw’esswala n’obusukkulumu bwayo, Obusiraamu bulagira okugitendeka mu myaka emitio egy’obulamu bw’omuntu, era Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) atuwa amagezi okubeera abanyweevu mu nsonga eno, n’agamba nti:

“Mulagire abaana bammwe okusaala nga bawezessa emyaka omusantu. Ate mubakubemu bwe baba bawezessa emyaka ekkumi (ne bataasaala). Era ku myaka ego mubaawule mu kwebaka. (Abu Dawuda)

OKUWUMBAWUMBA

Kisaana kigenderererwe nti sswala etera okutandika okusinziira ku bizi-bu by'omutima bwe guba guyita mu bigezo oba emitawaana, ne yeeyon-gera mu maaso okufuna essanyu mu biseera by'okusanyuka okwa Idi zombi. Bwe tukubaganya ekifaananyi wano, tuyinza okugamba nti abo abasaala bulijjo mu nsi eno bajja kuweebwa okusasulwa n'ekijjulo ku Lunaku lw'enkomerero, engeri sswala gy'ezingiramu amakulu ag'okukulembera omuddu okumutwala eri obukuumi n'empeera za Katonda. Mu bimpimpi, sswala ewa omuntu emigaso egy'omubiri gino wammanga:

Esswala eragira ebikolwa ebiyamba omubiri okugukuma nga mulamu. Mu ngeri y'emu eteekateeka ebiseera mu lunaku era n'etereeza obulamu bw'omuntu bwonna.

Esswala era ereeta emigaso egy'omwoyo nga bwe kijja wammanga. Bw'eba esaaliddwa bulungi ewa omuntu essanyu ery'okubeera mu maaso ga Allah, okulowooza, emirembe mu biseera by'okutya, essanyu mu biseera by'okusanyuka, okutwaliriza n'embeera y'omwoyo, okukuma obukkiriiza, okubeera mu mbeera ennungi n'enkolagana ennungi ne Katonda.

Esswala ereeta emigaso gino mu mbeera za bantu:

Okubeera awamu, okumanyagana, omukwano n'okunyweeza enkolagana ey'obwasseruganda.

Kiteekwa okutegeerekeka nti tewali kyekwaso kiyinza kukkirizibwa ekisoniyisa omuntu okusaala. N'abo abali mu ddwaaniro bateekeddwa okusaala mu mpalo. Era n'abakazi nabo tebasoniyibwa sswala ng'oggyeko ensonga ezo ezikwata ku bulamu bw'ekikazi.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yali munyweevu nnyo ku bikwata ku sswala n'atuuka n'okutulabula okutuusa ne we yabeerera mu kaseera ke akasembayo:

“Mubeere beegendereza ku bikwata ku sswala!”



Tuteekeddwa lubeerera okubeera abazuukufu ku bikwata ku sswala nga tutwala amagezi agali mu kulabula okwo waggulu.

Emyoyo gy'abantu egoye egitwala okulabula okwo ng'ekikulu ne gitegeera obukulu bw'esswala, esswala egifuukira essanyu erisinga obulungi mu bulamu bwagyo. Oluyimirira bwe batyi okusaala giva mu mbeera y'obulamu buno obw'ekiseera ne gibeera wamu ne Allah.

Omuntu asaala yeetaaga okubeeramu ebitendo bino esswala ze zisobole okukkirizibwa.

1. Abo mu sswala zaabwe abazisaala olubeerera (ne batazikutulawo).
2. Era abo mu by'obugagga byabwe omuli omugabo ogumanyiddwa nga gwa musabiriza n'oyo atasobola kusaba (olw'ensonga ezitali zimu)
3. Era abo abakakasa Olunaku lw'okulamula
4. Era abo abeeraliikirira ebibonerezo bya Katonda waabwe
5. Era abo abakuuma obwerefere bwabwe;
6. Era abo abakuuma ebintu bye baba babateresezza era n'endagano zaabwe ze bakola bazikuumma butiribiri;
7. Era abo abanywerera ku bujulizi bwe baba bawadde;
8. Era abo abakuuma butiribiri obutukuvu bw'okusinza kwabwe; Abo be bagenda okuweebwa ebitiibwa mu Jjana.” (Ma-aarij, 70 : 23 – 25)

Katonda wange! Nkusaba esswala zaffe zifune ekitiibwa eky'okusaalibwa mu ngeri entuufu era ennungi; era zibalibwe ng'okulinya (Miraaje) okudda gy'oli! Nkusaba esswala zaffe ozitufuulire essanyu, era eky'okweiiima kw'emitima gyaffe mu nsi munno ne ku Lunaku lw'enkomero.

Aamiina.

OKUFUNA WUZU, OKUNAABA OMUBIRI GWONNA, OKWETUKUZA N'ETTAKA

1. Wuzu (okutawaaza)

1. Okunaaba mu maaso (ekyenyi)
2. Okunaaliza ddala emikono gyonna okutuusa ku nkokola.

3. Okuyisa ekibatu ekitobye amazzi ku kimu kya kuna ky'omutwe okuva omutwe we gutandikira okudda enkoto.
4. Okunaaza ebigure okutuusa ku bukongovule

Ebikolwa ebya ssunna Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emi-rembe) bye yakolanga ng'afuna wuzu

1. Okulangirira okumalirira nti ekikolwa ky'okufuna wuzu kikole-bwa n'ekigendererwq eky'okwetukuza n'okusinza.
2. Okusoma “بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ” (Ntandise n'erinnya lya Allah Omusaasizi ennyo ow'okusaasira okubuna, Omusaasizi ow'okusaasira okw'enjawulo), ng'omuntu atandika okufuna wuzu.
3. Okutandika n'okunaaba engalo okutuuka ku bisekesake.
4. Okwoza amannya n'omuswaki (miswaaki) wonna we kiba kisobokodde, bwe kiba tekisobose; okugayonja n'engalo.
4. Okunaaza ebiyungo okuva ku ntandikwa okutuuka okumala awatali kusiriikirizaamu.
5. Okusangula ebitundu ebitawaaziddwa.
6. Okunyumunguza amazzi mu kamwa emirundi esatu.
7. Okuleka amazzi ne gaba ng'agagenda mu mimiro n'okugazza emirundi egiwera. Naye ekyo tekikolebwa muntu yasiibye
8. Okulongoosa ebituli by'ennyindo ng'oyita mu kufeesafeesa amazzi mu nnyindo emirundi esatu.
9. Okunaaza ebiyungo emirundu esatu esatu.
10. Okutandika okunaaza ekiyungo ekiri ku ludda olwaddyo nga tonnanaaza kiri ku lwa kkono.
11. Okutandikira ku busongezo bw'engalo ng'onaaza emikono, n'obugere ng'onaaza ebigure.
12. Okuyisa engalo ezitobye ku kirevu (n'okisiimuulamu).
13. Okutambuza empeta eri ku ngalo okulaba nga tewali katundu kasigadde ku ngalo nga kakalu tekatuuseeko mazzi.



14. Okusiimuula n'engalo embisi ku ngulu kw'amatu ne mu nda.
15. Okuyisa ebibatu emabega (nkoona) w'omutwe okutuuka ku nsingo.
16. Okuyisa ekibatu ekitobye ku mutwe gwonna.
17. Okulaba ng'amazzi gatuuse wakati w'engalo n'obugere (mu mpataanya).

2. Okunaaba omubiri gwonna(ghusul)

Ebikolwa eby'etteeka (faradhwa) mu kunaaba:

1. Okunyumunguza amazzi mu kamwa okutuuka ku ddokooli.
2. Okunaaza ebituli by'ennyindo
3. Okunaaza omubiri gwonna.

Ebikolwa ebya sunna (ebya kyeyagalire) Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bye yakola mu kunaaba

1. Okuleeta nniya (okumalirira) nti ekigendererwa ky'okunaaba kwetukuza na kusinza.
2. Okusoma بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ “Bismilaahir Rahmaanir Rahiim” (ntandise n'erinnya lya Allah Omusaasizi ennyo asaasira okusaasira okubuna, Omusaasizi olw'okusaasira okw'enjawulo).
3. Okunaaza obukyafu bwonna okubujja ku mubiri.
4. Okunaaza ebitundu eby'ekyama
5. Okufuna wuzu ng'omuntu tannaba kunaaba.
6. Okunaaza omubiri emirundi esatu n'okulaba ng'amazzi gabuna buli kafo.
7. Okunaaza omutwe okusooka, oluvannyuma oludda olwaddyo okuva ku kibegabega (okukka wansi) oluvannyuma n'ozzaako ekibegabega ekyakkono. Oluvannyuma n'osiimuula omubiri.
8. Okusembayayo okunaaza ebigure.

**3. Okwetukuza n'ettaka oba omusenu
nga tewali mazzi (tayammum)**

Ebikolwa ebikakata okukolebwa mu kwetukuza n'ettaka

1. Okuleeta nniya nti okusiiga enfuufu kukolebwa lwa kusinza na kwetukuza.
2. Okuyisa ebibatu ku ttaka oba omusenu ebitukuvu n'osiimuula emikono, n'okuyisa ku ttaka oba omusenu omulundi omulala n'osiimuula mu maaso.

Ebintu ebiri sunna (ebitali bya bwaze) Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bye yakola nga yeetukuza n'ettaka

1. Okumala okusoma بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ "Bismillahir Rahmaanir Rahiim" (ntandise n'erinya lya Allah Omusaasizi ennyo asaasira okusaasira okubuna, Omusaasizi olw'okusaasira okw'enjawulo).
2. Ebyo byonna okubikola nga biddiringana nga bwe tubyogedde.
3. Ebyo okubikola awatali kuyimirizaamu.
4. Ebibatu okubisindika mu maaso okusooka ate n'obizza emabega nga bw'osiimula ku ttaka.
5. Engalo obutaziwumba.
6. Okukunkumula ebibatu ng'obisitula okubiggya ku ttaka.

4. Okusaala

Waliwo ebisaanyizo kkumi na bibiri ebyetaagisa okutuukirizibwa mu kusaala. Ebimu ku bino bisaanyizo ebiri ebweeru w'esswala era nga biyitibwa "obulombolombo bw'esswala." Ate ebirala bisaanyizo bya munda. Bino biyitibwa "mpagi za sswala."

Obulombolombo bw'esswala

1. **Okwetukuza okweggyako ebikyafu ebitalabika:** Ekyetaagisa mu kino kwe kwetukuza okweggyako obukyafu obutalabika oba enfuufu. Kino kikolebwa n'akufuna wuzu, okunaaba oba okwetukuza n'ettaka.



2. Okwetukuza okweggyako ebikyafu ebirabika: Ekyetaagisa mu kino kwe kulaba ng'omubiri gwonna, olugoye omuntu lw'ayambadde, ne wansi w'agenda okusaalira nga byonna tebirina byenyinyalwa oba bukyafu bwonna.

3. Ekyambalo ekituufu: Okwambala obulungi mu ngeri etuukana n'empisa ezeetaagisa okubikka ebitundu eby'ekyama. Ku musajja, omubiri guteekeddwa okubikkibwa waakiri okuva ku kkundi okutuuka ku maviivi. Ku mukazi, omubiri gwe gwonna guteekeddwa okubikkibwa okuggyako mu maaso ebibatu n'ebigere. Singa kimu kya kuna ky'omubiri kirabika (kyebikkula) olwo esswala ebeera nfu.

4. Okwolekera Ka'aba: Okwolekera obwolekero obutuufu, Ekibula, Ka'aba gy'eri mu Makka. Singa obwolekero bw'omuntu bukyuka ng'asaala (ne buva mu bwolekero bwa Ka'aba) olwo sswala ye eba efudde.

5. Ebiseera: Sswala ezaalaalikibwa ziteekeddwa okusaalibwa mu biseera byazo ebigere. Teziteekeddwa kwanguyizibwa (ng'ebiseera byazo tebinntuuka) oba okulindirizibwa (ng'ebiseera byazo ebituufu biweddeyo).

6. Enniya (okumalirira): Okuleeta nniya y'okusaala mu mutima ne ku lulimi. Esswala bw'ebeera ya jama (esaalibwa mu kibinja) imamu (akulembera banne mu sswala) ateekeeddwa okuleeta nniya nti ye mukulemebz (imamu) mu sswala eno, ate abagoberezi nabo bateekeddwa okuleeta nninya nti bagoberezi mu sswala y'emu.

Empagi z'esswala

1. Okusoma ﷺ “Allahu Ak'baru” (Allah Munene) ku ntandikwa. Kino kikolebwa ng'omuntu asitudde ebibatu okubituuusa ku matu nga bw'ayogera nti “Allahu akbar” (Allah Munene).

2. Okuyimirira: Abantu abo abalina amaanyi agamala okuyimirira baba bateekeddwa okuyimirira batandike okusaala. Bwe baba tebasobola, bayinza okutuula oba okugalamira.

3. Okusoma: Kino kitegeeza kusoma waakiri *aya* ssatu okuva mu Kulaane ng'omuntu ayimiridde.

4. Okukutama: Bwe tuva mu kuyimirira tukutama ng'ebibatu byafe tubitadde ku maviivi nga bwe tugamba nti: ﷺ رَبِّ الْعَظِيمِ “Sub'haana

Rabbiyal Adhwiami” (okutenderezebwa kwa Katonda wange Ow’ekitii-bwa). Kino tukyogera emirundi esatu.

5. Okuvunnama: Kino kitegeeza kuvunnama wansi ng’ekyenzi, ennyindo, ebibatu byombi, n’amaviivi nga byonna bikoonye wansi, ng’eno omusaaze bw’asoma nti: سُبْحَانَ رَبِّ الْأَعْلَى “Sub’haana Rabbiyal A’la’ (okutenderezebwa kwa Katonda wange owawaggulu), emirundi esatu.

6. Okutuula obulungi: Kino kikolebwa n’okutuula ng’esswala ekomek-kerezebwa omusaaze asobole okusoma: “Tahiyyaatu” (ebiramuso ebingi).

Obulombolombo obulala obw’esswala

1. Okutandika esswala n’ekigambo اللَّهُ أَكْبَرْ “Allaahu ak’bar” (Allah Munene).
2. Okusoma ssuula eggulawo Kulaane (al-Faatiha) mu laaka (ebitundu) zonna eza sswala, kye kimu mu sswala ezaalalikibwa oba eza ssunna.
3. Okusoma sssula al Faatiha nga tannasoma ssuula ndala yonna.
4. Omuntu ateededdwa okusoma *aya* oba ebitundu ebimpimpi okuva mu Kulaane, ekitono ennyo *aya* ssatu, ng’azongereza ku al-Faatiha. Kino kirina okukolebwa mu laaka ebbiri ezisooka mu buli sswala eyalaalikibwa (*eya faradhwa*) ne mu laaka zonna eza sswala eza sunna.
5. Okuteeka ennyindo n’ekyenzi wansi ng’omuntu avunnama.
6. Okuvunnama emirundi ebiri mu buli laaka eya sswala (olumu nga lugoberera lunaalwo)
7. Ebintu byonna okubikola nga bwe kyetaagisa
8. Okutuula ng’osimbye omugongo oluvannyuma lw’okusaalako laaka ebbiri ez’esswala eza laaka essatu oba ennya.
9. Okusoma “Tahiyyaatu” ng’otudde busimbalaala.
10. Okuyimirira ng’ovudde mu kutuula osobole okujuza laaka essatu oba ennya ez’esswala.
11. (Imaamu) okusoma mu lwatu ssuula eggulawo (al-Faatiha) n’ekitundu mu Kulaane ekisomebwa oluvannyuma lwa al-Faa-



tihā, mu laaka ebbiri ezisooka mu sswala ey'okumakya (Subuhī), ey'akawungeezi (Magħribi) n'ey'ekiro (Isha), bwe ziba nga zisaaliddwa mu jjama ne mu sswala y'olwokutaano eya Jjuma n'esswala za Idi.

12. Okusoma mu ddoboozi erya wansi (mu kaama) mu laaka zonna eza sswala y'omu ttuntu (dhuhuri), n'ey'olwe'eggulu (Aswri), ne mu laaka ey'okusatu mu sswala y'akawungeezi (Magħarib) ne mu laaka ey'okusatu n'ey'okuna mu sswala y'ekiro (Isha).
13. Okusoma mu ddoboozi eriwulirwa ssuula eggulawo (al-Faatiha) n'ebitundu okuva mu Kulaane mu sswala ya tarawiya (Tarawiihi), ne mu sswala ya witiri ezisaalibwa mu mwezi gwa Lamanzaane.
14. Esshala bw'eba esaaliddwa mu jjama, abasaaze, ng'oggyeeko Imaamu akulembera sswala, tebalina kusoma ssuula eggulawo (al-Faatiha) n'ekitundu okuva ku Kulaane.
15. Okusoma edduwa ya qunuutu (okwewaayo) mu laaka ekomere-rayo eya sswala ya witri eya laaka essatu (gye basaala ku nkomerero ya sswala ya Isha).
16. Okusaba okw'enjawulo okukwatagana n'esswala za idi.
17. Okufundikira esswala n'okulamusa Bamalayika ku kibegabega ekyaddayo n'ekya kkono.
18. Okuvunnamo oluvunnamo lw'okwerabira (Sajda assahaw) singa omuntu abaakoze ensobi yonna entono ng'asaala.
19. Okuvunnamo singa aya evunnamirwako esomeddwa ng'asaala.

**Ebikolwa ebya ssunna (ebya kyeyagalire) Nnabbi
(Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bye yakola ng'asaala**

1. Okusitula ebibatu okubituusa ku matu, omuntu bw'aba atandika esswala ne ku ntandikwa ya qunuutu y'esswala ya witri, n'oluvannyuma okuteeka ekibatu eky'omukono ogwa ddyo ku ngulu kw'omukono ogwa kkono wansi w'ekkundi oba ku kifuba (abakazi bo emikono gyabwe bagiteeka ku kifuba).
2. Okusoma "subhaanaka" ng'asaala tannasoma suula ya al-Faatiha mu laaka esooka mu buli sswala n'oluvannyuma okugamba

- nti: “A-uudhu Billaahi mina Sshaytwani Rrajiim” (nsaba Allah okumponya Sitaane eyakolimirwa).
3. Okugamba nti: “Aamiina” mukaama (okusinziira ku *madhiha-bu* ga Abu Haniifa) oluvannyuma lwa al-Faatiha mu buli sswala kye kimu nga esaaliddwa mu jjama oba nga ya sekinnoomu.
 4. Okugamba nti: ^{الله أكْبَرُ} “Allaahu ak’baru” (Allah Munene) nga tannatandika n’oluvannyuma lwa buli kikolwa mu buli kitundu kya sswala.
 5. Okugamba nti: سَمِعَ اللَّهُ لِمَنْ حَمِدَهُ (sami-al Llaahu liman hamidahu rabbanaa lakal hamdu – Allah awulidde omuddu we oyo amutendereza. Katonda waffe, amatendo amajjuvu amalungi gago!) nga bw’akutaamulukuka (bw’asituka okuva mu kukutama).
 6. Okugamba nti: سُبْحَانَ رَبِّ الْعَظِيمِ (Subhaana rabbiyal adhwiimi) (okutenderezebwá kwa Katonda wange Omunene, emirundi esatu nga bw’akutama; n’okugamba nti: سُبْحَانَ رَبِّ الْأَعْلَى (Sub’haana rabbiyal A-ala) (okutenderezebwá kwa Mukama wange Owaawaggulu) emirundi esatu mu kuvunnama.
 7. Okuteeka ebibatu ku maviivi mu kiseera ky’okukutama n’okugolola enkokola, n’omutwe okubeera nga gwenkanankana n’omugongo.
 8. Okuteeka amaviivi, ebibatu, n’oluvannyuma ekyenyi wansi ng’ovunnama; n’okubiggyawo ng’otandika n’ekyenyi, ebibatu n’osembyayo amaviivi; n’okuteeka ekyenyi mu makkati g’emikono mu kuvunnama.
 9. Okuteeka emikono ku maviivi ng’otudde busimbalaala; okusoma “Tahiyyaat” mu kutuula okusooka, n’okusoma “Tahiyyaa-tu” ne “Swalaat Nnabiyyi” (Sswala ya Nnabbi oba okusaalira Nnabbi) mu kutuula okusembayo.
 10. Okukyusa ekyenyi n’okitunuza ku ludda olwaddyo bw’omala n’okikyusa n’okitunuza ku ludda olwakkono ku nkomerero ye sswala nga bw’oyogera ebigambo nti: ^{أَسَلَامٌ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَةُ اللهِ} “Assalaamu alaykum wa rahmatu Llaahi” (Emirembe gibeere ku mmwe n’okusaasira kwa Allah).

Empisa Ennungi Mu Sswala

Amaaso gaffe okugatunuuliza ekifo we tugenda okuvunnama nga tuyimiridde; okugatunuuliza ku bigere nga tukutamye; okugatunuuliza emikono egikutte ku maviivi mu kiseera we tubeerera tutudde obusimbalaala; n'okugatunuuliza ebibegabega bwe tuba tukyusa ekyenyi okukitunuza ku ddyo ne ku kkono ku nkomerero ye sswala.

Okuvunamma okw'okwerabira

Okuvunnama okw'okwerabira kukolebwa bwe wabaawo ebimu ku bintu ebirina okukolebwa mu sswala nga byerabiddwa oba nga biko-leddwa mu ngeri nkyamu, nga kino kikolebwa okusobola okudda mu kifo ky'ekintu ekyerabiddwa oba ensobi ekoleddwa.

Okuvunnama kw'okwerabira n'okuvunnama emirundi ebiri olu-vannyuma n'osoma "Tahiyyatu" ne "Swalaatu Nnabiyyi" (Esswala ya Nnabbi) nga tonnatoola Salaamu ekomekkereza esswala.

Ebikolwa ng'okwerabira okusoma edduwa ya qunuutu mu sswala ya witiri, okukutama nga tonnaba kusoma ebitundu mu Kulaane oluvannyuma lwa ssuula ya al-Faatiha; okwerabira okutuula obusimbalaala oluvannyuma lwa laaka ebbiri ezisooka (nga tonnaba kuyimirira kunonayo laaka eziba zisigaddeyo); obutavunnama nga *aya* esomeddwa ewali awalagirwa okuvunnama. Buli kimu kw'ebyo kyetaagisa okuvunnama okw'okwerabira.

Wabula omuntu bwe yeerabira okuvunnama envunnamu z'okwerabira n'akomekkereza esswala nga tavunnamye, tateekeddwa kudda mu sswala eyo.





ZAKA N'OKUGABA

وَلِجَاهُمْ مَوْطِعُهُمْ سَبِيلٌ وَلِنَبِيِّهِمْ
أَنْفُسُهُمْ فِي أَعْمَالِهِمْ لَا يُؤْمِنُونَ

"Ne baliisa emmere, olw'okwagala Allah (oba awamu n'okuba nga bagyagala), abanaku ne bamulekwa n'abawambe." (Insaan, 76 : 8)



Omuntu kye kitonde ekisingira ddala okubeera mu kifaananyi eki-rungi mu bitonde byonna Allah bye yatonda. Wabula okwawukana kw'abantu mu butonde bwabwe oba ebintu bye bafuna oba ebibatuukako oluvannyuma, okugeza enjawulo mu mawanga oba omutindo okubeera ab'amaanyi oba abanafu, okubeera abalamu oba abalwadde, abayivu oba abatasomye, abagagga oba abaavu, (okwawukana kuno) tekukyusa kitii-bwa kya muntu eky'obwebange Allah kye yamutonda nakyo. Ebyo biyamba okuteekawo obutebenkevu n'okukkiriziganya (okukwatagana), n'em-beera ennungi mu bantu. Mu njawukana zino abantu ab'enjawulo basobola buli omu okuganyulwa mu munne mu ngeri ez'enjawulo.

Naddala okwawukana kw'abantu nga bwe baba bayimiridde mu mbeera z'ebyenfuna ez'obwavyu n'obugagga, nga byennyume bibiri, kuleetawo embeera ey'obutebenkevu mu bantu. Allah yatonda ensi ng'abantu bagaggawala oba ne baavuwala, ekiseera oba kagenderere, olw'okubagezesu ennyimirira yaabwe mu mbeera z'ebyenfuna ez'en-jawulo. Ekiva mu kino z'embeera zino ebbiri, obwavyu oba obugagga, okuleetawo amakulu mangi n'okwefumiitiriza eri abo abategeera. Okubeera omugagga kyokka tekiraga bulungi bwa muntu; ng'okubeera omwavyu bwe litali zambi; wabula byombi biriwo ng'ekitundu ku kugera kwa Katonda (ngabanya ya Allah). Byombi byoleka magezi ga Allah Owaawaggulu nga bw'akirambika mu Kulaane nti:



“Ffe twagabanya wakati waabwe enfuna yaabwe mu bulamu bw’ensi buno ne tusukkulumya abamu ku balala, olwo abamu basobole okukozesa bannaabwe. Naye okusaasira kwa Allah wo kulungi okusinga ebyo bye bakunngaanya. Singa tekyali nti abantu bonne bandibadde ekibiina kimu (bonne ne babeera abakaafiiri abettanira obulamu bw’ensi bwokka) twanditeereddewo abo abawakanya (Allah) Omusaasizi obusolya obwa ffeeza ku mayumba gaabwe n’amadaala ge balinnyirako, era n’enzigi z’amayumba gaabwe n’ebitanda kwe bagalamira (nabyo byandibadde bya ffeeza) era twandibawadde eby’okwewunda eby zaabu. Naye mazima ebyo byonna bya kweyaga-la bya bulamu bwa nsi obwa kaseera. Enkomerero eri ewa Katondawo y’abo abatya Allah.” (Zukhruf, 43 : 32 – 35)

“Allah ayanjuluriza *riziki* (enfuna) oyo gw’aba ayagadde mu baddu be, era n’amufunziza (*riziki*). Mazima ddala Allah y’Amanyi byonna.” (Ankabuut, 29 : 62)

Nga *aya* ezo waggulu bwe zitutegeeza, engabanya y’obugagga eya buli muntu teyenkanankana. Naye olowooza kino kiraga butali bwenkanya? Okuva lwe kiri nti obuvunaanyizibwa bw’okukozesa eby’obugagga esinziira ku busobozi, eky’okuddamu kiri nti nedda. Abo abalina eby’obugagga ebisinga ku balala baba bajja kuba n’omugugu gw’obuvunaanyizibwa ogusinga ku gw’abo abalina ekitono era buli omu aba ajja kubalibwa okusinziira ku mugugu gwe yeetisse. Bwe butyo obwenkanya mu ntambula y’ebintu bwe buteekebwawo mu bantu. Obusiraamu bw’alagira abantu okuwa zaka busobole okubaziyiza okukola ng’abaddu okusobola okukunngaanya eby’obugagga, embeera eno eyinza okubaleetera okubeera ba sitakange, ob’omululu, abeemanyi. Mu ngeri y’emu Obusiraamu bwalaalika zaka busobole okuziyiza abaavu okufuna endowooza embi okugeza ng’ensaalwa n’obukyayi eri abagagga abalinawo. Mu kuwa zaka, ng’eva mu by’obugagga byonna omuntu by’alinaliko obuvunaanyizibwa okumala waakiri omwaka mulamba, kiteekawo embeera y’obwenkanya wakati w’abagagga n’abaavu, okuwannanga ekitiibwa n’okwagalana wakati waabwe. Kyetaaga kisigale mu bwongo nti omuntu k’abe mugagga oba mwavu, tamanyi nti ajja kusigala mu mbeera y’emu ey’obugagga oba obwavu kagenderere, naye omuntu yeesanga bwesanzi nti mugagga oba mwavu mu kiseera ekyo. Abaavu tebalina kuberawo nga buli kiseera balindirira kuweebwa naye bateekeddwa

okufuba nabo basobole okufuna eby'obugagga (bave mu mbeera eyo). Mu kiseera kye kimu, n'abagagga balina okusaasaanya obugagga mu ngeri esanyusa Allah naye si kunkunngaanya bukunngaanya byabugagga na kubikukulira. Era kirina okukkaatirizibwa nti buli muntu ky'awaayo mu kkubo lya Allah kijja kumuddizibwalo ku nsi kuno oba mu Bulamu obw'olvannyuma. Omulimo ogutasaanye kuyisibwamu maaso gwe gwo gavumenti gw'ekola mu kutema empenda okusobola okuyamba abantu okweggyamu ekintu kyonna ekiyinza okubakuumira mu bwavu obw'olu-beerera, ate n'okuziyiza abagagga okunyuunuuta abaavu, n'okukozesa obubi amaanyi oba amagezi bye balina mu busuubuzi obutagendera ku mateeka. Ng'abantu abakola bizinesi bwe baweebwa ebintu ebibasikiriza okuddukanya emirimo gyabwe, era wagwanidde wassibwewo enteeka-teeka ez'okusomesa, okutendeka wamu n'okutumbula eby'obulamu ebitandikirwako, n'embeera z'abantu okutwalira awamu.

N'olw'ekyo zaka gwe gumu ku mirimo egisingira ddala obukulu mu Busiraamu egikwata ku buvunaanyizibwa omuntu bw'alina ku balala abo Allah baayagala era abaddu be.

Allah Owoobuyinza, okusinziira ku Ye Yekka by'amanyi, agezesha abaddu be okusinziira ku nfunyaabwe. Allah ajja kubuuza abagagga engeri gye baafunamu eby'obugagga byabwe, oba nga baabifuna mu makubo matuufu oba makyamu oba baawaayo zaka n'okwenyigira mu kuyamba mu bintu ebirala eby'enjawulo. Kuno kusoomoozeebwa kwa maanyi nnyo eri abagagga okusobola okulaba oba batuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe bwe balina eri abantu abawangaala obubi era abeetaaga ennyo obuyambi bwabwe basobole okwetuusaako ebintu ebyabulijo ebisookerwako. Bwe basomoka ekigezo kino baba bajja kusasulwa kinene mu Jjana.

“Era mugabe mw'ebyo bye twabagabira ng'okufa tekunnajjira omu mu mmwe, olwo n'agamba nti: ‘Katonda wange! Singa onnindirizzaako akaseera katono ne nsaddaaka n'embeera mu bantu abalongoofu. Wabula Allah tagenda kulindiriza mwoyo gwonna entuuko yaagwo bw'ebeera etuuse, era Allah Amayi ebyo bye mukola.”

(Munaafiquuna, 63 : 10 – 11)

Ku ludda olulala, abaavu nabo bagezesewa mu ngeri ey'enjawulo. Bano Allah Owoobuyinza tabalaalikako kuwaayo kintu kyonna ekintu

ekyandibakuumidde ddala mu bwavu. Ekigezo abaavu kye balina kwe kubeera abagumiikiriza, nga tebeemulugunya buli kiseera awatali nsonga etegeerekeka oba okweyisa obubi mu bantu bannaabwe, nga batwala ebyo bannaabwe bye bafunye mu makubo amatuufu, era nga balina okwekumira mu mbeera ennungi ate entukuvu. Bwe bayita obulungi ekigezo kino baba bajja kusasulwa musera ku Lunaku lwenkomerero era okubonaabona kwabwe ku nsi kuba kujja kubawaanyisibwamu ebyengera ebitaggwaawo n'obugagga obw'omu ggulu.

Ekiragiro ky'okuwa zaka kyogererwa wamu n'okuyimirizaawo esswala (swalat) ezaalaalikibwa eza buli lunaku mu Kulaane emirundi abiri mu musanvu (27). Kino kiraga obukulu bw'ekiragiro kino. Omulundi gumu gwokka ekiragiro ky'okuwa zaka n'okuyimirizaawo esswala we byogererwa nga tebiri wamu, naye ng'era ku mulundi guno Allah Owoobuyinza akikkaatiriza nti abo abayimirizaawo esswala mu ngeri entuufu (nga bwe kisuubirwa) baba era bajja kutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe obulala. Mu Busiraamu, ebiragiro bya biti bibiri: *huquuqu Llaah*, obuvunaanyizibwa bwe tulina obutereevo eri Allah - okugeza okuyimirizaawo esswala – ne *huquuqul ibaadi*, obuvunaanyizibwa bwe tulina obutereevo ku bantu bannafe - okugeza zaka. Tulina okusaasaanya okuva mu by'obugagga bye tuba tuweereddwa era tulina n'okwewaayo ffe ke nnyini. Obuvunaanyizibwa buno bukwata ekifo kya ku mwanjo mu biti nga bwe tubimenye. Wadde ng'Obusiraamu buli tteeka bulitwala bw'alyo mu kulituukiriza era nga okumenya erimu ku mateeka tekikosa ntuukiriza ya tteeka ddala, wabula etteeka ery'okutoola zaka lyo lirina enjawulo. Omukkiriza yenna bw'atatoola zaka (ng'ebadde emukakatako) esswala ye eba tejja kukkirizibwa. Omubaka (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti:

“Omukkiriza bw'asaala naye n'atawaayo zaka esswala ze teziba na makulu.” (Munavii, Kunuuuzu al-Haqaa-iq, olup. 143)

Eyo ye nsonga lwaki Kaliifa wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) eyasooka, Abu Bakari, abantu abaagaana okuwa zaka yabatwala ng'abavudde mu ddiini wadde nga baali bakkiriza okusaala esswala zaabwe. Yalangirira olutalo ku abo abaagaana okuwaayo zaka kuba ebalibwa ng'obuvunaanyizibwa abagagga bwe balina eri abaavu. Allah Owoobuyinza agamba mu Kulaane nti:

“Nga ne mu mmaali yaabwe mulimu omutemwa ogumanyiddwa ogw’omusabirizi n’omwetaavu ...” (Dhariyaati, 51 : 19)

Era Nnabbi, Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe, yagamba nti:

“Bw’owaayo zaka oba otuukirizza obuvunaanyizibwa bwo obuli mu by’obugagga byo eri abo abatalina” (Tirmidhi)

Abagagga bwe bawa ekyo kye bateekeddwa okuwaayo eri abaavu, emmaali yaabwe etukuzibwa era n’essibwamu omukisa. N’olw’ekyo, emmaali y’abagagga etukuzibwa okuva mu buzibu bwonna. Abanaku ne bakateeyamba bwe baba nga baweereddwa okusobola okwetuuusako ebyetaago by’obulamu, olwo nno abagagga baba bagenda kweyagalira mu bugagga bwabwe awatali kutaataagana nga bamanyi nti abaavu nabo bafunye okumatira ku byetaago byabwe ebya bulijo. Aya eno wamman-ga ekkaatiriza ensonga eno:

“Ggya mu mmaali yaabwe saddaaka obatukuze era obalongoose nayo, era basabire mazima esswala zo ku bo kya kuwummula gye bali; era Allah Awulira era Amanyi.” (Tawuba, 9 : 103)

Okugabanya zaka kusanyusa abaavu, naye ate mpozzi era kuganyula abagagga okusinga ekintu ekirala kyonna kubanga bafuna emikisa ku njuyi zombi (ku nsi ne ku Lunaku lw’enkomerero). zaka kitegeeza “oku-longoosa n’okutukuza” era etukuza omuntu okumuggyamu obulwadde obuli mu mutima. Enaaza eby’obugagga by’omuntu n’ebiggyamu abalala bye babanja era n’ebitukuza. Guno era mulimo gwa Babaka ekitegeeza nti batukuzaabantu okubaggyamu obulwadde obw’omwoyo.

Okwongereza kw’ekyo, zaka eweereddwaayo mu mutima ogwagala era omugabi eteekawo enkolagana ennungi wakati w’abaavu n’abagagga. Okuviiira ddala eyo mu biseera eby’emabega ennyo waabangawo obukuubagano wakati w’abagagga n’abaavu. Okutwaliza awamu, abagagga batunuulira abaavu ng’abatalina mugaso era abatalina kye bamanyi. Baabanyomanga ne babayisaamu amaaso era nga babatwala okusin-ziiira ku obwavu bwabwe gye bwakomanga. Ku ludda olulala, abaavu baatunuuliranga abagagga n’obusungu, n’obukyayi, era nga babakwati-rwa ensaalwa olw’obugagga bwabwe. Embeera eno ekyaliwo mu bantu bangi mu nsi. Wabula enzikiriza zonna ezassibwa okuva mu ggulu, zirina obuwaayiro obulagira abagoberezi baazo okulabirira abalala n’okula-



ga okusaasira n'omukwano eri abanafu. Singa buli mugagga olwaleero awaayo zaka emubanjibwa, wandibadde tewali mwavu mu bantu b'ebitundu eby'enjawulo. So ng'ate zaka gwe mutemwa ogusembayo wansi Omusiraamu gw'ayinza okuwaayo, kyokka nga tewali kkomo ku bungi bwa bintu omukkiriza alina imaani (obukkiriza) entuufu bw'alina okuwaayo nga saddaaka wabula kino kisinzira ku kwagala kwa muntu okuwaayo mu kkubo lya Allah n'okwagala kw'alina eri Allah. Ku mulembe gwa Umaru bin Abdul Aziizi, Kaliifa okuva mu b'olulyo lwa Umayya, abakungu baanoonyanga abaavu babawe zaka nga bwe kyetaagisa ne bababula, okuva abaavu lwe baabeeranga abatono mu kitundu. Baabuuza Kaliifa Umaru bin Abdul Aziiz eky'okukolera zaka eggwanga gye lyali likunngaanyizza. Abagagga bona baali batuukirizza bulungi obuvunaanyizibwa bwabwe obw'okuwaayo zaka eyabanga ebabanjibwa. Eyo ye nsonga lwaki ekiseera kino kitwalibwa mu byafaayo by'Obusiraamu ng'ekiseera ekisinga obulungi ng'oggyeeko ekiseera kya ba Kaliifa b'Obusiraamu abana abaasooka.

Jalaalu Ddiini Ruumi annyonnyola obukulu bw'okuyamba abaavu mu ngeri enyuma bw'atyi:

Wadde nga kyo (omwavu) kye kyo ekijjudde okumanya, kirina ennyumba ejjudde omukka (obwavu n'obwetaavu): ggulawo eddirisa lyakyo ng'owuliriza (ebizibu bye). (Masnawi, III, 485)

N'olw'ekyo, Obusiraamu buvubiriza ebiwundu by'abantu ebiva mu bwavu n'obugagga. Ku ludda olulala, enkola ezitali za Busiraamu zire-meddwa okutuuka ku buwangizi obubuna oba zirwawo mu kugonjoola obuzibu buno. Kye baakola kwali kugenda ku nkomerero emu ey'oku-gaana oba okukugira ennyo eddembe ly'okubaako n'ekyobugagga oba ekintu eky'obwannannyini, oba ku nkomerero endala ey'okufuula eky'okufuna eby'obugagga ekintu eky'omuwendo era ekyagalwa ennyo. Baagaana eddembe ly'abaavu okusaba obuyambi okuva mu bagagga ne bakiviirako ddala ne bakirekera baavu okusaba obuyambi okuva ku baavu bannaabwe, ekintu ekyaleetera obusabirizi okubeera omuze ogw'olubeerera. Obusiraamu, obuzibu buno bwabukwata mu ngeri ey'okubuulira abagagga emigaso egiri mu kusaddaaka, mu kyama ne mu lwatu, ate n'abaavu ne bubakibiriza okubeera abagumiikiriza n'obutabeera mugugu ogw'olubeerera eri bannaabwe wabula okugezaako nga bwe basobola okukola basobole okwetuusaako ebyetaago byabwe.

Mu mazima, okuwaayo okw'obuwaze (zaka) kye kimu ku bintu eby'omuwendo Obusiraamu bye bwaleetera obuntu. Enkola eno eya zaka n'okugaba okwa ssaddaaka okw'engeri ez'enjawulo, biyamba mu kuvubiriza ebizibu, okubonaabona, n'obugubi abaavu, abanaku, bamulekwa ne bannamwandu, bye bawangaaliramu. Era mu Busiraamu abaddu mwe bayambibwa okuteebwa n'okufuuka abaana baboobwe. Abaddu baasobola okwenunula nga bayambibwa saddaaka ne zaka. Era okuta abaddu nga tebamaze kuwaayo kintu kyonna okwenunula mulimo ogwassibwako essira ng'ekikolwa eky'okusinza era ekkiggyisaako omuntu amazambi ge yabanga akoze.

Ng'oggyeeko okulwanyisa obwavu, zaka era erina omulimo omulala omukulu ennyo. Zaka eyamba abantu okuwona okutubira mu lutobazi lw'okusasula olutentezi ssente ez'ennyongeza eziweebwayo omuntu eyeewola (*riba*). Singa abantu abali mu bwetaavu baba tebayambiddwaako baba bajja kuwalirizibwa okwewola baweeyo amagoba agali wag-gulu ennyo. Okwewola mu kusooka kulabika ng'ekintu ekyangu naye nga mu butuufu kintu ekigezaako okunyunyunta omwavy. Mu kuwaayo, abaavu baba tebeetaaga kwewola okusobola okwetuusaako ebyetaago ebya bulijjo mu bulamu. Abo abaggya amagoba ku ssente ze bawola abantu abali obubi baganyulwa mu mbeera y'obwetaavu eba eriwo, so ng'abo abagaba zaka oba saddaaka eri abaavu beenyigira mu kwetikka emigugu gy'abaavu. Abawa zaka oba saddaaka baba tebalina kantu na kamu ka ku nsi ke baba basuubira okuva mu baavu abo be baba bawadde; babayamba buyambi bo (abagaba) basobole okufuna okusiimibwa Allah Owoobuyinza. Singa omwavy ayagala okwewola aba talina musingo gw'asobola kuwaayo kwewola mu bbanka, aba awalirizibwa okugenda mu makampuni agawola. Ebbanja lyonna bwe liba terisobola kusasulwa mu bbanga ettono ennyo eriweebwa omuntu oyo, omuwendo gw'ebbanja lye yeewola okusooka gukubisibwamu emirundi ebiri n'esatu okutuusa omuntu lw'aba nga asobola kusasula magoba gokka olwo eyeewola n'atandika okuwangaalira mu mabanja olubeerera.

Omuntu ow'omululu talimatizibwa n'ebiyobugagga byonna by'akunngaanya ka bibe nga byenkana wa; gy'akoma okufuna ebingi era n'omululu gwe gye gukoma okweyongera. Ku ludda olulala, abo abawaayo zaka (oba saddaaka) tebabeera ba mululu, babeera bamativu n'ekitono kye balina mu bintu by'ensi. Abantu abo abalya amagoba

agava mu kwewola (riba) beeyongera mululu na kwagala kufuna byabugagga era tebafaayo ku kwonoona bulamu bw'abalala basobole okwongera ku bugagga bwabwe. Kisoboka okulaba abantu ab'ekika ekyo mu bifo byonna ebiddukanyizibwamu obusuubuzi mu nsi muno. Ku ludda olulala, *aya* eno wammanga etukubiriza obutakozesa nnyongeza mu bizinesi zaffe:

“Allah asaanyaawo *riba* (sente ezidda ng'amagoba mu kuwola) ate n'ayaza emmaali egiddwaamu saddaka, naye Allah tayagala atasiima oba omwonoonyi.” (Baqara, 2 : 276)

Abo ababigika amagoba mu ssente ze bawola bannaabwe emmaali yaabwe eggwaamu emikisa gya Allah olwo ne batafunu wadde empeera emu bw'etyi ku Lunaku lw'enkomerero. Bayinza n'okufuuka ba lunkupe ku nsi kuno. Ky'ova otera okulaba abantu abafunye eby'obugagga ebingi nga bayita mu kubigika bannaabwe amagoba amangi mu nsimbi ze babawola nga zonna zibaweddeko mu kaseera akatono ennyo, kakyayinza okubeera akabenje, ndwadde, kubitunda oba nsobi bye biyinza okusanyaawo emmaali yaabwe mu kaseera mpaawo we kaaga. Obulumi obuva mu magoba agava ku kuwola (riba), tebukoma ku muntu omu naye kusaasaanira abantu bona ne zoonoona emisingi egizimba embeera y'abantu. Mu nnyongeza efunibwa awatali kukakaalukana oba okukolla, omugagga yeeyongera kugaggawala ate omwavu ne yeeyongera kawuwuala. Ssente zino ezitali nkolerere zoonoona obumu bw'abantu. Olw'ebibi ebivaamu, abantu ab'ekika ekyo bafiirwa akakisa ak'okufuna obugagga obw'omwoyo awamu n'ebiyengera ebitaggwaawo.

Ku ludda olulala, okugabanya zaka kuleetawo okukkaanya mu bantu wamu n'obutebenkevu ebireeta okusaasira kwa Allah mu bulamu buno obw'ensi ne ku Nkommerero. Ekyafaayo kino wammanga ekyagwawo kiwa ekifaananyi ekirungi eky'okugaba okw'ekika ekyo bye kuleetera omuntu kinnoomu awamu n'obumu mu bantu:

Olunaku lumu omusajja omusabiriza yasaba Ali (Allah amusiime) ssente. Ali kwe kulagira batabani be Hasane ne Huseyini okuleeta ebinusu okuva awaka.

Abalenzi ebinusu baabifuna okuva ku maama waabwe ssente ne baziwa kitaabwe eyazikwata zonna n'aziwa omusajja wadde nga baali bazeetaaga okugulamu emmere (enngano).

Naye Ali (Allah amusiime) aba ayingira mu nnyumba ye ne wabaawo omusajja eyamutuukirira ng'ayagala kumuguza nngamiya n'amugamba nti: 'Twala enngamiya eno ku dirhamu za zaabu 140 onaa-sasula oluvannyuma'. Ali yakkiriza era omusajja enngamiya n'agimure-ker. Nga wayiseewo akaseera katono, waliwo omusajja omulala eyajja n'agula enngamiya ku Ali ku dirham bibiri (200) era n'asasulirawo.

Ali yasarasa ebbanja ly'omusajja erya dirham ekikumi mu ana (140) eyamuguza enngamiya, n'afissaawo ebinusu bye yawa mukyala we Fatuma nga bw'amugamba nti eno y'empeera Allah gye yalagaanyisa ng'ayita mu Nnabbi we (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe); twawaddeyo dirham mukaaga (6) Allah Owoobuyinza n'atusasulamu emirundi kkumi (60). Yasoma *aya* eno:

"Omuntu oyo akola ekirungi (ekimu) ajja kusasulwa ebirungi kkumi ebyenkana ekirungi ekyo ..." (An'aam, 6 : 160)

Okwongereza ku mawulire gano amalungi, *aya* eno etunnyonnyola nti okuwa zaka ne saddaaka kuggulawo enzigi z'okusaasira kwa Allah era ne kutangira omuntu awaddeyo emitawaana egyandimutuuseeko:

"Abaffe waliwo empeera eva mu kukola obulungi okuggyako okusasulwa obulungi." (Rahmaan, 55 : 60)

Ekyafaayo kino wammanga kiwa ekifaananyi ekirungi ku migaso emingi egiri mu kasaddaaka:

Lumu ababbi baayingirira edduuka ne basaba nnyini lyo, eyali omusajja omukade, abawe ssente zonna ze yali alina mu dduuka. Omusajja teyalina kya kukola okuggyako okukkiriza okuwaayo ssente zonna ezaali mu seefu. Kyokka aba tannagulawo sseefu kuwaayo ssente, omu ku babbi kwe kujukira nannyini dduuka. Yakyukira banne ng'abasonzee-mu emmundu n'abagamba nti: "Temuyinza kubba musajja ono okugyako nga musoose kunzita."

Babbi banne kyababuuukako engeri munnaabwe ono gye yali abeekyusirizza kwe kumubuuza nti:

"Tubbye amaduuka mangi okutuuka wano, kati kiki eky'enjawulo ekiri ku muntu ono? Tuleke naawe tukole omulimo ogwatuleese."

Omusajja yabaddamu nti:



“Mumanyi omusajja omukadde ono y’ani? Omusajja ono ye yayam-banga abantu bange mu kaseera we nnabeerera ng’ebiseera byange mbi-malira mu kunywa mwenge n’okuzannya zzaala; we nnalekerera abantu b’amaka gange omusajja ono ye yabalabiriranga era nga y’abayimiri-zaawo era nga y’aweerera n’abaana bange. Mbasaba temulemera ku kino omusajja ono tumuleke.”

Bwe batyo ababbi beetonda era ne bagenda nga tebatutte kantu konna okuva mu dduuka ly’omusajja omukadde.

Kino kifaananyi kirungi ekiraga engeri okuyamba gye kuyinza oku-taasa omuntu omutawaana ogwandimutuseeko.

Eky’okulabirako ekisinga obulungi ku ngeri abantu gye bayinza okuyambamu abaavu n’okugonjoola ebizibu byabwe tukijja mu bulamu bwa Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe). Nnabbi yayagala okufuala okugaba ekitendo buli Musiraamu ky’atatee-keddwa kwawukana nakyo. Bw’atyo yagamba nti:

“Omukono ogwa waggulu (oguwa) gwe gusinga omukono ogwa wansi (ogutwala).” (Bukhari, Zaka, 18)

Mu hadiisi eno wammanga, Nnabbi yatendereza nnyo abo abawaayo saddaaka n’agamba nti: “Ensaalwa tekkirizibwa okuggyako mu bintu bibiri: omuntu Allah gw’awadde obugagga n’abeera ng’abusasaanya mu kkubo ettuufu, n’omuntu Allah gw’awadde amagezi (amakulu okuma-nya eddiini) n’akola ekkyo ekiteekeddwa okukolebwaa ng’akozesa amagezi ago era n’agasomesa abalala.” (Bukhari, ekitabo 2, ekitundu 24, namba 490)

Era edduwa eno kifaananyi kirungi ekiraga engeri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) gye yayagalanga abaavu n’abanafu mu bantu b’Ekibiina kye: “Ayi Katonda wange! Nkusaba onnyambe nso-bole okuwangaala ng’abaavu, ombeezeewo ng’omwavu era (ku Lunaku lwenkomerero) onzuukirize wamu n’abaavu.” (Trimidhi, Zuhdu, 37)

Ennyumba ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yagifuula bubudamo bw’abaavu, nga yaddira ekifo ekimu mu nnyumba ye n’akiwaayo okubudamya abaavu abaasenguka okuva e Makka abama-nyiddwa nga Bamuhaajiruuna.

Mu hadiisi emu, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba nti abaavu bajja kumala emyaka amakumi ana (40) nga bayin-

gidde mu Jjana olwo abagagga balyoke bayingire, okuva abaavu lwe batalina byabugagga bya kunnyonnyolera. (Tirmidhi, Kitaabu al-Zuhd).

Abagagga, mu butuufu, be b'okubeera abaavu ku Lunaku lw'okuzuukira (olw'okuba nga bajja kuweebwa empeera ntono) okugyako oyo Allah gw'aba yawa eby'obugagga ng'abiwaayo (mu saddaaka ng'abigabira abamu) ku ddyo, ku kkono, mu maaso n'emabega ate era n'abikolamu emirimo emirungi."

Mu ngeri eno, Obusiraamu busomesa nti obugagga oba obwatu tewali kisinga kinnaakyo bulungi ku bwakyo, wabula obulungi buli mu ngeri omuntu gye yeeyisaamu. Omwatu naye asobola okubaako n'ekirungi ky'akolera abantu; era bw'atyo aba alina okutwalibwa ng'ekikulu. Ku kino Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti: Singa omwatu aba talina maanyi ga ssente okusobola okuwaayo mu saddaaka, naye enneeyisa ye ennungi n'ebigambo bye ebirungi by'ajja ku ntobo y'omutima gwe, biba bijja kubalibwa nga saddaaka. Mu ngeri eno, Obusiraamu buwa emikisa gya kyenkanyi eri omugagga n'omwatu mw'asobola okufunamu empeera. Ssente n'ebiyobugagga si bye by'omuwendo ebisinga, ekisinga obukulu ye ngeri omuntu gye yeeyisaamu nga ssente (oba eby'obugagga) teziriwo oba weeziri. Omuntu alina okweyisa ng'omuntu n'ekitiibwa kye ekijjuvu mu kiseera ky'obwatu oba obugagga. Ku bino byombi tekuli kibi (ku bugagga oba obwatu) singa omukkiriza yeeyisa bulungi mu mbeera ezo zombi. Tetutegeeza nti obwatu bulungi, wabula kye tugamba wano kye ky'okuba nti obwatu bwe buba tebusobola kwewalika (nga bwazze), Omusiraamu aba alina okweyisa mu ngeri ey'ekitiibwa okugezaako okubweyambulula.

Waliwo ensonga endala enkulu eri emabega w'okulaalika zaka n'okugaba okwa kyeyagalire (okusaddaka). Zaka egenderera okuziyiza abantu abatono okwekomya ebyobugagga byonna. Eby'obugagga bwe bibeera mu mikono gy'abantu abatono, kino kitera okuvaamu okutyoboola eddembe n'ekitiibwa ky'abaavu. Obugagga bwe bufuuka obukoze-sebwa okulinnyirira n'okweyagalira ku bantu, embeera embi ennyo eba tesobola kwewalika eri abagagga. Buli muntu mu kitundu, k'abe mugaga oba mwatu yeetaaga munne mu bintu by'ensi ne mu by'omwoyo, ng'ekitundu mu nteekateeka za Allah Owoobuyinza. Kiteekwa kimanyike nti buli kintu, nga n'ebintu byaffe mw'abitwalidde, byonna bya Allah.

Omuntu ebintu abifuga mu ngeri si ya ddala, era kino Allah akyogerako bw'atyi mu Kulaane:

“Abange mmwe abantu! Mmwe baavu (abalina obwetaavu eri Allah) naye Ye Allah ye Mugagga Atenderezebwa.” (Faatwir, 35 : 15)

Nga *aya* eyo waggulu bw'ekiraga, omuntu talina ky'alina kikye, era eyo ye nsonga lwaki bulijjo ali mu bwetaavu eri Allah mu mbeera zonna ne w'abeerera omugagga. Tuwangaalira mu bwakabaka bwa Allah era tuyimirirawo ku *riziki* Ye eyo gy'aba atuwadde. Wabula, olw'ensonga Allah ze yeesigaliza nga Yekka y'azimanyi, omuntu atuuka okulowooza nti ebintu by'alina bibye era y'abirinako obuyinza. Twerabira nti tubeera mu mbeera ya kugezesebwa mw'ebyo bye tufuna. Nabi Sulayimaani (Solomon) (emirembe gibeere ku ye), yalina eby'obugagga ebitayogerekka n'obwakabaka obutenkanika mu byafaayo by'omuntu. Kyokka eby'obugagga byonna bye yalina byamuggwaako mu kaseera mpaawo we kaaga. Naye bwe yasaba okusonyiyibwa okuva eri Allah, Allah yamuddiza obwakabaka bwe n'ebintu bye byonna bye yali amuggyeeko. Bw'atyo mukwano gwa Allah atulabula nga bw'agamba nti si kirungi okudduka nga tugoba *riziki* wabula ekirungi okusinga kwe kudduka nga tunoonya Oyo (Allah) atuwa riziki (atubeezaawo).

Obugagga bwsigwa obuweebwa omuntu ekiseera ekigere nga kigezo gy'ali. Oyo abuweereddwa aba takkirizibwa kubukozesa okusinziira nga ye bw'ayagala. Omuntu oyo alina okusaasaanya obugagga nga nnannyini bwo owa ddala, Allah Owoobuyinza, bw'aba amulagidde. Singa omuntu akozesha eby'obugagga mu ngeri Allah gy'atayagala, kivirrako omuntu oyo okufuuka omwonoonefu era n'akola obulyazaamanyi ku bantu banne. Omuntu bw'ayagala ennyo eby'obugagga mu ngeri eteriimu kasiba, eby'obugagga bisabolera ddala okumuviirako obulumi, era eyo ye nsonga lwaki Allah Owoobuyinza eby'obugagga abiyyita kigezo. Omuntu bw'abyagala n'ayitawo n'abifuula nga kye kintu kyokka kye yettanira era ekyenkomeredde mu kifo ky'okubitwala ng'ekkubo erimutuuza eri ekiruubirirwa, biba bimufuukidde kigezo. Allah abantu ab'ekikula ekyo aboogerako bw'atyi mu Kulaane nti:

“... N'abo abakweka zaabu ne ffeeza ne batabisaasaanya mu kkubo lya Allah basanyuse n'amawulire ag'ebibonyoobonyo ebiruma.” (Tawuba, 9 : 34)

“Olunaku (emmaali yaabwe) lw’eryengezebwa mu Muliro Jahannama, ebyenyi byabwe n’embiriizi zaabwe n’emigongo gyabwe ne bisiiyiikibwa n’emmaali eyo, (ne bagambibwa nti) kale muloze ku bibonyoobonyo by’ebyo bye mwali mutuuma.” (Tawuba, 9 : 35)

Ne Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) atulabula ku kabi akayinza okubeera mu bukodo n’okukwatirira eby’obugagga (obutabita), ng’omuntu kye yettanira kwe kumatiza ebyetaago by’omwoyo, n’agamba nti:

“Teri lunaku lwonna omwanaadaamu lw’azuukuka ku makya okugyako ng’akyalirwa Bamalayika babiri. Omu ku Bamalayika abo agamba nti: ‘Katonda wange! Nkusaba oyongere omuntu oyo asasaanya (mu kkubo lyo), ate omulala n’agamba nti: ‘Katonda wange! Nkusaba osaanneyewo eby’obugagga by’omuntu oyo akwatirira emmaali (n’atagisaasaanya mu kkubo lyo)’.” (Muslim, Zakat, ekitundu 005, namba 2205)

Ku ludda olulala, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) atendereza abo abasaasaanya olw’obulungi bw’abantu bona nga bw’agamba nti okuwaayo mu kuyamba kusika omuntu okumutwala mu Jjana naye ate obukodo buwalabanya omuntu okumutwala mu Muliro.

Okugaba muti oguli mu Jjana naye ng’amatabi ga gwo gali kuno ku nsi. Buli muntu oyo eyeerippa ku ttabi ly’omuti ogwo limutwala mu Jjana. So ng’ate, ku ludda olulala, obukodo muti oguli mu Muliro era ng’amatabi ga gwo gali kuno ku nsi. Omuntu yenna eyeerippa ku limu ku matabi ago limuwuuba limukasuka mu Muliro.” (Bayhaqi, Shu’abul Imaani)

Kuno kulabula okweyolefu okuva ewa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) nga kukwata ku nkomerero embi ennyo ey’abantu abakodo abo abatatuukiriza bувunaanyizibwa bwabwe eri abantu abalala okugeza ne bagaana okuwaayo zaka ne ushur (omutemwa abalimi gwe balina okuwa eri abaavu ogwenkanankana ekimu eky’ekkumi eky’ebirime bye baba bakungudde).

Aya zino ne hadiisi bikkaatiriza nti okwagala eby’obugagga bwe kwekwata ekifo mu mitima gy’abantu baba bajja kutuuka okubba ebivunaanwa abaavu bye bababanja okuva mu by’obugagga byabwe. N’okulabula kuno okweyolefu okuva ewa Allah, tulina okubeera abeegendereza ennyo okulaba nga tutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe

tulina obw'okuyamba abaavu era tugezeeko okuwaayo ekyo ekisukka mu bbiri n'ekitundu ku by'obugagga byonna bye tulina, ng'ekyo kye kisembayo obutono Obusiraamu kye bulagira. Aya eno wammanga etulungamya eri emisingi gy'okugaba:

“Bakubuuza kiki kye baba bawaayo. Bagambe nti ekyo kye mubanga mugabye ekirungi ...” (Baqara, 2 : 215)

Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) baategeera bulungi nnyo obukulu bw'okuwaayo saddaaka era baavuganya wakati waabwe mu kuwaayo eby'obugagga byabwe eri abo abeetaavu. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe yabasaba okuyamba nga bali mu latalo lw'e Tabuuk, Umaru yawaayo kimu kya kubiri eky'obugagga bwe, ng'alowooza nti okuwaayo ekitundu yali asinze Basswahaba banne mu kugaba. Kyokka Abu Bakari ye bwe yagenda okuwaayo eby'obugagga bye byonna yabikukumba n'abitwalira Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ng'abiwaddeyo mu kkubo ly'Obusiraamu. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe yamubuuza nti: “Kiki ky'oleseeyo eka okumala ebyetaago by'abantu b'omu maka go?” Abu Bakar yamwanukula nti: “Ndeseeyo Allah ne Omubaka we (nga be b'ongonjoolera ebizibu byayo).” Ekyafaayo kino ekija kiraga endowooza y'ekisuufi ekwata ku kuwaayo saddaaka. Olunaku lumu faqiihi (kakensa mu mateeka g'Obusiraamu) omu yabuua Omusuufi Shibli ng'ayagala kugezesu kulaba okumanya kwe amateeka g'eddiini we kwali kukoma. Yamubuuza omuwendo gwa zaka Omusiraamu gw'alina okuwaayo kuba mu kiseera ekyo abamanyi abamu baali balowooza nti Abasuufi tebalina kye bamanyi mu mateeka g'Obusiraamu.

Shibli kwe kubuuza Faqiih nti: “Oyagala nkuddemu okusinziira ku bamanyi b'amateeka (faqiih) kye bagamba oba ba faqir (abaavu Abasuufi) kye bagamba?”

Faqiih yamuddamu nti: “Njagala onziremu okusinziira ku njuyi zombi bye zigamba.”

Shibli kwe kugamba nti: “Okusinziira ku Bafaqiihu, ekiseera eky'omwaka kiba kirina okuyita ku by'obugagga nga tebinnaba kukakatibwako zaka. Olwo (bwe bimala okuyitako omwaka) buli dirham ebikuumi ebibiri (200) osasula kimu kya makumi ana (1/40) ng'ekyo kiwera dirham ttaano (5). Naye okusinziira ku Basuufi, ssente zonna dirham

ebikumu ebibiri (200) oziwaayo bw'omala ne weebaza Allah olw'okuba osobodde okweggyako obuvunaanyizibwa (bw'ebi'obugagga).

Shibli kye yaddamu faqiihu, faqiihu teyakyagala kwe kugamba nti: “Ffe Obusiraamu twabusoma nga tubujja ku bamanyi Abasiraamu (sso si Basuufi).

Ye Shibli n'addamu Faqiih okuddamu okwamumalamu kye kubiira yenna gwe yalina nti: “Ffe Obusiraamu twabusoma okuva ku Sswahaba eyali asinga okubeera Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ku lusegere (ng'ategeeza Abu Bakari) eyateeka eby'obugagga bye byonna mu mikono gya Omubaka wa Allah era bwe yamala ne yeebaza Allah (olw'okumosobozesa okweggyako obuvunaanyizibwa obw'amaanyi) (Mektûb, 34, Üçüncü Yuzyıl)”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ye yali omusaale mu kuwaayo saddaaka, engeri gye yali eky'okulabirako ekirungi mu mwoyo gw'okugaba okutasalako. Ekyafaayo kino wammanga kyakulabirako kirungi okuva mu bulamu bwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Olunaku lumu yali asalidde abantu b'omu maka ge endiga. Wabula ate bo ennyama esinga obungi baagaba ngabe ne wasigalawo kibegabega kyokka. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe yabuuza mukyala we Ayisa (Allah amusiime) ennyama eyali esigad-dewo bwe yali yenkana, Ayisa kwe kumuddamu nti: “Kibegabega kyokka kye kisigaddewo (ennyama y'endiga esigadde yonna tugigabye)”. Nabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kumuddamu nti: “Ekitegeeza nti, okuggyako ekibegabega, ennyama y'endiga yonna tugisigazizza.” Mu kino Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yali ayagala kutegeeza nti ennyama y'endiga gye tugabidde abeetaavu yonna esigadde yaffe ddala ku Lunaku lw'enkomerero nga tugenda kuganyulwamu nga tufuna empeera ez'olubeerera Allah z'agenda okutuwa. So ng'ate ku ludda olulala, ekitundu kye tusigazizza okulya ekyo kijja kutuyamba kutumalako njala gye tulina mu kaseera akatono era omugaso gwayo teguija kugenderera kutuuka ku Lunaku lw'enkomerero. Bw'ogeraageranya kino n'ebirungi bye tugenda okugabana ku Lunaku lw'enkomerero, ebirungi eby'ekiseera bye tugenda okufuna mu kyetusigazizzaawo kiringa kumala biseera.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe yabeeranga ne ssente awaka nga teyeebaka okutuusa ng'amaze okuziwaayo nga saddaaka eri abo abalina obwetaavu okusinziira ku ddaala lye yalina mu by'omwoyo. Wabula eddaala bwe lityo ery'okugaba teyaliragira Basiraamu bona okulituukako, wabula yabalagira okubeera mu makhati era n'abakubiriza okugaba okusinziira ku busobozi bwabwe. Okugeza, wadde nga yakkiriza Abu Bakari okuwaayo eby'obugagga bye byonna bye yalina, naye Sswahaba omulala ye ate yamuwa amagezi okuwaayo ebimu ku by'obugagga bye ebirala abyesimalize (bimuyambe n'abantu be) (R. M. Sâmi, Tebük Sefer olup. 66).

Okubissa mu bigambo ebirala, Obusiraamu tebulagira bantu kwegyako na kuwaayo bugagga bwabwe bwonna; kye bukola bubakubiriza bukubiriza okuwaayo okusinziira ku wwa we baba batuuse mu by'omwoyo n'ebintu bye balina oluvannyuma Iw'okutuukiriza ebyabalaaliki-bwako. Wabula Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) abamu, okugeza Abu Dharri, bo kye baategeera mu by'okulabirako bya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kuba nga tekikkirizibwa bantu okutereka ssente basobole okuzikozesa mu biseera eby'omu maaso, ne batazikozesa mu bintu ebigasa abantu bona okutwaliza awamu.

Eky'okulabirako ekirala ekirungi kyali kya Abdurrahmaani bin Awuf naye eyagoberera enkola ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Yayinzanga okuwa abaavu eby'okulya so nga ye enjala emuluma. Yali tafaayo ku bizibu ye ebyabanga bimwetoolodde naye nga ate ku ludda olulala afuba okusaasira abalala n'okubayamba okumalawo ebizibu ebyabwe. Basswahaba emitima gyabwe baagiwundanga n'okuwulira muli nti eby'obugagga bye baabeeranga nabyo nti byali bibateresedwa buteresewba era nga Allah.

Mu bimpimpi, abo abeegomba okutuuka ku byengera ebitaggwaawo balina okukimanya nti si be bannannyini aba ddala ab'ebintu bye balina mu bulamu wabula nti bakuumira bikuumire Allah, nannyini byo owa ddala, era nti olunaku lumu bajja kbuuzibwa ku mbalirira n'engeri gye baddukanyaamu ebintu bya Allah ebyo ebyabateresewba. Aya eno wam-manga kino ekitujjukiza bulungi bw'etyi:

“Oluvannyuma ku Lunaku olwo ddala mujja kubuuzibwa ku byengera.” (Takaathur, 102 : 8)

Oluvannyuma lw’okutegeerera ddala ebiva mu kulabulwa kuno, Abasuufi tebeerabira nti okukozesa ebintu ebiri halaali (ebikkirizibwa mu mateeka g’eddiini) kujja kubaleetera okubuuzibwa (okuttottola engeri gye baabikozesaamu) so ng’ate okukozesa ebintu ebya haraamu (ebitakkirizibwa mu mateeka g’eddini) kujja kubaleetera okubonerezebwa.

N’olw’ekyo, abagagga abo abasaasaanya emmaali yaabwe okusanya-
sa emyoyo gyabwe ne bye beegomba ebya wansi (ebinyoomesa) mu
butuufu baba beetisse bisiki ebigenda okubakumira omuliro gwe baliyin-
gira. Wabula ekintu ekituufu kwe kukola ekyo awatali kussa mu mutima
okwagala eby’obugagga nga kino omuntu akikola ng’ayita mu kusaddaa-
ka. Ekitali ekyo, obugagga tebulina kirala okuggyako okukola omulimo
gw’omwetissi asitula ebintu by’abalala so nga ye tasobola kubeera nnyini
byo. Mu ngeri y’emu eby’obugagga ebitasaasaanyizibwa mu kkubo lya
Allah bijja kudda mu mikono gy’abasika naye ng’obuvunaanyizibwa
bwonna buli ku muntu eyabikunngaanya mu kusooka.

Ekigendererwa ky’okufuna eby’obugagga kirina kubeera kutuuka ku
ddaala lino Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) lye yatula-
girira erya: “Omuntu asinga abantu obulungi y’oyo asingira ddala oku-
bagasa.” (Twabaraani, Maj’muuat Awasatw, VI, 58) Ssente ziteekeddwa kukuumi-
bwa mu nsawo so si mu mutima.

Kisaana kitegeerekeke nti edduwa z’abaavu n’abo abatalina mwasiiri-
riza ze basabira abagagga okubeera obulungi ye nsibuko y’eddembe eri
abagagga. Kuno kuyamba okw’omwoyo abaavu kwe bayamba abagagga.
Kiteekwa okukkaatirizibwa omulundi omulala nti obwavu si buswatu
engeri gye buyinza okulabikiramu okusaasira kwa Allah ku Lunaku
lw’enkomererero.

Abagagga abagabi n’abaavu abalimu ensa abo abagumira ebizibu
benkanankana mu kufuna okusiima kwa Allah n’okufuna ekifo ekya
waggulu mu butuukirivu. Ku ludda olulala, Obusiraamu bwesammula
omugagga oyo eyeyisa mu ngeri y’okwemanya n’okwewulira. Kuno
kw’ogatta abantu abo abeeyisa ng’abaavu basobole okwanguyirwa okufu-
na bye beetaaga nga tebatawaanye, abo nabo Obusiraamu bubanyooma
nnyo. N’olw’ekyo, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe)

yasaba Allah amuwomye ebibi ebiri mu bugagga n'obwavu ng'agamba nti: "Katonda wange! Nneewogoma mu Ggwe okumponya ebigezo by'Omuliyo Jahannama; n'ebibonyoobonyo by'Omuliyo; n'ebikemo by'entaana n'ebibonyoobonyo by'entaana; n'obubi bw'ebikemo by'obugagga n'ebibi ebiri mu bikemo by'obwavu." (Bukhari, Ekitabo 035, namba 6534)

N'olw'ekyo, oyo yenna alina ekitone eky'okumatira n'ebyo by'alina ng'ebiterese n'okwewaayo eri okusalawo kwa Allah, abo be bagagga aba ddala. Omuntu bw'aba ayagala okubeera omugagga owa ddala, aba alina okuleka abalala ne baganyulwa mu bintu by'alina mu nsi era ne babifunamu emigaso. Ekigendererwa eky'Omusiraamu omulungi kwe kubeera omuntu agasa abalala n'olulimi lwe n'emikono gye, amakulu nti akozesa ebiyungo bye byonna ku lw'obulungi bw'abantu bonna.

Okuwaayo zaka ne saddaaka ez'ebika ebirala, kutegeeza kusiima na kwebaza Allah. Omuntu ow'ekika kino Allah amulagaanyisa okumwongera ebyengera ebirala olw'okusiima n'okwebaza ebyengera by'aba amuwadde.

Allah Owoobuyinza agamba mu Kulaane nti: "Katonda wo yalangirira nti:

'Bwe munanneebaza nja kubongera; naye bwe mutanneebaze, mazima ebibonerezo byange biyitirivu nnyo (bika nnyo)'" (Ibraahiim, 14 : 7)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) naye yakkaatiriza ekiragaanyiso kino mu hadiisi eno wammanga:

"Abange mmwe abaanadaamu! Muwe abalala nga nammwe bwe mujja okuweebwa." (Bukhari ne Muslim)

Okubonaabona kuli eri abo abawoza nti: "Obugagga buno nabufuna nga mpita mu kukola ennyo" olwo n'alyoka alengezza abaavu. Ab'engeri eyo baba beeteekerateekera enkomerero embi nga Qaruuna bwe bamutunyumiza mu Kulaane.

Qaruuna yaliwo ku mulembe gwa Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye). Mu kusooka Qaruuna yali muntu mulungi. Naye, oluvannyuma bwe yafuuka omugagga ffugge teyasobola kukuuma butukuvu bwa mutima gwe era embeera ze ne zikyukira ddala. Eby'obugagga bye yalina byamufuula eyeeyagala era eyeewulira. Kulaane etunyumiza ebikwata ku Qaruuna bw'etyi:

“Mazima Qaruuna yali mu kibiina kya Musa wabula n’abeyagali-rako n’okwemanya. Ne tumuwa amawanika ge mmaali empitirivu nga mazima ebisumuluzo byago byandizitoweredde ekibiina ky’abasajja abaamaanyi. Mu kiseera abantu b’ekibiina kye bwe baamugamba nti: ‘Tokyamuka. Mazima Allah tayagala bantu bakyamuukirira (abasanyuka nga beemanya olw’obugagga) ...” (Qaswasw, 28 : 76)

Qaruuna teyawuliriza bantu be bye baali bamugamba era n’asalawo okuggala amatu ge eri okubuulirirwa kwonna n’agaana n’okutwala amagezi agaamuweebwa Musa (emirembe gibeere ku ye). Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) bwe yamusaba okuwaayo zaka eyali emubanjibwa okuva mu by’obugagga bwe, yeerabira nti obuwanguzi bwe yali atuuseeko yali yabujja ku Nnabbi Musa (emirembe gibeere ku ye) olwo n’agamba nti:

Oyagala kutwala bya bugagga bwange? Obugagga nze mbwekoledde.

Kulaane enyumya emboozi eno bw’etyi:

“Noonyanga mw’ebyo Allah bye yakuwa Ennyumba ey’Enkomerero era teweerabiranga omugabo gwo mu nsi, olongoose eri abalala nga Allah bwe yakulongooseza. Tonoonyanga okwonoona mu nsi (kubanga) ddala Allah tayagala boonoonyi.

“Qaruuna n’agamba nti: ‘Bino byampeebwa ku lw’okumanya kwe nnina’. Abaffe teyamanya nti Allah yali yazikiriza dda emirembe nga (Qaruuna) tannabaawo mu mirembe egayita abo abaali bamusinga amaanyi era nga bamusinga n’emmaali ennyingi gye baali bakunngaa-nyizza? Era tebabuuzibwa aboonoonyi ku bibi byabwe (kubanga Allah byonna abimanyi). Bw’atyo Qaruuna na’vaayo eri abantu be ng’ali mu magyolobera ge. Abo mu bo abaagala obulamu bw’ensi ne bagamba nti: ‘Kale singa naffe tulina ng’ebyo bye baawa Qaruuna! Mazima ye alina omukisa ogw’amaanyi.

“Bo abaaweebwa okumanya okwannamaddala ne bagamba nti: ‘Zibasanze mmwe! Empeera za Allah ze zisinga obulungi eri oyo aba akkirizza n’akola emirimo emirungi naye ng’ekyo tebasobola kukituu-kako okuggyako abagumiikiriza. Oluvannyuma ne tumusanyaawo n’amayumba ge n’amiribwa ettaka. Yalinga ataalina kibiina kya bamutaasa nga oggyeko Allah era teyali wa mu bayinza okwetaasa.



“Ne bakeesa enkyo abo abaali beegomba ekifo kye eggulo limu nga bagamba nti: ‘Ee! Abange! Nga Allah agaziyiriza eby’okufuna oyo gw’aba ayagadde mu baddu be ate n’afundiza oyo gw’aba ayagadde! Singa naffe Allah teyatusaasira nga yatuwa ebyengera yanditumizisizza ettaka (nga bw’akoze Qaruuna). Abange nga abakaafiiri tebafunga kwesiima!” (Qaswas, 28 : 77 – 82)

Ekyatuuka ku Qaruuna ye nkomerero embi etuuka kw’abo abaagala ennyo obugagga kuno ku nsi ne beerabira Enkomerero. Ekyo kifaananyi ekiraga engeri omuntu omu gye yafiirwamu essanyu n’obugagga eby’olu-beerera olw’omululu gwe yalina.

Omutontomi annyonnyola enkomerero ya Qaruuna mu bunyiriri buno wammanga:

Buno bugagga kika ki Qaruuna!

Obwakuleetera okubeera omusabirizi atalagibwa kusaasirwa.

Kati ku Nkomerero yafiiwa ebyo byonna bye yalina ku nsi n’afuuka omuwejjere, okuva bwe kiri nti Enkomerero ennungi y’abo bokka abaawereza Allah nga bamutya, wamu n’obwesimbu, era nga batya obusungu bwe. *Aya* eno wammanga ennyonnyola bulungi ensonga ezi-viirako omuntu okufiirwa empeera ku Lunaku lw’enkommerero:

“Eyo Ennyumba y’Enkomerero (ennungi) tugiteerawo abo abataagala kwesukkulunya (kwekuza) mu nsi wadde okwonoona. Era Enkomerero ennungi y’abo abatyia Allah.” (Qaswasw, 28 : 83)

Jalaalu Ddiini Ruumi (Allah asse emikisa mu kyama kye) yeewuuna enkomerero embi ey’abantu abo abaagala ennyo eby’okufuna ne bagenda mu bulamu bw’oku Lunaku lw’enkommerero nga tebalinaawo kantu konna.

Okusinziira ku Ruumi, eby’obugagga bw’oku nsi bisaana bisaasaanyizibwe mu kkubo lya Allah era omuntu talina kufuuka muddu wa bugagagga obwo. Ekitali ekyo, omuntu okubeera omuddu w’ebi’obugagga nsongea ejja okumutwala ku Lunaku lw’enkommerero ng’ayanjala ngalo nsa.

Era okusinziira ku Ruumi, abantu abasinga bafuuka baddu ba bintu byanfuna bya nsi. Mpozzi okufaananko n’emisota, abo abasinza

eby'obugagga balindirira wansi ne bafukaamirira eby'obugagga ne bee-teeka mu mbeera ebanyoomesa ennyo era ey'okwekkakkanya olwo ne batuuka mu ggulu nga banjala ngalo nsa tebalina ke balina.

Singa eby'obugagga tebiweebwayo ku lwa Allah kale biba tebirina mugaso okusinziira ku ndaba ya Ruumi.

Waliwo ekyaayaao ekirala ekyagwawo ku mulembe gwa Basswhahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) nga kyefaanaanyirizaako ekya Quaruna. Waliwo Sswahaba wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) eyali ayitibwa Tha'alaba eyali omwavu lunkupe naye nga yali ayagala nnyo okufuna eby'obugagga.

Bw'atyo Tha'alaba yagenda ewa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'amusaba amusabire afuuke omugagga. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) mu bukkakkamu yagaana okumusabira ng'agamba nti:

“Eby'obugagga ebitono naye ng'osobola okwebaza Allah birungi okusinga eby'obugagga ebingi by'otasobola kwebaza bulungi Allah.”

Tha'alaba yakkiriza bye yali yeegomba n'abivaako okumala akaseera, naye oluvannyuma n'awulira ng'ate ayagala nnyo obugagga n'okusingako luli. Yaddayo ewa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'addamu okumusaba ekintu kye kimu: “Mubaka wa Allah! Nsabira eri Allah nsobole okufuuka omugagga (binojjo)!?”

Era ku mulundi guno Nnabbi yamuddamu bw'atyi:

“Abaffe siri kyakulabirako ekirungi gy'oli?! Nkulayirira Allah nti singa nnayagala ensozi ezo zandifuuse zaabu ne ffeeza era zandingoberedde buli we nnandibadde ndaga, naye ekyo si kye nayagala.”

Tha'alaba yagezaako nnyo nga bw'asobola okuleka okwagala kwe naye eky'okwegomba okubeera omugagga kyamulemeramu ng'alowooza nti bwe yandifuuse omugagga yandiyambye abaavu era n'afuna empeera ennyingi okuva eri Allah. Ekyagala ky'omwoyo kyamusinza amanyi kwe kuddayo ewa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'amugamba nti:

“Ndayira Allah eyakutuma nga Nnabbi, Allah bw'anafuula omugagga nja kulabirira abaavu era ntuukirize obuvunaanyizibwa bwange.”



Tha'alaba bwe yaleméra ku ky'okumusabira, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yamusabira Allah bw'atyi: "Katonda wange! Wa Tha'alaba obugagga bwe yeegomba okuva gy'oli."

Oluvannyuma lwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) okumusabira, Allah Owoobuyinza yawa Tha'alaba obugagga. Mu kaseera akatono ddala, Tha'alaba yafuuka omugagga ffugge era amagana n'ebiraalo by'ensolo ze byabikka ensozi z'e Madiina. Wabula Tha'alaba, gwe baali baakazaako ekinyonyi ky'omu muzikiti, yatandika okwesamba omuzikiti era esswala za jama n'atandika okuzikendeezaako. Kino kyagenderera okutuusa lwe yatuuka okujanga mu muzikiti ku lunaku lwa kutaano lwokka okusaala esswala ya Juma. Kino yakikola okumala akaseera naye ekiseera kyatuuka nga ne mu sswala y'olw'okutaano eya Juma takyalabikako.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe yategeera embeera eno, yagyogerako n'agamba nti:

"Tha'alaba alabye yeyonoonedde obulamu bwe obulungi (obulamu bw'okutya Allah bwe yalimu nga tannaba kugaggawala)."

Era obutamanya bwa Tha'alaba bwagendera ddala mu maaso n'atuuka n'olunaku lumu okugamba abakungu Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) be yali asindise okukunngaanya zaka okuva mu by'obugagga bye (ebiseera ebyo abakungu be ggwanga be baakunngaa-nyanga zaka olw'okusobola okulaba nga zaka egabibwa bulungi) nti: "Ekyo kye mukola bwe bubbi obw'emisana era obwenkukunala."

Mu ngeri eyo n'akatono akasembayo omuntu k'alina okuwaayo nga saddaaka akalaalikibwa Kulaane nako yagaana okukawaayo. Obweyamu bwonna bwe yali yakola nti yali wa kuwaayo eby'obugagga bye ebisinga obungi biyambe abaavu n'abeetaavu ebyo byonna yabyerabira. Era bw'atyio bwe y'afuuka omunnanfuusi ng'ebigambo bye bikontana n'ebikolwa bye.

abantu ng'abo ebiri mu myoyo gyabwe Kulaane ebyogerako bw'etyi:

"Ne mu bo mulimu abo abaalagaanyisa Allah nti bw'anaaba atuwadde mu birungi bye tujja kusaddaaka nnyo era tujja kubbeerera ddala mu balongoofu. Wabula bwe yamala okubawa mu birungi bye baabikodowalira ne beekyusa nga nabo bawakanya kye baalagaanyisa." (Tawuba, 9 : 75 - 76)

Tha'alaba bwe yasuula muguluka amagezi Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ge yamuwa n'okubuulirira kwe, yaggyibwako emikisa n'ebiyengera bya Allah era n'afuuka ow'omu bantu abajja okubeera mu mbeera embi ennyo ku Lunaku lw'enkomereo okuva lwe yalimbibwalimbibwa endabika y'ebi'obugagga eby'ekiseera kyandisinzeeko n'aba mwavu ebbanga lyonna. We yafiira ng'ali mu mbeera ekwasa ekisa, era amagezi Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ge yali yamuwa gaali gamuvugira mu matu nti:

“Ebi'obugaga ebitali bingi naye ng'oyinza okubyebaliza Allah bisingga eby'obugagga ebingi by'otasobola kwebaliza Allah mu ngeri esaana.”

Yagaana okuwuliriza okulabula kwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ku bikwata ku kabi akali mu by'obugagga olwo n'afira mu mbeera embi ennyo mu bulumi obutasalako. Yeesiriwaza ne yeeyoononera ebyengera ebitaggwaawo n'abiwaanyisaamu amasanyu ag'akaseera akatono, n'afuna ebyo bye yali alowoozezza okubeera essa-nyu eritaggwaawo. (Ahmed Shahiin, Tarhiin Şeref Levhalan, olup. 27)

Nga bwe kitegeerekeka okuva mu by'okulabirako ebyaliwo, omuntu mu butonde bwe agujubanira nnyo obugagga bw'omu nsi eno obuteurekaamu. Omwoyo gufuna okumatira mu kukunngaanya obugagga obutaliiko kkomodo. Wabula, omuntu kasita asendebwasendebwa ebirrowoozo bya Sitaane aba taliddamu kumatira na bintu byonna by'afuna. Hadiisi eno wammanga ennyonnyola bulungi omululu gw'omuntu oguli mu butonde bwe:

“Singa omwanaadaamu aba n'ebiwonvu bibiri nga bijjudde zaabu era aba ajja kululunkanira eky'okusatu. Ensi eno yonna y'eyinza okumatiza enjala mwanaadaamu gy'alina.” (Bukhari ne Muslim)

Buli lwe wabeerawo okweyongera mu by'obugagga era wabeerawo okweyongera okululunkanira okufuna eby'obugagga ebisingawo. Omuntu gy'akoma okunyiikira mu kukaayanira eby'obukufuna by'ensi atuuka okuggwaamu ak'obuntu okugeza nga okusaasira, ekisa, okwagala n'okwewaayo. Okuwaayo saddaaka kumufuukira kuzibu nnyo ng'eno omwoyo gwe bwe gumugamba nti: “Towaayo kati, lindako katono omale okweyongerako ku bugagga olwo oyinza n'okuwaayo mu saddaaka ekingi n'okusingako kati.”



abantu ab'ekika ekyo bafirwa okutereera kw'omwoyo gwabwe wamu n'obutebenkevu bw'emibiri gyabwe. Okuva lwe batakozes a kakisa akabaweebwa mu nsi muno bafuuka hadiisi eno b'etuukirirako nti:

"Abo abagamba nti: 'Nja kukikola enkya' awatali kubuuusabuusa baba bafiriddwa nnyo."

Ekyafaayo kya Tha'alaba kye twaleese waggulu tekiraga kifaananyi kya butonde bwa mutu obulimu okululkana kyokka, naye era kifaananyi kirungi ekiraga enkomerero embi ey'omuntu atassa kitibwa mu ngeri ennungi ez'okusaba n'okusaala. Omuntu bwe yekakaatikako embeera eteri yamutonderwa ebintu ebiyinza okuddirira ebifaanana ng'ebiyatuuka ku Tha'alaba biba tebyewalibwa. Wadde Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yali amanyi ekyali kigenda okutuuka ku Tha'alaba naye era yamusabira ng'ayagala kulaga bantu b'Ekihiina kye kifaananyi ekyenkukunala eky'akabi akali mu kululkana. N'olw'ekyo, bwe tuba tusaba ekintu okuva ewa Allah Owoobuyinza tetusaanye kwsiga nnyo magezi gaffe era ku dduwa zaffe tulina okugattako nti: "Bwe kiba nga kiri mu bintu by'okkiriza era bwe kibeera kiri mu bulungi bwaffe, tukusaba okkirize okusaba kwaffe." Ekitali ekyo, tuyinza okutuuka ku buzibu olw'obutalabirawo buzibu obuyinza okubeera mu bintu bye twegomba. Okusaba edduwa kulinga okuwaayo saddaaka; kuyinza okukyusa mu kugera (*Qadarul Muqayyad*) okwagererwa edda omuntu. Wabula, bwe tuba tusaba Allah okukyusa bye yatugerera tetukeeddwa kwsiga magezi gaffe nga tetwelekaamu okuva lwe kiyinza obutatubeerera kirungi bulijjo. Okusaba kyengera okuva eri Allah era kiragiyo okuva gy'ali. Wabula, okusaba kwaffe bwe tukujuzuamu okwegomba kw'emitima gyaffe n'amagezi, tetukeeddwa kukiremerako nti amagezi gaffe kye gatulaga kye kituufu era nti bye tutadde mu kusaba kwaffe bye bituufu era bye by'omugaso gye tuli. Olw'ekyo tuteekeddwa okugatta ebigambo bino mu kusaba kwaffe:

"Katonda wange! Nkusaba onnyambe nsobole okutuukiriza ebigen-dererwa byange bwe kiba nga kye kirungi gye ndi."

Okukozesa eby'obugagga nga tugendera ku biragiyo bya Katonda kuyinza okumalawo obubenje obuli mu kululkana. Kino kirina okukolebwa ku lw'obulungi bw'abantu bonna mu kitundu n'abantu sekinnoomu mu bulamu buno ne ku Lunaku lw'enkomerero.

AMATEEKA AMAKULU AGAGOBERERWA MU KUTOOLA ZAKA

Zaka esasulwa ebitundu bibiri n'ekitundu ku buli kikumi (2.5%) ku by'obugagga omuntu by'alina (okuwaamu zaka) mu mwaka omulundi gumu. Amateeka ga Kulaane ebiseera ebisinga gakolera ku mwaka ogwa kalenda ey'omwezi era nga gubaamu ennaku bisatu mw'ataanu mu ttaano (355). Wabula amawanga agasinga obungi gakozesa kalenda ey'enju-ba era ng'omwaka gubeeramu ennaku bisatu mu nkaaga mu ttaano (365). N'olw'ensonga eyo ennaku ekkumi (10) ezeeyongeramu zigatti-bwa ku muwendo gwa zaka etoolebwaa, olwo omuntu n'aba ng'asasula ebitundu nga bibiri n'obutundutundu mukaaga ku buli kikumi (2.6%). Kuno ogattako nti mu nsi omuli okulinnya ennyo okw'ebbeiyi y'ebintu omuwendo gwa zaka gulina okubalibwa nga gugoberera omuwendo ogutakyukakyuka. Mu nsi ezimu ebbeeyi y'ebintu egenda ne yeeyongera ebitundu kikumi ku kikumi (100%). Bwe kityo, singa tusasula zaka okusinziira ku mbalirira y'eb'yobugagga eyasooka, naye ku nkomerero y'omwaka, omwavu aba ajja kufuna kitundu ky'ekyo awa zaka ky'aba alina okusasula.

Etteeka eddala ekkulu liri nti zaka eweebwa muntu. Ebitongole ebi-funa ebirabo okugeza emizikiti, amasomero, amalwaliro, tebiweebwa ku zaka. Tuyinza okubiyamba ne saddaaka endala ezitali zaka. Kiteekwa kitegeerekeke nti emmere gye tulisa abaavu nayo tekkirizibwa nga zaka engeri omwavu gy'atasobola kugifuula yiye.

Kulaane ennyonnyola bulungi ani ateekeddwa okufuna ku zaka. Mu mbeera eno abantu bano baba bajja kusobola okuwangaala ng'abantu awatali kunyooomebwa oba abalala kubayisaamu maaso. Era Obusiraamu bugenderera okuziyiza abantu okusaba nga bubasobozesa okufuna ebyetaago ebikulu mu bulamu.

Olunaku lumu munnakyalo omu yajja eri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'amusaba obuyambi bwa ssente. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe yamulaba nga mulamu bulungi era nga wa maanyi kwe kumubuuza nti:

“Kiki ky'olina mu bulamu?”

Omusalja yaddamu nti: Nnina ensawo ey'olugoye (lwa pamba) ne bakuli (ekibya).

Nnabbi yamuwa amagezi gano: ‘Ebyo byombi bitunde ogule embazi, oteme enku okuva mu kibira, mu ngeri eyo ojja kusobola okufuna ssente ezigula eky’okulya. (Abu Dawud, Kitaab al-Zakat)

Omusiraamu ono yakolera ku magezi Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ge yamuwa era mu kiseera kitono yali amaze okuwona obwawu.

Obusiraamu ddiini etegwa lubege. Tegaana batalina oba abeetaavu kusaba buyambi naye mu kiseera kye kimu ebakubiriza okukola basobole okweyimirizaawo. Abo abafuula okusabirirza omuze Kulaane ebooterako bw’etyi:

“Ne mu bo (Abannanfuusi) mulimu abo abakwogerera amafuuakuule mu kugaba saddaaka bwe baba nga baweededdwako basiima. Naye bwe baba nga tebaweededdwa ogenda okulaba nga basunguwadde!” (Tawuba, 9 : 58)

abantu abo bafirwa ebitiibwa byabwe era baagala nnyo obulamu obw’eddembe. Nabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) abantu ab’ekika ekyo teyabaagalanga era yabakubirizanga kukola. Olunaku lumu omusajja yajja eri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ng’asaba amuwe saddaaka. Mu kumuddamu, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yagamba bw’atyi:

“Allah Owoobuyinza eky’abantu abafuna zaka teyakirekera kusali-bwawo kwagala kwa bantu wadde okwagala kwa Bannabbi. Emiteeko gy’abantu abafuna zaka yagyogera. Bw’oba ogwa mu kimu ku biti by’abantu bano oyinza okufuna omugabo gwo mu zaka.” (Bayhaqi, Sunanul Kubra, V, 116)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) era yalaga obwegendereza obungi bwe yagabanya zaka. Mu biseera ebyo Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yakunngaanyanga zaka okuva ku bagagga era n’agigabanya mu biti by’abo abogerwako mu Kulaane. Kino tekitegeeza nti tetulina kuyamba bantu mu ngeri yonna naye ekyo bwe tuba tukikoze obwo obuyambi tebubalibwa nga zaka eyalaalikibwa. Omuntu ayinza okusaasaanya ssente mu makubo amalungi ng’ekikolwa ekyo sunna. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yagaana okuwa zaka abantu abo abatakeeddwa kugifuna naye teyagaana muntu

kuyamba mulala nga bw'aba ayagade mu ngeri eya sunna (kyeyagalire) okuva Kulaane lw'eragira nti:

“Ate omusabi tomukaayukiranga (tomugobaganyanga).” (Dhuwa, 93 : 10)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti kikolwa kya mpisa nnungi Omusiraamu obutaleka abo abayanjuluza engalo zaabwe (abasaba obuyambi) okuddayo nga tebalina ke bagenze nako ne bw'eba ntende emu bw'etyi. (Bukhari, Kitaabu al-Zakat)

Ng'akolera ku hadiisi eno, taata wange Musa Efendi yawanga saddaaka n'abo abaali bafudde okusaba eky'obusuubuzi era yagambanga nti: “Tulina okubeeranga nga tuwa saddaaka olw'ensonga nti tuleme kumanyiira obutagaba ne tufuuka abakodo.”

Obusiraamu ddiini etegwa lubege; ku ludda olumu ewa abagagga amagezi okuwaayo nga bwe basobola saddaaka eri abaavu ne mu mirimo emirala emirungi, ate ku ludda olulala ekubiriza omwavu okukola ennyo asobole okweyimirizaawo era aleme kudda mu kusabiriza. Abantu abamu bayinza okulowooza nti okukubiriza ennyo okugaba kiyinza okutondawo omugigi gw'abantu abanyuunyuta bannaabwe nga bawangaalira ku saddaaka za bagagga. Okusobola okuziyiza embeera y'abaavu okukozae ekisa ky'abalala obubi, Obusiraamu bukkiriza okusaba obuyambi okuva mu balala mu mbeera eziteebereka ng'omuntu ali bubi nnyo. Okusaba aballa kimalamu ensa era omuntu ne kimussa wansi mu bantu abali mu kitundu. N'olw'ekyo, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) Basswahaba be yabateeka mu mbeera ey'obutasaba kintu okuva ew'omuntu yenna mu kiseera we yakkiririza okuwera kwabwe.

N'olw'ekyo, mulimo gw'Abasiraamu abalungi okunoonya abantu abeetaavu abatuufu abatayagala kusaba bantu mu lujjudde ate nga ensonyi zibakwata okwogera ku buzibu bwabwe mu by'ensimbi. Mu hadiisi eno wammanga Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) annyonnyola abaavu ng'abantu abo abatalina ssente zibamala kutuukiriza byetaago byabwe ebya buli lunaku:

Abu Hurayira anyumya nti:

Omubaka wa Allah yagamba nti: “Omuntu omwavu ssi y'oyo agenda ng'asaba abantu ekitole ky'emmere kimu oba ebibiri olubatu oba



entende emu oba ebbiri. Wabula omwavu y'oyo atalina ssente zisobola kumala byetaago bye ate ng'embeera ye abantu abalala tebagimanyi, olwo basobole okumuwa ekintu kyonna nga saddaaka, ate ng'era tasaba bantu.” (Bukhari, ekitabo 2, ekitundu 24, namba 557)

Mu hadiisi eno Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) atulabula nti abo abagenda basaba abantu basobola okufuna ebyetaago byabwe ebisookerwako n'olw'ekyo amaaso tulina okugakyusa ne tufa kw'abo abagumiikiriza ne batasaba ne bagumira obwavy. Kulaane mu *aya* eno wammanga essa essira ku bukulu bw'okuwa abantu ab'ekika ekyo saddaaka n'egamba nti:

“Saddaaka eweebwa abo abaavu abaazingizibwa ekkubo lya Allah nga tebasobola kwetaaya mu nsi (okukola oba okusuubula). Abatamanyi balowooza nti bagagga (si beetaavu) olw'okwessaamu ensa. Obamanyira ku bubonero bwabwe. Tebasbiriza bantu mu ngeri ey'okubapeeka. Ekyo kyonna ekirungi kye muba muwaddeyo mazima Allah Akimanyi.” (Baqara, 2 : 273)

Nga bwe kitegeerekeka mu *aya* eno abo abawa zaka balina okukola okunoonyereza ku abo be baagala okuwa zaka. Omuntu awaayo zaka kino bw'atakikola n'awa zaka omuntu oluvannyuma n'akizuula nti oyo gwe yawadde teyabadde na bisaanyizo ebiweebwa zaka aba alina okud-damu okuwa omuwendo gwe gumu ogwenkanankana ne gwe yagabye kubanga zaka ye gye yagabye eba teyabaliddwa ng'entuufu. Naye bw'aba nga yakoze ensobi oluvannyuma lw'okunoonyereza olwo asonyiyibwa era aba talina kuddamu kuwa zaka mpya.

Eky'okubiri, tulina okuwa omwavu obwannannyini bw'ekintu kye tuba tuwaddeyo; omuntu gwe tuwadde ekintu alina okufuna obwannannyini bwa kyo (okuba nga kiri mu mikono gye y'akifuga).

Bwe tuba tuwaayo zaka tulina okugoberera emisingi gino egija. Ekiisooka, tulina obuvunaanyizibwa eri emibir gyaffe, mu ngeri y'emu tulina obuvunaanyizibwa eri abantu b'omu maka gaffe, olwo ab'oluganda ne baddako nga bagenda bagoberegana mu biti byabwe okusinziira ku bukulu bw'oluganda lwe tulina nabo. Amateeka agafuga okusika olu-ganda luno galubala ng'omusingi omukulu. N'abo be tulinako obuvunaanyizibwa nabo balina bwe baddinngana mu bukulu: abasooka be bo

be tulinako oluganda olw'omusaayi olw'okumpi ate nga balina ebyetaago ebya mangu.

Bwe tuba tulonda abafuna zaka tusooka kulowooza ku bwangu bw'ebyetaago byabwe awamu n'oluganda lwe tubalinako. Singa omuntu ow'ebbali n'ow'oluganda nga balina ebyetaago nga byonna byetaaga kukolako mu bwangu, tusoosa wa luganda naye omuntu ow'ebbali bw'abeera ng'ekyetaago kye kya mu bwangu okusinga ow'oluganda olw'okumpi olwo gwe tusoosa. Okusoosa ow'oluganda lw'omuntu teki-tegeeza kwerabira bantu abo ababonaabona era abali mu mbeera embi.

Emisingi gino giraga nti Obusiraamu ddiini ya kusaasira era nti maanyi agatumbula obulamu obutaliimu kyekubiira. Ekibala ekisinga obulungi mu kukkiriza Allah kwe kulaga okusaasira eri abalala. Omutima ogutalina busaasizi eri abalala, mu butuufu teguba mutima mulamu, gubeera mufu. Basmalah (okusoma ebigambo Bismi Llaahi ar-Rahmaani ar-Rahiimu ekitegeeza nti ntandise n'erinnya lya Allah Omusaasizi ennyo ow'okusaasira okubuna Omusaasizi ow'okusaasira okw'enjawulo) Abasiraamu bonna gye basoma nga batandika okukola ekintu ekipya, ewa enkizo amannya ga Allah egeekuusa ku kusaasira kwe: “(**Ntandise**) n'erinnya lya **Allah Omusaasizi ennyo, Omusaasizi ow'okusaasira okw'enjawulo**” (Faatiha, 1 : 1)

Essuula ya Kulaane esooka nayo eggayao bulungi ebitendo bya Allah eby'okusaasira:

“Amatendo gonna amajjuvu ga Allah Omulezi w'ebitonde byonna. Omusaasizi ennyo alina okusaasira okubuna, Omusaasizi ow'okusaasira okw'enjawulo.” (Faatiha, 1 : 1)

Okugatta kw'ebyo, ebyafaayo bingi ebikwata ku bulamu bwa Abasuufi bijjudde ebikolwa eby'okusaasira eri ebitonde bya Allah.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) mu hadiisi nnyingi yateeka nnyo essira ku bukulu bw'okulaga okusaasira omuntu asobole okufuna okusaasira kwa Allah. Mu emu ku hadiisi ze yagamba nti okusaasira kwaffe kuteekwa okubuna ebitonde byonna:

“Saasira abo ebyo (ebitonde) ebiri ku nsi olwo abo abali mu ggulu bajja kulaga okusaasira gy'oli.” (Abu Dawuda, Adab 58)



Okutuukiriza ebiragiro ebikwata ku ssente mu Busiramu, okugeza zaka, saddaaka ne ushur bimu ku bisumuluzo ebisinga obukulu eby'okufuna okusaasira kuno.

USHUR

Ushur gwe musolo Obusiraamu gwe bualaalika ku balimi nga bagujja ku birime byabwe. Lino limu ku mateeka g'Obusiraamu abalimi abasinga mu nsangi zino ge beerabira. Ushur kigambo kya Luwalabu ekitengeeza ekimu eky'ekkumi, amakulu nti kimu eky'ekkumi (1/10) eky'ebirime ebikunguddwa kirina okuweebwa abaavu singa okukungulwa kutuukiddwaako awatali kufukirira. Naye omulimi bw'aba nga yakozesa ebantu ebirala ebyeyongerako, okugeza okufukirira ebirime, olwo aba yeetaaga kuwaayo ebitundu bitaano ku buli kikumi eby'ebantu ebikunguddwa eri abaavu.

Abo abataawaayo ushur babeera bavunaanibwa ng'abo abataawaayo zaka. Okuwaayo ebimu ku birime ebikunguddwa kitegeeza kwebaza Allah olw'ebyo bye yawa omulimi. Abo abataawaayo bbanja lya mwavu, omutambuze, n'abalala abateekeddwa okufuna ku ushur, baba balyazaar-maanya baavu ku bbanja lye balina ku by'obugagga bwabwe, eriva mu kusaasira kwa Allah.

Okusinziira ku binyumizibwa waaliwo omusaja omu eyali omugabi ng'abeera Yamani (Yemen) okumpi n'ebitundu by'e Sanaa. Yalina amalimiro g'entende n'amasamba amalala, ebyali bikungulwamu ebirime ebingi. Buli makungula yawangayo ushur awera eri abaavu. Omusaja ono bwe yafa, batabani be baafuuka ba mululu era ne beematiza nga bagamba nti:

“Abantu baffe be tulabirira bangi ate nga tetulina kingi kya kukungula. Omwaka guno tukunngaanye ebirime ng'abaavu tebannaba kumanya awo tujja kuba nga byonna tubyesigaliza.”

Bwe baamala okusalawo ekyo enkeera baagenda mu nnimiro okukungula. Bwe baatuuka mu nnimiro baali tebakyasobola kugitegeera ne batandika okwewunaaganya nti: Tuzze mu kifo kituufu? Eky'okusaalirwa ennimiro yonna yali esirissee ng'efuuse muyonga olw'omuliro ogwali gugyokezza.

Kitaabwe (mu biseera bye) bwe yalinga aggyamu omusolo ogwa ushur nga bwe kyetaagisa, Allah yateekanga emikisa mu nnimiro eyo era ng'amuwa amakungula amalungi.

Ekyafaayo kino okuvira ddala mu Kulaane kitulaga bulungi ebizibu ebiyinza okutuuka ku mukodo era atatuukiriza biragiro bya Allah ebikwata ku ushur.

“Mazima Ffe twabagezesha nga bwe twagezesha bannannyini nni-miro, mu kiseera we baalayirira nga bwe baali bagenda okukungula ebibala by’ennimiro ku makya. Ne batagamba nti: ‘Allah bw’anaaba ayagadde’. Omugenyi (omuliro) n’agikyalira okuva eri Katonda wo ekiro nga beebasse. N’ekeesha enkya ng’eddugadde ebunye ebisiriiza eringa obudde obw’ekiro.

“Ne bakoowoolagana ku makya nti: “Mukeere mugende eri enni-miro yammwe bwe muba ab’okukungula. Bwe batyo ne bagenda nga boogeraganya mu kaama nga bwe bagamba nti: ‘Temukkiririza ddala munaku yenna kuyingira olwaleero.’ Ne bagenda ku makya nga bama-lirivu nga balowooza nti baalina amaanyi (agasobola okuziyiza abanaku okutwala ku bibala byabwe).

“Naye bwe baalaba ennimiro (ng’eyidde yonna eweddewo) ne bagamba nti: ‘Mazima ffe tuli babuze.’ (Qalam, 68 : 17 – 26)

Allah Owoobuyinnza atuyigiriza nti abo abatasiima era nga tebakki-rriza kugabana na balala ebyo Allah by’aba abawadde, ne mu nsi muno mwokka, bajja kubeera n’enkomerero embi. Okuva bwe kiri nti Allah amanyi ebyo ebikusike ebiri mu mitima gy’abantu teri kintu na kimu kisobola kusumattuka kumanya kwe.

Mu lunyiriri luno olujja wammanga, Ruumi alandulula bulungi obutaba na mugaso obuli mu kwagala eby’obugagga okufuula omuntu atalina busaasizi era ne kumufuula alina omululu. Agamba nti:

“Aloota nti alina eby’obugagga era n’abeera ng’alina okutya nti omubbi ayinza okusitukira mu nsawo ye eya zaabu.

“Naye okufa bwe kusika okutu kwe era ne kumufuula azuukuka okuva mu tulo, olwo n’agwa ng’asekerera okutya kwe.” (Mas. III, 2640 – 41)

Aya eno wammanga eraga abantu abali mu mbeera embi bwe balye-salira omusango era ne bakwasa ekisa bwe balizuukira okuva mu ntaana nga balinga abazuukuse okuva mu tulo:

“Era musaasaanyé mw’ebyo bye twabagabira ng’okufa tekunnag-gyira omu mummwé olwo agambe nti: ‘Katonda wange! Singa onnidirizzaako akaseera katono ne mpaayo saddaaka era n’embeera ow’omu balongoofu...’” (Munaafiquuna, 63 : 10)

Wabula mu kiseeraekyo obudde bujja kuba buyise okukozaaka kisa akatuweebwa mu nsi muno. Nga *aya* eno bw’etugeeza enkomere-ro embi ennyo ey’abo abatatuukiriza bувunaanyizibwa bwabwe obw’eby’ensimbi eri abantu b’omu kitundu, era etugeeza nti tuteekeddwa okukozaaka ke tuweebwa tuweeyo saddaaka mu bungi.

Okugaba (ku lwa Allah – infaaq), kwogerwako mu Kulaane emirundi egisukka mu bikumi bibiri (200) ng’okussa essira mu kintu kino kulaga nti omukkiriza omulungi y’oyo awaayo eby’obugagga bye eri Allah. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) bwe yatandika okusomesa Obusiraamu yateranga okusisinkana mu nkukutu abantu abaavanga e Madiina. Yasisinkana ebibinja okuva e Madiina emirundi ebiri era ne bamuwa obweyamu. Mu nsisinkano ey’okubiri mu kifo ekiyitibwa Aqaba, Abdalla bin Rawaaha bwe yabuuza Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) nti:

“Owange Nnabbi! Kalombolombo ki k’oteekawo, mu linnya lya Allah ne ku lulwo, osobole okukkiriza okuwera kwaffe gy’oli?”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yaddamu nti: “Akalombolombo kange, mu linnya lya Allah, kwe kuba nga musinza Allah ne mutamugattako kintu kirala mu kumusinza kuno. Obukwakkulizo bwange kwe kuba nga mujja kunkuuma nga bwe mukuuma obulamu bwammwe n’eby’obugagga byammwe”.

Abantu b’e Madiina baddamu ne babuuza nti:

“Bwe tukola ebyo tufuna mpeera ki?

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kwe kubaddamu nti: “Empeera yammwe Jjana!”

abantu b'e Madiina, mu ssanyu eringi olw'ekirabo ekyo, baagamba nti: "Kuno nga kulamuza kulungi era okulimu amagoba! Tetulimenya ndagaano gye tukoze era tetulyagaliza balala kumenya ndagaano ze bakoze naawe (ku bukwakkulizo nga buno)." (Ibn Kathiiri, Tafsiir, II, 406)

Era okuva ku mboozi eno Allah yassa *aya* eno wammanga:

"Mazima Allah yagula ku Bakkiriza emyoyo gyabwe n'emmaali yaabwe nga bajja kufuna Ejjana. Balwana mu kkubo lya Allah ne batta nabo ne battibwa. Ekyo nga ndagaano ku Ye gye yekakasaako olwe-kakasa mu Tawuraati ne mu Njiri ne mu Kulaane. Ani atuukiriza endagaano ye okusinga Allah. Kale musanyuke ku lw'okutunda kwammwe okwo kwe mukoze era okwo kwe kwesiima okunene."

(Tawuba, 9 : 111)

Allah agula atya obulamu bwaffe n'eb'yobugagga byaffe? Okufa ng'omujulizi, ng'owaayo obulamu bwo mu kkubo lya Allah, mu butuufu kuba kuguza Allah bulamu obwo. Sumayya, omuntu eyasooka okuttibwa olw'okukkiririza mu Busiraamu yawaayo obulamu bwe mu kkubo lya Allah n'omutima gumu. Bw'atyo yagula omugabo gwe mu Jjana, era n'atuula ku nnamulondo ye mu mitima gy'abakkiriza, ng'alinda bulinzi Lunaku lwa nkomerero okuweebwa empeera ze ennyingi. Okulabira ku mukyala oyo, naffe tulina okudda ku saddaaka n'emitima gyaffe gyonna.

Mu lutalo lw'e Dardanelles (Gallipoli) egghe ly'Abaturuuki n'amasisi obusasi teryalina gamala naye olw'okuwaayo obulamu bwabwe okutaliimu kakwakkulizo konna baasobola okuwangula omulabe. Waliwo eby'okulabirako ebirala bingi okuva mu byafaayo ebiraga ng'abantu abo abaawaayo obulamu bwabwe n'eb'yobugagga byabwe mu kkubo lya Allah ku nkomerero bwe bajja okubeera abawanguzi:

Okutunda eby'obugagga eri Allah kutuukirira na kuwaayo saddaaka. Allah Owoobuyinza ng'abala ebitendo by'abo abamutya agamba nti:

"Kino ekitabo (Kulaane) tewali kubuuusabuusa mu kyo (okubanga kyava eri Allah) nga kyakulunngamya eri abo abatya Allah. Abo abakkiriza bye batalabako ne bayimirizaawo esswala era ne bagaba nga bajja mw'ebyo bye tubawadde." (Baqara, 2 : 2 – 3)

Okuwaayo saddaaka kwa ngeri nnyingi. Okuwaayo kutandikira ku kuwaayo ekyo ky'olinawo. Okuwaayo ne bwe luba lubajjo lwa ntende



emu kubalibwa ng'ekikolwa ky'okusaddaaka ate nga saddaaka ne bw'eba nga ntono okusinga olubajjo lw'entende era ekuma omukkiriza n'atayokebwa muliro. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) Abasiraamu bona ababala ng'abagaggga kubanga buli omu asobola okufuna k'awaayo mu ngeri emu oba endala. Nnabbi atubuulira nti okutendereza erinnya lya Allah, okulagira abantu okukola ekirungi, okuyamba abo be baba balyazaamanyizza, okuwa abakkiriza amagezi, okuwa essanyu emitima gy'Abasiraamu, okuggya mu kkubo ebintu ebiyinza okukola obulabe ku bantu abayita mu kkubo eryo, n'ebirala, ebyo byonna bibalibwa ng'ebikolwa eby'okusaddaaka. Obugagga obwannamaddala mu Busiraamu bubeera mu mutima gwa muntu. Abantu babeera bagagga nga bwe bawulira muli. Okumwenya kw'abo abalina obugagga mu mitima gyabwe okwo nakwo kubalibwa ng'ekikolwa ekya saddaaka. Abo abalina obugagga obw'omu mutima basanyufu era bagabanya essanyu lyabwe eri mikwano gyabwe. Kusadaaka ki okuyinza okusinga okuwa abantu abatwetoolodde essanyu?! Ku ludda olulala, teri kuvumula kuyinza kukolebwa eri abo abalina obwavu mu mitima gyabwe. Mu bigambo ebirala, obugagga obwaddala tebuli mu kubeera na byabugagga bingi; obugagga bwe bugagga bw'omu mutima. Okuva Abasiraamu abatuufu lwe bali bagagga mu mitima gyabwe, bawaayo saddaaka okuva mu bintu bye balina. Okuwaayo saddaaka kye kyolekera ddala omukkiriza nga bw'awulira okusaasira n'okwewaayo.

Obulamu bwa Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bujjuppe eby'okulabirako bwe bityo. Ekimu ku bifaananyi ebisinga obulungi kye ky'obulamu bwa Umaru. Amagye ga Umaru bwe gaggulawo Yerusalem (Jerusalem) eri Obusiraamu, Umaru yatandika olugendo n'omuddu we ng'agenda e Yerusalem akwasibwe ebisumuluzo by'ekibuga. Enngamiya eyali ebatambuza baagitulangako mu mpalo. Kyokka bwe baali banaatera okuyingira ekibuga oluwalo lw'okwebagal enngamiya liali lwa muddu. Omuddu eky'okuyingira Yerusalem nga ye yeebagadde enngamiya nga mukama we ali ku bigere yali takyagala. Wabula Umaru eyali omugagga mu mutima yagaana era n'akikkaatiriza ng'omuddu bwe yalina okusigala ku nngamiya kuba liali luwalo lwe; bw'atyo Umaru n'ayingira ekibuga ng'ali ku bigere.

Eky'okulabirako ekirala tukijja ku bulamu bwa Ali, Kaliifa ow'okuna era mukoddomi wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe)

gwe yawa omuwala. Awaka wonna baali basiiba naye ng'emmere gye balina ey'okusibulukukirako ntono tebamala. Wabula olweggulo omusajja omwavu omu yajja awaka n'asaba emmere. Baddira emmere yonna gye baalina ne bagiwa omusajja ono omwavu era bo ne basula enjala. Olunaku olwaddako ng'enjuba eri kumpi okugwa, ng'ekiseera ky'okusibulukuka kiri kumpi kutuuka, mulekwa yajja naye n'abasaba emmere. Mu ngeri y'emu baddira emmere yonna ey'okusibulukukirako ne bagiwa mulekwa. Olunaku olwaddako baali bafunye emmere ey'okulya naye omuddu n'ajja ng'asaba emmere. Nga bakola ekikolwa kye kimu eky'okusaddaaka era baalaga ekifaananyi ekisinga okuba ekya waggulu mu buteebalirira n'okusaddaaka.

Omutima omugabi ogw'ekika kino gwalagbwanga Basswahaba ba Nnabbi ne bwe baabanga batuusizza okussa omukka gwabwe ogw'enkomerero. Mu latalo lw'e Yarmuuk omusajja yali awa amazzi og'okunywa eri Basswahaba basatu abaali bafunidde ebisago eby'amaanyi mu latalo naye buli omu amazzi yagaana okuganywa ng'ayagala munne y'aba asooka okunywa. Omusajja yeetooloola n'amazzi mu Basswahaba abo abaali bataawa naye bonna amazzi tebaaganywa kuba buli omu yafa ng'owamazzi tannaba kudda gy'ali.

Bino nno byakulabirako ebisinga obukulu mu kuwaayo saddaaka era mu Luwalabu okuwaayo okw'ekika kino kuyitibwa Isaar. Isaar kisangawo ku kuwaayo obuwi saddaaka, wabula kirimu n'okwagaliza omulala okusinga nga bwe weeyagaliza; kwe kuwa abantu abalala ekintu naawe kye weetaaga. Okuwaayo okw'ekika kino tekutera kusangika mu bantu ab'omulembe guno. Abantu tebategeera bukulu obuli mu kugaba kuno okuyitiride. Wabula singa tufumiitiriza ensi bwe yandibadde singa buli omu yafanga ku bulungi bw'abantu abalala okusinga bw'afa ku bubwe, twandikisanze nti tusobola okuwangaala obulamu obw'ejjana mu nsi muno. Olw'ensonga eyo, tuteekeddwa okukubiriza Abasiraamu aba bulijjo okuwaayo zaka ate era n'okwongera ku muwendo guno nga bagaba saddaaka eza kyeyagalire. Okwongereza kw'ekyo, tulina okutikka obuvunaanyizibwa bw'okugabanya zaka ebitongole n'ebibiina ebisobola okukola omulimo guno mu ngeri ey'ekikugu. Kino kisoboka nga tuyise mu kutendeka abantu abeesimbu abakozi abateebalirira era abasobola okwewaayo okukola omulimo guno. Mu ngeri y'emu buvunaanyizibwa bwa Umma (Abasiraamu bonna okutwalira awamu ng'ekibiina) okulaba

nga bazimba amalwaliro, ebisulo eby'abo abatalina we basula n'amafum-biro ag'enva.

Mu bufunze, okuwaayo ennyo saddaaka kisaana kibeere kitendo kya mukkiriza. *Aya* eno wammanga ennyonnyola bulungi engeri okuwaayo saddaaka bwe kiri ekitendo ekitayinza kwawukana na Musiraamu:

“Abo abasaasaanya (mu kkubo lya Allah) nga bali mu mbeera y’obugagga ne mu bwavu, era abefuga mu busungu bwabwe, era abo abaso-nyiwa abantu, mazima Allah ayagala abalongoosa.” (Aali Imraan, 3 : 135)

Jafaari al-Swaadiq, eyali omuntu omututumufu ennyo nga yali ava mu lulyo lwa bazzukulu ba Nnabbi, yalaga ebitendo byonna ebibeera mu mukkiriza ebyogerwako mu *aya* ya Kulaane eyo waggulu. Yalina omuko-zi eyali alabirira awaka. Olunaku lumu yaleetera mukama we Jafaari (Allah amusaasire) ssupu naye n’amumuyiira (nga tagenderedde). Jafaari yatunuulira omukozi butereevu mu maaso engeri ekyambalo kye kyon-na bwe kyali kibunye ssupu. Omukozi bwe yalaba mukama we ng’anyii-ze kwe kumugamba bw’atyi:

“Mukama wange! Allah Owoobuyinza agamba mu Kulaane ng’ayo-gera ku Bakkiriza ng’abantu abo abafuga obusungu bwabwe”, era awo n’asoma *aya* eri gye twaleese waggulu.

Jafaari olwawulira omuddu bye yali agamba kwe kugamba nti: “Kale obusungu bwange mbufuze.”

Mu kiseera ekyo kyennyini omuddu yasoma ekitundu eky’okubiri ekyo *aya* olwo n’agamba nti, “Allah Owoobuyinza agamba nti Abakkiriza abalungi basonyiwa abantu ababa bakoze ensobi”.

Jafaari kwe kugamba nti: “Kale nkusonyiye ensobi gy’okoze.”

Omuddu bwe yava awo kwe kugamba nti: “Allah mu Kulaane agamba nti ayagala abo abawaayo ennyo (abalongoosa)”.

Jafaari olwawulira ekyo kwe kugamba omuddu nti: “Kati oyinza okugenda n’olya butaala, nkutadde (oli mwana wa boobwo)”.

Bw’atyo yassa mu nkola amateeka gonna agali mu *aya* mu bulamu bwe era n’assaawo eky’okulabirako ekirungi eri abantu abalala ab’Eki-biina ky’Obusiraamu.

Nga Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe yagamba nti omukazi eyali omwonoonyi yasoniyibwa olw'ekisa kye yakolera embwa eyali efa enkalamata bwe yagiwa amazzi n'enya. Yafuna Ejjana olw'ekikolwa kino ekitono eky'okulaga obusaasizi. So ng'ate ku ludda olulala, omukazi omulala aija kuyingira Omuliro olw'ekikolwa eky'obukambwe kye yakola ku kkapa. Omukazi ono yasibira kkapa awantu n'agireka okufa enjala. Bino byakulabirako bikulu ebiraga engeri omukkiriza gy'alina okweyisaamu eri abalala. Omukkiriza ateekeeddwa okubeera oweekisa, eyewaaayo, era omugabi eri abalala.

Okugaba okwaddala, okujja okukkirizibwa mu maaso ga Allah, kwe kwo omuntu kw'akola ng'awaayo ekintu kye eky'omugaso era naye ky'ayaga. Singa omuntu awaayo saddaaka okuva mu bintu ebitalina mugaso gy'ali, ekikolwa kye kino kiba tekijja kubalibwa ng'ekirimu amakulu.

Mu Biseera Ebyessanyu (omulembe gwa Nnabbi, Allah asse okusaasira ku ye n'emirembe), abantu baawanga Basswhahaba abaavu abaali mu Muzikiti. Baayitbwanga Abantu Ab'akatebe era omulimo gwabwe gwo-kka gwali gwa kuyiga Busiraamu, bwe batyo nga tebasobola kweyimirizaawo. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ne Basswhahaba be abagagga baasomberanga abantu bano ebintu nga mwe muli n'emmere. Naye waliwo Basswhahaba abamu abaabweereza entende ezoonoonee ng'emmere abaavu bano ne bawalirizibwa ne bazirya olw'enjala ey'amaanyi gye baalimu. Olw'ekikolwa kino ekyennyamiza ekyazuukawo Allah Owoobuyinza yassa *aya* eno erabula nti:

“Abange mmwe Abakkiriza! Muweeyo nga mujja mu birungi bye muba mupakasizza ne mw'ebyo bye tuba tubaggyidde mu ttaka (ebimera n'ebirala). Temugendereranga okuggyamu ebibi mu ebyo bye muba mugaba sso nga nammwe temwandibadde beetegefu okubitwala singa babibawadde okuggyako nga muzibiridde, era mumanye nti mazima Allah mugagga, Atenderezebwa.” (Baqara, 2 : 267)

Mu *aya* endala Allah Owoobuyinza atutegeeza nti okusobola okubeera okumpi ne Allah tulina okuwaayo saddaaka nga tujja mu ebyo bye tusinga okwgala:

“Temulifuna bulungi (mpeera) okutuusa nga muwaddeyo okuva mw'ebyo bye mwagala. Buli kintu kyonna kye muwaayo mazima Allah Akimanyi.” (Aali Imraan, 3 : 92)



Aya eno bwe yakka, Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) baatandika okuvuganya nga buli omu ayagala y'aba awaayo ekyo ky'asinga okwagala. Basswahaba abaali bawuliriza Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) *aya* eno yabagenda wala nnyo. Kino baakitegeera nnyo era ne bakiyingiza mu mitima gyabwe n'ensi zaabwe ez'omunda. Baali beeyaza engeri gye bandisoboddenga okuwaayo ekyo kye basinga okwagala. Omu ku Basswahaba yayimirira. Sswahaba ono ekyenyi kye ekyali kitangalija olw'ekitangaala ky'Obukkiriza yali ayitibwa Abu Twalha (Allah amusiime). Yalina omusiri gw'entende omunene nga gwalimu emitি gye ntende lukaaga (600) lulamba era nga yali agwagala nnyo. Omusiri guno gwali guliraanye Omuzikiti gwa Nnabbi. Abu Twalha yateranga okuyita Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'amukyaza mu musiri olwo ne gufuna emikisa.

Abu Twalha yagamba bw'atyi: "Mubaka wa Allah! Nze ekintu kye nsinga okwagala mu bintu bye nnina gwe musiri gwange guno oguli mu kibuga naawe gw'omanyi obulungi. Ku ssaawa eno nguwaayo eri Omubaka wa Allah ku lwa Allah. Oyinza okugukola nga bw'oyagala ng'oguwa abaavu." Olwamala okwogera ebigambo bye ebyo kwe kugenda mu musiri okutuukiriza kye yali asazeewo. Bwe yatuuka mu musiri yasangamu mukyala we ng'atudde wansi w'ekisiikirize ky'omuti. Abu Twalha teyayingira mu musiri.

Mukyala we yamubuuza nti: "Abu Twalha! Lwaki okomye bweru? Yingira mu musiri!" Abu Twalha kwe kumugamba nti: "Ssisobola kuyingira mu musiri, naawe wandikuttemu ebibyo n'ovaamu." Omukyala kino si kye yali asuubira Abu Twalha okumugamba, kye yava amubuuza nti: "Ate ogubadde? Omusiri si gwaffe?" Wano Abu Twalha we yakamutemera nti: "Okuva kati omusiri guno gwa baavu b'e Madiina." Yabuulira omukyala amawulire ag'essanyu agali mu *aya* ya Kulaane era n'amutegeeza mu ssanyu saddaaka gye yali akoze.

Omukyala wano we yamubuuliza nti: "Ekyo okikoze ku lwaffe ffembi oba ku lulwo ggwe wekka?"

Abu Twalha kwe kumuddamu nti: "Nkikoze ku lwaffe ffembi." Omukazi kwe kumugamba nti: "Allah asse okusiima kwe gy'oli Abu Twalha! Nange kino nnakirowoozangako bwe nnalabanga abantu abaavu abatwe-toolodde, naye nga sifuna buvumu kukugamba. Nsaba Allah akkirize oku-

saddaaka kwaffe. Omusiri ngenda kuguvaamu nzije tugende ffembi”! Ssi kizibu kuteebereza embeera ey’essanyu ensi gye yandibaddemu singa empi-sa ez’ekika kino zaali zisimbye amakanda mu mitima gy’abantu.

Abataputa ba Kulaane bannyonnyola ekigambo ky’Oluwalabu *al-Birr* nga obulungi, okuwaayo saddaaka okusembayo waggulu, Ejjana, okusaasira kwa Allah n’okusiima kwe gye tuli. Era ekigambo kye kimu kyeyongera okunnyonnyolwa mu Kulaane bwe kityi:

“Obulungi (al-Birr) ssi kwe kukyusa ebyenyi byammwe (ne mubyolekeza ku ludda olwa) Ebuvanjuba oba Ebugwanjuba; naye al-Birr y’oyo akkiriza Allah, n’Olunaku Iw’enkomerero, ne Bamalayika, n’Ekitabo, ne Bannabbi, n’awaayo emmaali, awamu n’okuba ng’agya-gala, ab’oluganda, ne bamulekwa, n’abawambe, n’omutambuze, n’abo abasaba, ne mu kununula abaddu, n’ayimirizaawo esswala, n’awaayo zaka, n’abo abatuukiriza endagaano bwe baba nga bazikoze, n’abagu-miikiriza mu biseera eby’obwatu obw’ekitalo ne mu bulwadde, ne mu biseera by’okulwana (eby’entalo). Abo be bantu aboogera amazima era be batya Allah.” (Baqara, 2 : 177)

Bwe kityo, abantu abo bona abaaatuuka ku ddaala lya al-Birr mu kuwaayo saddaaka mu butuufu baafuna ebirungi byonna ebirala. Mu kukkaatiriza kino Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) yagamba nti:

“Oyo yenna ateka *aya* eno mu nkola mu bulamu bwe Allah ajja kumuwa okutuukirira mu kukkiriza kwe.” (Nasafi, Madaariku al-Tanzil, I, 249)

Mu nnaku zino, obwasseruganda n’okukolera awamu bisaanyeewo, so ng’ate obukyayi, empalana n’obulabe byeeyondedde nnyo mu bitundu bya bantu nga kino kiva ku butafa ku bizibu by’abaavu. Okusobola okulwanyisa embeera eno enkyamu, twetaaga okulangirira kawefube ow’okuwaayo saddaaka n’okugaba. Tulina okulowooza nti naffe tuyinza okubeera mu ngatto z’abeetaaga obuyambi. Bwe kutyo, okuwaayo saddaaka eri abaavu, mu butuufu, kuba kwebaza na kulaga kusiima ebyo Allah by’atukoledde. Omusuufi omwatiikirivu Aziiz Mahmud Hudayi yatuuka n’okusaba Bakabaka beetabe mu kawefube w’okuwaayo saddaaka. Mu bbaluwa ye eri Sultan Selim Ow’okusatu yawandiika bw’atyi:



“Okufaananko jajja wo Suleiman Omulungi eyaleetera abantu ba Istanbul amazzi ng’agajja mu nsulo ez’ewala (eziyitibwa Istrancalar), naawe oteekeddwa okuwa abaavu enku mu butiti buno obujja.”

Okulwanyisa obwatu ne kaweefube ow’okukubiriza okusaddaaka si kikulu kuffe ffekka wabula kikulu ne ku bantu ab’omu maka gaffe. Nga bwe tutendeka abaana abato okusaala nga bakyali bato ye ngeri y’emu gye tuteekeddwa okutendekamu abaana baffe abato okusaddaaka n’oku-lumirirwa abalala. Lino tteeka lye tulina okutuukiriza ng’abaana baffe bakyali bato, ekitali ekyo bajja kuba nga tebasobola kusaddaaka mu biseera byabwe eby’obukulu. Balina okukula nga bakirina mu bwongo nti eby’obugagga ddala bya Allah.

Abo abayagala okubeera abalongofu mu Busiraamu balina obutaawukana na kutoola saddaaka mu kkubo lya Allah enfuna yaabwe ne bw’ebreira nga si ngazi nnyo. Tulina okuyamba abo abali mu mbeera embi; waakiri ekyo bwe tuba tetukisobola ne tusabira basabire babeere bulungi. N’okubalumirirwako kyokka nakyo kibalibwa ng’ekikolwa eky’okusinza mu maaso ga Allah Owoobuyinza. Era tuteekeddwa okukikuuma mu bwongo nti mu biseera bino omulimo ogusinga obukulu mu bikolwa by’okuyamba kwe kutendeka abantu abo abagenda okukola mu bitongole by’okuyamba n’okuwaayo mu bitongole bino. Nga kaken-sa omu lumu bwe yagamba nti:

“Enjawulo wakati w’ensi ezaakula n’ezo ezitannaba kukula kibinja kya bantu abayigirize.”

Ensi erina ennyonta eri abantu ab’ekika bwe kityo. Obusiraamu bwe bubeera nga buli mu mbeera etiisa nga n’Abasiraamu bayigganyizibwa ensonga eri kubulawo bantu abayigirize ennyo. Tuteekeddwa okweggyamu obugayaavu ne tubusiba ku mpagi tutandike okufuba okubeera nga bwe kyetaagisa okubeera Omusiraamu omutuufu. Kino kisoboka singa tunaaba twewaddeyo ku lw’abantu.

Okuteekawo ebibiina ebigabi by’obuyambi, kitandikawo okwewaayo kuno okwetaagisa wamu n’okuwaayo mu kuyamba. Okuteekawo ebibiina ebigabi by’obuyambi kitegezea kuwaayo byabugagga mu kuweereza Allah n’okukifuula eky’olubeerera. Okutuukirira kw’Obusiraamu kusobola okutuukibwako nga tuyita mu kulaga kusaasira na kwagala bitonde

bya Allah na kyenyi ekisanyufu. Okuwaayo eby'obugagga byaffe n'obulamu bwaffe mu kkubo lya Allah, mu butuufu, kuba kwegulira Jjana.

Eby'obugagga omuntu by'abeera nabyo n'abaana be bikwata ekifo kya waggulu mu kuziyiza omuntu okutambulira mu kkubo lya Allah. Allah Owoobuyinza alabula abantu obubenje buno n'agamba mu Kulaane nti:

“Mazima eby'obugagga byammwe n'abaana bammwe bikemo, ate nga ewa Allah y'eri empeera ennyingi.” (Taghaabun, 64 : 15)

“Abange mmwe Abakkiriza! Temuleka mmaali yammwe (eby'obugagga) wadde abaana bammwe ne bibakyusa okubajja ku kujukira Allah; abo abakola bwe batyo bo beebo ab'okufaafaagani-rwa.” (Munaafiquuna, 63 : 9)

“Kale mutye Allah nga bwe musobola (mwewale obusungu bwe) muwulire era mugonde era muweeyo ekyo kye kirungi eri emyoyo gyammwe; omuntu oyo aba awonyezeddwa omululu gw'omwoyo gwe abo be b'okwesiima.” (Taghaabun, 64 : 16)

“Bwe muwola Allah ebbanja eddungi, ajja kulibakubisizaamu emirundi ebiri era abasonyiwe ebyonoono byammwe, kubanga Allah asiima era waakisa.” (Taghaabun, 64 : 17)

Nga bwe kitegeerekeka mu *aya* ezo waggulu, okusinziira ku Busiraamu omwavu n'omunafu bikemo eri omugagga mu ngeri y'oktuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe (okuwaayo ebbanja lyabwe) oba nedda. Enzigi z'eggulu zija kubeera nzigule eri abagagga olw'edduwa z'abaavu. Olw'okugaba, eby'obugagga tebikkirizibwa kubeera katoffaali ka kansa mu mubiri gw'omuntu. Bwe kityo, ebibiina ebigabi by'obuyambi bifo bya kijjukizo bya kusaasira era ebifo ebisinga obulungi saddaaka mwe zigabirwa. Ebibiina ebyo lutindo oluyunga omugagga n'omwavu. Olw'okubeerawo kw'ebibiina ebyo n'obungi bw'ebibiina ng'ebyo, obukyayi n'okutamwa ebiri wakati w'abagagga n'abaavu biba tebijja kufuna ttaka ggyimu mwe byegiriisiza.

Kisaana kimanyibwe nti bajjajja ffe Ba-Ottoman baatandikawo ebikumi n'ebikumi by'ebibiina ebigaba obuyambi. Wadde nga bingi byanyaagululwa mu biseera bino, ebibiina ebigabi by'obuyambi emitwalo ebiri mu kakaaga mu lusanvu mu kyenda mu munaana (26,798) bikya-



liwo era nga byeyimirizaawo byokka. Aba Ottoman, abassa Obusiraamu mu nkola n'obwesimbu baalaga ensi okusaasira kw'Obusiraamu okutakoma. Okusaasira kuno tekwakoma ku bantu bokka wabula kwazingiramu n'obwakabaka bw'ensolo. Ebimu ku bibiina bino bikola ku bisolo byokka ebiba bituusiddwaako obuvune oba ebiba tebisobola kusenguka kugenda mu bifo we birina okubeera ng'emyezi gy'obutiti gituuse.

Mu bigambo ebirala, ebibiina ebigaba obuyambi mwe mweylekera obuvunaanyizibwa Abasiraamu bwe balina eri abantu bonne okutwalira awamu. Ebyo bye biva mu nzikiriza egamba nti tuteekeddwa okwagala ebitonde ku lwa Omuronzi eyabitonda. Allah Owoobuyinza ebintu byonna ebiyimirizaawo obulamu yabiteeka mu mikono gy'omuntu ng'omusigire ow'okumala ekiseera ekigere. Eby'obugagga, abaana, obulamu byonna byaweebwa omuntu ng'obwesigwa era biteekeddwa okukozesebwu mu kkubo lya Allah. Bwe biba bikozeseddwa mu kkubo lye, biba bijja kuleeta emikisa n'empeera ennungi ku Lunaku lw'enkomerero.

Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe baawulira etteeka eribakubiriza okusaddaaka byonna bye baalina babireeta ewa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Aya eno wammanga yabawa amaanyi ag'okuwaayo n'omutima gumu nti: “**Tebamanyi nti Allah akkiriza okwenenya okuva mu baddu be era n'akkiriza saddaaka (zaabwe ze baba bawaddeyo).**” (Tawuba, 9 : 104)

Tuteekeddwa okumanya nti saddaaka teweebwayo mu bintu byokka. Buli kintu Allah kye yatuwa kiteekeddwa okukozesebwu mu kkubo lya Allah. Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) baawaayo obulamu bwabwe wamu n'ebi'obugagga byabwe mu kkubo ly'okuyita abantu bayingire Obusiraamu. Baatuuka wala nnyo mu biseera byabwe basobole okusaasaanya eddiini ya Allah. Qusam bin Abbaasi (nga Abaasi yali taata omuto owa Nnabbi) ne Muhammadi bin Uthmaan (mutabani wa Kaliifa era mukoddomi wa Nnabbi) baalaga ekifaananyi ky'okuwaayo bwe baawaayo obulamu bwabwe basobole okusaasaanya Obusiraamu. Baatambula okutuuka ewala ennyo e Samarqand basobole okusaasaanya ekitangaala ky'Obusiraamu. Olw'okwewaaayo kwe baakola ekitundu ekyo kyavaamu abamanyi abaatiikirivu okugeza Bukhari, Imaamu Qaasanii, Imaamu Tirmidhi, Shah Naqshband, n'abalala bangi.

Okufaananko n'ebyo, okuwaayo okusinga obunene olwaleero kwe kussa mu nkola mu bujuvu era n'omutima gumu Obusiraamu n'okubulaga nga embeera y'obulamu.

EMPISA Z'OKUSAASAANYA (OKUWAAYO ZAKA NE SADDAAKA)

Omuntu bw'awaayo saddaaka (k'ebe ey'obuwaze oba eya kyeyagali-re) kintu kikulu nnyo okugiwaayo obulungi. Omuntu oyo awaayo alina okwebaza oyo gw'aba awadde saddaaka okuva lw'aba ng'amusobozesezza okutuukiriza obuvunaanyizibwa obumukakatako wamu n'okuba nga amusobozesezza okweyoolera empeera ennyingi okuva eri Allah. Mu ngeri y'emu omuntu awaddeyo zaka oba saddaaka akuumibwa obutafuna mitawaana na butyabaga olwa zaka oba saddaaka eyo, era bimufuu-kira engabo emutaasa emuwonya okutya n'okweraliikirira.

Kulaane etusomesa empisa ennungi omuntu z'alina okwolesa ng'awaayo saddaaka:

“Abange mmwe Abakkiriza! Temwonoona saddaaka zammwe nga muyita mu kulaalaasa (be muba muziwadde) oba okunakuwaza, ng'oyo asaasaanya eby'obugagga bwe abantu bamulabe (asaddaaka ka bandabe) naye nga takkiriza Allah n'Olunaku lw'enkomerero. Ekifaananyi kye kiringa eky'olwazi oluseerera okuli enfuufu, enkuba ey'amaanyi n'erutonnyako n'eruleka nga lwereere (lutukula). Tebalina kye basobola mw'ebyo bye baapakasa. Ate Allah talunngamya bantu abo abatakkiriza.” (Baqara, 2 : 264).

Aya eno bw'eba etukuutira okuwaayo saddaaka oba zaka era etusomesa bulungi engeri gye tuteekeddwa okubeera abeegendereza engeri gye tubiwaayo. Mu bigambo ebirala, singa abawaayo bayisaamu amaaso mu be bawa oba ne bamanya emitima gyabwe olw'ebigambo oba ebikol-lwa ebibi bye baba bakozesessa, Allah okuwaayo okwo kwe baba bakoze takubalaamu kantu. Omuntu bw'ayamba omulala teyandisubidde mpeera yonna eva eri gw'ayambye era okuyamba kwe kwandikoleddwa ku lwa Allah Yekka. Abu Dharri anyumya nti Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti:

“Waliwo ebiti by'abantu ba mirundi esatu Allah b'atajja kwogera nabo Ku Lunaku lw'okuzuukira wadde okubatunulako oba okubaso-



nyiwa era nga bagenda kubeera n'ebibonerezo ebiruma". Kino Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yakiddinngana emirundi esatu. Abu Dharri kwe kugamba nti: 'Abo bambi baalemwa era ne bafsiirwa; abantu bano be baliwa, Omubaka wa Allah? Nnabbi kwe kumugamba nti: 'Bano be: Omuntu oyo awalula ekitundu ekya wansi eky'engoye ze (nga kino akikola lwa kwewayagala), omuntu oyo alaalaasa gw'akoledde ekirungi, n'oyo atunda ebyamaguzi ng'ayita mu kulayira naye nga by'alayira si bituufu.' (Muslim, Imaan, I, 192)

Bino byonna bitulaga nti abo abateeka obukwakkulizo ku be bawa saddaaka oba ne balaalaasa abaavu be baba bawadde n'abo ababakosa mu ngeri gye bawuliram, Allah aija kubabonereza. Na bwe bityo ebitendo bino ebibi mazambi manene mu kuwaayo saddaaka. Allah atunuulira emitima gy'abantu era n'agipima era nga Ruumi bwe yagamba, "Waayo okubeerawo kwo n'eby'obugagga byo mu mirimo egy'okusadaaka osobole okwefuga emitima gy'abantu. Edduwa eziva mu mitima gyabwe nga bakusabira zija kwakaayakanya entaanayo ekutte enzikiza."

Okusinziira ku Ruumi, abaavu kakisa kalungi abagagga ke bayinza okukozesa okulaga okusiima kwabwe eri Allah. Nga Allah bwe yabawa ebyengera nabo basobola ekyo okukiraga nga bayita mu kuwa abaavu. Bwe batyo bwe basobola okukuuma emitima gy'abaavu nga tegyenniyise:

"Nga omusabiriza bw'ali endabirwamu weegendereze! Omukka gw'ossa gwnonoona mu maaso g'edabirwamu." (Mesa, 2748)

Abaavu ze ndabirwamu z'abyengera bya Allah, (Mesa, 2748) okuva abaavu lwe boolekeza ebyenyi byabwe eri abantu abo abaagala okugaba nga babawa omukisa okuwaayo ku lwa Allah, abaavu mu butuufu be bateekateeka ekkubo ery'abagagga ery'okwesiima. Kuno kw'ogatta nti abaavu batandika okwagala n'okuwa abagagga ekitiibwa olw'obugabi bwabwe. Mu ngeri eyo, okusaasira n'omukwano ebibeera mu mitima gy'abaavu n'abagagga byeyongera okutinta.

Okubissa mu bigambo ebirala, Allah yafuula abaavu endabirwamu abagagga mwe balabira okugaba kwabwe. Ruumi ayogera ku nkomerero embi ey'abagagga abo abalina emitima emibi n'agamba nti: "Abagagga abalina emitima emirungi abo abaafiiroa okubeerawo kwabwe olwa Allah baafuuuka okwewayoleka kw'obugabi bwa Allah. Bwe baamala okufuna omugabo mu kugaba okutukuvu baasaanyaawo okubeerawo kwabwe

mu kugaba okutukuvu. Abagagga be bajja okubeera abaavu mu myoyo okuggyako abo abataateeka birowoozo ku bya kufuna bya nsi eno. Obugagga bwabwe obulabika ku ngulu buli bifaananyi bufaananyi eby'embeera zino embi. Abantu bano be bantu abatafaayo ku bintu nga bwe biri era abatalina myoyo. Tobasemberera kubeera ba mukwano; tokasuka magumba ku bifaananyi bya mbwa!"

"Abantu abo baddu eri ebyo bye baagala. Tebalina kye bamanyi ku nnyonta entukuvu."

Ruumi atulabula obutagezaako kukola mukwano ku bantu abo n'agamba nti: "Toteeka sowaane ya mmere mu maaso ga muntu mufu. Abantu bwe batyo (abakodo) bajja kubeera abasabiriza abatalina ke balina ku Lunaku lw'enkomerero.

Omusuifi omwavu ayagala omugaati oyo kyennyanja ekiri ku lukanlu. Alina ekifaananyi kya kyennyanja naye adduka okuva mu nnyanja. Ayagala Allah naye lwa kufuna: Omutima gwe teguli mu mukwano n'Obulungi bwa Allah n'Ebirungi bye." (Mesa, I, 2750 – 55)

Nga tuwumbawumba, tetuteekeddwa kubuzaabuzibwa ne tuva ku birungi ebiri mu Lunaku lw'enkomerero nga tulimbibwalimbibwa eby'okwewunda kw'oku nsi okugeza ng'okufuna emmere ennungi n'ebi'okunywa ebirungi. Bwe tuba tetwagala kufirwa ku Lunaku lw'enkomerero tuteekeddwa abanaku okubeetoolooza n'okugaba kwaffe.

Omusingi omulala okuzimbirwa okugaba saddaaka kwe kugigaba mu kyama, amakulu, obutayatuukiriza abantu abo abaafunye saddaaka. Abaavu bwe babawa saddaaka mu lwat, ensonyi ziba zija kubaggwaa-mu olwo bwe wayitawo ekiseera okusabiriza bagufuule muze olwo bafuuke abagayaavu. Mu ngeri eyo eby'okwagala okukola baba bajja kubivaako. Eky'okubiri, okuwaayo mu lwatkuwaga omuntu agaba okutandika okweraga n'okwemanya. N'olw'ekyo, okugaba saddaaka mu kyama kirungi eri oyo gwe bawa n'oyo awaayo.

Wabula, ebiseera ebimu, olw'okwagala okukubiriza abalala okuwa saddaaka, omuntu ayinza okugaba mu lwat asobole okufuuka eky'okulabirako eri abalala. Mu ngeri eyo, abantu ba bulijjo baba bajja kugoberera ekikolwa kye eky'ettendo. N'olw'ekyo Kulaane egamba nti:



“Bwe mwolesa saddaaka zammwe ekyo kirungi; naye bwe muba muzikwese ne muziwa abaavu ekyo kye kisinga obulungi; Allah ajja kubaggyako ebimu ku bibi byammwe. Era Allah Amanyi byonna bye mukola.” (Baqara, 2 : 271)

Abannyonnyozi ba Kulaane mu *aya* eyo baggyamu nti okugaba okwalaalikibwa (zaka) yo erina okuweebwayo mu Iwatu, naye okugaba okwa ssunna (saddaaka) kwo kulina kukolebwa mu kyama.

Engeri esinga obulungi mu kuwaayo kwe kuwaayo n’omukono ogwa ddyo omukono ogwa kkono ne gutuuka obutamanya ku kuwaayo kuno. Nga hadiisi bw’ekirambika, Abantu abaagala okugaba bwe batyo bajja kubeera wansi w’ekisiikirize kya Namulondo ya Allah ku Lunaku lw’okulamula. Bakadde baffe ab’edda nabo beeyisa nga bwe batyo ku bikwatagana n’okugaba. Mu kiwandiiko ekyateekawo ensawo ye, Sultan Omuturuuki, Fatih Omuwanguzi, yateekawo obukwakkulizo buno wammanga:

“Nze Sultan Fatih Mohammed, omununuzi wa Istanbul, mpaddeyo amaduuka gange agasukka mu kikumi mu asatu mu mukaaga (136), ge nnateekawo nga gava mu ntuyyo zange, nga ensawo ey’okuyamba n’obukwakkulizo buno wammanga:

Mu ffumbiro erya ssupu lye nnazimba mu kizimbe ekiri okumpi n’omuzikiti, bannamwandu b’abazira abo abaafira mu ntalo z’eddiini n’abaana baabwe, n’abaavu b’omu Istanbul bajja kuliisibwa. Wabula abo abatasobola kujja mu ffumbiro ly’enva okunona emmere yaabwe olw’ensonga emu ova endala, emmere yaabwe bajja kugibatwalira mu mukebe nga gusaanikiddwaako ate ng’obudde bukunidde (mu nzikiza) olwo basobole obutayisibwamu maaso mbu kubanga emmere bagijja mu ya saddaaka.”

Nga bwe kirabika obulungi mu kiwandiiko kino, Sultan Fatih yeeyisa mu ngeri esembayo okubeera ey’obwegendereza okukuma n’okuwa omwavu ekitiibwa, era n’ateekawo amateeka agaali ag’okusobozesa okutuukiriza ekigendererwa ekyo. Abantu ba Kabaka alinga oyo tebalina kirala wabula okweyisa nga ye. Baayinzanga okuteeka ssente za saddaaka mu mabaasa mu mayinja aga saddaaka (amayinja ago gaabeerangamu ebitili waggulu wa go abasaddaaka basobole okuyisaamu saddaaka okuzisuula mu nda olwo abaavu ne batwala ssente awo wonna we baazetaagiranga). Amayinja gano baagateekanga mu mizikiti ng’omwavu atwala ssente awatali kumala kwemalamu.

Eno ye ntikko ey'empisa ennungi, okuva omugagga lw'ataalinanga kumanya oyo eyafunanga saddaaka so nga n'abaavu tebamanyanga ani eyabanga abawadde ssente. Mu ngeri eyo abagagga bakugirwa obuteeya-galira ku baavu n'abaavu ne bakugirwa obutawulira bbanja eri oyo aba abawadde.

Ekigendererwa ekikulu mu ddiini oluvannyuma lw'okukkiriza Allah kwe kufuna abantu abalina empisa ennungi era nga bategeera nnyo n'okuteekateeka ekibiina ky'abantu ekirungi. Ekibiina bwe kityo ekituukiridde kisoboka okubeerawo emitima gy'abantu abakirimu nga girina ekisa era nga gifaayo, ekintu ekisobola okubatuusa ku kuwaayo saddaaka eya kyeyagalire awamu n'eyo ey'obuwaze (zaka).

Tuwangaalira mu Bwakabaka bwa Allah nga n'ebintu bye tuba nabyo tubifuna lwa kusaasira kwa Allah. Abo abagayaala okukola ebikolwa eby'okusinza ebyetaaga okuwaayo ssente, baba tebakimanyi nti buli kintu kya Allah Oyo gwe bagezaako obuddiza byabugagga bye.

Omukwano gukula lwa kwewaayo mu kkubo lya mwagalwa. Omuntu ayagala munne yeewaayo n'afiiririra oyo gw'ayagala nga kino kisinziira ku ddaala ly'omukwano oguli wakati awo. Ebiseera ebimu omuntu ayagala munne ayinza n'okuwaayo obulamu bwe asobole okusanyusa gw'ayagala. Okuva saddaaka lw'eweewbwayo ku lwa Allah, Allah agamba mu Kulaane nti Ye y'atwala saddaaka ng'ayita mu mikono gy'omwavu:

“Abaffe tebamanyi nti Allah y'akkiriza okwenenya okuva mu baddu be era n'atwala ne saddaaka (ze baba bawadde), era (nti) ddala Allah Ye Musonyiyi Omusaasizi ennyo.” (Tawuba, 9 : 104)

Olw'okukkaatiriza ensonga y'emu Nnabbi (Allah asse ku ye okusaa-sira n'emirembe) agamba nti:

“Awatali kubuuusabuusa, omuntu bw'awaayo saddaaka, Allah y'asooka okugifuna ng'omwetaavu tannaba kugifuna, oluvannyuma n'agiwa omwavu.” (Munawii, Kanz al-Haqaaiia)

N'olw'ekyo, ekintu ekikulu mu kugaba kwe kuba ng'ekintu ekigabiddwa kiweereddwaayo mu bwesimbu na ku lwa Allah. Abantu abo abawaayo saddaaka tebateekwa na kamu kweyagalira oba kuwlira nga ba waggulu okusinga abo abaganyulwa mu bintu ebyo bye bawaddeyo (abaa-vu oba abeetaavu); tebateekeddwa kusuubira bantu abo be bawadde



kubeebaza oba kubasiima. Endowooza eyo eteri ntuufu eba ejja kusangu-lawo empeera ezandivudde mu kugaba. Wabula ate abo abawaayo be bandibadde balina okwebaza abo be baba bawadde saddaaka. Eno y'engeri yokka Allah gy'aba ajja okukkiriza okusinza kwaffe okuli mu kuwa saddaaka. Aya eno wammanga eyogera ku bikolwa eby'okugaba ebya Ali ne Fatuma etuyigiriza empisa ze twandigoberedde:

“Ne baliisa emmere, olw'okwagala Allah, omunaku ne mulekwa n'omuwambe, (nga bwe babagamba nti) ‘mazima ffe tubaliisa lwa kunoonya kusiima kwa Allah, tetubeetaagamu mpeera wadde okwebaza. Ffe tutya, okuva ewa Katonda waffe, Olunaku oluzibu ennyo era olugenda okutuleeta okufuma (mu maaso)’. Olwo Allah n'abakingiriza (n'abataasa) obubi bw'Olunaku olwo, era n'abawa okutangalijja n'essanyu.” (Insaan, 76 : 8 – 11)

Abagaba bwe babeera n'omutima omulungi, abo be bawa saddaaka nabo baganyulwa mu ngeri gye baba bawulira. Ebigendererwa byabwe ebirungi n'obwesimbu bibbulukukira mu mitima gy'abaavu. Bwe baba nga ddala babadde tebasaanidde saddaaka gye bafunye, bakyusa embee-ra zaabwe embi. Ekyafaayo kino Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kye yayogera kituwa ekifaananyi eky'okyuka kuno okuva mu mbeera embi okudda mu nnungi:

Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti: “Omusajja omu yagamba nti yali agenda kubaako ne ky'awaayo nga saddaaka. Yafuluma ne kye yali agenda okuwaayo mu saddaaka naye n'akiwa omubbi nga tamutegedde. Enkeera abantu baamugamba nti saddaaka ye gye yawaayo yagiwa mubbi. (Bwe yawulira ekyo) kwe kugamba nti: “Ayi Allah! Amatendo gonna gago. Nja kuddamu mpeeyo saddaaka endala.” N'era yafuluma ne saddaaka naye n'agiwa malaaya nga tategedde. Enkeera abantu kwe kumugamba nti saddaaka ye gye yali awaddeyo ekiro yali yagiwadde malaaya. Omusajja yagamba nti: “Ayi Allah! Amatendo gonna amajjuvu gago. Saddaaka yange nagiwadde malaaya. Nja kuwaayo saddaaka endala.” Bw'atyo yafuluma ne saddaaka ye naye era nga tagenderedde n'agiwa omuntu omugagga. Enkeera abantu baamutegeeza nga saddaaka ye bwe yali agiwadde omuntu omugagga. Omusajja ono kwe kugamba nti: “Ayi Allah! Amatendo amajjuvu gonna gago. Saddaaka zange naziwadde mubbi, malaaya na muntu mugagga.” Oluvannyuma ne wabaawo eyamugamba

nti, "Saddaaka gye wawadde omubbi eyinza okumuyamba n'alekayo okubba, ate gye wawadde malaaya eyinza okumugaana okwetaba mu kukola obwa malaaya (okwenda), so nga eyo gye wawadde omusajja omugagga eyinza okumuyamba n'agifunamu essomo olwo eby'obugagga bye Allah bye yamuwa n'abisaasaanya mu kkubo lya Allah." (Bukhari, zakat, ekitabo 2, ekitundu 24, namba 502)

Kisanyusa nti amakulu ga hadiisi eno gabbulukukira mu bintu ebyagwawo mu bulamu bwa mukwano gwa Allah omu eyayitibwanga Saami Efendi, nga kyanyumizibwa Muusa Efendi ekyali bwe kityi:

Olunaku lumu waliwo omuntu eyakuba mmotoka mwe twali omukono, era bwe twayimirira n'agamba bw'atyi:

Hadjji, taata mpaayo ku ssente ku lwa Allah ngulemu ssigala. Mikwano gya Saami eky'okuwa omusajja ssente agulemu sigala tebaakya-gala. Wabula ye Seeka waffe yagamba nti: engeri gy'asabye obuyambi kirungi okubumuwa. Omusajja omwavu, bwe yalaba empisa bwe zityi, kwe kubagamba nti yali akyusizza ekirowoozo, era nga yali agenda kugula mugaati mu kifo kya sigala. Olwo n'agenda ng'ali mu ssanyu eppitirivu.

Olw'okwagala okumanya, omu ku banne ba Seeka yagoberera omusajja alabire ddala kye yali agenda okukozesa ssente. Naye ekyamwewuunyisa, omusajja yatuukiriza kye yali alagaanyisizza era ssente n'azigulamu mugaati.

Kino kifaananyi ekyogera ekiraga saddaaka eba eweereddwaayo ku lwa Allah ng'era kye kigiweesenzaayo kyokka, engeri gy'eyinza okukyusaamu emitima gy'abo ababa bagifunye. N'olw'ekyo, bwe tuba tuwaayo saddaaka tulina okwenoonya mu mitima gyaffe okusinga omuntu aganyulwa mu kugaba kwaffe.

Katonda wange! Nkusaba ofuule okusaasira kwo okutalina kkomona nga lye ggwanika ly'emitima gyaffe ery'olubeerera.

EBYETAAGISA MU KUTOOLA ZAKA

Zaka ku by'obugagga erina obukwakkulizo butaano (5):



1. Okubeera Omusiraamu, omulamu w'omutwe (atali mulalu), obwana bwa boobwe (ssi muddu), okuweza emyaka egypt'obukulu.
2. Okubeera n'eb'y'obugagga ebisukka mu *niswab* ebisinga mu byetaagisa okumala ebyetaago egypt'obulamu (ennyumba, emmere, emmotoka, n'ebirala) okumala omwaka omulamba.
3. Ebantu omuntu by'alina biteekwa okubeera nga byeyongera ebbeeyi.
4. Okubeera nga biyiseeko omwaka nga tugoberera embalirira y'omwezi.
5. Okubeera n'obwannannyini obutuufu ku bintu oba egypt'obugagga.

Egypt'obugagga ebikakatamu zaka:

Ekigero ekitandikirwako okuwaamu zaka kikyuka okusinziira ku bintu omuntu by'alina era ekipimo kino mu ndiga n'embuzi zibeera amakumi ana (40); mu nte amakumi asatu (30) ate mu nngamiya ttaano (5). Okuwa zaka mu zaabu, alina kupima waakiri gulaamu kinaana mw'emu (81) ate mu ffeeza omuwendo gubeera gulaamu ebikumi bitaano mu nkaaga mw'emu (561). Omuntu bw'aweza omuwendo guno aba ateededdwa okuwa zaka nga bw'erambikibwa mu bitabo by'amateeka g'Obusiraamu.

Abantu abafuna ku zaka:

Allah Owoobuyinza annyonnyola bulungi ebiti by'abantu abo abafuna zaka.

“Mazima saddaaka (zaka) z'abo bokka abaavu n'abanaku, n'abo abazikolako, ne mu kusikiriza emitima gy'abo abasikirizibwa Obusiraamu ne mu kununula abaddu, n'abo abali mu mabanja, ne mu kkubo lya Allah (abalwanyi), n'omutambuze; nga kiragiro okuva eri Allah; Allah Amayni byonna, Mugezi.” (Tawuba, 9 : 60)

1. Omwavu: Okusinziira ku Busiraamu buli muntu atalina byabugagga ebisobola okuweebwamu zaka oyo abalibwa nga mwavu. Bw'atyoo omuntu oyo atasobola kuwa zaka aba asobola okugieweewbwa. Abantu ab'ekika ekkyo ne bwe babeera nga balina omulimo gwe bakola bafuna zaka okusinziira ku byetaago byabwe.

2. Abanaku: Okusinziira ku Busiraamu abantu abo abatalina mmere ebamala okuyita mu lunaku abo bayitibwa banaku (masikiini). Abeetavu ab'ekika ekkyo bawangaalira mu bwavu obungi ennyo okugeza abantu abatalina we babeera.
3. Abakunngaanya zaka ababeera abakozi b'eggwanga.
4. Abo emitima gyabwe egisikirizibwa (eri amazima).
5. Abaddu: zaka eyinza okuweebwa abaddu baziwe bakama baabwe basobole okwenunula okuva mu buddu. Wabula olwaleero tewali baddu bafugibwa mu mateeka.
6. Abo abalina amabanja agabali mu bulago era abo be bantu abalina amabanja agasinga eby'obugagga bye balina.
7. Abo abali mu kkubo ly'a Allah nga mwe muli abalwanyi abalwanira mu kkubo ly'Obusiraamu, abayizi, n'abo ssente be zig-gwaako nga bali mu lugendo lwabwe olubatwala okulamaga olw'e Makka.
8. Abatambuze: Bano be bo ababa baggweereddwaako ssente nga bali mu lugendo ne baba nga balekeddwa nga tebalina buyambi. Abantu ab'ekika ekkyo bayinza okuganyulwa mu zaka ne bwe baba nga bagagga ewaabwe gye baava.

Ku ludda olulala, waliwo abantu abamu abatakeeddwa kuweebwa zaka. Omuntu takkirizibwa kuwa zaka taata we, maama we, bajajja be, mutabani we oba muwala we. Ab'oluganda olw'okumpi baweebwa kuva mu saddaaka ndala. Abagagga n'abatali Basiraamu nabo tebaweebwa zaka.

Ushur: Zaka ku birime:

Abalimi bateekwa okuwa zaka ku birime byabwe. Okusinziira ku mateeka g'Obusiraamu nga bwe gannyonnyolwa Abahanafi, omulimi alina kuwa kimu kya kkumi mu birime buli kiseera lwe bikungulwa. Singa ettaka okulimirwa ebirime nga lisobola okukungulwamu emirundi egisukka mu gumu, zaka erina okuweebwayo buli mulundi lwe wabee-rayo okukungula. Omuntu asalirawo oyo aba agudde eddalu oba abalbirira emmaali y'omuntu eyaakafa balina okuwaayo ushur mu birime byabwe. Wabula, ushur esasulwa ku bintu ebirwawo era ebitererekwa

okugeza enngano era tetooolebwa ku bintu ebyanguwa okuvunda okugeza ebibala n'enva endiirwa.

Ettaka bwe liba nga lifukirirwa n'ebintu eby'obutonde okugeza emiga oba enkuba omuwendo gwa ushur gubeera kimu kya kkumi (1/10) eky'ebirime ebiba bikunguddwa. Wabula, omulimi bw'abeera ng'alina kusasula ssente asobole okufukirira ebirime, olwo aba alina kuwaayo kimu kya makumi abiri (1/20) eky'ebirime ebiba bikunguddwa. Ushur esasulwa okuva mu birime byonna era ssente ezaakozesebwा mu kulima tezisali-bwako okuva ku muwendo gw'ebirime nga tuwaayo zaka.

Singa ushur esasuddwa okuva ku birime waba tewali kyetaagisa ate kutoola ushur ku bintu ebikolebwa oba ebiva mu kirime. Okugeza ebirime oba empeke ezikolebwamu butto (bw'omala okuwa ushur mu mpeke ate oba tokyawadde mu butto avaamu).

Ushur eweebwayo ng'ebirime bimalidde ddala okukungulwa. Bwe biba tebinnaba kukunngaanyizibwa omuntu aba talagirwa kuwaayo zaka. Wabula, omuntu ayinza okusasula mu kiseera ekiri okumpi n'okukungula ng'ebirime byengede.

Singa omuntu aggyayo ebirime ebimu ng'ekiseera ky'okukungula tekinnaba, atekwa okubisasula oluvannyuma. Okugeza singa omuntu aggyeyeo kilo z'entende kkumi, aba alina okusasula kilo emu oba okusingawo eya zaka ng'okukungula okujjuvu kutuuse.


Saddaaka zino ez'ebika byonna ziraga nti Obusiraamu tebuleka mwavu n'omwetaavu kusigala mu mikono gy'amateeka. Omuntu yee-taaga okuwaayo ssente zino ng'ekitundu ku kusinza Allah. Mu ngeri eno, Obusiraamu bwagala okuteekawo embeera za bantu ezipima obulungi era ezitambulira ku bwenkanya.





OKULAMAGA OLW'E MAKKA

Kikolwa kya kusinza eri omuntu kinnoomu n'eri abantu bona
okutwalira awamu ekizza emitima obuggyga.



"Mulimu obubonero obunnyonnyofu (okugeza) ekifo Bulayimu we yayimirira; era omuntu agiyingira abeera mirembe; n'okulamaga okugenda eri Ennyumba buvunaanyizibwa abantu bwe balina okutuukiriza olwa Allah, eri oyo aba asobodde okutuuka gy'eri; naye oyo awakanya mazima ddala Allah mugagga talina kye yeetaaga eri ebitonde." (Aali Imraan, 3 : 97)



Okulamaga y'empagi y'Obusiraamu ey'okutaano era gwe mulimu ogukyagenda mu maaso nga guzza obuggyga emitima gy'abakkiriza okuva ku Nnabbi eyasooka Adamu (emirembe gibeere ku ye) okutuukira ddala ku Nnabbi asembayo Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Kuno kusinza okulungi era okwewayagaza okutureetera okumanya ekyama ekiri mu bigambo "Fa nga tonnafa".

Okulamaga ssi kintu kipyapya eddiini y'Obusiraamu kye yagunjaawo. Eddiini y'Obusiraamu okujja okulamaga olw'e Makka kwali kwasimba dda amakanda. Wabula Abawalabu baali baakukyusa nga bakufudde mukolo gwa buseegu. Ekika ky'Abakulayishi, ekyali kirina enkizo ku bika bya Abawalabu ebirala, bo baasinzizanga ku Ka'aba nga bambadde mu ngeri yaabweye eya bulijjo. Wabula byo ebika ebirala abakyala n'abaa-mi emikolo gy'okusinza ku Ka'aba n'okugyetooloola baagikolanga bali bukunya nga bwe baazaalibwa. Gwabeeranga mutawaana gwa Bakulayishi okubawa engoye ez'okwebikkako n'okwambala. Kino bwe bataakikolanga ng'abagenyi bajja kumalako emikolo nga bali bwereere. Era abantu bano baasalanga ebisolo ebya saddaaka omusaayi gwabyo ne bagusaasaanya ku bisenge bya Ka'aba, ate mu kifo ky'okukozesa ennyama eno esaddaakkiddwa mu bintu ebizimba bo baayokyanga njokye n'esirikka. Obusiraamu bwe bwajja bwasangulawo ebikolwa ebibi Abawalabu bye baakoleranga mu kulamaga wamu n'okuwanuuza okulala kwe baalina. Mu Busiraamu, ensonga enkulueri mu bikolwa



ebi'okusinza, kwe kujukira n'okutendereza Allah, okusaba okusonyiyibwa, n'okugulumiza ebigambo Bye. Obusiraamu bwe bwagogola hijja ne bugiggyamu okuwanuuza kw'Abawalabu kwe baali bagigattiseemu, ne bugirongoosa ne bugizza mu kkubo ettuufu nga bwe yabeeranga okusooka mu mbeera entukuvu.

Okulamaga kulimu ebirungi bingi eri Omukkiriza wano ku nsi ne mu bulamu obw'oluvannyuma. Okusaasira kwa Allah okutaggwaawo kweragira mu biseera by'okulamaga ku ttaka lino ettukuvu (ery'emiziyo). Abasiraamu bonna abo abeetooloddwa okusaasira kwa Allah n'okusonyiwa kwe beesanga bali mu kibangirizi ekijjudde omukwano n'ekitii-bwa olwo ne bateekawo embeera y'obwasserganda wakati waabwe.

Nga tuyita mu kulamaga, tufuna okuyiga mu kwewaayo kwa Bannabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) ne Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) ne tutegeera obwesigwa obw'amaanyi bwe baalina mu Allah. Nga bwe kyogerwa mu Kulaane, Bulayimu bwe yalagirwa okusala omwana we ku lwa Allah, yakkiriza okusalawo kwa Allah. Mu ngeri y'emu, Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) yakasuukirira Sitaane amayinja, Sitaane bwe yali emusendasenda agyemere kitaawe era amubuleko awone okusalibwa. Nga tuli mu buwufu bwe bumu obwa Ismaaila eyakasuukirira Sitaane amayinja, naffe twandiyigidde ku kino ne tukasuukirira bye twagala n'emyoyo gyaffe bye gyegomba wamu n'obwagazi bw'emitima gyaffe amayinja. Nga Ismaaila bwe yakuba Sitaane, naffe tulina okulwanyisa okwagala kwaffe okutaliimu n'okweraga. Hijja eno luba lukunngaana olunene olw'abantu okuva mu nsi ez'enjawulo ne langi ez'enjawulo, nga kino kitujjukiza Olunaku lw'okulamula, abantu mwe bajja okukunngaanira mu kkooti ya Katonda nga tewali kusosola mu langi oba amawanga. Embeera eno ey'entiisa ejja kuggyawo enjawukana z'amawanga n'ensibuko z'abantu, abantu bonna ebafuule abooluganda, efuule enkolagana mu kukkiriza nga y'amaanyi okusinga enkolagana endala zonna.

Mu hijja, Abasiraamu bonna bambala engoye enjeru ezitali ntunge nga zidda mu kifo ky'engoye zaabwe ze bambala bulijjo. Kano kabonero akalaga okwawula omwoyo ku kyambalo ky'ebi'obwagazi bw'omutima n'okulinnya kw'omwoyo ne gubeera waggulu w'obunafu bwonna, n'ebiyetaago by'omubiri ebinyoomebwa era ebikkakkanya omuntu.

Ekifo emikolo nya hijja we gikolerwa nakyo kirina ekifo kya nkizo mu bulamu bw'Abasiraamu. Bino bifo bitukuvu mu ngeri y'emikisa nya Allah ne mu ngeri y'ebi'omwuyo, n'okusinza Allah ate n'okuba n'obubonero Obutukuvu. Mu bifo bino, omuntu buli kiseera ajjukizibwa ekisa kya Allah ekitalina kkomo n'emikisa nya egitaggwaawo. Kulaane ennyonnyola obutukuvu bw'embeera eno ng'obubonero bwa Allah era ng'ebifo bya Allah ebitukuvu.

Ekigendererwa ekirala ekiri mu kulamaga olw'e Makka (okukola hijja), kye ky'okuba ng'omulamazi abeera mu mbeera y'emu nga Bassswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ne Nnabbi yennyini nya yabeerangamu mu bifo bino ebitukuvu. Ettaka lino ettukuvu eryayozebwा amaziga g'abo abaagala Allah okuva ku Adamu (emirembe gibeere ku ye) okutuuka ku Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) lyebulunguddwa ebijjukizo bingi ebya Bannabbi ab'ebitiibwa, okusaasira kwa Allah kubeere ku bo, n'abagoberezi baabwe. Abo bona abatuukiriza emikolo nya hijja baba bali mu buwufu bwa bantu bano abatukuvu.

Mu ttaka lino ettukuvu, tujjukira esswala za Bannabbi abaasooka nga Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) eyagamba nti:

"Katonda waffe! Tufuule ffembi Abasiraamu (abeewaayo ku lulwo) ne mu zzadde lyaffe (oteekemu) ekibiina ekyewaayo ku lulwo, era otulage emikolo gyaffe gyonna (egya hijja) okkirize okwenenya kwaffe; kubanga mazima Ggwe okkiriza okwenenya (kw'abaddu bo) era Omusaasizi ennyo." (Baqara, 2 : 128)

Mu ngeri eno, tuddamu essaala ze zimu nga ze baasaba ne tufuna emikisa okuva ewa Allah ng'okusaba kwaffe kukkirizibwa.

Abasiraamu bulijjo babeera beegomba nnyo okukyalako mu bifo bino ebitukuvu. Abatontomi baawandiika ebitontome ebisinga obulungi ku ttaka lino. Omu ku bo yali ayogera ku mpewo y'okumakya n'agamba nti:

Mpewo ggwe ey'okumakya! Olunaku lumu bw'oyitanga mu nsi entukuvu, twala ebiramuso byange eri Nnabbi ow'abantu n'amajinni.

Abo bona abaaali batasobola kukyalira bifo bino basindikanga ebiramuso byabwe nga bakozesa empewo. Baasibulanga abo abagenda oku-

lamaga nga babasiibuza edduwa zaabwe ezisinga obulungi era baaweere-zanga esswala zaabwe ennungi nga bayita mw'abo abagenda okulamaga.

Naddala mikwano gyā Allah abaali batayinza kufuga kwagala kwe baalina eri ensi entukuvu, baagendanga ne basaalira mu bifo bino ebitukuvu nga bakozesa ekyamagero ekya “twayy al-makaan”, ekitegeeza nti enngendo empanvu zaafunzibwanga ne basobola okutuuka mu bifo mu butikitiki obutono ennyo.

Abamu ku mikwano gyā Allah tebaakomanga ku bo bennyini kulambulanga bifo bino (kukola hijja) mu ngeri eno, wabula baasitulanga n'abo abataalinanga busobozi kugenda mu hijja mu ngeri y'emu ey'ekyewuunyo. Olugero luno lumanyiddwa nnyo naddala mu Basuufi era ng'eno ye nsongya eyavaako Omusuufi omwatiikirivu gwe bayita Aziiz Mahmood Hudaayi okukyuka n'adda mu Basuufi.

Mu kiseera ekkyo Hudaayi yali mulamuzi wa Bursa ekibuga ek'yamaani mu Ba-Ottoman. Olunaku lumu waaliwo omusango ogw'ebiyewuunyo ogwamuleeterwa omukyala eyajja gy'ali nga yeemulugunya.

“Omulumuzi ow'ekitiibwa! Buli mwaka omwami wange ayagala nnyo okugenda okukola hijja naye olw'obwatu tasobola kusimbula kigere kutandika ku lugendo olwo. N'omwaka guno bwe kyabadde, yayagadde okugenda mu hijja naye n'atasobola. Wabula ng'okulamaga kubulako ennaku nttono, yabulawooko n'akomawo nga wayise ennaku ttaano oba mukaaga n'agamba nti yakyadde ku ttaka ettukuvu era n'akola hijja. Kisoboka kitya okukola hijja mu kaseera akatono ennyo bwe katyo? Omusajja ono mulimba nnyo era olw'ensonga eyo njagala kwawukana naye.”

Olw'okwagala okukakasa obutuufu bw'ebigambo by'omukyala ono, Hudaayi yayita bba w'omukazi mu kkooti. Yamubuuza ky'ayogera ku bigambo mukyala we bye yali yeemulugunya oba omukyala we by'aloopye bituufu oba nedda. Omusajja yaddamu bw'atyi:

“Ssebo Omulumuzi! Buli kintu mukyala wange ky'ayogedde kituufu. Ekituufu ky'ekyo nnagenze mu kulamaga, gye nnasanze n'abalamazi abalala abava eno e Bursa ne mbawa ebantu byange ebimu babindeetere awaka nga bakomawo.”

Omulumuzi kino kyamuyitirirako kwe kubuuza omusajja nti:

“Kijja kitya okuba nga wagenze okulamaga n’otamalaayo na sabbitti?” (kubanga mu biseera ebyo, ne bwe yabanga entambula esingayo obwangu olugendo lwalina luwanvu nga lutwala myezi).

Omusalija yaddamu nti: Ssebo Omulamuzi! Nnali mwennyamivu olw’obutasobola kugenda kulamaga lwe Makka. Bwe nnagenda okukyalira mukwano gwa Allah, Mehmed Efendi kwe kumuyitiramu mu kizibu kyanje. Yanngamba nzibirize amaaso nagenda okuzibula nga ndi ku Ka’aba”

Omulamuzi eyali tafunanga ku musango ogw’engeri eyo eyeekyewuunyo mu bulamu bwe, yagaana okumatira ebigambo by’omusalija era okwewozaako kwe n’akugaana.

Wabula omusalija eyali akyaliko eky’olugendo luno olutali lwa bulijjo olutukuvu yabuuza omulamuzi ekibuuozo kino wammanga:

“Ow’ekitiibwa Omulamuzi! Olaba Sitaane, omulabe wa Allah, asobola okwetooloola ensi yonna mu butikitiki, butya mukwano gwa Allah bw’atasobola olw’olumu kugenda kulamaga lw’e Makka?!”

Omulamuzi, Mahmud Hudaayi bwe yalaba ng’omusalija by’azzeemu bitegeerekeka nnyo kwe kwongerayo mu maaso okuwa ensala ye abalamazi abalala bamale okukomawo okuva mu bifo ebitukuvu asobole okukakasa oba omuwawaabirwa yaliyo oba nedda. Oluvannyuma lw’ebbangga, abalamazi baakomawo, Hudaayi n’ababuza oba baaliko n’omusalija ono ku Ka’aba okutuukiriza emikolo gya hijja. Ekyewuunyisa, baakakasa nti yaliyo. Wano Omulamuzi we yagobera omusango kubanga omusalija teyali mulimba.

Oluvannyuma lw’ekyafaayo kino eky’ebiyewuunyo, Hudaayi yasisinkana Mehmed Efendi, Omusuufi Omwatiikirivu ow’ekiseera ekyo era mu ye mwe yayita okusobola okutuuka ku mukulu w’Abasuufi ayitibwa Uftaada. Yafuuka omugoberezi wa Uftaada mu kutendeka eby’omwoyo. Era ng’ayita mu kutendekebwu n’okulunngamizibwa Uftaada, Hudaayi yatuuka ku ddaala erya waggulu mu kkubo ly’ekisuufi era naye n’afuuka Omusuufi omututumufu era entaana ye eri mu kitundu kye Uskudar mu Istanbul erambulwa abagenyi bangi buli lunaku.

Mu bimpimpi, omuntu agenda okukola hijja aba tayagala kulaba musenyu gwa ddungu, wabula aba ayagala kukyalira ebifo bya Bulayimu ne mutabani we Ismaaila. Omuntu aba agenda kulaba ebifo Nnabbi

(Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) gye yazaalibwa, gye yawangaa-lira ne gye yasaasaanyiza Obusiraamu, asobole okusika ku mpewo emu ne Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) gye yasikanga. Kino kuba kulinnya mu bigere bya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'okulaba obubonero bwe mu bifo bino nga Kulaane bw'egamba nti:

“Mazima ddala Ennyumba (ey'okusinza) eyasooka eyateekerwawo abantu y'eyo eri e Bakka (Makka), ejjudde emikisa era nga ky'ekyoku-lunngamya eri ebitonde.” (Aali Imraan, 3 : 96)

N'olw'ekyo, abo bona abatunuulira ebifo bino n'amaaso g'emitima gyabwe basobola okulaba emikisa gya Allah okwagala kwabwe eri Allah ne kusobola okutambulira mu misuwa gyabwe. Buli gye batunula yonna nga balaba bubonero era mu kyo ne bakwatibwa amabbabbanyi oku-nyumirwa mu myoyo gyabwe. Bwe batyo buli kaseera bajjukira Allah, ne bamutendereza, ne baddinngana okwogera amannya ge wamu n'oku-tendereza Ekitiibwa kye. Obudde bwabwe mu bifo bino ebitukuvu babu-mala nga bawa ekitiibwa ekya waggulu era nga bafaayo eri obubonero bwa Allah nga bwe kiri mu *aya* eno:

“Enkola erina kuba bw'etyo, era n'omuntu agulumiza obubonero bwa Allah mazima ekyo kya mu kutya okw'omu mitima.” (Hajj, 22 : 32)

N'olw'ekyo, hijja si kusinza mu bikolwa bya mubiri byokka, wabula, waggulu wa byonna, kikolwa kya kusinza mu mwoyo. “Al-Hajj al-Mabruur,” (hijja ennungi), nga Nnabbi bw'agitutegeeza erimu, okuva ku ntandikwa okutuusa ku nkomerero, ebikolwa ebirungi omuli okwene-nya ebibi, okusaba edduwa, n'okusaba okusonyiyibwa ng'eno y'engeri y'okusinza esinga okubeera waggulu. Bwe gityo emitima gifuna emikisa n'okusaasira kwa Allah. Omulamazi mu ngeri y'emuasuubiza Allah okubeera n'empisa ennungi ezisembayo waggulu n'ebikolwa by'okusinza ng'amaze okudda eka.

Edduwa ya Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) ejja wam-manga gye yasaba bwe yali azimba Ka'aba etulaga bwe tulina okusaba nga tuli mu bifo bino ebitukuvu:

“Katonda waffe! Tufuule ffembi Abasiraamu (abeewaayo ku lulwo) ne mu zzadde lyaffe (oteekemu) ekibiina ekyewaayo ku lulwo,

era otulage emikolo gyaffe gyonna (egya hijja) okkirize okwenenya kwaffe; kubanga mazima Ggwe akkiriza okwenenya (kw'abaddu bo) era Omusaasizi ennyo.” (Baqara, 2 : 128)

Abasiraamu abagenda okulamaga olw'e Makka n'emitima egijjudde okwagala, bamanya nti batambulira mu kkubo lye limu ne Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) lye yatambuliramu olwo ne bawulira nga bafa essanyu. Ekyokulabirako, bwe batambulira lu lusozi Sswafa, balowooza ku bigambo Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bye yagamba abatali bakkiriza ng'abayita okujja eri Obusiraamu. Kabaka w'ensi yayogera eri abantu b'e Makka ng'ali ku lusozi luno n'abagamba nti:

“Bwe mbagamba nti emabega w'ensozi zino waliyo omulabe ayagala okutulumba, muyinza okukkiriza kye mbagamba?”

Bannamakka baddamu nti: “Tukkiriza ky'otugamba ne bwe tuba nga tetulabye kiri mabega wa lusozi, kubanga ggwe Muhammadi Omwesigwa gwe tutayinza kubuusabuusa by'oba oyogedde.”

Wano Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kugamba nti:

“Nga bwe mwandinneesize mu nsonga eyo, era munzikirize kati nga mbagambye nti Katonda ali Omu Yekka Oyo eyatonda ensi eno. Amasanamu ge musinza tegalina kye gali okuggyako mayinja buyinja, ttaka butaka, oba mbaawo. Muve ku masanamu gano mukkiririze mu Katonda omu. Mukimanye nti Katonda antumye nga Nnabbi gye muli.”

Nga bawulidde ebigambo bino, taata wa Nnabbi omuto eyayiti-bwanga Abu Lahabi n'abatali bakkiriza baddamu nti: “Bino by'otuyitidde?” Olwo ne bamuviiro nga tebakkirizza bigambo bye newankubadde nga baali bakkiriza amazima agali mu bigambo bye, okwagala kw'emitima gyabwe okunyoomebwa ne kubasinza amaanyi ne bagoberera enneeyisa ya bajjajaabwe envundu.

Naye Nnabbi enneeyisa yaabwe teyamumalaamu maanyi wabula yagezaako nga bw'asobola okuweereza amazima agava eri Allah ng'awee-reza emitima gy'obuntu ng'oyo awa amazzi g'obulamu omuntu afa enkalamata. Mu kulamaga tufuna omukisa gw'okulowooza ku bikolwa bya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) eby'obuvumu.

Nga tuli e Makka tuwulira amaloboozi agava mu kusomesa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe yakoleranga mu Daar al-Arqam nga gatuddira. Dar al-Arqam ye nnyumba ya Arqam omugoberezi wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe), Nnabbi gye yasomesezanga eddiini Abasiraamu abaasooka mu nkukutu. Tusobola okuwaayo ebikopo byaffe batuteekeremu ku mikisa okuva mu bulamu Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe baawangaalanga oluvannyuma lw'okusenguka okugenda e Madiina. Bwe tulambula Empuku y'e Thawur, tufuna omugabo gwaffe ku biro eby'omwoyo ebisatu Nnabbi bye yamalamu ne Abu Bakari ne twetaba mu kwo-gera kwabwe. Mu kubeera awamu okw'omwoyo wakati wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ne Abu Bakari, olujegere olwa zaabu (olwa Naqshbandiyya) Iwatandikawo. Tusobola okuloza ku buwoomu bw'okukkiriza mu mukwano n'okwagala ebyaliwo mu mpuku eno. Nga tuli e Madiina tufuna ebijjukizo bya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) wamu ne Basswahaba be awo oluvannyuma ne tuddayo mu Makka, ku luno nga tulowooza ku ngeri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) gye yanunulamu Makka. Bwe tutunuulira ensozi ezeetoolodde Makka, tuyinza okukuba obufaananyi bw'emiriro Basswahaba gye baakuma basobole okutiisa ab'omu Makka ng'okunu-nula tekunnabaawo. Era tuwulira nga Bilaali azzeemu okukoowoola Abasiraamu okusaala nga kiringa bwe yakola omulundi ogusooka, oluvannyuma lw'okununula Makka okwaziina kwe lwe kwabuutikira Ka'aba. Era tuwulira nga Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) asoma *aya* eno:

“Era gamba nti: ‘Amazima gazze obulimba ne buseebengerera. Mazima obulimba lubeerera bwa kuggwaawo”. (Israa, 17 : 81)

Nga tumaze okukuba ebifaananyi bino byonna, tuyingiza munda mu mitima gyaffe obubonero obwa wabweru nga tulowooza nti Ka'aba y'emitima gyaffe eyonooneddwa amasanamu g'okwagala okufuula omuntu anyoomebwa, bwe tutyo nga tukozesa amaanyi ag'omwoyo ge tuba tujje mu hijja tukoona amasanamu gano ne tukuumma emitima gyaffe nga miyonjo eri Allah Yekka. Mu ngeri eyo, emitima gyaffe tugifula ekifo ky'okweyoleka okutukuvu. Okuva ku mukkiriza omunafu okutuu-ka ku w'amaanyi, omulimu gwa hijja gulimu eby'obugagga bingi ebiraga okweyoleka okutukuvu okusinziira ku kutegeera kwa buli omu we kuko-

ma. N'olw'ekyo hijja kikolwa ekizingiramu ebintu eby'okusinza byonna nga bikiikirira emigaso egy'omwoyo emingi ennyo eri Abasiraamu. Mu hijja omukkiriza yeeyoleka eri enkuba y'emikisa egy'okusaasira kwa Allah ate n'akutula enjegere z'omwoyo (omwoyo ogusendasenda omuntu okukola ebibi) ne yeewala embeera embi ey'omwoyo.

Ku Arafaati, obukadde n'obukadde bw'Abasiraamu bakunngaana ng'ekibakunngaanya kwe kutendereza Katonda waabwe. Olukunngaana luno olunene lutujjukiza Olunaku lw'okuzuukira, abantu bona lwe balikunngaana mu maaso ga Omuronzi waabwe. Ku lunaku luno abalamazi bona, nga bambadde ebyambalo bye bimu, baba benkanankana. Ate era baba tebakyalina kye basobola nga bona beetaaga kusaasira kwa Allah. Arafaat kwegezaamu kuno ku nsi n'okutandika okweteekeratee-keria olunaku olwo okutandika n'olwaleero. Abasiraamu bawaayo okusaba kwabwe okusinga okubeeramu obwesimbu eri Allah era ne basaba okusonyiyibwa ebibi byabwe. Abakkiriza baggulawo essuula empya entukuvu ey'obulamu bwabwe bwonna, nga balagaanyisa Allah okuwan-gaala obulamu obw'obugonvu n'okwewaayo eri Allah.

Arafa ke kantu akatono akatuwa ekifaananyi ku kinaabaawo ku Lunaku lw'amazuukira, ebigere n'emitwe nga bibikkuddwa, wadde nga mu Arafa kino kikwata ku basajja bokka, n'engoye bbiri zokka ng'olumu lubisse waggulu olulala wansi. Tewabaayo alina maanyi gatunuulira birala okuggyako okulowooza ku byagendako ebimukwatako.

Arafa kifo kya kunoonya kusonyiyibwa na kufuna bubudamo.

Nga tuli mu Arafa, abantu okukunngaana ku makya ate nga bali wamu mu bibinja kijjukizo kya Basiraamu ku bintu ebyaliwo edda ennyo mu byafaayo by'obuntu mu nsi eno. Omuntu eyasooka, kitaffe Adamu (emirembe gibeere ku ye) ne maama waffe Haawa baalya ekibala ekya-gaanibwa era ne baggyibwa mu ggulu ne batekeebwa mu nsonda z'ensi ez'enjawulo. Adamu (emirembe gibeere ku ye) yasaba Allah amusonyiwe ku lwa Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ng'amanyi nti yalina ekifo eky'enkizo mu maaso ga Allah. Allah yakkiriza okusaba kwe era n'abasonyiwa, olwo kwe kumusindikira Malayika eyamukulembera okumutuusa e Makka. Ate ye Haawa eyali agudde mu kifo ekiyitibwa Jidda (Jeddah) naye yakulemberwamu Malayika okumu-tuusa e Makka. Baddamu okusisinkana mu kifo Arafaat ku lunaku lwa

“Arafa” mu ttuntu. Baakaaba olw’ebibi bye baali baakola era ne basaba okusonyiyibwa okuva eri Allah.

Olw’ekisa kya Allah ekingi, n’omukwano gwe eri obuntu yakkiriza okusaba kwabwe era n’akkiriza ne bazzukulu baabwe okusaba mu ngeri y’emu era mu ssaawa y’emu mu buli mwaka okutuusa ku Lunaku lw’okulamula. Allah yasuubiza okusonyiwa okwannamaddala n’okwesima eri abo bona abanaatambulira mu buwufu bwa Adamu (emirembe gibeere ku ye) mu kusaba okusonyiyibwa mu kifo kye kimu. N’olw’ekyo, ku lunaku lwa Arafa, abalamazi bagenda ku Arafaat ne basaba Allah okubasonyiwa.

Oluvannyuma lw’okuddamu okusisinkana, Allah yalagira Adamu ne Haawa okutwala Makka ng’ekifo ew’okubeera amaka gaabwe. Mu kujukira kino, Makka eyitibwa Ummul Qura, Maama w’Ebibuga. N’olw’ekyo omwo tulabamu embeera y’Obusiraamu okubeera eddiini ebuna abantu bona. Mu Makka abantu bona, nga tososodde mu langi, ggwanga oba embeera y’ebyenfuna, bafuuka baaluganda nga bajjukira nti bona bava mu taata ne maama omu, nga be Adamu (emirembe gibeere ku ye) ne Haawa. Nga bali mu hijja abagagga, abaavu, abafuzi, abafugibwa bona bayimirira mu kibangirizi kimu nga bali mu byambalo bye bimu n’ennyambala efaanana. Newankubadde mu nsi z’Abasiraamu mulimu ebizibu by’ebi’obufuzi n’empangaala y’abantu eya bulijjo, embeera ey’emirembe n’obwasserugamda mu bifo ebitukuvu byeyagaza. Abantu balaba entikko y’okusaddaaka ennyo ne balaga omukwano omungi ebyandiwadde ekifaananyi ekirungi eri amawanga gonna mu nsi yonna. Amatendekero wamu n’ebitongole bingi eby’okwagala okwefaanaanyirizaako kuno bwe kutyi bakoma ku kuloota kuloote.

Tuyinza n’okugamba nti tewaliyo ddiini eyali ekunngaanyizza bantu bangi aba langi ez’enjawulo n’amawanga mu mbeera etuukiridde bw’etyi. Ensonga eri nti Obusiraamu bukulembeza ensonga y’ebi’emyoyo n’eddiini ng’omusingi gw’obwasseruganda wabula ssi migaso egirabikako. Obwasseruganda oba obumu obwesigamiziddwa ku migaso egirabwako eba erina okusaanawo ku nkomerero olw’abantu ennyonta gye balina okufuna obuyinza n’ebi’okufuna (obugagga). Okuggyako ng’emyoyo gigunjuddwa mu kwerekereza n’okwagala olwo lwe wayinza okubaawo obwasseruganda obwannamaddala.

Muzdalifa mu Kulaane eyitibwa “al-Mash’arul Haraam”, ekifo awakunngaanirwa eky’emizizo, kye kifo ekijjudde okwewayoleka kw’Okwagala kwa Allah n’Ekisa Kye. Wano emitima we girina okwerabira ebirala byonna okuggyako Amaanyi n’Obwakabaka bwa Allah era ne gyeraga eri okwewayoleka kw’emikisa Emitukuvu.

Ng’ennaku z’okusaddaaka ebisolo okw’okwewayama ziwedde abalamazi basala ebisolo eby’okusaddaaka (“Qurbaan”) okugulumiza erinnya lyu Allah nga bajjukira okusaddaaka Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) kwe yakola era nga tuyita mu kusaddaaka ebisolo nga tukoppa Nnabbi Bulayimu, tufuna embeera ey’omwoyo naye gye yafuna. Abo bonna abaafuna omukisa guno ne bawulira empewo za Bulayimu mu kusaddaaka kwabwe, baba balina okusoma *aya* ya Kulaane eyo eyogera ku Bulayimu bwe yalangirira nti: **“Mazima ddala nze njolekezza ekyenyi kyange eri Oyo eyatonda eggulu n’ensi; nga ndi asinza Allah Yekka, era nga siri wa mw’abo abagatta ebantu ebirala ku Allah”** (An’aam, 6 : 79)

“Gamba nti: mazima okusaala kwange n’emirimo gyange (emirungi gyonna) gye nkola, n’obulamu bwange n’okufa kwange, (byonna) bya Allah Omulabirizi w’ebitonde.” (An’aamu, 6 : 162)

Nnabbi ow’ekitiibwa Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yasoma ebigambo bino wammanga ng’ali mu lugendo lwe olwamujja e Baabil (Babylonia) okugenda e Damascus nga Allah bw’akirambika mu Kulaane nti:

“(Bulayimu) n’agamba nti (ka nve mu nsi eno). Mazima ddala nze nngenze eri Katonda wange! Ajja kunnunngamya (andage ekifo ekirungi eky’emirembe). Katonda wange! Nkusaba ongabire (omwana) ow’omu balongoofu.” (Swaffaat, 37 : 99 – 100)

Aya eno etutegeeza nti waliwo olugendo olulina okutambulwa okuva mu mutima gw’omuntu okugenda ewa Allah Oyo asinga okubee-ra ow’omukwano. Era mu lugendo luno Omukkiriza asobola okutuuka eri Katonda.

Kulaane eyongera n’ennyonyola engeri edduwa ya Bulayimu gye yasaba bwe yayanukulwa:

“Ne tumuwa amawulire ag’essanyu (nga tumutegeeza nga bw’anaafuna omwana) omulenzi ow’ekisa.” (Swaffati, 37 : 101)

Ate bwe yatandika okukola naye, n'amugamba nti: Mutabani! Nkukakasa nti ndabye mu kirooto nga nnina okukusaddaaka; kitunulemu olabe ky'olaba. Ismaaila yaddamu nti:

“Kitange! Kola ekyo ky’olagiddwa. Ojja kunsanga, Allah bw’anaaba ayagadde, nga ndi ow’omu bagumiikiriza (abavumu). (Swaffaat, 37 : 102)

Bombi bwe baamala okwewaayo eri okusalawo kwa Allah, era nga Bulayimu amaze okumuganzika ku kyenyi (amusale), twamukoowoola nti:

“Owange Bulayimu! Mazima otuukirizza endooto! Mazima ddala Ffe bwe tutyo bwe tusasula abakozi b’obulungi. Mazima ddala, okwo kwe kugezesebwa okweyolefu.” (Swaffaat, 37 : 103 – 106)

“Ne tumununula n’ekyokusala ekisava (nayo yali ndiga njeru); ne tumulekerawo okwogerwako obulungi mu balijja oluvannyuma. Emirembe gibeere ku Bulayimu bwe tutyo bwe tusasula abakozi b’obulungi. Mazima ye (Bulayimu) wa mu baddu baffe Abakkiriza.”

(Swaffaat, 37 : 107 - 111)

Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) ku lw’akabonero okuva eri Allah, yatwala Hajara ne mutabani we Ismaaila e Makka. Oluvannyuma n’addayo ewa mukyala we Sarah. Yateranga okukyalira Hajara ne mutabani we (Ismaaila). Mu lumu ku nkyala ze zino, Nnabbi Bulayimu yali alabye Makka mu kirooto era nga mu kirooto kino yalaba ng’asala omwana we Ismaaila (emirembe gibeere ku ye). Bulayimu yabuuusabuusa ekirooto kino oba nga ddala kyali kiva wa Katonda oba nga bukuusa bwa Sitaane. Wabula oluvannyuma lw’okufuna ekirooto kino enfunda ezaawerera ddala essatu ennamba yamanya nti kyali kiva wa Katonda. Ebirooto ebibiri ku birooto bino Bulayimu yabiroota mu nnaku ebbiri ezisembayo ng’ekiseera kya Eid-ul-Adhuha (gye tusaala kati) tekinnatuuka ate ekirooto eky’okusatu kyo n’akiroota ku lunaku olukwatagana n’olunaku olusooka olwa iddi gye tusaala olwaleero.

Bagamba nti, Allah Ow’obuyinza yalagira Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) okusala omwana we kubanga Bulayimu yali yasuubizza Allah nti singa yalina omutabani yali wa kumusaddaaka ku lwulwe. Allah kwe kumugezesza oba yali asobola okutuukiriza kye yali yeeyama oba nedda. Wabula Bulayimu teyamenya kisuubizo kye era oluvannyuma yagamba maama wa Ismaaila (Hajara) okumunaaza n’okumusiiga

akawoowo. Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yategeeza Hajara nga bwe yali alina ewa mukwano gwe gye yali awtala omwana. Era yagamba Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) agende n'ekiso wamu n'omuguwa, ng'amugamba nti:

“Owange mutabani! Nngenda kukusaddaaka ku lwa Allah.”

Bombiriri baagenda mu kifo ekiyitibwa Arafaat, abalamazi gye bakunngaanira ku lunaku lwa Arafa. Sitaane yali erinze akaseera aka-tuufu, era nga yeefudde ng'omusajja, yatuukirira maama waffe Hajara n'emubuuza nti: ‘Omanyi wa Bulayimu gy’awtala mutabani wo?’

Hajara yaddamu nti: “Amutwala wa mukwano gwe.”

Sitaane kwe kumugamba nti: “Nedda! Bulayimu mutabani wo amutwala kumusala.”

Hajara yaddamu nti: “Ekyo tasobola kukikola kubanga ayagala nnyo mutabani we.”

Sitaane kwe kumunyyonnyola nti: “Bulayimu agenda kusala omwana kubanga (agamba nti) Allah y'amulagidde okukikola.”

Hajara yalaga obwesige obw'amaanyi mu Allah era n'addamu Sitaane nti: “Bw'aba nga Allah y'alagidde ekitegeeza nti ekyo kintu kirungi, kuba Allah tumwesiga.”

Sitaane bwe yamala okulemererwa okusendasenda maama waffe Hajara, yadduka za mbwa okugenda ewa Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) esobole okumusendasenda. Yabuuza Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) ebibuuzo bye bimu nti:

“Omanyi ddala wa taata wo gy’akutwala?”

Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) yaddamu nti: “Antwala kutuukiriza kiragiyo kya Allah.”

Sitaane kwe kumusoomooza nti: “Okimanyi nti taata wo ajja kukusala?”

Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) ng'awulidde kino yavuma Sitaane n'agigamba nti: “Genda ewuwo ggwe eyakolimirwa! Ffe ebiragiyo bya Katonda waffe tubigoberera mu mukwano.” Oluvannyuma n'agikasuukirira amayinja.



Sitaane teyapondooka era ku luno kwe kwanguwa n'agenda ewa Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) n'amugamba nti:

“Musajjamukulu! Mutabani wo omutwala wa? Sitaane yakulimbye mu kirooto kye waloose, ebirooto byo tebiva wa Katonda wabula bike-mo bya Sitaane.”

Bulayimu yaddamu nti: “Ggwe Sitaane nnyamuka mangu!”

Yalonda obuyinja musanvu n'akasuukirira Sitaane emirundi esatu mu bifo eby'enjawulo. N'olw'ekyo ekikolwa ky'okukanyugira Sitaane amayinja kiva ku kuijukira kikolwa kya kitaffe Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) kino era ekikolwa kikolebwba buli mulamazi. Okusaddaaka kuno okatalina kukwenkana, kuzze kubaawo mu Busiraamu ng'okukanuga obuyinja kimu ku mikolo mu kukola hijja.

Bwe baali bava e Mina nga bagenda mu Arafaat, Bamalayika baabu-gaana essanyu. Buli omu yatandika okubuulira munne nti:

“Tutendereza Allah! (Tolaba nga kyewuunyisa) Nnabbi okutwala Nnabbi munne okumuwaayo nga saddaaka”.

Bulayimu yannyonnyola eky'olugendo lwe n'ekiragiro kya Allah ekikwata ku mutabani we Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) n'agamba nti:

“Owange mutabani! Ndagiddwa mu kirooto okukusala nkuweeyo nga saddaaka.”

Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) yabuuza: “Taata! Ddala Allah y'akulagidde onsale ompeeyo nga saddaaka?”

Bulayimu yaddamu nti kituufu. Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) olwawulira kino kwe kuddamu bw'atyi:

“Taata! Kola nga bwe bakulagidde. Allah bw'anaaba ayagadde, ojja kunsanga nga ndi mu bantu abagumiikiriza.” Mw'ekyo yalaga nti asobola okwewaayo okusaddaakibwa nga musanyufu okusobola okutuukiriza ekiragiro kya Allah.

Banyumya nti, Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) bwe yateeka ekiso ku bulago bwa Ismaaila (emirembe gibeere ku ye), Malayika enku-lu Jibuliilu, ng'amaze okulaba embeera bw'efaanana, kyamuyitirirako okusinga kye yali alabyeko. Kye yasooka okukola mu kaseera ako kwe

kujjako obwogi bw'ekiso. Ekisa kya Allah Owoobuyinza n'Obuyambi bwe byajja mu kaseera ako okuva Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) bwe yali amaze okulaga nti yali asobola okusaddaaka omwana we ku lulwe. Allah yamuwaanyisizaamu endiga gye yamusindikira okuva mu ggulu. Bulayimu ne Ismaaila baasala endiga eno ne batendereza Allah olw'ekyengeria kino kye yali abawadde.

N'olw'ekyo, Abasiraamu bwe basaddaaka ebisolo ku lwa Allah, balina okujjukira ebintu bino. Ekigendererwa ekikulu kwe kulaga nti tulina kye tuyiga mu kwewaayo kwa Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) okutaliiko kakwakkulizo n'okussa mu nkola ebintu bino mu bulamu bwaffe. Ekitali ekyo, okusala obusazi ebisolo tekirina mugaso mu maaso ga Allah singa amakulu ag'omwoyo gabuzeewo. Olw'okukkaatiriza ensonga eno, Kulaane etulabula nti:

“Ennyama y'ensolo (ze musaddaaka) wadde omusaayi gwazo tebituuka ku Allah naye okutya kwe mubaamu kwe kumutuukako.” (Hajj, 22 : 37)

Nga bamaze okusaddaaka eri Allah, abalamazi basalako enviiri zaabwe okulaga nti baddu ba Allah. Mu biseera ng'Obusiraamu tebunnajja, omuntu eyalinanga omuddu gwe yabanga agenda okuta, yasookanga kumumwako nviiri nga tannamuta okulaga nti abadde muddu. Abasiraamu eky'okumwa baakitwala mu maaso okulaga nti baddu ba Allah era abawulize eri ebiragiro bye. Okukozesa ebigambo ebirala, okusala enviiri ke kabonero akalaga okuwaayo obulamu bwaffe eri okusala lawo kwa Allah.

E Mina, Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) ne Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) gye baakasuukirira Sitaane amayinja, kifo kitukuvu ekiwa obujulizi ku kwewaayo kwabwe n'obwesigwa bwe balina eri Allah.

Okukuba Sitaane amayinja kabonero ak'okukasuukirira amayinja sitaane ey'omunda amakulu omwoyo gw'omuntu. Era kujjukira butya Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye), Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) ne Hajara bwe baatuukiriza eky'okukasuukirira Sitaane amayinja, ne bagaana okukkiriza Sitaane okubasendasenda.

Okukuba amayinja mu biseera eby'edda kyategeezanga okugobaganya na kikolimo kuba abantu baakolimiranga abalabe baabwe nga bayita

mu kubakuba amayinja. Ekitendo kya Sitaane, “rajiimu”, mu Luwalabu kitegeeza “eyakasuukirirwa amayinja, nga kino kitegeeza “eyakolimirwa” oba engobaganye.

Waliwo omugaso omulala mu kukasuka amayinja nga kutujukiza ekyafaayo ekyaliwo edda mu byafaayo by’Obusiraamu ekya Abraha, eyali omuduumizi okuva mu Yemen era nga yali mugoberezi wa Kristo. Abraha yali ayagala okusaanyaawo Ka’aba. Nga bwe kinyumizibwa mu Kulaane, ensaalwa ya Abraha eri Ka’aba yamutuusa okulumba Makka n’egghe eddene nga kuliko n’enjovu. Wabula Allah yasaanyaawo egghe lino ng’akozesa obunyonyi obwasuulanga obuyinja ku ggye lino. Obuyinja buno bwasaanyawo egghe lya Abraha ery’amaanyi. Bwe kutyo okukasuka obuyinja kukolebwa okujukira ekyafaayo kino.

Mu bimpimpi, okukasuukirira Sitaane amayinja kitegeeza kukolimira na kugobaganya Sitaane n’okulongoosa emitima okugiggyamu Sitaane tusobole okudda eri Allah mu kwewaayo okujjuvu. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) agamba mu hadiisi emu nti ekigendererwa ky’okukasuka amayinja kiri kimu nakyo kwe kuteekawo okujukira Allah. (Mishkat ne Tirmidhi)

Mu hadiisi endala Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) annyonnyola hijja nga: okukuba Sitaane amayinja, okusennyenta (okutambula ng’abaduka) wakati w’obusozi Sswafa ne Mar’wa, n’okwetooloola Ka’aba. Ekigendererwa ekikulu ekiri emabega w’ebikolwa ebyo byonna kwe kujukira Allah. (Tirmidhi ne Nasaa-i).

Sswafa ne Mar’wa bwe busozi obubiri Hajara bwe yaddukirangako ng’ava ku kamu okudda ku kalala ng’anoonya amazzi ag’okunywa ye n’omwana we Ismaaila eyali afa enkalamat. Oluvannyuma, Allah Owoobuyinza, yabawa oluzzi lwa Zamzamu, olukyawa abalamazi amazzi n’okutuusa olaleero. Mu kusobola okutujukiza ekyafaayo kino, okusennyenta (sa’y) wakati w’obusozi obubiri kwafuuka ogumu ku mikolo gy’okukola hijja.

Okusobola okulaga obukulu bw’ensozi zino ebbiri, Allah Owaawaggulu, agamba mu Kulaane nti: “Mazima Sswafa ne Mar’wa bubalibwa mu buponero bwa Allah.” (Baqara, 2 : 158)

Ka’aba kifo kya mugaso nnyo Abasiraamu bona gye boolekera nga bali mu kusinza kwabwe era kye kifo emitima gy’Abasiraamu gye giku-

bira. Ng'omutima bwe guli ekifo ekisinga obukulu mu muntu, ne Ka'aba kye kifo ekirimu okweyoleka okutukuvu kuno ku nsi. Okukyogera mu ngeri endala, Ka'aba erina ekifo kye kimu ng'omutima kye gulina mu mubiri gw'omuntu. Mu Ka'aba tulinamu ekifo kya Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) oyo Abasiraamu gwe bayita Khaliilullah (Mukwano gwa Allah). Allah Owoobuyinza yalagira abalamazi okusaalira esswala y'okwetooloola emabega w'ekifo ekyaweebwayo ng'ekifo kya Bulayimu. Mu ngeri eyo, baba bajja kugoberera obuwufu bwa Bulayimu mu kwewaayo eri okusalawo kwa Allah.

Waliyo era Ejinja Eriddugavu buli Musiraamu ly'awa ekitiibwa. Abasiraamu banywegera ejinja lino era ne baliramusa ng'akabonero k'okukkiriza obuddu bwabwe eri Allah. Kino era kiraga okuleka okwegomba kw'omwoyo awamu n'okusikirizibwa Sitaane.

Ejinja lino ery'emikisa, era liraga entandikwa n'enkomerero y'emikolo gy'okulamaga. Wadde ng'amayinja gonna agali ku Ka'aba gaakyusibwako mu biseera by'okuddaabiriza Ka'aba, Ejinja Eriddugavu likyali mu kifo kyalyo ekiri mu nsonda. Linywegeddwaako obukadde n'obukadde bw'emimwa era ne likwatibwako obukadde n'obukadde bw'ebibatu eby'emikisa. Bwe lityo, wadde nga jjinja lya bulijjo, naye lyafuuka kabonero akalaga obwagazi bwaffe eri Ka'aba. Umaru kino yakikakasa bwe yanywegera Ejinja lino nga Abdullah bin Sarjis bw'anyumya nti: "Nnalaba Umaru bin Khattwab (Allah amusiime) nga anywege-ra Ejinja nga bw'agamba nti: 'Ndayira Allah! Nkunywegera nga nkiman-yidde ddala nti oli jjinja eritasobola kukola bulabe oba okuleeta obulungi; era singa saalaba Mubaka wa Allah ng'akunywegera, ssaaliku-nywegedde'." (Muslim, Ekitabo 007, namba 2914)

Mu bimpimpi, n'ebitendo ebyo byonna, Ka'aba kisiikirize ky'obwakabaka bwa Allah era ensibuko y'Okusaasira kwa Allah n'Emikisa gye. Ekitendo kya Allah eky'Okusaasira n'Okusonyiwa bisinga kweyolekera wano okusinga ewalala yonna mu Bifo bino Ebitukuvu. Ka'aba y'ensi-buko y'ekitangaala kya Allah era ye njuba emulisa emitima gyaffe.

OKUZIMBA KA'ABA

Okusinziira ku byogerwa mu bitabo by'ediini, Adamu (emirembe gibeere ku ye) ne Haawa baabaawula (buli omu okuva ku munne) olu-

vannyuma lw'okugyeema naye oluvannyuma ne basisinkana ku Arafaat ne batambula nga badda Ebugwanjuba. Adamu (emirembe gibeere ku ye) kwe kusaba Allah amuddize empagi y'ekitangaala gye yeetooloolanga ng'asinza Allah mu ggulu. Bwe yasaba bw'atyo, empagi y'ekitangaala n'emuddizibwa era awo n'atandika okusinza Allah ng'agyetooloola.

Empagi eno ey'ekitangaala yabula mu mulembe gwa Nnabbi Seth (emirembe gibeere ku ye), ne wasigalawo Ejinja Eriddugavu lyokka. Wabula yazimba Ka'aba ng'efaanana n'empagi y'ekitangaala n'ateeka Ejinja Eriddugavu lino ku mabbali ga yo. Olwaleero, ekyo kye tuyita Hajar al-As'wad ly'ejinja eryo. Oluvannyuma lw'amataba ga Nnabbi Nuuhu (emirembe gibeere ku ye), omuzimbo guno gwasisgala wansi nga gubikkiddwa omusenyu okumala ebbanga eddene.

Oluvannyuma ennyo Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye), ng'akolera ku biragiro bya Allah, yatambula okutuuka mu bitundu ebyetoolodde Ka'aba era awo n'alekawo mukyala we Hajara ne mutabani we Ismaaila (emirembe gibeere ku ye). Nga ali ne mutabani we, yazuula omusingi gwa Ka'aba ogwali gwazimbibwa Seth (Sheed) (emirembe gibeere ku ye) n'addamu n'aguzimba buto. Bwe yamaliriza okuzimba Ka'aba yasaba Allah:

“Era jjukira ekiseera Bulayimu we yagambira nti: ‘Katonda wange! Fuula ekibuga kino (Makka) eky'emirembe, ogabire abantu baamu ebibala abo abakkiriza Allah n’Olunaku Iwenkomerero’.”

(Baqara, 2 : 126)

Ekyava mu kusaba kuno, kye tusobola okulaba nga mu Makka, abantu abasinga beeyagalira mu buwoomi bw'okukkiriza wamu n'emmere ennungi n'ebibala eby'enjawulo.

Ka'aba yaakkaddamu okuzimbibwa emirundi kkumi na gumu (11) miramba. Okusooka yazimbibwa Bamalayika. Omulundi ogw'okubiri n'ezimbibwa Adamu (emirembe gibeere ku ye), ogw'okusatu n'ezimbibwa Seth (Sheed) (emirembe gibeere ku ye), ogw'okuna n'ezimbibwa Bulayimu (emirembe gibeere ku ye), ogw'okutaano n'ezimbibwa ekika kya ba Amaalika, ogw'omukaaga n'ezimbibwa ekika kya ba Jurhum, ogw'omusanvu n'ezimbibwa Quswayy omukulembeze wa Bannamakkha, ogw'omunaana n'ezimbibwa ekika ky'Abakulayishi (Quraish), ogw'omwendwa n'ezimbibwa Abdullah bin Zubayiri eyabeerawo mu mulembe

ogwasooka ogwatuumibwa Bataabi-uuna, oluvannyuma lw'okufa kwa Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Ka'aba yaddamu n'ezimbibwa omulundi ogw'ekkumi nga yazimbibwa nnaakye-malira Hajjaaji ate ogw'ekkumi n'ogumu gwali gwa Sultan Murat Ow'okuna (IV) Kabaka wa Ba-Ottoman.,

Abaottoman baawa ebifo bino ebitukuvu ekitiibwa. Empisa ezisinga okubeera ez'ekika ekya waggulu ze baayoleta zaasinga kulabikira mu biseera bya Murad IV (Ow'okuna). Ka'aba yakosebwa amataba era ebi-senge byayo ne byonooneka nnyo. Olw'okugiddaabiriza, Yinginiya omukulu, Ridvan Agha yatumibwa okugenda e Makka. Bwe yamala okukola okunoonyereza okumala ku Ka'aba yazzaayo bye yali azudde. Naye olw'ekitiibwa ekingi kye yalina eri Ka'aba, Ennyumba ya Allah, yee-sanga nga yali tayinza kugamba nti ebisenge ebimu byali byonoonese, kwe kusalawo okugamba nti: "Ebisenge ebimu ebony Ka'aba bivunnamye."

Era baafaayo nnyo mu kusobola okuziyiza abakozi ab'ekiwuggwe okuyisa amazzi waggulu w'ebifo eby'ekitiibwa. Bino byonna biraga okugulumiza Abaottoman kwe baalaga eri ebifo bino. Ekitiibwa ekya waggulu kino kyatandikira mu kibuga ekikulu kyennyni. Mu kiseera ekkyo, bwe baasomoka Bosphorous, ekifo ekkyo Abasiraamu mwe baasooka okussa ebigure kyali kiyitibwa Haram, kubanga kye kyali kirina okubatuusa ku Ka'aba. Bwe batyo baatandika okweyisa nga bwe balina okweyisa mu Haram. Tebakiriza mpisa yonna mbi nga bali mu kkubo eribatuusa ewali Ka'aba. Naabi Omutontomi bye yayogera byokka biwa ekyokulabirako ek'yamaanyi ku ndwooza Baottoman gye baalina ku bifo ebitukuvu:

Mu mwaka 1678, yatandika olugendo olw'okulamaga ng'awere-keddwaako abakungu bangi. Bwe baali bawummuddemu, yalaba omu ku bajaasi be abakulu mu kibinja ng'alannamye ebigure abyolekezza eki-buga kya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ekya Madiina al-Munawwara (mu nnono za Baottoman omuntu okulannama ng'amagulu ogoolekezza omuntu si mpisa nnungi). Naabi yawulira bubi olw'en-neeyisa y'omujaasi ono omukulu etaali ya buvunaanyizibwa era n'ayiiyaayo ekitontome kino wammanga:

Mwewale obutaba na buvunaanyizibwa, kino kye kifo Omwagalwa wa Allah (we yabeeranga)

*Ekifo kino amaaso amatukuvu we gaggukira, ekifo kya Omwawule
(Nnabbi Muhammadi)*

Woo Naabi! Yingira ekifo kino n'okukigulumiza kwonna

*Ekifo kino Bamalayika mwe beetooloolera era kinywegerwa ne
Bannabbi.*

Ekibinja ky'abalamazi bwe kyatuuka mu Madiina ng'esswala y'oku makya ebulako katono, Naabi yawulira ekitontome kye nga kisomwa abaaziinyi b'omu Madiina. Kino kyamukyamula era n'ayanguwa asobole okumanya engeri gye kyali kizuuseemu kubanga ekitontome kino yali yakiwandiika ggulolimu era nga tewali yali akimanyi.

Naabi yasisinkana omwaziinyi n'amubuuza: “Wayize otya ekitontome kino?”

Omwaziinyi yamuuddamu bw'atyi: “Ekiro ekyayise nga ndi mu tulo Omubaka (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yandabikidde n'anngamba nti:

‘Mu Kibiina kyange, omutontomi gwe bayita Naabi ajja okunkyalira era ajjudde omukwano gwange okukoma gye gukoma. Olw'omukwano gw'alina gyendi mwanirize n'ekitontome kye bw'anaaba ayingira ekibuga bw'atyi. Bwe tutyo bwe twayize ekitontome okuva gy'ali (Omubaka) era ne tugoberera ekiragiro kye’.

Naabi yatandika okusinda era n'afukumuka amaziga agalinga enkuba nga bw'agamba nti: “Ekitegeeza nti Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) nange yantadde mu bantu b'Ekiina kye, Enjuba y'ensi ebbiri yanzikirizza ng'omu ku bantu b'Ekiina kye.”

Nga bwe tulabye mu ky'okulabirako kya Naabi, ekintu ekikulu mu mikolo gy'okulamaga kwe kweyisa mu ngeri esembayo waggulu mu kuwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'Ennyumba ya Allah ekitiibwa.

Ka'aba, era eyitibwa Ennyumba ya Allah, ebadde ekifo ekitukuvu okuva mu kiseera ky'omuntu eyasooka, Adamu (emirembe gibeere ku ye). Kulaane etulagira okulambula ebifo bino nga tukola emikolo egy'en-jawulo:

“Mazima Ennyumba eyasookera ddala okuteerwawo abantu (okusabiramu) y’eyo eri e Bakka (Makka), ekifo eky’emikisa era nga kya kulunggama eri ebitonde byonna. Muyo mulimu obubonero obweyolefu omuli ekifo kya Bulayimu (we yayimiriranga okusaba). Omuntu yenna agiyin-giraabeera mirembe. Era Allah akakasa ku bantu okulambula Ennyumba eyo (nga kikakafu) ku muntu aba asobola ekkubo erituuka gy’eri. N’omuntu awakanya (obukakafu bwa hijja) amanye nti mazima Allah mugagga (ateetaaga) eri ebitonde Bye.” (Aali Imraan, 3 : 96 -97)

Nga bwe kyeyoleka mu mwoyo gw’OBusiraamu, buli muntu yenkanankana ne munne mu nnyiriri za sswala ya jama. Ne bw’aba mukulembeze wa ggwanga bw’atuuka ekikeerezi mu muzikiti asaalira mabega, songa Omusiraamu omwavu bw’akeera mu muzikiti asaalira ku lunyiriri olusooka. Abantu balina kusaalira we basanga ebifo ebikal. Yunifoomu n’ennyota (ku byambalo) tebirina kye bizitowa mu muzikiti. Omwenkanonkano ogw’ekika kino ate gweyongera ne gulagibwa mu Hijja mu ngeri esingako obujjuvu. Nga buli muntu bwe bamuzinga mu ssuuka enjeru (ng’afudde), n’abalamazi bona bambala engoye ze zimu era enjawulo mu bbeeiyi y’engoye n’eba nga teriiwo. Okulamaga kulaga omwenkanonkano gwe tuddamu okulaba mpozzi mu kufa. Nga omukulembeze w’eggwanga bwe bamuziika mu ngoye enjeru, n’omwavu naye mwe bamuziika. Abalamazi okwebikka olugoye olunene mu bifuba byabwe wamu n’ebiwato, kireeta ekifaananyi ky’embeera y’abantu nga bali mu ntaana.

Tulina okumanya nti okufa lye tteeka eritaddukwa, Allah lye yatee-rawo ebitonde bye eby’ekiseera. Obuwangaazi bw’omuntu bubalibwa bulungi ddala nga n’emirundi gy’assa gibalibwa ne gissibwa ne mu biwandiiko. Waliwo essaawa endagaanye ey’okufa (ajaali) eri buli muntu era nga teyinza kukyuka n’akatono. Tetuwulirangako muntu yenna yali asimattuse kufa. Okuva lwe tutamanyi ddi we tulifiira, tetwandigayaali-ridde kulamaga lw’e Makka kukola hijja. Ekitali ekyo, amawulire amabi okuva eri Omubaka gajja kutuukirira gye tuli:

“Omuntu bw’afa nga tagenze kulamaga naye ng’ebisaanyizo ng’emmere, eby’okunywa, n’entambula abirina, tewali kijja kuziyiza muntu ono kufa nga Muyawudi oba Mugoberezi wa Kristo.” (Tirmidhi, Haj, 3)

Okulabula kuno okweyolefu Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) kwe yakola kujjukiza Abasiraamu abo abatafaayo kutuuki-



riza kiragiro eky'okukola hijja ate nga balina ebyo byonna ebyetaagisa nti bajja kubonerezebwa mu bulamu obw'oluvannyuma. Okulagajjalira ekiragiro kino kutegeeza kunyooma kiragiro kyennyni.

Hijja eragirwa omuntu okugikola waakiri omulundi gumu mu buwangaazi bwe; n'olw'ekyo ebeera nsobi nnene nnyo eri Omusiraamu eyeesobola okugirindiriza. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti abo bona abakakatibwako okukola hijja bandiyan-guye okugikola. (Jam'ul Fawaa-id, II, 77)

Ennyumba ya Allah ejjudde ebintu ebijjukiza ebyagwawo ku bwesi-gwa n'okwewaayo Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) n'abantu b'ennyumba ye bye baalina mu Allah. Bwe twogera ku bigambo okwesi-gwa Allah, okwewaayo gy'ali n'okulamaga mu bwangu ddala amannya ga Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) ne Ismaaila (emirembe gibeere ku ye) gajja mu bwongo bwaffe. Olw'obwesimbu bwe baalina, okulama-ga kwafuulibwa kikolwa kya kusinza eky'etteeka, ekijja okugenda mu maaso okutuusa ku lunaku lw'ensi olusembayo.

Okwesiga Allah kitegeeza kumwesigamako, kuba na bwesige obujjuvu mu Ye, na kuteekawo muntu ng'omusigire. Mu nkola ey'ekisuufi, kitegeeza muntu omutima gwe nga gujjudde Allah, nga Ye Yekka gwe gwesiga, nga n'obuyambi bugunoonya kuva gy'ali Yekka. Allah Owoobuyinza bwe yabuuza Musa (emirembe gibeere ku ye) ebikwata ku muggo gwe, Musa (emirembe gibeere ku ye) yaddamu nti: "Guno muggo gwange kwe nneesigama ..." Allah Owoobuyinza kwe kumu-gamba nti: "Gusuule wansi", okuva okwesigama kwe (okwa Musa) ku muggo guno bwe kwali kusiikirizza okwesigama okujjuvu eri Allah.

Ku ani gwe tulina okwesigamirako, Allah atugamba mu Kitabo kye Kulaane nti:

"Eri Allah Abakkiriza gye beesigamira." (Tawuba, 9 : 51)

"Mwesige Allah bwe mubeera nga muli bakkiriza." (Maa-ida, 5 : 23)

"N'omuntu eyeesiga Allah, Allah amumala (mu byonna)." (Twalaq, 65 : 3)

Omubaka agamba nti bwe twesiga Allah mu bujjuvu, ajja kutulabi-rrira nga bw'alibirira ebinyonyi ebiva mu bisu byabyo ku makya nga biyala ate ne bidda olweggulo nga bikkuse.

Okwesiga Allah tekitegeeza kulekayo kukola byetaagisa kutuuka ku ky'oyagala wamu n'obutafaayo ku mateeka ga butonde. Wabula kitegeezza kwesiga Allah mu bujuvu ng'omaze kutuukiriza by'olina okukola okutuuka ku kye weetaaga okufuna, so si kwesiga Allah kukukolera ne ku byetaagisa oba amakubo, nga tofudde ku kusalawo kwa Allah. Wabula, omuddu alina okunoonya obubudamo mu maanyi ga Allah.

Allah Owaawaggulu agamba nti:

“Beebuuzeeko mu nsong. Naye bw’oba omaliridde weesige Allah. Mazima Allah ayagala abamwesiga.” (Aali Imraan, 3 : 59)

Allah Ye muyambi w'Omukkiriza mu nsi zombi. Era buli muddu amwesiga amumalira ebyetaago bye. Essanyu eryannamaddala era ery'ekimmemmette liri mu kudda gy'ali, ng'omuntu n'abantu b'ekitundu, nga tusaba obuyambi bwe n'okumwesiga.

Mu Luwalabu, ekigambo *Salima* kitegeezza kwewaayo era kiwa makulu ga kwewaayo eri okusalawo n'okukkiriza Allah by'aba akoze mu ssanyu.

Nnabbi Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) yali yajjuza omutima gwe okwagala Allah. Malayika bwe zaabuuza Allah nti: ‘Bulayimu ayinza atya okuba mukwano gwo ng'alina obulamu obubwe, ebintu wamu n'amaka ge (by'ajja okusinga okussaako omwoyo okusinga Ggwe)’. Olwo Allah n'alaga Bamalayika engeri Bulayimu gye yeewaayo eri Allah mu bigezo bisatu:

Ekigezo ekyasooka kyalii ku bulamu bwe, nti bwe yali ali kumpi okukasukibwa mu muliro (ng'abalabe be bakozesa envuumuulo), Malayika zaayanguyiriza okumuyamba naye n'agaana obuyambi bwazo n'agamba nti:

“Ssetaaga buyambi bwammwe. Ani yawa amaanyi g'okwokya eri omuliro? Allah y'asinga abayambi bonna.” Mw'ekyo obwesige bwe bwonna yabussa mu Allah Yekka. Ng'okumusasula olw'okwewaayo kuno okutaliimu nkenyera yonna eri amaanyi ga Allah, Allah yalagira omuliro bw'atyi:

“Ne tugamba (omuliro) nti: Owange muliro beera obunnyogovu, n'emirembe eri Bulayimu.” (An'biyaa, 21 69)

Mu kigezo eky'okubiri, yagezesebwa ku mmaali ye. Jibuliilu yagenda ewa Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) n'amwegayirira amuwe ebimu ku byali mu kisibo bye. Bwe yatendereza Katonda yamugamba nti: "Twala ekisibo kyonna kikyo."

Mw'ekyo yasobola okuyita ekigezo ky'okusaddaaka emmaali ye ku lw'okwagala Katonda.

Obuddu obwannamaddala eri Allah tebulina kirala wabula okwewaayo gy'ali. Wabula okwewaayo kusinziira ku mukwano n'obwetoowaze. Tulabye ekifaananyi ekirungi eky'okwewaayo okwesigamiziddwa ku mukwano gwa Bulayimu (emirembe gibeere ku ye) gwe yalina. Obulamu obubwe, abantu be, n'ebyobugagga tebyamugaana kutuukiriza biragiro bya Allah, ng'asinziira ku bukkiriza n'okwewaayo bye yalina eri Allah. Ng'okumusasula olw'obwesimbu bwe, emikolo gy'okulamaga gjija kusigala nga weegiri okutuusa ku Lunaku lw'okulamula ng'akabonero k'okwewaayo kwe n'okwesiga bye yalaga eri Allah.

Olulimi lwe nga luwa ekitangaala ku mbeera y'omutima gwe lwagambanga nti:

"Neewaddeyo eri Allah Omulabirizi w'ebitonde byonna." (Baqara, 2 : 131)

Okwongereza ku by'okulabirako bya Bulayimu ne Ismaaila abaalaga okwesaddaaka okwenjawulo n'okwewaayo eri Allah ebitenkanika, Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yalaga emikolo n'emisingi (empagi) ebya hijja, bwe yali ali mu kulamaga kwe okwasembayo, naddala mu kwogera kwe okwasembayo kwe yakola mu kulamaga kuno, kwe kulunngamya okusinga obulungi eri abalamazi ng'alaga engoberera y'okulamaga okulungi okutuusa ku Lunaku lwenkomerero. Mu kwogera yalambika eddembe ly'abantu ery'obwebange, n'obuvunaanyizibwa bw'Abasiraamu n'anyweeza ennyiriri z'Abasiraamu ku kwagala n'omukwano n'okusaasira.

Abo bona abasuubira okugenda okulamaga olw'e Makka balina okwetegeka mu mwoyo ne mu birala. Okwesiga Allah tekitegeeza buteetegekera lugendo lw'okulamaga na buteesibirira ntanda. Abayonaani abamu baagendanga okulamaga nga tebalina wadde emmere n'eb'okunywa nga bagamba nti: "Twesiga Allah". Bwe baatuukanga e Makka olwo

ate ne batandika okusabiriza ng'enjala ebaluma. Okusobola okulabula abalina endowooza enkyamu mu kwesiga Allah, Kulaane egamba nti:

“Era mwesibirirenga entanda (ey'okubabeezaawo mu lugendo, naye) mazima entanda esinga obulungi kwe kutya Allah. Era mutye, abange mmwe abalina amagezi agategeera.”

Nga bwe kitegerekeka okuva mu *aya* ya Kulaane eyo waggulu, Omusiraamu yeetaaga okwesibirira entanda ez'emirundi ebiri mu nsi entukuvu. Yeetaaga ebintu ebya bulijo ng'emmere emala, n'emmere ey'omwoyo ng'okwewaayo, obugumiikiriza, n'ebirala. Omusiraamu aba alongoosezza omutima gwe okuggyamu endwadde z'omwoyo ye yekka asobola okutuukiriza kino. Okubeera n'omutima bwe gutyo y'engeri yokka gye basobola okutegeera okusinza nga bwe kuli, naddala hijja mu bwennyini bwayo, nga Ruumi bw'akirambika mu mboozi eno wammanga:

Baayaziid Seeka w'ekitundu, yali ayanguwa ng'agenda Makka kukola hijja (okulamaga okunene) ne Umura (okulamaga okutono). Mu buli kibuga mwe yatuukanga ng'asooka kunoonya abantu abakulu (abatukuvu). Yasobolanga okutambulatambula ng'abuuza: “Ani mu kibuga kino eyeesigama mu kutegeera omwoyo?” Kino yakikolanga olw'okuba nga yakkirizanga nti yonna gye yagendanga mu ntambula ze nti yali alina okunoonyaayo omuntu omutukuvu.

Allah Owoobuyinza agamba mu Kulaane nti:

“Mubuuze abalina okumanya bwe mubeera (nga mmwe) temumanyi.” (An'biyaa, 21 : 7)

N'olw'ekyo, Musa (emirembe gibeere ku ye) baamulagira anoonye Khidr eyalina okumanya okw'omwoyo. Baayaziid yali anoonya Khidri ow'ekiseera ekkyo era yagwa ku musajja omukadde agwa mu ttluba lino ng'afaanana ng'omwezi ogubonese. Yamulabamu ekitiibwa n'enjogera y'abasajja abatukuvu. Amaaso ge gaali tegalaba naye ng'omutima gwe gujjudde ekitangaala ng'enjuba. Baayaziid yatuula kumpi naye n'amubuuza ku mbeera ye. Yakizuula nti yali musajja eyava ku by'amasanyu ate ng'alina amaka. Wano omukadde ono we yamubuuliza nti: “Olaga wa Baayaziid? Ogenda mu kifo ki? Era Iwaki weetekako omugugu gw'okugenda mu kifo ekigwira?” Baayaziid yaddamu nti: “Nngenda ku Ka'aba era nnina Dirham (binusu bya ffeeza) ebikumi bibiri (200)



ezinannyamba mu kkubo.” Omusajja ono n’amugamba nti: “Dirham ezimu ziteeke wano endala oziwe abali mu bwetaavu. Okusobola okug-gula amaso g’omwoyo gwo, sooka oyingire emitima gyabwe. Funa obulamu obutaggwaawo weeyongereyo mu lugendo lwo ng’omutima mutukuvu. Newankubadde nti Ka’aba Nnyumba ya Allah ey’okukole-rako emikolo gy’eddiini, embeera ng’eyange ye nnyumba y’ebiyama bya Allah eby’omu nda. Ka’aba y’ennyumba eyazimbibwa Bulayimu muta-bani wa Azar naye omutima gwange kye kifo kya Allah eky’ekitiibwa.

Bw’oba olina okumanya omwoyo, weetooloole Ka’aba y’omutima. Omutima ye Ka’aba y’omubiri era nga yakolwa mu ttaka. Allah yatuwa ebiragiro by’okukyalira Ka’aba gye tulaba tusobole okutuuka ku Ka’aba y’omutima oglongoseddwa okuva mu bukyafu.

Kimanye nti bw’olumya omutima ate nga kifo ky’okutunula okutukuvu, ne bw’ogenda okulamaga ku bigere empeera z’ofuna teziso-bola kubikkka kibi kya kumenya mutima gwa muntu. Omuntu omutuu-kirivu ky’ekyobugagga ekiri mu byama Ebitukuvu. Bw’oba oyagala oku-laba okweyoleka kw’ekitangaala kya Allah toddukanga kugezesewba n’ebizibu eby’enjawulo. (Laba Mesa. II, 2218 – 2251)

Baayaziid yawuliriza eby’ekyewuunyo eby’ogeddwaa n’abiteeka mu matu ge ng’empeta eya zaabu. Mu kwogeraganya kwe ne Seeka ono, omutima gwa Baayaziid gwafuna ku mugabo mu kusaasira. Oluvannyuma yeeyongerayo n’olugendo lwe ng’alina ebirowoozo ebi-jjudde emirembe (ebitebenkevu).

Mu by’okulabirako bino ebirungi, Ruumi alunngamya emitima eri amazima g’okulamaga era n’awa abakkiriza abagenda okulamaga olw’e Makka amagezi gano:

“Ekiseera ky’okulamaga okugenda e Makka bwe kituuka, genda n’ekigendererwa eky’okulambula n’okwetooloola Ka’aba. Bw’ogenda n’ekigendererwa kino oba ojja kulaba Makka mu butufu bwayo.”

Ensonga Iwaki Ruumi awa eky’okulabirako ky’okulamaga eri nti okulamaga kye kimu ku bikolwa mu kusinza ebirina okukwatibwa n’obwegendereza. Ebintu bingi ebikkirizibwa mu biseera ebirala mu mwaka naye ate mu kiseera ky’okulamaga nga tebikkirizibwa. N’olw’ekyo, ekisooka mu byonna, omulamazi alina okuteekateeka omu-

tima gwe okusobola okutuukiriza omulimo guno ogutali mwangu. Okuviira ddala ku ntandikwa ng'omulamazi asazeewo okugenda okulamaga, Sitaane egezaako nga bw'asobola okwonoona omutindo gwa hijja. Olugendo lw'okulamaga lulabika ng'olwangu ennyo ate olunyuma naye lujjudde ebizibu bingi. Kino kituufu era kituukirira ne ku mikolo egikolebwa mu kulamaga. Bw'atyo omulamazi alina okwenaanika ekyambalo eky'obugumiikiriza n'okugumira ebizibu. N'olw'ekyo omulamazi alina okusaba nti:

“Ayi Katonda wange! Nkusaba okulamaga kwange kuno okunfuulire okwangu.”

Tetulina kwerabira nga twogera ebigambo bino mu kiseera ky'okulamaga:

“Labbayka Allaahumma labbayka. Labbayka Laa shariika laka labbayka. Innal Hamda wanni-imata laka wal mulk. Laa shariika laka.”

“Ndi wano ku lulwo Allah, ndi wano ku lulwo (nnyanukudde okuyita kwo, ate ndi mugonvu eri ebiragiro byo). Tolina akwegattako, ndi wano. Ddala amatendo gonna amajjuvu n'ebiyengera, nobufuzi bibyo, tewali kikwegattako.”

Mu kino, tuba tukakasa nti twanukula okuyita kwe. Tuba tukkiriza nti mu bwakabaka bw'omu ggulu ne ku nsi tewali kyegatta ku Allah. Bwe tutyo, tuba tweyama gy'ali nti tetujja kukkiriza kusendebwasende-bwa Sitaane n'emyoyo gyaffe.

Ekitali ekyo, singa tukola okulamaga mu ngeri eteriimu kufaayo, nga tetugoberera mateeka ge twakalabako, okulamaga kwaffe kuba teku-jja kutugasa. Naddala, abo abagenda mu bifo ebitukuvu nga ssente zaa-bwe tebaazifuna mu makubo matuufu ne ssente ze baaterekwa nga bayita mu makubo agakontana n'enjigiriza y'Obusiraamu, ekitegeeza nti tewali kikolwa kya kusinza ekiyinza kukolebwa ne ssente ezivudde mu makubo agatakkirizibwa mu ddiini. Bwe batyo, ebigambo bye boogera nti, “Tuliwo kukuweereza” biba bijja kutegeeza nti “Tetuliwo kukuweereza” okuva lwe twamenya etteeka erisinga okubeera ekkulu mu kulamaga.

N'olw'ekyo, tuyinza okugamba nti etteeka erisinga obukulu mu kulamaga kwe kufuna (ssente oba eby'obugagga) mu makubo amatuufu (agakkirizibwa mu mateeka g'eddiini). Ery'okubiri omutima ogw'amazi-

ma. Buli omulamazi lw'agamba nti "Labbayka" ebigambo bino birina okukuma omuliro mu mutima gwe. Eyo y'engeri yokka Omukkiriza gy'ayinza okutuukiriramu Allah. Ekitali ekkyo, ebigambo obugambo ng'omuntu tabitegeeza tebirina mugaso. Ekyenyi kya muzzukulu wa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ayitibwa Huseyini kyapeeruukanga buli bwe yagambanga nti "Labbayka" ng'atyā okuddamu kwa Allah okubeera "Laa Labbayka" (si Labbayka). Tusaba Allah atusobozese okukola hijja n'emibir wamu n'emyoyo gyaffe.

Amateeka agagobererwa mu kulamaga gayamba omuntu okuba n'ekisa n'obulamu obw'omwoyo. Omulamazi bw'ayambala ebyambalo eby'enjawulo ebyeru eby'emikolo (bye bayita Hiraami) aba aleka empisa ez'obukambwe n'emb zonna. Kino kifuula omuntu okuba ow'ekisa era omulungi okusingako bwe yali okuva okuyingga ebisolo, okukuula ebi-mera, okumenya amatabi g'omuti, n'okulumya ebitonde lwe bigaanibwa mu biseera by'ennaku z'okukola hijja.

Allah agamba mu Kulaane nti:

"Omuntu yenna asalawo okukola hijja (mu myezi egyo), teyeegatta na mukyala, oba okwonoona, oba okuyomba ng'ali mu hijja. Na buli kirungi kye muba mukoze Allah akimanya. Era mwesibirirenga entanda naye ddala entanda esinga obulungi kwe kutya Allah. Era muntye abange mmwe abalina amagezi agategeera." (Baqara, 2 : 197)

Abalamazi tebajja kulwana n'okulumya abalala; bajja kweyisa bulungi ate babe n'ekisa eri abalala ku lwa Omuronzi. Naddala, okulumya emitima gy'Abakkiriza kitwalibwa okuba ezzambi eddene. N'olw'ekyo Umaru (Allah amusiime) alina lw'ataanyweegera Ejinja Eriddugavu olw'okutya okulumya abalamazi abalala olwa nnamungi w'omuntu eyaliwo.

Mu Busiraamu, okusinza kwonna kutandika na kuleeta nniya (kumalirira). Okuleeta nniya okw'abalamazi kutandika na kwambala Hiraami (engoye z'emikolo). Ng'olugoye luno lumaze okwambalwa, omulamazi akyuka n'adda mu mbeera entukuvu (ey'omwoyo) n'aleka enneeyisa ye eya bulijo. Olugoye luno olweru lumujukiza okufa n'oku-zingibwa mu ssanda. Bw'atyo n'amala obudde bwe ng'alowoolereza ku kufa n'engeri gy'ayinza okukwetegekeramu. Okugoberera amateeka

g'okulamaga gonna, kuleetera omuntu okutuuka mu mbeera esinga okubeera eya waggulu, nga Kulaane bw'egamba nti:

“Mazima twatonda omuntu mu kifaananyi ekisinga obulungi.”

(Ttiin, 95 : 4)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) awa amawulire amalungi gano eri abalamazi nti: “Okukola hijja ne Umura kulongoosa ebibi by'omulamazi nga asidi akozesebwaa abaweesi ba zaabu bw'alongoosa zaabu ne ffeeza.” (Nasaa-i ne Tirmidhi)

Hadiisi wammanga nayo etuwa amawulire amalungi ag'abalamazi. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti: “Oyo yenna akola hijja ku lwa Allah ate n'ateegattiramu n'omukyala n'atakola bintu bikyamu oba ebibi ajja kuddayo ng'alinga eyaakazaalibwa (nga talina kibi kimusigaddeko).” (Bukhari, ekitabo 2, ekitundu 26, namba 596)

Amawulire gano amalungi gatuukirira eri abo ababa bakoze hijja mu ngeri ekkirizibwa, gye bayita al-Hajj al-Mabruur. Abo abatuuse ku ddaala lino ery'okulamaga era bafuna ebirungi bino wammanga:

1. Okufuna obuvunaanyizibwa,
2. Embeera y'okusonyiwa,
3. Okukuuma omubiri n'ebikolwa nga bitukuvu,
4. Oluganda lw'Obusiraamu
5. Okumanya nti enkizo ku balala esinziira ku kutya Allah,
6. Ebyenfuna ebiyita mu makubo amatuufu
7. Amazima (obwesimbu).

Bwe kityo, okulamaga si kikolwa kya kusinza businza kwokka. Okulamaga era kwongera obusobozi bw'omuntu. Kukulaakulanya embeera y'abantu, empisa wamu n'embeera y'ebi'obufuzi ebya *Ummah*. Kusomesa enkola y'Obusiraamu ebuna mu buli mbeera n'abantu, ebikwata ku Busiraamu okusinga embeera y'okusinza endala yonna.

Ku ludda olw'omuntu, okulamaga kumuwa omukisa okwetegereza ebikolwa bye wamu n'enneyisa n'okwepimamu n'okutereeza ensobi ze olw'obulamu obujja mu maaso.

Okukola hijja kukakata ku muntu waakiri omulundi gumu mu bulamu. Wabula nga bwe guli mu kusaala esswala eza buli lunaku n'oku-siiba, omukkiriza ayinza n'okulamaga okulamaga okwa ssunna (okw'en-nyongeza). Abasiraamu abamu baki twala nti okugenda okukola hijja emirundi egisukka mu gumu kuba kwonoona ssente. Endowooza eno eteri ya buvunaanyizibwa eraga butali bukkiriza n'abo abatategeera kigendererwa na maanyi ga hijja og'okukyusa omuntu be boogera ebi-gambo bwe bityo.

Okuviiira ddala mu Kiseera Ekyessanyu (ekiseera kya Nnabbi) Abasiraamu babadde bateeka mu nkola ebikolwa by'okusinza ebitali bya buwaze n'omukwano wamu n'okwagala. Ebikolwa bino eby'okusinza ebya kyeyagalire bisembeza omuddu kumpi ne Allah nga bwe kirambikibwa mu hadiisi emanyiddwa ennyo. Biwa okumanya n'okutegeera okw'omunda okw'omwoyo. Bireetera Abasiraamu okubeera abeesimbu era abasaasi-zu ab'ekisa. Allah afuuka amaaso gaabwe ge balabisa, n'amatu gaabwe ge bawuliriza. Mu bimpimpi, ebikolwa byabwe okugeza ng'okuwulira, okulowooza bitandika okulunngamizibwa Ekitangaala kya Allah.

Okukulaakulana okw'omwoyo kuno kusobola okulabibwa mu bikolwa by'okusinza ebitali bya buwaze (ebya kyeyagalire) ate n'okulaga ekisa eri ebitonde. Imaamu omututumufu gwe bayita Abu Haniifa, yagenda okukola hijja emirundi ataano mw'etaano (55). Ndowooza kino kiraga omugaso gw'okulamaga era tewali bigambo birala byetaagisa kwongerwako.

OKULAMAGA OKUTONO (UMURA)

Nga twongereza ku Hajj (okulamaga okunene) ekolebwa ku nnaku ezitakyuka mu mwaka, omuntu asobola nate okukola okulamaga okuto-no kwe bayita Umura mu kiseera kyonna mu mwaka. Olw'okuba nti Umura ekolebwa ekiseera kyonna ky'eva eyitibwa okulamaga okutono.

Mu Umura, omulamazi teyeetaagisa kugenda kukyala mu Arafa. Omulamazi yeetooloola Ka'aba yokka n'okudduka ku nsozi za Swafa ne Marwa. Umura bw'eba ekolebwa mu mwezi gwa Lamanzaane, Nnabbi yagamba nti empeera zaayo zibeera waggulu ng'empeera z'okulamaga okunene (Hajj).

Bwe tulambula entaana ya Nnabbi mu Madiina, tulina okumanya nti ekifo kino we tulina okwogera okwagala kwaffe n'ekitiibwa eri

Nnabbi waffe. Allah yamuyita “Omwagalwa wange” era n’atulagira okwagala Omubaka we ng’asinziira mu Kulaane wammanga:

“Gamba nti: Bwe mubeera nga bakitammwe, ne baganda bammwe, ne bakyala bammwe, n’abooluganda lwammwe, n’emmaali gye mukoze ne mufuna, n’ebyo’okusubula bye mutya okukendeera, n’amayumba ge mweyagaliramu (bwe biba ng’ebyo) bye bisinga okwagalwa gye muli okusinga Allah ne Omubaka we wamu n’okulwana mu kkubo lye, kale mulindirire okutuusa Allah lw’anaaleeta ekiragiro kye. Era Allah talunn-gamyia kibiina ky’aboonoonyi.” (Tawuba, 9 : 24)

Qady Iyaad *aya* ya Kulaane eno agitegeeramu nti Allah yalaalika ku Umma okumwagala Ye wamu ne Omubaka we. N’olw’ekyo tewali kirina kusinga kwagalibwa gye tuli kwenkana Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ka zibe nju zaffe, abantu b’omu maka gaffe, oba emirimmo gyaffe.

N’olw’ekyo, Imaam Maaliki awala entaana ya Omubaka ey’ekitii-bwa ng’entukuvu nga Ka’aba olw’okuba nti ensi n’ebitonde byatonde-bwa ku lulwe. Olw’ensonga eno tulina okukyala e Madiina nga tumaze okukola hijja. Mu kukyala kuno n’okuwunyiriza ku nfuu fu y’ettaka lino, tulina okuwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) ekitii-bwa, era eyo ye ngeri gye tusobola okuganyulwa mu kusaasira kwe.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe) atutegeeza nti okumukyalira ng’amaze okufa kye kimu n’okumukyalira ng’akyali mulamu.

Wabula, omuntu alina okulaga okussa ennyo ekitiibwa ng’akyalira entaana ya Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n’emirembe). Olunaku lumu Imaamu Maaliki yali mu muzikiti gwa Nnabbi, Jafaari Mansuur, eyali Kaliifa ow’ekiseera ekyo, yajja mu muzikiti asobole okumubuu-zaayo ebibuzzo. Baatandika okukubaganya ebirowoozo. Wabula okuwakana bwe kwanyinyitira, Kaliifa yatandika okwogerera waggulu. Imaamu Maaliki kwe kumulabula n’agamba nti:

“Owange Kaliifa! Kkakkanya ku ddoboozi lyo wano, Allah yalabula abantu ab’ebitiibwa abakusinga obutasitula maloboozi gaabwe nga bali wano”. Wano yali asinziira ku *aya* mu Kulaane egamba nti:

“Abange mmwe Abakkiriza! Temusitulanga maloboozi gammwe waggulu w’eddoboozi lya Nnabbi. Era temwatuukiriza erinnya lye

(nga mumuyita) nga bwe mweyatuukiriza mwekka, olw'okutya nti emirimo gyammwe gjija kwonooneka nga nammwe temumanyi.”

(Hujuraati, 49 : 2)

Kaliifa yasiima empisa za Imaamu ez'ekika ekya waggulu ng'ali awali Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era n'amubuuza:

“Owange Imaamu! Nkyuse ekyenyi kyange nkitunuze e Rawudhwa (we baaziika Nnabbi) oba eri Ka'aba?”

Imaamu Maaliki yaddamu nti: “Bw'oba mu Madiina ekyenyi kyo kitunuze eri Rawudhwa kuba ebitonde ne Ka'aba byatondebwa ku lulwe. Abantu bonna beetaaga okuwolereza kwa Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe).” (Qaadi Iyaadhwi; Swifa al-Shariifu).

Abasiraamu abamu ensonga eno bagibuusa amaaso ne beewaza Abasiraamu okutunuza ebyenyi byabwe eri Rawudhwa. Bagamba nti lamusa ku Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) omuviiре. Mutunuze ebyenyi byammwe eri Ka'aba. Beerabira nti Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) mulamu. Kulaane etutegeeza nti abo bonna abaafiira mu kkubo lya Allah balamu ne Bannabbi abali mu bifo ebyawaggulu okubasinga nga mw'obatwalidde, naddala omukulembeze w'ensi zonna, asinga ettutumu mu nsi Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) oyo alina obulamu obw'enjawulo.



Mu bimpimpi, ekirabo ekisinga abalamazi kye balina okuddayo nakyo mu nsi zaabwe, z'embeera ez'enjawulo ez'Ensi Entukuvu. Balina okuddayo n'ebijjukizo nga beeyongera mu maaso n'okukola emirimo emirungi gye baasiga mu kukyala kwabwe. Bwe batyo baba bajja kukola ng'amadirisa ag'ebi'emyoyo emirungi egiri mu Bifo Ebitukuvu okusobola okutuuka ku abo abatannagendayo.

Omulyoyi w'emyoyo mu Pakistan, Muhammad Iqbal yabuuza ebi-buuzo bino wammanga eri abalamazi abaali baakava okukola hijja:

Mulambudde e Madiina “eyakaayakana” enjawufu. Emitima gyam-mwe mugijjuzaamu ki okuva mu katale k'emyoyo ak'e Madiina? Ebintu bye muleese okugeza nga eby'okwebikka ku mitwe (enkuffiira), obulaa-

di, n'emisaalo bijja kuggwaawo mu kaseera mpa we kaaga; biki bye muleese ng'ebirabo by'emwoyo okuva e Madiina ebyo ebitajja kug-gwaawo?

Mu birabo byammwe muleese enneeyisa y'okwewaayo n'amazima nga aga Abu Bakari, obwenkanya ng'obwa Umaru, omutima omugabi n'obuteegyalabya nga Uthmaani? Munaasobola okuwa Umma, eri mu kubonaabona olw'ebizibu enkuyanja, essuubi okuva mu "Biseera by'Es-sanyu (Aswri Sa-aada)?"

Tusaba Allah atuteeke mw'abo abaganyuddwa mu mikisa gy'omwoyo mu ttaka ery'Ebifo Ebitukuvu, era atuteeke wamu n'abo abakyalidde Omubaka wa Allah n'omutima ogusiriira omukwano.

Tusaba Allah atugonnomooleko obulamu bw'okwewaayo eri Allah n'okumwesiga, era obubudamu n'obuyambi tubisuubire mu Ye Yekka. Tusaba Allah atufuule abatuukiriza omulimu n'omutima gw'okulamaga n'omutima oguwulira emikisa egy'Ebifo Ebitukuvu.





**OMWEZI OMUTUKUVU OGWA
LAMANZAANE N'OKUSIIBA**



"Omwezi gwa Lamanzaane gwe gwo Kulaane mwe yakkira ku
lw'okulunngamya abantu n'obunnyonnyofu okuva mu bulunngamu
n'okussaawo enjawulo (wakati w'amazima n'obulimba). (Baqara, 2 : 185)



Omwezi gwa Lamanzaane omutukuvu gwe mwezi Allah Owoobuyinza gwe yatuwa ng'akakisa ak'okweyoolera empeera. Mu mwezi guno tujjukira obukulu bw'ebiyengera Allah by'atuwadde bye tutera okutwala ng'ekitali kikulu ne tutatwala bувunaanyizibwa ku bye-baza mu ngeri esaanidde.

Ekigendererwa ky'okusiiba kwe kufuna taquwa (*okutya*) n'okukkakkanya omwoyo (nafs) ogweyaliza gwokka, okugugunjula, n'okugufuga. Okusiiba kulina kuba n'ekigendererwa kya kusinza bwe tuba nga ddala tusuubira okuganyulwa mu mikisa gya kwo. Mu kusiiba tusobola okufunamu ebitendo ebya waggulu okugeza okugumiikiriza, obuvumu, n'okwesamba ebikolwa ebitunyoomesa ebiva ku bwagazi bw'omwoyo. Okusiiba kukuuma ekitiibwa ky'omukkiriza nga bw'olaba engabo, era kumusumulula okuva mu kumalira amaanyi n'ebirowoozo mu kulya n'okunywa ng'ensolo.

Ogumu ku migaso egiri mu kusiiba kwe kuwa omuntu obuvumu n'okuguma mu biseera ng'enjala ne kazigizigi w'ebigwa bitalagaanye. Era kutusomesa okubeera abasiima era abeebaza ebyengera bya Allah Owoobuyinza by'atuwa. Bwe tusiiba tutegeera ebizibu by'abanaku ababonaabona olw'obutaba na kyakulya, olwo okusaasira kwaffé gye bali ne kweyongera amaanyi. Entegeera bw'etyi eyamba okuziyiza obutabanguko mu kitundu n'enjawukana mu bantu eziva ku madaala ge balimu. Tusobola okugamba nga tetukirumyemu nti ensinza y'eddiini y'Obusi-



raamu tekkiriza njawukana mu bantu eziva ku madaala gaabwe nga bwe tukiraba mu mawanga agatali gamu. Okusiiba (swawum) n'okusaala (swala) bireeta omwenkanonkano wakati w'abantu mu maaso ga Allah. Tewaliwo muntu aggyibwako buvunaanyizibwa bwa kusiiba na kusaala okuggyako abo abalina ensonga ezikkirizibwa.

Olw'ebirungi ebiva mu kusiiba kye kuva kutaalaalikibwa ku Basiraamu bokka wabula ne ku bantu b'emirembe egyasooka. Allah Owooobuyinza agamba nti:

“Abange mmwe Abakkiriza! Okusiiba kubalaalikiddwaako nga bwe kwalaalikibwa kw'abo abaabasooka, mulyoke mutye Allah. (Okusiiba) ennaku embale....” (Baqara, 2 : 183 – 184)

Obusiraamu buteekawo ensinza ez'enjawulo eri abakkiriza. Ensinja ez'enjawulo mu Busiraamu zigendererwamu okuvumula obulwadde bw'omwoyo obw'enjawulo. Obulwadde buno bweyongera naddala mu biseera abantu we babeerera obulungi era nga balamu. Ebiseera eby Makka (nga Nnabbi tannasenguka), Abasiraamu tebaafuna mwagaanya kuba na ndwadde za mwoyo, kubanga olutalo lw'okutaakiriza obulamu bwabwe mu biseera ebyo ebizibu terwabalekera kadde kufuna bulwadde obwo. Wabula oluvannyuma lw'okusenguka okugenda e Madiina eby'enfuna by'Abasiraamu byalongooka. Mu ngeri y'emu e Madiina baafuna obuweerero okuva mu kutulugunyizibwa bataali bakkiriza ab'omu Makka. Okusobola okutangira Abasiraamu omutawaana ogwali guyinza okugwawo nga guyita mu kukozesa obubi eby'obugagga n'okweyagalira mu byengera, kyali kyetaagisa okubeerawo engeri y'okweziyiza oba okukugirwa mu nkozesza y'ebintu by'ensi bye baali bafunye. Kyali kiseera kituufu eky'okulaalika okusiiba okusobola okukuumma emyoyo gy'abakkiriza nga miramu.

Mu butuufu, okusiiba kulinga eddagala ku ndwadde kye kimu za mubiri oba mwoyo. N'olw'ekyo okusiiba kulaalikibwa mu nnaku mbale sso ssi mwaka mulamba. Singa eddagala erimu erikozesebwu okuvumula endwadde ez'amaanyi nga lyali likozesebwu omwaka mulamba, omubiri gwandituuse ekiseera ne gumanyiira eddagala ekyandiyinzizza obutayamba kuvumula muntu alikozesa. Mu ngeri y'emu n'okusiiba kulina okukolebwa mu biseera ebigere. Bwe tusiiba kagenderere tekiyamba nnyo kuwonya bulwadde so ng'ate okusiiba kuyinza okunafuya omubiri

ne kugutuusa ku ddaala nga tegukyasobola kutuukiriza buvunanyizibwa obwa bulijjo Obusiraamu bwe bwagala gukole. Olw'ensonga eno, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) teyakkiriza Basswahaba be kusiiba buli lunaku.

Abasiraamu bona bakakatbwako okusiiba mu mwezi gwe gumu mu mwaka, era nga ogwo gwe mwezi gwa Lamanzaane. Kino kyongera amaanyi mu bumu mu *Ummah* wamu n'okufuula omulimu gw'okusiiba omwangu. Omwoyo gw'obumu guwa obulamu bw'emyoyo gyaffe obugagga obulala wamu n'amaanyi amapya. Ekirala ekiri mu kusiiba kwe kuba nga tugoberera mwezi. Mu ngeri eyo ekisiibo kitambula ne tusiiba mu biseera by'omwaka eby'enjawulo, nga tusiibako mu biseera by'ekyeya eky'okya ate ne tusiibako ne mu biseera by'obutiti obudde we bubeerera nga bunnyogoga ate ng'ebiseera by'emisana bimpi (obudde bulwawo nnyo okukya ate ne buziba mangu). Olw'okuba nti buli lunaku mu mwaka luwa Lamanzaane ekitiibwa, zonna zifuna emikisa gya Lamanzaane. Okukyukakyuka kuno okw'ennaku ze tusiibirako nate kuleeta essanyu ly'omwoyo ery'enjawulo. Kino kifuula okusiiba okuba okwangu n'engeri ey'enjawulo omukkiriza gy'awuliramu buli kiseera w'asiibira. Tusobola okulaba obugagga buno mu *aya* eraalika okusiiba. *Aya* eno etutegeeza nti:

"Abange mmwe Abakkiriza! Okusiiba kubalaalikiddwaako". Oluvannyuma lw'okwagala okutugumya *aya* eyogera nti okusiiba kwa-laalikibwa ne ku mawanga amalala: "**nga bwe kwalaalikibwa kw'abo abaabasooka**". Bw'emala n'egamba nti okusiiba tekugenderera kukole-bwa mu nnaku zonna ez'omwaka: "**(Okusiiba) ennaku embale....**"

(Baqara, 2 : 183 – 184)

Oluvannyuma lw'ebyo waggulu, Allah Owoobuyinza ayogera ku birungi by'okusiiba n'obukwakkulizo bwakwo:

"*Omwezi gwa Lamazaane gwe gwo ogwakkiramu Kulaane nga kwe kulunngama eri abantu n'obunnyonnyofu okuva mu bulunngamu n'okussaawo enjawulo* (eyawula wakati w'amazima n'obulimba). *Kale omuntu oyo aba aliwo mu mmwe mu mwezi (ogwo) ateekeeddwa okugusiiba, ate oyo abeera omulwadde oba ng'ali mu lugendo, alina okubala (n'asasula ennaku z'atasiibye) mu nnaku endala (ezitali mu mwezi gwa kisiibo)*. Allah abaagaliza bwangu, naye tabagaliza buzi-

bu; (ayagala) mujjuze okubala ennaku, mutendereze Allah olw'ekyo kye yabalunngamyamu oba olyawo ne mwebaza.” (Baqara, 2 : 185)

Aya eno era etulaga nti ekigendererwa ky'okusiiba kugulumiza Allah wamu n'okumwebaza. Mu ngeri eno okusiiba kulina bingi ebirungi bye kulimu okusinga ku nsinza endala. Shakik Balkhi agamba nti: “Okusinza Allah nga bwe kyetaagisa kitone kizibu. Wabula kisobola okutuukibwako nga tuyise mu kweyawula (osigala n'asigala yekka) n'okusiiba.

Okukendeeza ku mmere omuntu gy'alya nalyo kkubo lya mulembe mu kujjanjaba. Okwepimira emmere y'embeera esooka mu kubeera omulamu mu mubiri, ne mu nkola y'obusawo obw'omulembe. Mu kusiiba abakkiriza bagoberera enkola eno ennungi mu ngeri esinga obulungi, nga bayiga okwefuga.

Okulumwa enjala nalyo ddaggala lya maanyi, mu kufuga nafs (omwoyo). Kigambibwa nti omwoyo bwe gwatondebwa gwalina amawaggali: gwagezaako n'okugamba Katonda waagwo nti: “Ggwe ye Ggwe nange y'enze.” Wabula Allah bwe yagubonereza n'enjala gwa-tegeera ensobi yaagwo ne gutegeera obunafu bwagwo n'obutaba kintu mu maaso ga Omuronzi waagwo. N'olw'ekyo tewali ddagala lisinga kukola okukuuma omwoyo nga mulamu ng'enjala.

Jalaalu Ddiini Ruumi agamba nti: “Emmere y'omuntu eyaddala kye kitangala kya Allah. Okumuwa emmere esukkiridde ssi kirungi eri omuntu. Emmere eyannamaddala eri omuntu kwe kwagala kwa Allah n'amagezi (okutegeera).

Obutatereera bw'omuntu buva mu kwerabira okuliikiriza omwoyo gwe ne yeemalira ku kuliikiriza omubiri gwokka. Omubiri guno tegukutta (gusigala gwagala). N'olw'ekyo obulwadde buno obw'omululu buleetera ekyenyi okupeeruuka n'amagulu okukankana, omutima ne gukubira kumukumu olw'obutabeera na mirembe. Okuliikiriza okw'ensi kuli ludda wa era okuliikiriza okutakoma kuli ludda wa? (Waliwo enjawulo nnene nnyo wakati w'ebyo byombi”

Allah ayogera ku bajulizi abafiira mu ntalo z'eddini n'agamba nti: “Balabirirwa.” Tewali mumwa oba mubiri bye bakozesa mu kulya (babatwala na mwoyo).

Luqmaani yawa mutabani we amagezi: Olubuto lwo bwe lujjula (bw'okkuta) obwongo bwo bwebaka ne butasobola kutegeera bintu bya magezi ate ebiyungo ne bigayaala nga tebikyasobola kusinza.

Mukwano gwa Allah omu yagamba nti: "Neekingiriza ne Allah mu musuufi ajuza olubuto lwe n'ebika by'emmere eby'enjawulo n'alugootaanya."

Maama wa Abakkiriza, Ayisa yagamba nti: Mugezeeko okuggula emiryango gya Malakuut (ensi y'emyoyo). Baamubuuza nti: Tutya? Ye kwe kubaddamu nti: Nga muyita mu njala n'ennyonta.

Mukwano gwa Allah Mahmud Sami Ramazanoglu yateeka essira ku bulungi bw'okulya n'okunywa ekitono mu kitabo kye Mukereen Insan (Omuntu Omuntuukirivu) yagamba nti: "Baabuuza abasawo: Bujjanjabi ki obusinga, ne baddamu nti: Kulyako katono. Abantu abategeera ensonga babuuzibwa gye bajja amaanyi amangi n'obuvumu okusinza Allah. Baddamu nti kulya katono. Abasuufi baabuuzibwa nti: Kiki ekifuula enkolagana y'omuntu ne Allah okubeera ey'amaanyi. Baddamu nti: Kulya katono. Abamanyi babuuzibwa nti: Mbeera ki esinga obulungi mu kuyiga. Baddamu nti: okubeera mu mbeera ey'enjala (okusinga ey'omukkuto) n'okulya akatono."

Okulyako akatono (okwewala okulya okutuusa lw'okkuta) kulina emigaso mingi:

1. Mu njala ey'ekigero mulimu okutereeza ebirowoozo n'omutima; okujukira kubbeera kwa maanyi. Mu mbera ey'okukutta ennyo, mulimu okwerabira n'obusiru.
2. Mu njala ey'ekigero mulimu obukkakkamu bw'omutima. Omutima gufuna emigaso ne gufuna essanyu okuva mu kusinza n'okusaba edduwa. Naye n'olubuto olujjudde omutima guba tegukyawulira era tegufuna ssanyu lyonna mu kusinza.
3. Mu njala ey'ekigero mulimu obugonvu bw'omutima n'okweetowaza. Omukkuto guleeta kunyooma, kwemanya, kwewulira na kweraga.
4. Mu njala ey'ekigero omuntu alowooza ku baavu n'abayala, naye omuntu akkuse tajjukirira ddala mwavu n'oyo ali mu bwetaavu n'akamu.



5. Mu njala ey'ekigero obwagazi, ebyetaago, n'omwoyo gw'omuntu bye gwagala bimalibwamu amaanyi. Naye mu bukkufu omwoyo gw'omuntu gufuuka, gweyongera amaanyi era n'okwagala kwagwo ne kweyongera.
6. Mu njala ey'ekigero omubiri guba muwewufu nga gusobola okutegeera. Naye mu bukkufu, omubiri guba mukoowu era nga guwulira tulo.
7. Mu njala ey'ekigero omuntu awulira nga mwetegefu okusinza n'okuweereza Allah. Naye olubuto bwe lubeera lujudde omuntu awulira bugayaavu era ng'ayagala kuwuummula.
8. Mu njala ey'ekigero omubiri guwulira nga mulamu. Obulwadde bugenda. Okulya ennyo kuleetera omubiri okuwulira nga guweddemu amaanyi era nga mulwadde.
9. Mu njala ey'ekigero omubiri guwulira nga muwewufu era nga gulina obuweerero ekiwa omuntu essanyu.
10. Mu njala ey'ekigero omuntu awulira ng'ayagala okuwaayo era nga mwetegefu okuyamba abanaku mu ngeri y'okubawa sad-daaka. Ku ludda olulala, abatalumwako njala tebategeera mbonabona abaavu gye babeeramu. Era olw'enjala, mu kiseera we walibeererayo ebbugumu eringi ku Lunaku lw'okulamula olw'entiisa, omuddu ajja kuba mu mbeera ey'obunnyogovu afune n'ekisiikirize. Omukkuto guleeta embeera eva mu bukodo n'edda mu nsaasaanya ey'ekyeyonoonere ereetera omuddu okwonoonekera ddala.

Mu bigambo ebirala, olubuto olujjudde luwaga omwoyo gw'omuntu nga gukola nnyo okusobola okwetuusaako bye gwegomba ebikkakka-nya omuntu. Ku ludda olulala, okusiiba, bwe kuba kutuukiriziddwa ng'omusiibi tayisizza w'alina kukoma, kuggulawo amaanyi n'obusobozi obw'okulowoolereza era ne kufuula omutima gw'omuntu oguwulira n'okumanya Allah. Hadiisi eno wammanga ewumbawumba ebyo byonna bye tuzze twogera: "Musiibe muzuule obulamu (obw'omwoyo n'omubiri)" (Twabaraani).

Enkola za Bannabbi ba Allah abakulu ab'ebitiibwa nazo zitulaga obukulu bw'okusiiba okusobola okutuuka ku butuukirivu bw'omyoyo.

Okusiiba y'egeri Allah Owoobuyinza gye yasinganga okukozesa okufuula Bannabbi abatuukiridde. Okusiiba lye kkubo omwayitibwanga okuteeka-teeka Bannabbi okufuna obubaka okuva eri Allah. Okugeza Musa (emirembe gibeere ku ye) yasiiba ennaku n'ebiro amakumi ana (40) ng'alinda okufuna obubaka ng'ali ku lusozi Sinaayi. Oluvannyuma lw'ekiseera kino eky'okusiiba Tawuraati yassibwa. Mu ngeri y'emu Yisa (emirembe gibeere ku ye) yasiiba ennaku ze zimu nga tannaweebwa Njiri.

Ate era Nnabbi waffe Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yamala omwezi mulamba mu mpuku ya Hira okumpi ne Makka, ng'asinza Allah era ng'alowoolereza ku Bunene bwa Allah. Oluvannyuma lw'ekiseera kino eky'okuteekbateekebwa yafuna obubaka okuva ewa Allah nga buyita mu Malayika Jibiliiru, era awo omutima gwe ne gujjula Emikisa gya Allah.

Bino byonna biraga nti omugaso ogwannamaddala oguli mu kusiba gwa mwoyo okusinga omubiri. N'olw'ekyo bwe tuba tusiiba ekigendererwa kyaffe kirina kubeera kusinza Allah Owoobuyinza. Bwe tulubirira ebigendererwa by'ensi okugeza ng'okukendeeza ku nsaasaanya yaffe gye tukola ku mmere oba okukendeeza obuzito bw'omubiri tuba tusubwa emigaso emituufu. Kino tusobola n'okukyogerera ku bikolwa ebirala eby'okusinza. Okugeza, omuntu bw'asaala esswala ettaano eza buli lunaku ng'ayagala kufunamu okukuma omubiri nga mulamu (exercise) aba tabalibwa ng'omuntu atuukiriza ekiragiro kya Allah. Wabula, omuntu bw'atyo aba agoberera kiragiro kya mwoyo gwe kye gumugamba naye nga yeefuula ali mu kusinza.

Ebikolwa by'okusinza byonna bikolebwa lwa kigendererwa kimu mu mwoyo: kufuna kusiima kwa Allah. Okukola kino, omuntu yeetaaga okutendeka n'okusomesa omutima gwe, asbole okugugogola okugugyamu ebirowoozo ebyo ebimukkakkanya. Ate era tetusobola kufuna kusiima kwa Allah nga tuyita mu bigendererwa by'okumatiza emyoyo nga bino.

Okusobola okuganyulwa obulungi mu mwezi gwa Lamanzaane omutukuvu, omuntu aba alina okugoferera amagezi ga Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) gano ge yawa:

1. Okuddamu okwogera "Shahaada".



2. Okusaba okusonyiyibwa okuva eri Allah n'okuddinngana amanya gye.
3. Okukola emirimu emirungi (a'amaal al-swalihaat) gyonna omuntu gy'asobola okusobola okuyingira Ejjana.
4. Okwewala ebyo ebyagaanibwa (haraam) tusobole okwewala Omuliro.
5. Okusaddaaka ennyo n'okuwa essanyu abo abalina ebizibu ku mitima.
6. Okuwa futaali (emmere y'okusiibulukukirako) eri abakkiriza.

Mu butuufu, teri kkomo ku bintu omuntu by'ayinza okukola ng'ebirungi. Buli muntu alina okukola nga bw'asobola okusobola okuvuganya mu kukola ekirungi ekiyamba Abasiraamu. Lamanzaane kye kiseera omukkiriza mw'alina okutereereza empisa ze. Nga bwe twegendereza obutakozesa mimwa gyaffe mu kulya mu mwezi gwa Lamanzaane, era mu ngeri y'emu tulina okubeera abeegendereza obutagikozesa mu kugeya n'okwogera ebigambo ebtalina mugaso. Ekitali ekyo, tusubwa kye tuluubirira mu kusiiba, eky'okutereeza empisa z'omukkiriza okusiniira ku mpisa z'Obusiraamu.

Ku nsonga eno, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti: "Okusiiba ngabo (ekuuma omuntu) kasita omusiibi tayonoona kisiibo kye."

Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) baambuuza engeri ekisiibo gye kikosebwa. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kubaddamu nti: "Na kulimba n'okugeya." (Nasaa-i, Mu'jam al-Awsatw)

Abageyenguzi beeziyiza okulya mu budde obw'emisana naye olw'okugeya kwe bakola baba balya ennyama y'abantu (okugeya Obusiraamu bukufaanaanyirizaako kulya nnyama ya mulambo). Bwe kutyo okusiiba kwabwe okw'omubiri kumenyebwa. Eby'abantu bwe batyo Sufyaan Thawuri abyogerako bw'atyi:

"Okugeya kwonoona okusiiba."

Mu ngeri y'emu, omumanyi ow'ettutumu Mujaahid agamba nti okugeya n'okulimba byonoona okusiiba kw'omuntu. Abo aboonoona

esswala zaabwe (swalat) n'okusiiba kwabwe (swawm) nga bayita mu kugeya n'okuwaayiriza, n'okulumya abalala, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) aboogerako bw'atyi, “Mu bangi abasiibi mulimu abawera ng'omugabo gwabwe gwe bagabanayo kulumwa njala kwokka. Waliwo era bangi abasaala esswala z'ekiro naye ng'omugabo gwabwe kukooowa kwokka.” (Twabaraani)

Mu Hadiisi endala efanaanako ng'eyo, Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti: “Oyo yenna atava ku kwogera ebya swakaba (ebigambo ebitemerere) n'okukola ebikolwa ebibi, Allah teyetaaga kuva kwe ku mmere n'eb'yokunywa (amakulu nti Allah tajja kukkiriza kisiibo kye)”. (Bukhari, ekitabo 3, ekitundu 31, nnamba 127)

Hadiisi ezo zonna zikyoleka bulungi gye tuli nti kikulu nnyo okufuga enneeyisa n'okukuma empisa zaffe mu Lamanzaane. Era tulina okuteekateeka emitima gyaffe n'obwongo bwaffe nga tugenda okusiiba. Okusiiba tekulina kukolebwa n'obutafaayo n'obugayaavu. Tulina okusaala sswala zaffe n'obwegendereza obungi wamu n'okuteekayo omwoyo, emyoyo gyaffe ne tugiwa amaanyi nga tujjukira Allah, okusoma Kulaane n'omutima omukakamu oguwuliriza n'okussaayo ebirowoozo ne tulongoosa ebyobugagga byaffe nga tuwaayo ne zakka. Tetulina kwerabira nti Kulaane entukuvu yassibwa mu mwezi gwa Lamanzaane era tulina okwegendereza ekisusse okussa mu nkola ebiragiro bya Kulaane mu bulamu bwaffe.

Okusoma Kulaane entukuvu okwannamaddala kukolebwa mutima. Amaaso ag'ebweru gakola nga ndabirwamu ez'eriiso ly'omutima. Waliwo akakwate ak'amaanyi wakati wa Lamanzaane ne Kulaane. Lamanzaane ky'ekiseera ky'okuwlira eddoboozi lya Kulaane; edoboozi eritujjukiza gye tunadda oluvannyuma lw'okufa. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti: “Okusiiba ne Kulaane bijja kubeera abawolereza baffe ku Lunaku lw'okulamula. (Ahmada bin Hanbal, Musnad, II, 174)

“Okusiiba kitundu kimu kya kubiri kya bugumikiriza” (Tirmidhi, Da-awaat, 86)

Empeera z'okusiiba zija kubalibwa luvannyuma ku Lunaku lw'okulamula. Mu hadiisi Qudsi eyayogerwa Abu Hurayira:



Omubaka wa Allah yagamba, nti: "Allah yagamba nti: 'Ebikolwa bya baanaadaamu byonna byabwe, okuggyako okusiiba, okwo kwange, era nja kukwesasulira. Okusiiba ngabo (etangira omuntu omuliro oba okukola amazambi). Omu mu mmwe bw'aba asiibye, yeewale okwegatta n'omukyala n'okuyomba, era oli bw'aba ayagala kulwana naye oba kuyomba naye amugambe nti: "Nnasiibye!" Ndayira Oyo alina obuyinza ku mwoyo gwange nti, olusu olubi oluva mu kamwa k'omusiibi luwunya bulungi mu maaso ga Allah okusinga akawoowo ka misiki (musk). Omusiibi alina amasanyu ga mirundi ebiri: agamu agafuna mu kaseera ng'agenda okusiibulukuka ate amalala ajja kugafuna ng'agenda okusinkana Katonda we, olwo ajja kubeera n'essanyu olw'okuba nga yasiiba."

(Bukhari, ekitabo 3, ekitundu 31, nnamba 128)

Kulaane, mu *aya* eno wammanga, ejja etubuulira ku mitendera gy'abo Allah b'agenda okusonyiwa era abawe empeera ennyingi, mwe yayogerera abo abasiiba:

"Mazima, Abasiraamu abasajja n'Abasiraamu abakazi, n'Abakkiriza abasajja n'Abakkiriza abakazi, n'abasajja Abakkiriza abagonvu n'Abakkiriza abakazi abagonvu, n'abasajja abaamazima n'abakazi abaamazima, n'abasajja abagumiikiriza n'abakazi abagumiikiriza, n'abasajja abeewombeeka, n'abakazi abeewombeeka, n'abasajja abasaddaasi n'abakazi abasaddaasi, n'abasajja abasiiba n'abakazi abasiiba, n'abasajja abakuuma obwereere bwabwe n'abakazi abakuuma obwereere bwabwe, n'abasajja abajjukira ennyo Allah n'abakazi abajjukira ennyo Allah, Allah yabategekera okusonyiwa n'empeera ennyingi." (Ahzaabu, 33 : 35)

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) naye atutegeeza nti omukkiriza asiiba ajja kusasulwa empeera emirundi ebbiri, ogumu wano ku nsi ate omulala mu bulamu obuddirira. Ku nsi empeera azifuna enjuba egudde ng'asiibulukuka. Empeera ez'omulundi ogw'okubiri azi-funa ng'asisinkana Katonda we bw'alimuwa ekifo ekya waggulu ennyo. Wabula tetubuulirwa mpeera bwe zenkana tusobole okwongera okwagala kwaffe kwe tulina mu kusiiba. Mu kusindana okw'ensi ebiseera ebimu ekirabo tebakayogera era bakirindiriza basobole okwongeramu amaanyi mu kukifuna.

Okusiiba mbeera ya kusinza omuntu mw'ayita okuyiga engeri y'okutegeeramu ebyengera bya Allah Owoobuyinza. Omuntu asiibye afuna omukisa okutegeera obuzibu bw'obwavu n'enjala. Ng'ayita mu kusiiba, omukkiriza yekuumma okuva mu buddu bw'ebintu by'ensi ebi-riwo n'afuna omutindo ogwa waggulu mu kwefuga.

Ku kusiiba ogattako sswala ya tarawiya (tarawiihi) esaalibwa mu jama oluvannyuma lw'okusaala sswala eyalaalikibwa ey'ekiro (Isha). Sswala eno esaalibwa mu mwezi gwa Lamanzaane ng'era eri ssunna. Mu bifo bingi mu nsi, Kulaane esomebwa mu mwezi guno era mu sswala ya talawiya (taraawiih). Wabula esswala zino zirina okusaalibwa n'okutya mu mitima, era mu ngeri ya kimpoowooze nga tewali kwanguyiriza. Eby'embii, mu mizikiti egimu abantu basaala esswala ya talawiya nga banguyiriza balinga abavuganya ku ani anaasooka. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) atugamba nti esswala ya talawiya yagifulla ssunna Abasiraamu basobole okugigoberera. Yayongera n'agamba nti singa omukkiriza asiiba mu mwezi gwa Lamanzaane ng'asuubira empeera okuva eri Allah yekka, kyokka era n'asaala talawiya, afuuka atalina kyonoono kyonna n'aba ng'olunaku maama we lwe yamuzaala. (Ahmada bin Hanbali ne Nasaa-i)

Ensonga endala enkulu mu Lamanzaane kwe kulya ddaaku (Suhuur), eriibwa ng'emmambya tennasala, okusiiba kulyoke kutandike. Ebiseera ebisinga obungi abantu basiibulukuka nga balya futaali mu budde kubanga futaali aliibwa obudde bukyali, naye bangi ddaaku bagiragajjalira ne bagitwalanga eky'okusaaga kubanga eriibwa obudde bugenze. Tulina okuba abavumu mu birowoozo okubaako kye tulya ne bwe kuba kunywa giraasi ya mazzi. Ku nsonga eno Anasi bin Maaliki yagamba nti Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti:

“Mulye ddaaku (suhuur) kubanga ddaaku erimu emikisa.” (Bukhari, ekitabo 3, ekitundu 31, nnamba 146)

Nga Sahl bin Saad bw'anyumya, Omubaka wa Allah yagamba nti: “Abantu bajja kusigala mu kkubo eggolokofu ebbanga lye balimala nga bayanguyiririza okusiibulukuka.” (Bukhari, ekitabo 3, ekitundu 31, namba 12)



Okusobola okumanya ebikwata ku mwezi gwa Lamanzaane omutukuvu omuntu alina okuggulawo omutima gutonnyemu enkuba ey'okusonyiwa kwa Katonda n'Emikisa Gye. Enjazi n'amayinja tebiganyulwa mu nkuba eno okuggyako amataka amagimu ge gagifunamu omugaso. Okukozesa ebigambo ebirala, nga tuyita mu kumanya okubee rawo kwa Allah n'okumwebaza ebyo by'atukoledde tulina okuganyulwa mu mwezi guno. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) atuwa amawulire gano amalungi nti:

“Omwezi gwa Lamanzaane bwe gutandika emiryango gy'eggulu gig gulwawo ate emiryango gy'omuliro ne giggalwa era Sitaane n'ekaligibwa ku njegere.” (Bukhari, Ekitabo 3, ekitundu 31, namba 123)

Kino kitegeza nti abo bona abasiiba mu butuufu bw'okusiiba tebakola mazambi. Ng'okunoonyereza okwakolebwa mu nsi z'Abasiraamu bwe kukiraga, obumenyi bw'amateeka bukendeerera ddala mu mwezi gwa Lamanzaane ne bubeerera ddala wansi we bukoma. Ebibi bya Sitaane biteekebwako ekkomo, wabula ebibi by'omwoyo byo bigenda mu maaso, bwe batyo Abasiraamu balina okubeera abazuukufu eri ebyegombwa ebtalina mugaso.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) era atugamba nti mu mwezi gwa Lamanzaane eggulu lyenaanika ebintu ebitangira ebya buli ngeri ne lisaba Allah nti: Katonda wange! Leka abantu bannyingire mu mwezi guno. (Twabaraani).

Okusiiba kunnyonyolwa ng'okwewala emmere, eby'okunywa wamu n'okwegatta naye ate kyetaaga n'okwewaza omwoyo ebyo byonna ebyegombwa. Abasuufi bakkaatiriza oludda olw'omwoyo ng'ekitundu ekikulu ennyo mu kusiiba. Ng'omuntu bw'alekayo okulya n'okunywa mu ngeri y'emu alina okulekayo empisemb i ng'okugeya, okulimba n'ebirala. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) atulabula mu nsongra eno n'agamba nti:

“Oyo yenna atalekaayo kuwaayiriza n'ebikolwa ebikyamu, Allah talina bwetaavu mu kulekayo kwe emmere n'ebi'okunywa (ekitegeza nti Allah tajja kukkiriza kusiiba kwe)” (Bukhari, ekitabo 3, ekitundu 31, namba 127; Tirmidhi, Baabu Swawm; Abu Dawuda, Swawm, 236; Ibn Maajah, 122)

Nga bwe kikkaatirizibwa mu hadiisi eyo waggulu, tuteekeddwa okwewala emize emibi gyonna egiyinza okukosa okusiiba kwaffe. Nad-dala, omuze omubi ogw'obusungu n'enneyisa ey'obukambwe ebirina okumalibwawo.

Omubaka wa Allah (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti: "Okusiiba ngabo. Omuntu asiibye alina okwewala okwe-gatta n'omukyala era talina kweyisa mu mbeera eyeekisiru eteri ya kitegeevu, era omuntu bw'amulwanyisa oba okumuvuma (tamuddiza wabula) agambe emirundi ebbiri nti, "Nnasiibye". Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yayongerako nti, 'Ndayira Oyo afuga omwoyo gwange, olusu oluwunya obubi oluva mu kamwa k'omuntu asiibye mu maaso ga Allah luwunya bulungi okusinga akawoowo ka misiki (musk).' (Allah agamba ku muntu asiibye) nti: "Yeerekerezza emmere ye n'ebi'okunywa ne bye yeegomba (obwagazi bwe) ku lwange. Okusiiba kwange, era nja kusasula (omuntu asiibye) olw'ekisiibo ate ng'empeera emu ey'ebikolwa ebirungi ekubisibwamu emirundi kkumi miramba." (Bukhari, ekitabo 3, ekitundu 31, namba 118)

Erinnya ly'omwezi gwa Lamanzaane eddala lye 'omwezi gw'obugu-miikiriza' n'okumanyiira embeera. Abannyonnyola Kulaane abamu ban-nyonyola ekigambo *swawmu* eky'Oluwalabu (okusiiba) nga *swabru* (okugumiikiriza), nga kino kiraga nga bwe waliwo okukwatagana wakati w'ebigambo bino ebibiri. N'olw'ekyo, okusiiba kulina okutukugira mw'ebyo bye twagala ebibi n'okubeera abagumikiriza mu buzibu bw'en-jawulo.

Mu Busiraamu, obugumiikiriza bukwata kifo kya ku mwanjo mu mpisa ennungi. Obugumiikiriza kitundu kya Bukkiriza ate kisumuluzo kya kwesiima. Obugumiikiriza butwala omuntu mu Jjana. Obugumiikiriza butukugira mu bintu ebitasanyusa ebizuuka awatali kukosa bipimo bituufu n'okwewaayo eri Allah. Bannabbi wamu ne mikwano gya Allah baatuuka mu bifo ebya waggulu ne bafuna n'obuyambi bwa Allah nga bayita mu bugumiikiriza. Okuba nti tulina okulaga obugumiikiriza mu nsi eno kintu kikakali naye ate kye kijja okutuwa ebibalala ebiwoomerera ku Lunaku Iwenkomerero. Okusobola okukendeeza ku bukaawu bw'obugumiikiriza tulina okulowooza ku byengera bya Allah by'atuwa. Tulina okulowooza nti emabega w'ebizibu n'obutyabaga waliyo obugu-miikiriza bwe bulagibwa okusasulwa okwa maanyi mu bizibu bino.

Etteeka ekkulu mu bugumiikiriza liri nti Omusiraamu alina okubulaga ng'omutawaana gwa kagwawo bwe gutyi. Obulumi bw'omutawaana bwe bukendeera awo obugumiikiriza buba tebjija kusasulwa. Erinnya lya Allah erya "As-Swabuuru" tusinga kulirabira ku Bannabbi ne mikwano gya Allah. Nga mu bintu bye twasikira, okugumiikiriza kye kisinga obukulu mu biseera eby'essanyu wamu ne mu biseera eby'ennaku; mu biseera eby'obwavu wamu n'eb'y'obugagga.



Okusobola okusiiba nga tumanyi nti Allah ali naffe, n'obwegende-reza tulina okutuukiriza ebintu ebiri mu kusiiba okugeza ng'okulya ddaaku (*suhuur*), okusaala talawiya, okusoma Kulaane okwenyigira mu kusaba ennyo n'obwetoowaze, n'okwogera ku mannya ga Allah n'ebi-tendo bye. "Ekiseera ky'okusiibulukuka kiseera kirungi nnyo kuba wano Allah akkiriza esswala era n'ayanukula edduwa (okusaba). Kye kiseera eky'okubeera awamu ne Allah. Okumala akaseera kano n'abalala n'oku-gabana emikisa kikulu nnyo kubanga eno ye nsibuko y'okusaasira era kwe kumatira kw'omwoyo. N'olw'ekyo, Nnabbi (Allah asse ku ye oku-saasira n'emirembe) atuwa amagezi okugabana emmere yaffe eya futaali n'Abasiraamu abalala.

"Oyo yenna awa omuntu asiibye futaali, aweebwa empeera ng'ez'omuntu asiibye ate ng'empeera y'oyo gwe basiibuludde tekende-zedwaako n'akatono. (Tirmidhi, Swawm, 90)

Basswahaba ba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) abaavu bwe baawulira kino baagenda ewa Nnabbi ne bamugamba nti baali tebalina busobozi bugaba mmere ya kusiibulula basiibi ng'abagagga bwe baalina. Ku kino Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yabaddamu nti ne bwe baba babajjudde mu ntende ne bawaayo olu-bajjo oba nga bawaddeyo mata amatono okusobola okusiibuulula omun-tu baali bajja kufuna empeera ze zimu nga bannaabwe Basswahaba aba-gagga abagaba futaali omungi.



Ku kusiiba okwalalikibwa, tulina okugattako okusiiba okulala okwa kyeyagalire. Embeera y'abaddu ba Allah abalondemu bwe bwesigwa. Kino kisobola okutuukibwako ng'omuntu ayita mu kubeera na nniya nnungi n'okutukuza omwoyo gwe. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ne Basswhahaba be baasiibanga okusiiba okwa kyeyagalire (okwa ssunna) ebiseera bingi mu mbeera etaalinga nyangu ey'ebbugumu ly'omu Bizinga bya Buwalabu. Abamu baabanga tebalina ngoye za kwebikka okwetangira ebbugumu ery'amaanyi eryo. Baasiibiranga ddala ne ku nnaku ez'ebbugumu. Baayinzanga emibirgyabwe okugibikka ebibatu basobole okugikuumma obutatuukibwako bbugumu ery'amaanyi. Wadde embeera yali bw'etyo, naye baagendanga mu maaso n'okusiiba okwa kyeyagalire nga bawulira obuwoomerevu obulala obw'okumatira kw'omwoyo.

Waliwo embeera eyayinzanga okuleetera abo abasiiba okusiiba okwa sunna okusiibulukuka ng'obudde tebunnaba kutuuka, okugeza nga bayitiddwa ku mikolo oba nga waliwo ensonga endala. Okusinziira ku mbeera nga bw'eri omukkiriza ayinza okusalawo okumalako okusiiba oba okusiibulukuka okusobola okusanyusa mikwano gye oluvannyuma olunaku n'aluliwa mu nnaku endala.

Abu Said (Allah amusiime) yanyumya ekyafaayo kino:

“Olunaku lumu nnali ntegekedde Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ne Basswhahaba be emmere. Bwe nnagabula emmere omu ku Basswhahaba kwe kugamba nti: ‘Nnasiibye’. Awo Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kumugamba nti: ‘Mugandawo akuyise n'akutegekera emmere kati ogamba nti wasiibye! Sibulukuka kati oliwe ku lunaku olulala.’ (Tirmidhi ne Abu Dawuda).

“Olulala Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'abamu ku Basswhahaba be baalya emmere nga Bilaali asiibye. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kwogera ku mbeera ya Bilaali n'agamba nti: ‘Ffe tulye riziki yaffe, eya Bilaali eri mu Jjana.’” (Ibn Maajah)

Hadiisi zino zituwa omukisa okusalawo okumalako olunaku omuntu lw'asiibye oba obutalumalaako okusinziira ku mbeera nga bw'eba efaanana.



Allah ajja kutubala ebikolwa byaffe byonna n'obulamu bwaffe. Ebiseera ebisinga obulungi by'ebyo bye tumala nga tuli naye era ku lulwe. Bwe tuyingira entaana olwo byonna bye tulina n'ebitukwatako ne bye tujjukira mu bwongo bwaffe eby'oku nsi eby'ekiseera tuziikibwa nabyo. Wabula ebikolwa byaffe ebirungi bye tukola ku lwa Allah byokka bye bijja okutugasa. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti omukkiriza bw'afa esswala (swalat) ze zijja kuwummulira waggulu w'omutwe gwe, okusaddaka kwe kuwummulire ku ludda lwe olwa ddyo, ate okusiiba kwe ku kkono we. (Fadhwailul A'amaal).

Obuwangaazi obwamalibwa nga tebuli ku lwa Allah obwo buba bukwenyakwenya nnyinibwo ng'okutangalija (okulinga amazzi) omuntu kw'alaba mu ddungu ng'akasana keememula. Ekifaananyi (ky'amazzi) kiba tekiriwo wabula kibeera mu bwongo bwa muntu.

Ku lw'okusaasira kwa Allah, tugoberere amagezi Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) g'atuwa era tukozese akakisa ak'amaanyi nti emyezi emitukuvu emingi egya Lamanzaane gituwa ekkubo tusobole okukola emirimo emirungi ate nga bwe tufuba okukendeeza ensobi zaffe.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti singa abantu baali bamanyi omwezi gwa Lamanzaane n'emikisa egigulimu, baalyegombye nti Lamanzaane yeeyongereyo omwaka gwonna.” (Ibn Khuzayima, Swahiihi, III, 190)

Omwezi gwa Lamanzaane omutukuvu kadde ka kusonyiyibwa; mu mwezi guno empagi z'obusiraamu zonna zikolebwa okuggyako Hijja. Wabula era okusiiba kuteekateeka emyoyo gy'abakkiriza olw'eddimu ly'okulamaga nga kuyita mu kusengejja n'okutereeza empisa zaabwe. Mu kulamaga Abasiraamu batendekebwa okubeera abantu abalungi ate n'obutaba baddu abakambwe, abanyigiriza abalala era abagyeemu.

Lamanzaane ewa abakkiriza bona omukisa omunene okusobola okufuna okusiimwa kwa Allah. Kye kiseera ky'okwewayoolera emikisa n'okwesiima. Nga Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bw'agamba: Entandikwa ya Lamanzaane kusaasira, mu makkati ga yo kusonyiyibwa, ate ku nkomerero ya Lamanzaane kuteebwa kuva mu Muliro.

Omwezi gwa Lamanzaane gulinga ekiseera ky'omwaka emit we gimulisiza nga buli w'otunula olaba kiragala mwereere. Mu ngeri y'emu,

mu mwezi gwa Lamanzaane, emitii gy'obukkiriza egikaze gifuna obulamu okuva mu mazzi g'emirimu emirungi egikolerwamu. Wabula abo abatamanyi mugaso gwa Lamanzaane bali mu kufiirwa nga bwe kirambikibwa mu hadiisi eno wammanga:

“Olunaku lumu Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yatugamba tutuule kumpi ne *minbari* (ekituuti kwe yayimiriranga okubuulira ku lw'okutaano), era ffenna twasembera ne twetooloola minbari. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yatandika okulinnya obudaala bw'ekituuti. Bwe yalinnya akaddaala akasokka kwe kugamba nti: ‘Aamiina’, ku kadaala ak’okubiri n’addamu n’agamba nti ‘Aamiina’. Yalinnya akadaala ak’okusatu era n’agamba nti: ‘Aamiina’.

Bwe yakka okuva ku minbari twamubuuza bwe tutyi:

“Nnabbi! Tuwulidde ekintu kye tutawulirangako ng’okikola. Lwaki oyogedde nti Aamiina emirundi esatu?”

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yabaddamu nti:

“Bwe nabadde nninnya eddaala erisooka, Malayika Jibuliilu yazze gyendi n’agamba nti: ekikolimo kya Allah kibeere eri oyo ataakozesa kakisa ka Lamanzaane okusobola okufuna okusonyiyibwa okuva eri Allah. Awo ne nngamba nti: ‘Amiina’.

Bwe nabadde ku ddaala ery’okubiri Jibuliilu n’asaba nti: “Ekikolimo kibeere kw’abo abataagamba nti ‘emirembe gibeere ku ggwe (abataksaalira)’ ng’erinnya lyo lyogeddwaako.” Awo ne nziramu nti: ‘Amiina’.

Ku ddaala ery’okusatu Jibuliilu naddamu n’agamba nti: “Ekikolimo (kya Allah) kibeere eri abo abataayingira Jjana so nga baafuna omukisa bakadde baabwe bombi oba omu n’akaddiwa nga weebali (amakulu nti abo abataalbirira bakadde baabwe bombi oba omu mu bukadde bwabwe bwe batyo ne batasobola kweyoolera mpeera ez’okubayisa obulungi).”

Era ne nngamba nti: “Amiina”. (Haakimu, Mustadrak, IV, 170)”

Hadiisi eyo waggulu eraga embeera esembayo obubi abantu abali mu biti eby’emirundi esatu gye balimu. Abantu ab’ekiti ekisooka b’ebu abataasinza Allah mu mwezi gw’okusonyiwa ogwa Lamanzaane. Ekibinja eky’okubiri be bo abatasaalira ku Nnabbi (abataagamba nti ‘emirembe gibeere ku Nnabbi’) ng’erinnya lye lyogeddwaako. N’ekiti ekisembayo



kye ky'abo abataalabirira bazadde baabwe mu bukadde bwabwe. Tulina okuba abegendereza ennyo ku nsong zino essatu bwe tuba nga twagala okuyingira Ejjana.



Ng'oggyeeko okusiiba, ennaku za Lamanzaane zirina okwongerwa-mu ekitiibwa n'okuwundibwa n'emirimu emirungi emirala, naddala okuyamba abo abatalina mwasirizi. Bamulekwa, bannamwandu, abantu abatalina mwasirizi, abalwadde, abaavu n'abantu abagwa mu biti ebirala eby'abeetaavu balina okuwagirwa naddala mu by'ensimbi era tebalina kulekebwa bokka beekolere ku bizibu byabwe. Balina okugwibwa mu bifuba n'omukwano, era mu ngeri eyo ekitiibwa kya Lamanzaane kiba kiragiddwa. Emrimo emirungi eg'yokuwaayo gifuula okusonyiwa kwa Allah okw'olubeerera. Abaddu ba Allah abalungi abatuukiriza ebikolwa eby'ekika kino bajja kubuutikirwa Okusaasira kwa Katonda n'Emikisa gye. Allah aggulawo emiryango gy'okusaasira naggala emiryango gy'Omuliro. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti: "Okugaba kuziyiza emitawaana nsanvu eg'yenjawulo." (Suyutw, al-Jaa-mi-u's Swaghiiru, ekitabo II, olup. 52)

"Okugaba kuzikiza obusungu bwa Allah." (Tirmidhi, Zaka, 28)

Luqman al-Hakiim yawa mutabani we amagezi gano: "Mutabani Bw'oba okoze ezzambi, ng'omanyi oba nga tomanyi, weenenyezengawo eri Allah ate oweeyo saddaaka."

Mu bumpimpi, saddaaka eweebwayo mu mwezi gwa Lamanzaane esasulwa musera era Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ayogera ku mwezi guno okubeera omwawufu mu bigambo bino wam-manga:

"Owange Omubaka wa Allah! Saddaaka ki esinza empeera?"

Nnabbi yaddamu nti: Saddaaka eweereddwaayo mu mwezi gwa Lamanzaane" (Tirmidhi).

Mikwano gya Allah bayawulamu ebibinja by'abasaddaasi mu biti eby'enjawulo. Abantu ba Shariah (okugondera amateeka g'Obusiraamu)

bawaayo okuva mu by'obugagga byabwe. Abantu aba haqiqah (abaddala) bawaayo okuva ku myoyo gyabwe wamu n'eby'obugagga byabwe.

Abantu abamanyi (*Aarifuuna*) bawaayo okuva mu mitima gyabwe okuva emitima gyabwe bulijjo lwe gibeera mu maaso ga Allah. Abaagala (Allah) bawaayo okuva mu myoyo gyabwe, okuva emyoyo gyabwe bwe giri emimativu n'okweyoleka kw'ebyo Katonda bye yagisalirawo. Okusaddaka kw'abagagga kutuukirira na kuggya ssente mu nsawo za ssente (pocket money) zaabwe, okusaddaka kw'abasuuufi kwe kweggyako buli kyonna ekiri mu mitima gyabwe okuggyako Allah.

Okuwaayo kwa Abasinza (*Aabid*) kuva mu bintu emyoyo gyabwe bye gyegomba okuva lwe batalekaayo kuwaayo mibiri gyabwe mu kusinza n'okuweereza Allah.

Abantu abagabi nga n'emitima gyabwe migagga tebakaluubirirwa kusaddaakira baavu. Abaavu n'abanafu babeera basanyufu olw'okubee rawo abagagga abeebaza Allah olw'ebiyengera bye yabawa (ng'eby'obugagga byabwe babigabira abaavu). Ng'ebire by'omwezi gwa kafuumuu lampawu (April) bwe bigibirira ettaka ekkalu nga biriwa amazzi ag'en-kuba ey'emikisa, mu ngeri y'emu abantu ab'ekisa, abagabi boolesa okusaasira kwa Allah eri abaddu Be.

Abaggaga gye bakoma okugaba mu bwesimbu n'omukwano, n'emigaso n'emikisa eby'oyo afuna saddaaka gye bikoma obungi. Awo okuwaayo n'okutwala bifuka essanyu eri enjuyi zombi. Obunnyikivu bw'omwoyo gw'oyo awaayo bubbulukukira mw'oyo aweereddwa. Kino kye kiyitibwa obusuubuzi obutaliimu kufiirwa (tijaaratlan tabuuraa).

Ku ludda olulala, Allah Owoobuyinza, agamba mu Kulaane nti:

“Abange mmwe abantu! Mmwe baavu (abeetaga) eri Allah. Naye Allah Ye ye Mugagga (atalina kye yeetaaga), Atenderezebwa.” (Fatwir, 35 : 15)

N'olw'ekyo Omuggaga Owannamaddala ye Allah yekka. Abaddu ba Allah bonna nga mw'otwalidde omugagga n'omwavu, balina okumanya nti buli kiseera bali mu bwetaavu eri Allah era ne bawulira embeera y'obwavu eri Allah mu biseera byonna. Abasuufi n'abamanyi ab'amaanyi okusobola okulaga obwavu obw'ekika ekya waggulu baagamba nti: “Obwavu kwe kwesiima kwaffe.”



Ebigambo bino biraga magezi, okuva lwe biraga nti obugagga bw'omutima busingako ku bugagga obw'ebi'okufuna by'ensi. Empulira ey'ekika kino ye nsibuko y'obulungi mu bagagga ab'omutima omulungi n'abaavu. Ebigambo bino era biraga okumatira (*qanaa-at*) n'ekyo omuntu ky'alina, ne bwe kiba nga kantu katono.

Singa omuntu omugagga abeera n'embeera y'okuwulira okumatira n'ekyo ky'alina aba ajja kwekuuma okuva mu mbeera y'okubeera omukodo oba okwegyalabya okwa kyeyonoonere. Ate singa omwavu abeera n'embeera ey'okumatira aba ajja kutambulira mu bulamu obw'okwessaa mu ensa era abeere ng'asaba Allah Yekka okumumalira ebyetaago bye. Nga Ruumi bw'agamba nti ekigwanira omuntu omugabi kwe kugabira abanaku ate ekiga mu mwagalwa kwe kuwaayo obulamu bwe eri omwagalwa we.

Obulamu bwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) buwa ekifaananyi ekisinga okuba ekya waggulu mu kusaddaaka, era kakensa Ibn Qayyimi annyonnyola okugaba kwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) mu ngeri eno wammanga:

Nnabbi teyali nga muntu mulala yenna mu kugaba kwe. Teyakunnganya bya kufuna bya nsi mu nju ye. Omuntu bwe yamusabanga ekintu kyonna nga tayinza kumuzzaayo nga tamuwadde kintu kitono oba ekinene ennyo. Bwe yagabanga teyatyangwa kwavuwala. Gy'ali, okusaddaaka kwamuwanga essanyu ery'ekika ekya waggulu. Essanyu lye yafunanga lyasingiranga wala ery'oyo gwe yabanga awadde ne bwe yabeeranga ng'ekimuweeredwa kya kumuyamba kugonjoola kizibu eky'amaanyi eky'amang. Ye yali asinga abantu bona okuwaayo mu kkubo lya Allah. Omukono gwe ogwa ddyo gwabeeranga empewo esaasaanya ebyengera ebiva mu kusaasira kwa Allah. Omuntu ali mu bwetaavu bwe yamubuuliranga ebizibu bye n'okubonaabona yawuliranga ennaku era ng'oluusi amuwa emmere eyiye (gy'abadde agenda okulya) n'engoye ze. Mu kitabo kya Haziin mulimu nti Jabbeeri yanyumya nti:

Omwana omuto yajja eri Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) n'amugamba nti maama we yali ayagala ssaati. Mu kiseera omwana we yamugambira Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yali talina ssaati okuggyako eyo gye yali ayambadde. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) kwe kugamba omwana agende

akomewo eddako. Omwana yagenda naye oluvannyuma lw'akaseera katono yakomawo n'agamba Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) nti maama we yali ayagala ssaati eyo Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) gye yali ayambadde.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) bwe yawulira ekyo kye yakola kwe kuyingira mu kisenge kye n'ayambulamu essaati n'agiwa omwana. Waayita akaseera katono ekiseera ky'esswala ne kituuka Bilaali n'ayaziina ng'akoowoola abakkiriza bagende basaale. Bilaali bwe yamala okwaziina Basswahaba kwe kulinda Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) akubasaaza nga tebamulaba. Baamulindako akseera ne basalawo okugenda ewuwe balabe ekyali kimutuseeko. Bwe baamulaba embeera gye yalimu baategeera ensonga eyali emugaanye okugenda mu muzikiti okuva lwe yali talina ssaati ya kwambala. Kyabatwalira ekiseera kiwanvu nga balowoolereza ku kugaba kwa Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe).

Umaru bin Abdul Aziizi eyaweebwa ekitiibwa ky'okuba Kaliifa ow'okutaano mu Busiraamu, olw'eddiini gye yalina n'obwenkanya, yagamba bw'atyi: "Sswala za jama okutwala ekitundu okudda eri Allah, okusiiba kuggulawo emiryango gy'olubiri lwa Kabaka, ate okuwaayo ne kukutwala mu maaso ga Kabaka (Allah)."

Mu kuwumbawumba, tulina okukola nga bwe tusobola okukozesa omukisa gwe tulina mu mwaka guno. Tetuyinza kumanya oba tujja kuweebwa omukisa omulala okutuuka ku mwezi omutukuvu omwaka ogujja. Ng'oggyeko okusiiba n'okusaalira esswala zaffe mu muzikiti, tulina okusoma Ebigambo bya Allah Ebitukuvu. Tuteekeddwa okusaddaaka ennyo nga tuwa abaavu. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yatutegeeza nti saddaaka esinga obulungi y'eyo eweewbwayo mu mwezi gwa Lamanzaane. Nga tugasse emirimo gino gyonna emirungi tuteekeddwa okudda eri Allah mu bwetowaze n'obuwombeefu. Tusaba Allah atuyambe tusobole okusiiba mu ngeri esinga obulungi.

Ubayd bin Umayr anyumya bw'atyi: "abantu bajja kuzuukizibwa nga bali bwereere ate ng'enjala n'ennyonta bibula okubatta. Abo abaalii-sa bannaabwe ku lwa Allah bajja kuliisibwa, ate abo abanywesanga ku lwa Allah bajja kuwonyezebwa enkalamata (ennyonta), ate n'abo abaawaayo engoye ku lwa Allah bajja kwambazibwa.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) agamba nti: "Bantu mmwe! Muweeyo saddaaka eri abalala nammwe musobole okuweebwa". (Bukhari ne Muslim).

Okuwaayo saddaaka okwannamaddala Ruumi akunnyonnyola mu ngeri esinga obulungi nti: "Obugagga tebukendeera lwa kuwaayo, (wabula) okuwaayo mu saddaaka kukuuma eby'obugagga obutayonooneka."

Saddaaka z'owaayo zifuuka abakumi b'ensawo yo eya ssente, sswala z'osaala zifuuka omulunzi wo akukuuma okuwona emisege n'emitaawaana emirala.

Abo abasiga ensigo mu biseera by'okusiga ebituufu ebyagi byabwe bifuuuka bikalu, naye mu biseera by'amakungula bazza ensigo ze baasimba nga bazikubisizzaamu emirundi mungi nnyo. Mu tterekero ekkalu erimu omuntu awaanyaamu amaterekero agajjudde mangi.

Ku ludda olulala, ensigo z'enngano bwe ziba tezisigiddwa ne zirekebwa mu tterekero, nnamujinga ne kawuukumi, obuwuka n'amamese bizirya."

Allah Owoobuyinza agamba mu Kulaane nti:

"Musaasaanye (nga muwaayo mu saddaaka) mw'ebyo bye tuba tubawadde ng'okufa tekunnatuuka ku omu mu mmwe." (Munaafiquuna, 63 : 10)

"N'abo abakunngaanya zaabu ne ffeeza ne batabisaasaanya mu kkubo lya Allah basanyuse n'ebibonerezo ebirumya". (Tawuba, 9 : 34)

Zaka ne saddaaka biweebwayo ku lwa Allah. N'olw'ekyo birina okuweebwayo mu ngeri eweesa omuntu ekitiibwa nga kiringa nti Allah y'abikwata. Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) ng'akkatiriza ensonga eno yagamba nti:

"Awatali kubuusabuusa, saddaaka esooka kutuuka mu Mikono gya Allah (amaanyi ge) nga tennatuuka mu mikono gy'abaavu (Allah y'asooka okugitwala n'oluvannyuma n'agiwa abaavu). (Munaawi, Kanz al-Haqaaiq)

Hadiisi eno wammanga eyongera okunnyonnyola ensonga eno: Omubaka wa Allah yagamba nti:

“Omuntu bw’awaayo saddaaka eya ssente ze yafuna mu makubo amatuufu ezenkanankana n’ekibala ky’entende emu Allah azitwala mu mukono Gwe ogwa Ddyo ate oluvannyuma n’agaziya empeera z’omuntu oyo (awaddeyo ssente ezo), ne zifuuka ng’omuntu mummwe aba akuzizza omwana gw’embalaasi ye ne zigejja nnyo okwenkana olusozi olunene.”

Omugaso gwa saddaaka era gwongera ne gukkaatirizibwa mu Kulaane okuva Kulaane lw’ekkaatiriza nti Allah y’atwala saddaaka:

“Tebamanyi nti mazima Allah y’akkiriza okwenenya kw’abaddu be era n’atwala ne saddaaka (zaabwe) era (nti) mazima Allah ye Akkiriza okwenenya, Omusaasizi ow’okusaasira okwenjawulo?” (Tawuba, 9 : 104)

N’olw’ekyo omukkiriza ateekeedwa okubeera omwegendereza ennyo ng’awaayo saddaaka. Kulaane, mu *aya* eno, ennyonnyola empisa ezeetaagisa mu kuwaayo saddaaka: **“Abange mmwe abakkiriza! Tem-wonoona saddaaka zammwe n’okulaalasa (ebyo bye mugabye) oba okunakuwaza (abo be muwadde), okufaanana n’oyo agaba emmaali ye olwa bandabe nga takkiriza Allah na Lunaku lwa nkomerero.”**

(Baqara, 2 : 264)

Okusobola okwewala okulaalasa n’okunakuwaza, mikwano gya Allah bayimirira bwe baba bawa abeetaavu saddaaka ng’akabonero aka-laga obwetoowaze. Nnabbi Sulayimaani (emirembe gibeere ku ye) omutima gwe teyaguwaayo ku byabugagga bya nsi, ate era yaggya mu mutima okwagala kw’ensi. Yateranga okukyalira abaavu era ng’anyumirwa nnyo okutuula nabo. Yayinzanga okugamba nti omunaku atuukana na munaku. Mu ngeri eyo, yalaga obwetoowaze obw’ekika ekya waggulu awamu n’okuba nga yali mugagga ffugge. Mu mazima yali ategedde nnyo amakulu ga *aya* ya Kulaane egamba nti:

“Abange mmwe abantu! Mmwe baavu (abetaavu eri Allah). Naye Ye Allah ye Mugagga Atenderezebwa.” (Faatwir, 35 : 15)

Lumu omusajja ataali wa buvunaanyizibwa yamubuuza ensonga lwaki yali ayagala nnyo okutuula n’abanaku: “Lwaki obeera n’abaavu n’olya nabo?”

Sulayimani (emirembe gibeere ku ye) yamuddamu nti: “Nze njagala bwagazi abo ab’emitima emigagga ne bwe baba nga baavu mu bintu ebi-rabikako.”

Omumwa gw'olwendo lw'amazzi bwe guba guzibikiddwa bulungi (amazzi ne gatatonnya) lusobola okuseeyeyeza ku nnyanja ebbanga eggwanvu nga telubbide. Omutima gw'Omusiraamu nagwo bwe gutyo; bwe guba gujjudde okwagala Allah ne gusaanikirwa bulungi ne gutatuu-kibwako bya kwegomba bya nsi, gusobola okuyita mu muyaga gw'amayanja g'ensi. Gusobola okutuuka mu bifo (awayimirirwa) ebya waggulu nga tegubbiddeeko mu bitimba bya nsi eno ebisikiriza.

Omusiraamu omutima gwe bwe guba nga guzimbiddwa ku kugaba, okusaasira, obwetoowaze, n'okwagala, teguyinza kuwugulwa na bisikiriza bya nsi era gutuuka mu bifo ebya waggulu mu by'omwoyo. Eby'okwewunda by'ensi tebirina makulu mu maaso g'omwoyo. Ekyegombwa kyokka gwe mutima okuba nga gujjuziddwa okwagala n'okumanya Allah era mu ngeri eyo gusobola okubuuka okugenda mu ggulu ly'okwagala kwa Katonda.



Mu mwezi gwa Lamanzaane omutukuvu waliwo naddala ekiro kimu ekiyitibwa Lailat-ul-Qadr (Ekiro eky'Okugera) ekiteekeddwa okukozesewa mu kusinza Allah. Kino ky'ekiseera eky'enjawulo Allah mw'asaasaanyiza okusaasira kwe eri Ekibiina kya Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe). Mu kiro kino, Allah ateeka amawanika ge ag'omyoyo ku Basiraamu. Olw'obukulu bw'olunaku luno, Allah Owoobuyinza yassa essuula nnamba eyitibwa Ssuula al-Qadr (Ssuula eyogera ku Kugera oba Amaanyi). Kino kijjukizo Allah kye yatulekera okuviiira ddala ku mulembe gwa Nnabbi Muhammadi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) eri abo abettanira eby'omwoyo n'abaagala okufuna okusaasirwa n'okusonyiyibwa.

Nnabbi (Allah asse ku ye okusaasira n'emirembe) yagamba nti: "Abo abamala ekiro ekyo nga bali mu kusinza n'okuweereza, nga bakkiririza mu bukulu n'obutukuvu bwakyo, ebyonoono byabwe byonna bye baba baakakola bijja kubasonryiyibwa okuggyako abo abatyoboola eddembe lya baddu bannaabwe.

Kino Omukkiriza asobola okukituukako singa aba atukuzizza omwoyo gwe n'aguggyamu ebintu ebibi ng'obunnanfuusi, okweraga, n'okwewulira, era ekiseera kino n'akimalira mu bikolwa ng'okusiiba,

okusaala, n'okuwaayo saddaaka. Emitima gyaffe bwe gimala okutende-kebwa obulungi mu ssomero lya Lamanzaane obulungi, olwo tuba tuka-katibwako okutikkibwa diguli etusobozesa okujaganya Eid-ul-Fitr, esswala, wamu n'okuwummula ku nkomerero y'omwezi.



Tuli batambuze mu kkubo ly'omwoyo okusobola okufuna Amazima. Olunaku lumu tujja kuyita mu mbeera gye tulimu olwaleero oba bija kutuggyibwaako. Bwe tutakozesa kakisa kano tujja kwesanga nga twejjusa ennaku n'emikisa egituyiseeko.

Ennaku za Lamanzaane nnaku za kusonyibwa n'okuteebwa okuva mu Muliro. N'olw'ekyo buli mwezi guno omutukuvu lwe guggwaako, abakkiriza abalungi bakulukusa amaziga olw'ennaku eba ebula okubatta. Wabula Allah Owoobuyinza, atusasulamu n'okujaguza okwa Eid ng'em-peera y'obugumikiriza, okusiiba, okusaddaaka n'emirimo gyaffe emirala emirungi.

Ka tusabe Allah Owoobuyinza atufuulire obulamu bwaffe bwonna omwezi gumu ogwa Lamanzaane ate n'amakya gaffe ku Lunaku lwenkomerero agatufuulire Eid n'okugyaganya eby'essanyu. Aamiina.



